*ENNONO Z'AMAANYI*

## HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.

Olusoma luno luli kitundu ku "**Harvestime International Institute,"** ng'enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g'omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n'abalala okufuuka abakristaayo ab'omugaso, abaatambula amawanga n'enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery'etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw'ekubisaamu, okwetegeka n'okwekuŋŋaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky'okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://www.harvestime.org

# EBIRI MU KITABO


Enkozesa y'ekitabo kino………………………………………………………………………………………………………… 3

Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja…………………………………………………………………………………… 4

Ennyanjula y'olusoma………………………………………………………………………………………………………… 5

Ebigendererwa by'olusoma…………………………………………………………………………………………………… 7

1. Obulamu oluvannyuma lw'eddiini……………………………………………………………………………… 8
2. Ensibuko y'amaanyi…………………………………………………………………………………………………… 19
3. Asoomooza ow'ekikyupuli………………………………………………………………………………………… 29
4. "Tewali muntu yayogera nga Ye"……………………………………………………………………………… 41
5. Obuyinza obusigire…………………………………………………………………………………………………… 49
6. Obukulu bw'amaanyi………………………………………………………………………………………………… 57
7. Ennono y'amaanyi esooka: Amaanyi g'enjiri……………………………………………………… 70
8. Ennono y'amaanyi eyookubiri: Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu………………………… 77
9. Ennono y'amaanyi eyookusatu: Amaanyi g'okwagala………………………………………… 87
10. Ennono y'amaanyi eyookuna: Amafuta ag'amaanyi………………………………………… 96
11. Ennono y'amaanyi eyookutano: Amaanyi, Okukkiriza n'ebikolwa…………………… 108
12. Ennono y'amaanyi eyoomukaaga: Amaanyi mu linnya erya Yesu……………………… 115
13. Ennono y'amaanyi eyoomusanvu: Amaanyi g'okusaba……………………………………… 131
14. Ennono y'amaanyi eyoomunaana: Amaanyi g'ekigambo……………………………………… 153
15. Ennono y'amaanyi eyoomwenda: Amaanyi g'obuyinza………………………………………… 162
16. Ennono y'amaanyi eyekkumi: Amaanyi g'okuzuukira kwe……………………………… 172
17. Ennono y'amaanyi eyekkumi n'emu: Amaanyi g'okubonaabona…………………………… 179
18. Engeri y'okusisinkana amaanyi ga Katonda…………………………………………………… 196
19. Okulemererwa kw'amaanyi………………………………………………………………………………… 202
20. Okusisinkana okuwakanyizibwa…………………………………………………………………………… 210

Ebiddibwamu ku bibuuzo by'okwegezaamu…………………………………………………………………… 217

## ENKOZESA Y’EKITABO KINO.

### (Ensengeka y’ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by’oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw’okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu**: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw’okwegezaamu oluvannyuma lw’okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw’omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy’osoma n’okugiisa ebyo by’osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby’akamalirizo, era ku nkomerero y’olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw’omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

## EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

**EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.**

**OLUTUULA OLUSOOKA.**

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja**: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:**Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

**OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.**

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

# ENNYANJULA Y'OLUSOMA

Yesu yagamba abakulembeze b'eddiini ab'endagaano empya:

> **Naye Yesu n'abagamba nti, "Olw'obutamanya byawandiikibwa n'obutategeera maanyi ga Katonda kyemuvudde mukyama. (Matayo 22:29)**

Amazima g'enjiri ga ngeri bbiri: Ekisooka ky'ekigambo kya Katonda nga bwe kibikkulwa mu Baibuli entukuvu. Okumanya ebyawandiikibwa, oteekwa okusoma, okutegeera n'okubiteeka mu nkola.

Naye amazima g'enjiri ga ngeri bbiri. Ekisooka kye kigambo kya Katonda nga bwe kibikkulirwa mu Baibuli entukuvu. Okumanya ebyawandiikibwa oteekwa okusoma, okutegeera n'okubiteeka mu nkola.

Naye amazima g'enjiri gasukka ku byawandiikibwa. Era ge maanyi ga Katonda. Okumanya amaanyi ga Katonda oteekwa okutegeera n'okuteeka mu nkola ennono z'amaanyi. Amaanyi ga Katonda gateeka okufuuka aga ddala mu bulamu bw'oyitamu.

Ekkanisa eyasooka yafunibwa mu kwolesa amaanyi ga Katonda, so si kuyita mu boogezi ab'amaanyi oba enkayaana z'enzikiriza. Paulo yawandiika:

> **Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu,**
>
> **Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)**

Paulo yakitegeera nti:

> **Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kwogera bwogezi, wabula mu maanyi. (1 Abakolinso 4:20)**

Yesu yalekera abakkiriza omulimu omunene ogw'okubuulira enjiri y'obwakabaka eri ensi. Omulimu guno tegujja kumalirizibwa na bigambo byokka. Nga mukanisa eyasooka, era wateekwa okubaawo okwolesa amaanyi ga Katonda.

Abantu bangi bamanyi ekigambo kya Katonda, naye tebanafuna maanyi ga Katonda, tebategeera bulungi maanyi ga njiri. Abaweereza ba leero abasinga basomyeko, babuulira n'ebigambo ebikyamuukiriza mu magezi goobuntu, naye nga temuli kwolesa Mwoyo Mutukuvu na maanyi.

Mu makanisa agamu temukyaali na byamagero nga beekwasa endowooza z'obuntu ez'enjawulo n'okunnyonnyola ebintu ebibaawo mu ngeri zaabwe. Amaanyi gateekeddwa mu kuwakana ku by'enzikiriza oba nga ebyamagero weebiri kati oba nga byali bya kkanisa eyasooka. Okunnyonnyola n'okuwakana ku byamagero bwe kubaawo, obulamu bwa Katonda obutambula buba bukiikiriddwa

eddiini y'abantu enkolerere. Abantu babadde n'engeri gye bategeera eddiini n'obulombolombo bwayo. Baagala ebintu bibeewo mu buliwo. Beetaga okulaba ku kwolesebwa kw'amaanyi ga Katonda.

Okukkiriza kwammwe bwe kuba nga kwatambulira mu maanyi ga Katonda so si amagezi g'omuntu, oteekwa okufuna amaanyi ge gamu ng'ekkanisa eyasooka bwe yakola. Abakkiriza b'ekkanisa eyasooka:

> **Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)**

Twogedde ku kukolera Katonda. Tutegekera obuweereza bwaffe ne tusaba Katonda abuwe omukisa. Naye enkola eya Baibuli ku buweereza obulungi kwe kwo nga Mukama atukoleramu, ng'akakasa ekigambo kye n'obubonero obw'ebyamagero.

Ensi teyetaaga kumanya by'olekedde Katonda. Ensi esikirizibwa Yesu olw'okulaba ebyo ebiva mu kwolesa amaanyi g'enjiri agakyusizza obulamu bwo. Ensi yeetaaga kwolesa maanyi ga Mwoyo nga Katonda bw'akola naawe okukakasa ekigambo kye n'obubonero obw'ebyamagero.

Ennono z'amaanyi eziyigirizibwa mu lusoma luno zijja kukuyamba okufuna amaanyi ag'omwoyo agasomesebwa mu Baibuli. Olusoma luno luddamu okuyaayaana kw'emitwe gy'abo ababadde bakyagala okubaawo mu ngeri eyaddala so si mu ddiini. Kijja kukuggya mu kubeera omulabi ofuuke ayolesa amaanyi ga Katonda.

## EBIGENDERERWA BY’OLUSOMA

Bw’omaliriza olusoma luno, onooba osobola:

- Okuzuula ensulo y’amaanyi g’omwoyo amatuufu.
- Okumanya amaanyi g’obukuusa ag’omulabe.
- Okufunza amaanyi Katonda ge yawa Yesu Kristo.
- Okufuna obuyinza Yesu bwe yawa abakkiriza.
- Okuzuula obukulu bwa Baibuli ku maanyi ag’omwoyo.
- Okunnyonnyola n’okuteeka mu nkola ennono z’amaanyi zino wammanga:
    - ✓ Amaanyi g’enjiri
    - ✓ Amaanyi ag’omwoyo Omutukuvu.
    - ✓ Amaanyi g’okwagala
    - ✓ Amafuta ag’amaanyi
    - ✓ Amaanyi, okukkiriza n’ebikolwa
    - ✓ Erinnya lya Yesu
    - ✓ Amaanyi g’essaala
    - ✓ Amaanyi g’ekigambo
    - ✓ Okubeera mu buyinza nga bali wansi w’obuyinza
    - ✓ Amaanyi g’okuzuukira kwe.
    - ✓ Okusseekimu mu kubonaabona kwe.
- Okunnyonnyola engeri y’okuba n’amaanyi ga Katonda mu bulamu n’obuweereza bwo.
- Okuzuula ensonga ezireetera amaanyi okulemererwa.
- Okusisinkana okuwakanyazibwa n’okuwangula Sitaani bw’asomooza obuyinza bwo obw’omwoyo.

# ESSUULA ESOOKA

## OBULAMU OLUVANNYUMA LW’EDDIINI

**EBIGENDERERWA:**

Bw’omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola enjawulo eri wakati w’eddiini n’okwolesa amaanyi ga Katonda amatuufu.
- Okuzuula enkola z’ensi ez’amaanyi.
- Okuleeta okujuliza mu Baibuli okunnyonnyola enjawulo wakati w’amaanyi ag’ensi n’aga Baibuli.
- Okunnyonnyola amaanyi ga Baibuli.
- Okunnyonnyola obuyinza obwa Baibuli.
- Okuzuula amaanyi agasukkuluma nga y’ensibuko y’amaanyi ag’omwoyo.
- Okuzuula ebitundu ebibiri ebya buli kisuubizo ekya Baibuli.
- Okuleeta emitendera gy’okubeera n’ebisuubizo bya Katonda.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Ayi Katonda, oli Katonda wange, nkunoonya n’omutima gwange gwonna; emmeeme yange ekwetaaga, omubiri gwange gwonna gukuyaayaanira, nga nnina ennyonta ng’ali mu nsi enkalu omutali mazzi.**
>
> **Nkulabye ng’oli mu kifo kyo ekitukuvu, ne ndaba amaanyi go n’ekitiibwa kyo. (Zabuli 63:1-2)**

**ENNYANJULA**

Nga bwe waliyo otulo n’ekibuugumirize eby’obulimba ebijja eri omuntu ali mubunyogovvu, ne mu nsi ey’omwoyo bwe kiri. Waliyo engeri y’okuba n’obutakkiriza era n’endowooza y’obuteefiirayo abantu bwe baba nga bafa mu mwoyo.

Eddiini kwe kusalawo kw’omuntu okumanya Katonda. Kaba kalombolombo n’ebiragiro ebikolwa, ebigambo ebitaliimu maanyi. Eddiini ereetawo okufa mu mwoyo.

Amaanyi ga Katonda y’engeri erabikako ey’okwolesa by’ayagala birabisibwe mu ye eri omuntu. Amaanyi ag’omwoyo bwe bwakabakaba bwa Katonda nga buli mu nkola. Galeetawo obulamu bw’omwoyo.

Bangi basisinkanye eddiini. Beegase ku bibiina n’ebibinja bingi. Ebibinja bino bibaleetedde okuba nga tebeefiirayo ku bintu by’omwoyo. Ne batasisinkana maanyi ga njiri agayinza okukyusa obulamu bwabwe. Balemererwa era ne baggwaamu amaanyi, balwala era ne bakosebwa, bafa mu mwoyo. Okukaaba kw’emitima gyabwe kulinga okwa Daudi mu Zabuli ze bwe yawandiika:

**Ayi Katonda, oli Katonda wange, nkunoonya n'omutima gwange gwonna; emmeeme yange ekwetaaga, omubiri gwange gwonna gukuyaayaanira, nga nnina ennyonta ng'ali mu nsi enkalu omutali mazzi.**

**Nkulabye ng'oli mu kifo kyo ekitukuvu, ne ndaba amaanyi go n'ekitiibwa kyo. (Zabuli 63:1-2)**

Abantu bano beetaaga okufuna ku bulamu oluvannyuma lw'eddiini.

**EBIKA BY'AMAANYI**

Waliwo ebika by'amaanyi bingi mu nsi olwaleero:

1. **Amaanyi g'ebyobufuzi**: Gano gaba eri abo abatwala ebitongole, ebika, ebyalo, ebibuga, amawanga n'amatwale.
2. **Amaanyi g'obugunjufu**: Gano gava ku buyiiya, obuyivu n'okutondawo ennyimba, awamu n'okutandikawo amatendekero.
3. **Amaanyi g'omubiri**: gano gabeera mu bantu ab'amaanyi, era nga bangi ku bo bafuuka bannabyamizannyo abagundiivu.
4. **Amaanyi ag'ebyensimbi**: Gano gabeera mu bakola mu zi bbanka n'obusuubuzi abeetaba mu bisaawe by'ensimbi ebinene.
5. **Amaanyi ag'amaggye**: Gano gabeera maanyi era agakozesebwa mukukuuma oba okufuna amatwale amanene.
6. Amaanyi agakozesebwa abantu mu ngeri nnyingi okuva ku muliro ow'ebbugumu, okutuuka ku masanyalaze agabuna ekibuga kyonna.
7. Amaanyi ag'eddiini: Gano gava ku bibinja by'enzikiriza n'empisa z'eddiini.

Gano gonna maanyi ag'enjawulo agakolera mu nsi olwaleero. Naye okuyitibwa kwa Yesu si kwa maanyi ga nsi, kwa maanyi ga mwoyo. Ge maanyi agatabuuza, "Nnyinza kubeera ntya omukulu?" wabula nti, "Nnyinza ntya okuweereza?"

**ENJAWULO MU NKULA**

Yesu yannyonnyola enjawulo eriwo ku nkola ey'amaanyi g'ensi n'agwobwakabaka bwa Katonda. Yagamba:

**Yesu kwe kubayita n'abagamba nti, "Mumanyi ng'abakulembeze b'abamawanga babazitoowereza embeera, n'abakulu baabwe babafuza lyanyi.**

**Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe. Buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe, abeerenga muweereza wa banne.**

**Na buli ayagala okuba omwami mu mmwe aweerezenga banne ng'omuddu waabwe.**

> **Mube nga Omwana w'Omuntu atajja kuweerezebwa wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ng'omutango okununula abangi. (Matayo 20:25-28)**

Okuyitibwa Yesu kuba kuggyawo amaanyi ag'ensi eri amaanyi ag'omwoyo agaweebwayo n'ekigendererwa ekyokuweereza ensi, ebonaabona, eyabula era eri mu kufa.

## AMAANYI AG'OMWOYO

Bwe twogera ku maanyi agali mu lusoma luno, tetwogera ku maanyi ag'eddiini ezaateekebwawo abantu. Tetwogera ku buyinza obuweebwa oluvannyuma lw'okulondebwa abantu abasinga obungi. Si bwe buyinza obuweebwa olw'ekitiibwa oba ofiisi mw'oli. Si maanyi agava ku buyigirize oba obusobozi bwo.

Bwe twogera ku maanyi g'olusoma luno, tuba tutegeeza amaanyi g'omwoyo okusinziira ku Baibuli. Amakulu g'ekigambo "maanyi" okuva ku Baibuli bwe busobozi obw'omwoyo. Bwe bufuzi obutali bwa bulijjo obuva mu bikolwa n'ebyamagero eby'amaanyi.

Ekigambo ekyefaanaanyiriza ekirala ky'ekya "Obuyinza" ekikozesebwa okutegeeza "amaanyi." Obuyinza kitegeeza amaanyi agaba gakwesigiziddwa okubaako ky'okola ku lw'omulala. Okutwala obuyinza kwe kuba ng'oyolesa amaanyi. Kwe kubeera n'eddembe ly'okwolesa amaanyi go mu kitundu ekimu.

## EBISINDIKIRIZA AMAANYI G'OMWOYO

Waliyo ebintu ebitali bya bulijjo ebikolera mu maanyi ag'omwoyo. Ensulo y'amaanyi g'omwoyo ye Katonda omulamu era omutuufu atubikkulirwa mu Baibuli. Katonda y'oyo ali mu busatu ng'alimu Katonda kitaffe, Katonda omwana ne Katonda Omwoyo Omutukuv. Katonda kitaffe y'oyo ensulo y'amaanyi.

> **Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri Katonda, era n'abafuzi abaliwo Katonda ye yabalonda. (Abaruumi 13:1)**

Katonda yakwasa omwana we Yesu Kristo amaanyi:

> **Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. (Matayo 28:18)**

Yesu awadde abakkiriza amaanyi ag'omwoyo okuyita mu Mwoyo Mutukuvu:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Waliwo ekisindikiriza amaanyi g'omwoyo ekirala, naye nga kibi. Y'ensulo y'amaanyi g'omwoyo amabi era ereetawo obusamize, obulogo n'enkola embi zonna. Ekintu ekyo ye Sitaani. Sitaani ge maanyi g'omwoyo, naye amaanyi ge mabi si malungi:

> **Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeeso 6:12)**

Mujja kweyongera okuyiga ku "Asoomooza ow'ekikyupuli" ku maanyi ga Katonda mu ssuula eyookusatu ey'olusoma luno.

**OKWOLESEBWA KW'AMAANYI**

Yesu bwe yatandika obuweereza bwe. Obuweereza bwe bwali bwa byamagero. Tebwayitimuka olw'okuba nti bwali butegekeddwa nnyo. Yatandika n'abayigirizwa kkumi na babiri n'amaliriza na kkumi n'omu. Tebwalemererwa lwa kumanyika. Ku nkomerero, buli omu yamwefuulira nga kw'otadde n'abagoberezi be. Obuweereza bwe bwakoma ku bibinja by'abantu olw'okwolesebwa kw'amaanyi:

> **Ne beewuunya nnyo okuyigiriza kwe. Kubanga yayogeranga nga nnannyini buyinza. (Lukka 4:32)**
>
> **Buli muntu n'atya nnyo nga bwe beebuuzaganya nti, "Kigambo ki kino? Kubanga alagira n'obuyinza n'amaanyi emyoyo emibi ne giva mu muntu, ekireetera ne dayimooni okumugondera. (Lukka 4:36)**
>
> **Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

Ekkanisa eyasooka yatandikawo olwokwolesebwa kw'amaanyi. Baagambibwa:

> **…Pawulo ne Siira batabuddetabudde ebifo ebirala mu nsi yonna, ne kaakano bazze wano batabuletabule ekibuga kyaffe. (Ebikolwa 17:6)**

Ekkanisa eyasooka yakoma ku bibuga n'amawanga gonna, naye tebaakikolera mu kubuulira kwokka. Abantu baawuliriza n'obulamu ne bukyusibwa kubanga baalaba ku kwolesebwa okw'amaanyi ga Katonda:

> **Ebibiina ne bimuwuliriza nnyo kubanga abantu bonna baalaba ebyamagero bye yakola.**
>
> **Baddayimooni bangi ne bava ku bantu nga bwe baleekaana; abaali bakoozimbye n'abalema bonna ne bawonyezebwa;**
>
> **Ekibuga ne kijjula essanyu. (Ebikolwa 8:6-8)**

Peetero bwe yatuuka e Lidda, yasangayo omusajja ayitibwa Anasi eyali amaze ku kitanda emyaka musanvu:

> **Peetero n'amugamba nti, "Ayineya! Yesu Kristo akuwonya. Golokoka weeyalire!" Amangwago n'awonyezebwa.**

**Awo abantu bonna abaabeeranga mu Luda ne mu Saloni ne bakyukira Mukama, bwe baalaba nga Ayineya atambula. (Ebikolwa 9:34-35)**

Mu Yopa, Peetero yazuukiza omukazi ayitibwa Doluka okuva mu bafu, ekyamagero kino bwe kyabaawo:

**Amawulire ago ne gayitiŋŋana mu kibuga Yopa kyonna era bangi ne bakkiriza Mukama. (Ebikolwa 9:42)**

Buli lwe waabangawo okwolesebwa kw'amaanyi ga Katonda, abantu baakyuka ne basaayo omwoyo eri Mukama waffe Yesu Kristo. Buli maanyi agaasisinkanibwanga mwavanagamu okwekubisaamu kw'ekkanisa.

Amaanyi g'obufuzi si ge twetaaga okutuukirira ensi n'enjiri. Ekkanisa eyasooka teyalina buyinza ku kuggya Peetero mu kkomera, naye baalina agamala okumusabira aveeyo.

Okubuulira ennyo si kwe kujja okutuukirira ensi. Ekkanisa eyasooka yasabira ennaku eziwera, n'ebuulira mu ddakiika ntono, emmeeme enkumi ssatu ne zirokoka (Ebikolwa 1-2). Olwaleero tusabira eddakiika kkumi, ne tubuulirira ennaku kkumi olw'enkyukakyuka, n'olaba abantu amakumi asatu gokka nga ge galokoka.

Essente z'obuweereza tezisobola kukakasa kutuukirira nsi na bubaka bwa njiri. Wadde nga ekituufu kiri nti ssente za mugaso mu kukola obuweereza, naye si z'ezisinga okuba nga zeetagiisa nnyo.

Peetero ne Yokaana bwe baayita ku wankaaki wa Yerusalemu, omusajja omulema yabasaba ennusu. Peetero ne Yokaana tebaazirina era ne bamuwa kye baalina:

**Naye Peetero n'agamba nti, "Effeeza ne zaabu sibirina, naye ka nkuwe ekyo kye nnina. Mu linnya lya Yesu Omunnazaaleesi Golokoka, otambule!"**

**Awo Peetero n'akwata omulema ku mukono ogwa ddyo n'amuyimusa, amangwago ebigere by'omusajja n'obukongovvule ne bifuna amaanyi.**

**N'abuuka n'ayimirira n'atandika okutambula! N'ayingira nabo mu Yeekaalu ng'atambula era nga bw'abuuka ng'atendereza Katonda. (Ebikolwa 3:6-8)**

Kyebaalina gaali maanyi na buyinza mu linnya lya Yesu. Tebaalinawo mbalirira yakulangirira eri ekibuga kya Yerusalemu. Tebaalina biwandiiko wadde Baibuli, tewaali Telefayina, naye baalina amaanyi. Mu kwolesa amaanyi ga Katonda, ekibuga kyonna kyakomebwako amaanyi g'obubaka bw'enjiri: Ebikolwa 3-4

Ekkanisa eyasooka yakimanya nti enjiri y'obwakabaka teyali ya kigambo kyokka naye nga ya maanyi:

**Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kwogera bwogezi, wabula mu maanyi. (1 Abakolinso 4:20)**

**AMAANYI G'OKUSALAWO**

Katonda bwe yatonda ensi eno, yakola ebitonde eby'enjawulo. Yatonda ensolo, ebyennyanja, ebiwuka ebinnyonnyi (Oluberyeberye 2). Naye ekitonde kya Katonda ekisinga yali muntu gwe yatondera mu kifaananyi kyennyini. Omuntu wanjawulo ku buli kitonde ekirala kyonna kubanga, alina omubiri, emmeeme n'omwoyo. Yatondebwa ku musinza na kutabagana ne Katonda omulamu era omutuufu: Oluberyeberye 2-3

Omuntu mu butonde, ye mubeezi wa kitaffe akola eby'amagero, Katonda omulamu era omutuufu. Omuntu yaweebwa ekifaananyi kya Katonda era n'omukka gwe, alina amaanyi ekitali mu bitonde birala byonna. Ekifo omukolebwa ebyamagero kirina okuba eky'omuntu wa bulijjo mw'abeera.

Omuntu alina endowooza esinga amaanyi n'amagezi mu bitonde byonna. Omuntu alina amaanyi agasalawo. Omuntu asobola okusalawo okukola obulungi oba obubi. Asobola okusalawo okugondera Katondaoba Sitaani. Okukemebwa kw'omuntu okwasooka okwa Sitaani kwali mu nnimiro ya Adeni kwali kutunuulidde amaanyi g'okusalawo (Oluberyeberye 3). Olw'okusalawo okubi eri ekibi, embala y'ekibi yatuuka eri buli muntu okuyita mu Adamu ne Kaawa.

## OKUSINZIIRWA AMAANYI AG'OMWOYO

Omuntu bw'aba wa kusisinkana maanyi g'omwoyo amatuufu, alina okusalawo okuweereza Katonda. Olw'okuba nti bonna boonoonyi, bonna beetaaga okusonyiyibwa:

> **Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)**

Okusonyiyibwa kujja okuyita mu kwenenya n'okukkiriza Yesu Kristo:

> **Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe.**
>
> **Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:8-9)**

Okwenenya okuva mu kibi kwe kusinziirwa amaanyi amaanyi ag'omwoyo. Tosobola kusisinkana maanyi ga Katonda bw'osigala mu kufa kw'omwoyo okw'ekibi.

Abayigirizwa bwe baali babuulira mu kibuga ekimu, omusajja ayitibwa Simyoni yasisinkana amaanyi ga Katonda agakola. Yawa Peetero ssente n'amugamba:

> **N'abagamba nti, "Mumpe obuyinza obwo, buli gwe nnassangako emikono gyange afune Mwoyo Mutukuvu!" (Ebikolwa 8:19)**

Peetero n'amuddamu:

> **Naye Peetero n'amugamba nti, "Ensimbi zo zizikirire naawe olw'okulowooza nti ekirabo kya Katonda kiyinza okugulibwa obugulibwa n'ensimbi.**
>
> **Mu nsonga eno tolinaamu mugabo kubanga omutima gwo si mulongoofu mu maaso ga Katonda.**

**Noolwekyo weenenye ekikolwa ekyo ekibi weegayirire Mukama, oboolyawo Katonda ayinza okukusonyiwa ebirowoozo byo ebyo ebibi.**

**Kubanga ndaba nga mu mutima gwo mujjudde obuggya, era oli muddu wa kibi." (Ebikolwa 8:20-23)**

Okwenenya kwe kusinziira amaanyi g'omwoyo gonna. Tolisisinkana maanyi ga Katonda okuleka ng'omaze okwenenya. Okulokolebwa mu kibi, y'engeri esingayo mu kwolesebwa kw'amaanyi ga Katonda.

Katonda tafuka maanyi ge okuyita mu bibya ebyonoonyi. Takolera mu bantu bagezaako kulongoosa mbeera ya bulamu bwabwe nga bayita mu kufuba: (Matayo 9:16-17). Katonda ayolesa amaanyi ge okuyita mu bibya ebitukuvu, abo ababa beenenyeza nga bamuweereza.

**OKUBEERA N'EBISUUBIZO**

Abakkiriza baasubizibwa amaanyi ag'omwoyo naye ku buli kisuubizo kya Katonda, kuliko ebyuyi bibiri:

- **Ekisuubizo**: Obubaka, ebigambo byennyini, n'amakulu g'ekisuubizo.
- **Okubeera n'ekisuubizo**: Tosobola kukozesa ekyo ky'otolina. Oteekwa okusabira ebisuubizo bya Katonda bisobole okufuuka ebya ddala mu bulamu bwo

Osabira otya ebisuubizo bya Katonda? Gino gy'emitendera:

1. **OTEEKWA OKUSALAWO OKUKIKOLA:**

Olina amaanyi agakkiriza ekisuubizo kya Katonda, okukigaana, oba okukireka. Abantu bangi abagaanye ekisuubizo eky'amaanyi ag'omwoyo. Bakkiriza nti gaali ga kkanisa eyasooka yokka. Abalala bakyesulubabye, basoma ku bisuubizo mu Baibuli naye tebalina kye babikolako. Abantu teboolesezza maanyi ga Katonda mu bulamu bwabwe kubanga bafunye amaanyi gaabwe amalala ge baagala nebatafaayo kusabira kisuubizo.

Buli lwe wabaawo ekisuubizo mu kigambo kya Katonda ekitatuukiriziddwa mu bulamu bwo tekitegeeza nti si kituufu oba tekikyaliwo. Ekisuubizo eky'amaanyi kirabo ekiva eri Katonda, naye oteekwa okusalawo okukkiriza ekirabo ekyo.

2. **OTEEKWA OKUTEGEERA ENNONO:**

Okubeera n'ekirabo kyonna ekya Baibuli, oteekwa okutegeera ennono kwe kizimbibwa. Ebisuubizo bya Katonda bisinziira ku nnono ezeetaaga omuntu okwenyigiramu.

Okugeza ebisuubizo bya Katonda bingi bisinziira ku nnono ya, "singa/olwo" Katonda agamba, "Bw'onookola ekintu bwe kiti, ojja kufuna ekisuubizo" (Laba ekyamateeka 28 ng'ekyokulabirako ky'ennono eno)

Okufuna ekisuubizo ky'amaanyi ag'omwoyo, oteekwa okutegeera ennono za Baibuli ku maanyi. Mu nsi ey'omubiri, kifaanagana n'okusoma ebiragiro ebijja n'okyokukola ekiyigiriza engeri y'okugakozesa obulungi oba okukikozesa ng'akakodyo k'okuyiga okuteekateeka emmere.

3. **OTEEKWA OKUTEEKA ENNONO MU NKOLA:**

Omuntu ayinza okukuwa ekirabo ekirungi mu nsi ey'omubiri. Osobola okusalawo okukkiriza, kijjirako ebiragiro. Osobola okusoma ebiragiro osobole okukitegeera obulungi. Okuleka ng'ogoberedde ebiragiro by'okukozesa ekirabo ekivaamu kisigala tekirina mugaso.

Okutegeera obutegeezi ennono z'amaanyi ezisomesebwa mu lusoma luno tekimala. Oteekwa okuteeka mu nkola ennono zino mu bulamu ne mu buweereza bwo.

## OKUSUKKA KU KUWA OMUKISA OKUTUUKA KU MAANYI

Abakkiriza bangi tebasisinkanye maanyi kubanga tebasukka ku mutendera gwa mukisa ogwo. Omwoyo Omutukuvu, abatambulirako ne bawulira essanyu eringi, bayinza okuliragira mu kuyimba, okuleekaana, okuzina oba okukaaba. Mukama yabawa omukisa ne beeyisa mu ngeri eyo.

Tewali kabi konna mu kino. Baibuli ejjuziddwa embeera bwe zityo ez'omwoyo. Naye Katonda ayagala ayongereyo abantu be okusukka awali omukisa okutuuka mu kifo eky'amaanyi g'omwoyo okusukk ku bikolwa ebikyoleka.

Waliyo emboozi mu ndagaano mu enkadde eraga amazima gano. Era kiraga n'enkolagana eri wakati w'ekisuubizo n'okubeera n'ekisuubizo. Eggwanga lya Isirayiri lyatambulira emyezi mingi okuva e Missiri okuyita mu ddungu okutuuka mu nsi Katonda gye yabasuubiza. Bwe baatuuka ku nkomerero y'ensi ensuubize, Musa kyeyava atuma abakessi okulambula ensi. Abakessi ekkumi baakomyawo bubaka bubi. Abakessi babiri bokka be bagamba abantu bayingire mu nsi bagirye nga Katonda bwe yasuubiza.

Isirayiri yasalawo okuwuliriza alipoota embi. Olwo kino, wadde nga baali baakumala ennaku kkumi na lumu mu lugendo olwo okuva we baali batadde olusiisira nga bagenda mu nsi ensuubize, kyatwalira Isirayiri okutambulira emyaka amakumi ana: Ekyamateeka 1:2

Katonda yasembeza Isirayiri mu kifo eky'omukisa. Baali ku nsalo y'ensi ensuubize. Amaanyi ga Mukama gaaliwo okuwangula omulabe, naye Isirayiri yagaana okweyongerayo mu maanyi ga Katonda. Tewaali kintu kyonna kikyamu ku kisuubizo kya Katonda. Obuzibu bwali bwa Isirayiri kugaana kugitwala.

Tolina kulekeraawo bw'otuuka mu kifo eky'omukisa gwa Katonda mu bulamu bwo. Oteekwa okubotolera mu nsi ey'omwoyo ey'amaanyi. Bw'otokikola ojja kweyongerayo okubungetera mu nsi ey'omwoyo enkalu, etaliimu maanyi.

Oteekwa okweyongerayo okusukka ku ddaala ly'omukisa odde mu kifo eky'amaanyi. Oteekwa okufuuka omukozi so si omulabi, omukozi so si awuliriza. Bw'okikola, ojja kusisinkana okutambula kw'amaanyi ga Katonda okutuufu. Ojja kufuna amaanyi g'obulamu n'amafuta munda mu ggwe g'otamanyangako. Ojja kufuna obulamu obusukka ku ddiini.

**ABANTU BA BULIJJO**

Oyinza okulowooza nti tosobola kufuna maanyi gano olw'okuba nga tewasoma. Ekituufu kiri nti ne bw'otaba na biwandiiko bya buyigirize kuva mu nzikiriza yonna. Oyinza okubeera mu kyalo ekiri ewala ku ttendekero ly'abakristaayo nga tosobola na kufuna kuyigirizibwa, tewali kintu kyonna ku bino kiyinza kukulemesa kubeera na maanyi ga mwoyo. Ekigambo kya Katonda kijjudde abantu ba bulijjo, abasajja n'abakazi abaakozesebwa Katonda mu ngeri ez'amaanyi:

**Ibulayimu…** yalimba ku lwa mukazi we Sara olw'okutya, kyokka nga yakozesebwa Katonda okufuna eggwanga eddene erya Isirayiri.

**Musa**… teyali mwogezi mulungi, yatta n'omumissiri olw'obusungu, kyokka Katonda n'amukozesa okukulembera eggwanga ddamba ery'abantu abasukka obukadde obubiri eri ensi ensuubize.

**Peetero**… yakka ng'atambulira ku mazzi yayogeranga ebintu ebikyamu mu biseera ebikyamu ne ku nkomerero ya byonna yeegaana Yesu kyokka omuntu ono eyali omuvubi eyayimirira n'ajulira ne ku maanyi agaayolesebwa ku lunaku lwa Penteekoti eyaviirako abantu enkumi essatu okulokoka.

**Gidiyooni**... Omuvubula eyali omutiitiizi ennyo, mu kukungula eŋŋaano yayitibwa okununula eggwanga lyonna eri abaali baliwambye.

**Kabaka Daudi…** Yayendanga, yatwala mukazi w'omusajja omulala n'atta n'omusajja oyo, kyokka ye yali kabaka wa Isirayiri asinga n'ayitibwa omusajja eyalina omutima ogwa Katonda.

**Peetero ne Yokaana**… Bombi baali bavubi abaavu nga tebalina na nsimbi za kubasomesa, naye amaanyi ga Katonda agawonya gaabatamburingako nga bali mu bibuga byonna.

**Omutume Paulo**… Kigambibwa nti ebbaluwa ze zaali z'amaanyi, naye ng'embeera y'obulamu obw'omubiri yali mbi era ng'ayogera bubi: 2 Abakolinso 10:10

**Yakobo…** Yali mulimba, era nga mukumpanya naye Katonda bwe yamukwatako, yafuuka "omulangira" ow'amaanyi owa Katonda n'omuntu.

Abantu nga bano bwe baba basobola okuweebwa amaanyi g'omwoyo ku lwa Katonda n'abantu, naawe asobola awatali kutunuulira nsobi zo. Katonda ayita abantu ba bulijjo n'abasukkulumya. Takulaba nga bwe weeraba. Takulaba ng'abalala bwe bakulaba. Katonda akulaba nga bw'onoobeera singa amala n'akuwa amaanyi ag'omwoyo. Katonda akozesa abantu ba bulijjo, baibuli b'eyita ebibya eby'ebbumba… **"okulaga nti obuyinza bwonna bwa Katonda, so si bwaffe. (2 Abakolinso 4:7)"**

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe gwo
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
2. Njawulo ki eri wakati w'eddiini n'okwolesa amaanyi ga Katonda?
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leetayo ku biti bya maanyi g'ensi ebiragibwa mu ssomo lino.
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
4. Kujulira ki okunnyonnyola enjawulo eri wakati w'amaanyi g'ensi n'aga Baibuli?
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
5. Leeta okunnyonnyola kw'amaanyi n'obuyinza.
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
6. Laga amaanyi agatali ga bulijjo nga y'ensibuko y'amaanyi ag'omwoyo.
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
7. Ebitundu bya buli kisuubizo kya Baibuli bye biriwa?
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
8. Leeta emitendera essatu egiragibwa mu ssomo lino, egy'okubeera n'ebisuubizo bya Katonda.
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
9. Okusinziira amaanyi g'omwoyo kwe?
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA**

1. Omuntu eyasooka okuweebwa amaanyi ag'omwoyo mu Baibuli ye Yakobo. Ye yalina amaanyi ga Katonda n'abantu. Soma ku kiragibwa ku mbeera eno mu: Oluberyeberye 32 ne Koseya: 12:3-4. Wandiika ekifunze ku by'oyiga mu kitundu kino.

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   _____________________________________________________________________________

2. Yesu yagaana amaanyi g'ensi. Laba Lukka 4:1-13, Yokaana 6:15 ne Yokaana 7:2-6. Wandiika ekifunze ku by'oyiga mu bitundu:

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________

# ESSUULA EYOOKUBIRI

## ENSIBUKO Y'AMAANYI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensibuko y'amaanyi.
- Okulaga engeri munaana Katonda mwayolekera amaanyi ge ku nsi.
- Okuwa okujuliza okw'omwoyo okunnyonnyola amaanyi ge ku nsi.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Katonda ayogedde ekintu kimu, kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti: Katonda, oli w'amaanyi. (Zabuli 62:11)**

**ENNYANJULA**

Okutegeera obulungi ennono z'amaanyi, tuteekwa kutandikira ku ntandikwa. Tuteekwa okuzuula ensibuko ey'amaanyi. Ensibuko y'ekintu we waba entandikwa oba ensulo yaakyo. Essuula eno eraga Katonda omutuufu era omulamu alagibwa mu Baibuli entukuvu ng'ensulo y'amaanyi. Daudi yawandiika nti:

> **Katonda ayogedde ekintu kimu, kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti: Katonda, oli w'amaanyi. (Zabuli 62:11)**

Katonda bw'addamu ekintu kiba kitegeeza nti kiba kyamugaso nnyo.

**ENSIBUKO Y'AMAANYI**

Nga ebintu byonna tebinnabaawo, waaliwo Katonda. Oluberyeberye 1-2, alaga entandikwa y'ensi n'ebitonde byonna. Katonda yakola ensi n'amaanyi ge:

> **Mukama yakola ensi n'amaanyi ge, n'atonda ebitonde byonna n'amagezi ge, era okutegeera kwe, kwe kwayanjuluza eggulu. (Yeremiya 10:12)**
>
> **N'amaanyi gange amangi n'omukono ogugoloddwa natonda ensi n'abantu baamu n'ensolo ezigiriko, era ngiwa omuntu yenna gwe njagala. (Yeremiya 27:5)**
>
> **Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakolosaayi 1:16)**

Olwokuba nga Katonda yatonda ebintu byonna, tewali kisukkuluma maanyi ge:

> **Ayi Mukama Katonda, ggwe wakola eggulu n'ensi n'amaanyi go amangi ennyo, n'omukono gwo ogugololddwa. Tewali kintu na kimu kikulema. (Yeremiya 32:17)**

Katonda y'ensibuko y'amaanyi gonna agali emabega w'okubeerawo kwa buli kintu:

> **Mukama waffe era Katonda waffe, osaanidde okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza, kubanga gwe watonda ebintu byonna era byonna byatondebwa ku lulwo era gwe wasiima okubiteekawo. (Okubikkulirwa 4:11)**
>
> **Kubanga byonna biva gy'ali, era biyita mu ye era bidda gy'ali. Ekitiibwa kibe gy'ali emirembe gyonna. (Abaruumi 11:36)**
>
> **Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era abeezaawo buli kintu olw'ekigambo kye eky'amaanyi. Bwe yamala okukola ekikolwa eky'okututukuza okuva mu bibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda mu Bwakabaka obw'omu ggulu. (Abaebbulaniya 1:3)**

Katonda alina ebiro n'ebiseera mu maanyi ge:

> **Naye Yesu n'abaddamu nti, "Okumanya entuuko oba ebiro si kyammwe, kitange kye yateekateeka mu buyinza bwe. (Ebikolwa 1:7)**

Ensi n'okujjula kwayo byonna bya Mukama:

> **Ensi ya Mukama n'ebigirimu byonna, n'ensi zonna n'abo abazibeeramu. (Zabuli 24:1)**

Mu Oluberyeberye 14:22, Katonda ayitibwa omutonzi w'eggulu n'ensi. Okubeera n'ekintu kitegeeza okuba n'obuyinza ku kyo.

Waliyo obwakabaka n'obufuzi bungi mu nsi. Naye obwakabaka bwa Katonda busukkuluma. Kino kitegeeza nti yafuga byonna:

> **Mukama anywezezza entebe ye ey'obwakabaka mu ggulu, n'obwakabaka bwe bufuga ensi yonna. (Zabuli 103:19)**
>
> **Obukulu, n'amaanyi, n'ekitiibwa, n'obuwanguzi, n'okugulumizibwa bibyo, Ayi Mukama Katonda, kubanga byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi bibyo. Obwakabaka bubwo, Ayi Mukama Katonda, era ogulumizibwa okuba omukulu wa byonna.**
>
> **Obugagga n'ekitiibwa biva gy'oli, era ggwe ofuga ebintu byonna; omukono gwo gwa maanyi era gwa buyinzaera gugulumiza ne guwa amaanyi bonna. (1 Ebyomumirembe 29:11-12)**

Olwokuba nga Katonda yatonda omuntu, naye alina obuyinza ku mwoyo gw'omuntu:

**Tewali muntu alina buyinza kufuga mpewo; bwe kityo tewali n'omu alina buyinza ku lunaku lwa kufa kwe. Ng'omuntu bw'aweebwa ebiragiro mu biseera eby'olutalo, bwe kityo n'obutali butuukirivu bwe buduumira abo ababutambuliramu. (Omubuulizi 8:8)**

Katonda alina amaanyi g'okukuuma abo be yalonda baleme okufa:

**Wuliriza okusinda kw'omusibe; okozese omukono gwo ogw'amaanyi owonye abo abasaliddwa ogw'okufa. (Zabuli 79:11)**

**Katonda yawa abanafu amaanyi: Awa amaanyi abazirika, n'oyo atalina buyinza amwongerako amaanyi. (Isaaya 40:29)**

**Oli wa ntiisa, Ayi Katonda, mu kifo kyo ekitukuvu. Katonda wa Isirayiri, yawa abantu obuyinza n'amaanyi. Katonda atenderezebwe. (Zabuli 68:35)**

Amaanyi ga Katonda tegakoesbwa olw'omuntu okuba nga tebalina maanyi:

**Awo Asa n'akoowoola Mukama Katonda we ng'agamba nti, "Mukama, tewali akwenkana mu kuyamba abanafu, nga balumbiddwa ab'amaanyi. Tuyambe Ayi Mukama Katonda waffe, kubanga twesize ggwe, era mu linnya lyo tuzze okutabaala eggye lino eddene. Ayi Mukama, oli Katonda waffe, toganya muntu yenna okutuwangula." (2 Ebyomumirembe 14:11)**

Katonda alina amaanyi okuwonya, Baibuli ejjudde ebiraga engeri Katonda gye yanunula abantu mu biro by'obwetaavu mu ngeri esukkulumye.

Ebyokulabirako ebirala ebirungi bisangibwa mu kitabo kya Danyeri. Soma ku ngeri Katonda gye yanunula abaddu be mu kikoomi ky'omuliro mu Danyeri 3 n'eri empologoma mu Danyeri 6.

Amaanyi ge tegakugirwa:

**Mukama tatera kusunguwala, ate nga wa maanyi mangi... (Nakkumu 1:3)**

Amaanyi ge gasinga:

**Ayinzabyonna tatuukikako era agulumidde mu maanyi, mu bwenkanya bwe era ne butuukirivu bwe, tawaliriza muntu yenna. (Yobu 37:23)**

Amaanyi ga Katonda ga lubeerera. Paulo yawandiika nti Katonda:

**Ye yekka atafa era atuula mu kwakaayakana okutasemberekeka, era tewali n'omu yali amulabye, so tewali asobola kumulaba, oyo aweebwe ekitiibwa, n'obuyinza obutaggwaawo. (1 Timoseewo 6:16)**

Mu kitabo ekisembayo mu Baibuli tusoma ku biribaawo mu ggulu nga:

**Awo Yeekaalu n'ejjula omukka ogwava mu kitiibwa kya Katonda n'emu maanyi ge, so tewaali muntu n'omu eyayinza okuyingira mu Yeekaalu okutuusa ebibonoobono omusanvu ebya bamalayika omusanvu lwe byatuukirira. (Okubikkulirwa 15:8)**

**Ne bayimba nti, "Amiina! Okutenderezebwa, n'ekitiibwa, n'amagezi, n'okwebazibwa, n'ettendo, n'obuyinza, n'amaanyi, bibe eri Katonda waffe emirembe n'emirembe. Amiina. (Okubikkulirwa 7:12)**

**Oluvannyuma lw'ebyo ne mpulira oluyoogaano lw'abantu abangi mu ggulu nga bagamba nti, "Aleruuya! Obulokozi n'ekitiibwa n'amaanyi bya Katonda waffe. (Okubikkulirwa 19:1)**

Okuva ku ntandikwa ppaka ku nkomerero, Baibuli eddingana nti Katonda y'ensibuko y'amaanyi.

**ENGERI KATONDA GY'AYOLEKAMU AMAANYI GE.**

Baibuli y'eraga engeri Katonda gy'ayoleka amaanyi ge mu nsi. Zino z'ezzimu ku ngeri Katonda gy'ayolekamu amaanyi ge:

**OBUTONDE:**

Katonda yeyolesa mu butonde: Ebimera n'ensolo, ebiwonvu n'ensozi, amazzi n'eddungu, ne mu bbanga bwonna bubonero obulabika obw'amaanyi ge ag'obutonzi:

**Mutendereze Mukama! Mutendereze Katonda mu kifo kye ekitukuvu; mumutenderereze ne mu ggulu lye ery'amaanyi. (Zabuli 150:1)**

**Ggwe, eyakola ensozi n'obuyinza bwo, n'ozinyweza n'amaanyi go,**

**Ggwe, asirisa okusiikuuka kw'ennyanja, n'okkakkanya okwetabula kw'amayengo gaayo, era ggw'okkakkanya okwegugunga kw'amawanga. (Zabuli 65:6-7)**

**Katonda ali mu kibuyaga, ennyanja n'ensozi: N'akunsa empewo ey'Ebuvanjuba okuva mu ggulu, era n'aweereza empewo okuva obukiika obwaddyo n'amaanyi ge. (Zabuli 78:26)**

**Mukama tatera kusunguwala, ate nga wa maanyi mangi era tayinza n'akatono butabonereza oyo gwe gusinze. Ekkubo lye liri mu mpewo ey'akazimu ne mu kibuyaga, n'ebire ye nfuufu y'ebigere bye.**

**Akangavvula ennyanja n'agikaza era akaza emigga gyonna, ennimiro ez'omu Basani zikala, olusozi Kalumeeri lwonna lukayuse, n'ebimuli bya Lebanooni biwotose.**

**Ensozi zikankanira mu maaso ga Katonda, obusozi ne busaanuuka, ettaka ne lyatikayatika mu maaso ge, ensi n'ekankana n'abantu bonna abagirimu. (Nakkumu 1:3-5)**

Y'afuga ebintu byonna ebitwetooloodde:

> **Bw'afulumya eddoboozi lye, amazzi agali mu bire gawuluguma, asobozesa ebire okusituka nga biva ku nkomerero y'ensi. Amyansisa eggulu mu nkuba,era n'aggya empewo mu mawanika ge. (Yeremiya 10:13)**

Mu Yobu 38-40, alaga engeri Katonda gy'abikkula kino mu bintu ebiri mu nsi. Katonda abikkudde amaanyi ge bulungi mu bitonde abantu baleme kuba na kyekwaso kya butamukkiriza:

> **Kubanga okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi, ebintu bye ebitalabika, bwe buyinza bwe obutaggwaawo n'obwa Katonda bwe, bitegeerwa ne birabikira ddala mu by'obutonde bwe, abantu balyoke baleme kubaako na kya kwewolereza. (Abaruumi 1:20)**

**EKIGAMBO KYE EKYAWANDIIKIBWA**

Okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero. Ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa kyoleka amaanyi ge. Kitandika n'amaanyi ge mu kutonda. Kikkomekkereze n'amaanyi ge mu kutonda. Kikkomekkereze n'amaanyi ge mu kusaanyawo, okusala omusango n'okuddamu okutonda. Wakati w'okubikkulirwa n'Oluberyeberye, ekigambo kya Katonda kiraga amaanyi ge nga bw'akola emirimu gye mu nsi ne mu bulamu bw'abasajja n'abakazi.

Si mu mboozi eziri mu Baibuli mwokka nti mwe mulagibwa amaanyi ge, naye ebigambo mwe zinyumizibwa by'amaanyi:

> **Ekigambo kya Katonda kiramu era kikola. Kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kiyitamu ne kituukira ddala ku mmeeme n'omwoyo, n'ennyingo n'obusomyo, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima. (Abaebbulaniya 4:12)**

**OKUSALA OMUSANGO:**

Ebikolwa bya Katonda mu kusala omusango by'oleka amaanyi ge. Amaanyi ge gaasooka kulagibwa mu kusala omusango ogwa Adamu ne Kaawa oluvannyuma lw'okwonoona (Oluberyeberye 3)

Gaayolesebwa mu mutendera ogwa waggulu Katonda bwe yasaanyawo ensi yonna n'amataba mu biro bya Nuuwa: Oluberyeberye 6-9

Baibuli yeeyongera okwolesa amaanyi ga Katonda mu kusalira ekibi omusango. Yasindika okulamulwa eri abantu be bwe baayonoona, era yasindika okulamulwa eri amawanga agaayonoona. Kino kisomeko mu kitabo kya Abalamuzi n'ebitabo ebyawandiikibwa bannabbi.

Buli kiseera Katonda lwe yasindika okulamulwa, yali ayagala abantu bategeere bulungi amaanyi ge: (Ekyokulabirako: Laba Okuva 7:17)

**OKUNUNULIBWA:**

Mu byafaayo byonna, Katonda yayolesa amaanyi ge mu ngeri y'okununula mu bikolwa ebyamagero. Wadde nga Katonda yasalira Adamu ne Kaawa omusango, era yabawa ekkubo ly'okulokolebwa kwabwe

(Oluberyeberye 3:15). Wadde nga yasaanyawo ensi y'ekibi n'amataba, yabawa ekyombo mwe baneekweka: (Oluberyeberye 6-9)

Katonda yanunula Isirayiri mu busibe e Missiri n'amaanyi ge:

> **Olw'okubanga yayagala nnyo bajjajjaabo naawe muzzukulu waabwe eyabaddirira, yakuggya mu nsi y'e Misiri ng'akozesa obuyinza bwe obungi. (Ekyamateeka 4:37)**

Katonda yayimusa abalamuzi, bakabaka ne bannabbi be yakozesa okununula abantu be okuva mu mikono gy'omulabe. Nekemiya yagamba Isirayiri:

> **Abo be baddu bo era be bantu bo be wanunula n'amaanyi go amangi era n'omukono gwo ogw'amaanyi. (Nekemiya 1:10)**

Buli kiseera Katonda kye yanunulanga abantu be, yalina ekigendererwa. Ekigendererwa kyali kya kwolesa maanyi ge:

> **Naye Mukama n'abalokola, olw'erinnya lye, alyoke amanyise amaanyi g'obuyinza bwe obungi. (Zabuli 106:8)**

**YESU KRISTO:**

Enteekateeka ya Katonda ey'okununula enkulu yayolesebwa mu Yesu Kristo nga mu ye abantu bonna basobole okununulibwa okuva mu kibi omulundi gumu eri bonna.

Amaanyi ga Katonda gabikkulirwa okuyita mu bunnabbi bw'okuzaalibwa kwa Yesu n'okuzuukira kwe okw'ekyamagero. Kyali kyeyoleka mu bulamu bwe, okuyigiriza kwe n'obuweereza bwa Mukama wamu n'okufa kwe ne mu kuzuukira.

Okubikkulirwa kw'amaanyi ga Katonda okusinga kwali mu Yesu Kristo:

> **Ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka mu ggulu nga ligamba nti, "Kaakano obulokozi bwa Katonda, n'amaanyi ge n'obwakabaka bwa Katonda waffe awamu n'obuyinza bwa Kristo we bizze. Kubanga omuloopi eyaloopanga baganda baffe, eri Katonda waffe emisana n'ekiro, agobeddwa mu ggulu. (Okubikkulirwa 12:10)**

Mu ssuula y'olusoma luno eyookuna, ojja kusoma ku maanyi ga Katonda nga bwe gabikkulirwa mu Yesu Kristo.

**OMWOYO OMUTUKUVU:**

Yesu yasuubiza abagoberezi be:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Ebikolwa 2, mwe mulagibwa okujja kwa Mwoyo Mutukuvu, eyaweebwa okuva eri Katonda nga Yesu bwe yali asuubizza. Katonda yeeyongera okwolesa amaanyi ge okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Ojja kuyiga engeri gye kyabaawo ng'osomye ku maanyi ga Mwoyo Omutukuvu bw'oneeyongerayo mu lusoma luno.

**OBUBONERO OBUTALI BWA BULIJJO:**

Omaze okuyiga nti Katonda ayolesa amaanyi ge okuyita mu kulamula n'okununula kw'abantu be.

Naye Katonda era ayolesa amaanyi ge mu ngeri ezitali za bulijjo ez'enjawulo. "Ekitali kya bulijjo" kitegeeza okusukka ku maanyi agali mu nsi eyoomubiri. Ky'ekintu ekitayinza kukolebwa mu maanyi ag'omuntu.

Amaanyi ga Katonda gabikkuliddwa mu kuwonyezebwa okwebyamagero, okununulibwa mu maanyi ga zi ddayimooni, abafu nga bakomezebwawo mu bulamu ne bwe guba omuliro oguva mu ggulu. Baibuli yonna ejjudde bubonero n'ebintu ebitali bya bulijjo ebya Katonda nga biraga amaanyi ge. Era amaanyi ga Katonda gakyalagibwa mu bubonero bwe butyo olwaleero.

**ABAKKIRIZA:**

Yesu yagamba nti obubonero bwe butyo obw'amaanyi bujja kukolebwa Katonda okuyitira mu bakkiriza:

> **Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**
>
> **Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

Okuva mu ntandikwa y'ekigambo kye ekyawandiikibwa, Katonda yakola ensi eno okuyita mu basajja n'abakazi. Omuntu alina amaanyi ago ekitali ku bitonde birala. Okulamulwa kwa Katonda kwajja okuyita mu bantu. Okununulibwa kwajja okuyita mu balamuzi b'obwa Katonda, bannabbi, bakabaka ne mu Yesu Kristo.

Yesu bwe yajja ku nsi okwolesa amaanyi ga Katonda, yazaalibwa mukazi mu ngeri ey'abantu okununulibwa okusingayo mu biro byonna. Okununulibwa mu kibi, kwajja okuyita mu oyo eyakolebwa mu ngeri y'omuntu.

Yesu bwe yamala okuddayo mu ggulu, Katonda yeeyongera okwolesa amaanyi ge ku nsi okuyita mu basajja n'abakazi. Ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume ky'ekiraga amaanyi ga Katonda nga gakolera mu bakkiriza:

> **Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)**

Amaanyi ga Katonda gaalagibwa mu maanyi ag'enjiri gaakyusa obulamu bw'abasajja n'abakazi. Gaalagibwa mu by'amagero by'okuwonga n'okununula. Amaanyi ge gaalagibwa wadde nga yabonaabona era n'atulugunyizibwa.

Buli Katonda lw'ayimusa omusajja oba omukazi mu buweereza aba n'ekigendererwa nga kyakulaga maanyi ge. Katonda yagamba Musa:

> **Naye olw'ensonga eno kyennava nkuleka n'obeera mulamu, ndyoke njolese amaanyi gange, era n'erinnya lyange liryoke litegeezebwe mu nsi yonna. (Okuva 9:16)**

Katonda yeeyongera okulaga amaanyi ge olwaleero okuyita mu bakkiriza abali ekitundu ku kkanisa entuufu. Ayolesa amaanyi ge okuyita mu bakulembeze be ab'enjawulo b'ateeka mu kkanisa n'okuyita mu birabo eby'omwoyo ebiweebwa abakkiriza. Ojja kwongera okusoma ku kino mu ssuula eyookutaano ekwata ku "Obuyinza obwaweebwa."

**LWAKI KATONDA AYOLESA AMAANYI GE?**

Lwaki Katonda ayolesa amaanyi ge ku nsi?  Lwaki alaga omuntu obubonero obw'ebyamagero? Waliwo ebigendererwa by'okwolesa amaanyi ga Katonda mu nsi. Ojja kubisomako mu ssuula eyoomukaaga ku: "Obukulu bw'amaanyi ga Katonda."

Naye obukulu bw'amaanyi ga Katonda bungi buzingirwa wamu mu kigendererwa ekikulu. Ekigendererwa kino okuviira ddala ku ntandikwa, kwali kununula kwa muntu omwonoonyi okuyita mu Yesu Kristo. Obukulu bw'okulaga amaanyi ge kwe kuleeta abantu bonna eri Yesu Kristo:

> **Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**
>
> **Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeeso 1:9-10)**
>
> **Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. (Abaefeeso 3:11)**

**EMITENDERA GY'OBUYINZA OBULALA**

Katonda ge maanyi gonna. Yasinga obuyinza ku nsi yonna. Katonda ataddewo ab'obuyinza abalala mu nsi. Yawa omwana we obuyinza. Yesu Kristo awa abakkiriza Omwoyo Omutukuvu. Okuyita mu Mwoyo, Katonda ataddewo emitendera gy'obuyinza mu kitundu, gavumenti, eby'enfuna, awaka ne mu kkanisa. Emitendera gy'obuyinza gino gyonna gya mugaso. Okutegeera obulungi ennono ez'amaanyi ag'omwoyo, oteekwa okumanya enkola y'obuyinza obwateekebwawo Katonda. Ojja kusoma ku nnono zino gye bujjako mu lusoma luno.

Naye okusooka tulina okuteeka omwoyo ku mazima ag'omugaso ennyo agalagibwa mu Baibuli. Wadde Katonda y'ensulo ey'amaanyi, obuyinza bwe tebusobola butasanga kusoomoozebwa. Emitendera gy'obuyinza gy'atadde mu nsi nagyo girimu ebisoomoozo. Waliyo amaanyi amabi agasoomooza

obuyinza bwa Katonda naye tegatiisatiisa buyinza bwe wadde nga gateekawo olutalo buli kiseera. Bw'okwanaganya "Ennono z'amaanyi" eza Baibuli mu bulamu bwo olwo ojja kusoomoozebwa amaanyi ago. Essuula eyongera ku kino eyitibwa, "Asoomooza ow'ekikyupuli."

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Ensibuko y'ekintu kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ani nsibuko y'amaanyi gonna?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Leeta engeri omunaana Katonda mw'ayoleseza amaanyi ku nsi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
5. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu? Katonda ge maanyi gokka agali mu nsi,"teriiyo mitendera gy'amaanyi mirala" mu enjogera eyo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Wa ekyawandiikibwa ekijuliza nga kinnyonnyola obukulu bw'amaanyi ga Katonda agabikkulirwa mu maanyi ge ku nsi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………….

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Daudi ye kabaka eyasingayo mu bukulembeze bwa Isirayiri. Yamanya Katonda nti y'ensibuko y'amaanyi gonna. Funza by'oyiga mu byawandiikibwa bino:
   2 Samwiri 22:33, Zabuli 59:11, 16, 62:11, 63:2, 65:6, 68:35, 78:26, 79:11, 90:11, 106:8, 110:3, 111:6, 145:11, 150:1
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
2. Daudi yayolesa okawagala kwe okwefaanaanyiriza ku maanyi ga Katonda. Kwagala ki okwolesebwa mu Zabuli 17:18?
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
3. Nga bw'osoma Baibuli, wandiika engeri Katonda gy'ayolesa amaanyi ge okuyita mu:

- Bitonde.
- Kulamula
- Okununula.
- Ekigambo kye ekyawandiikibwa
- Yesu Kristo
- Omwoyo Omutukuvu
- Obubonero obutali bwa bulijjo.
- Abakkiriza.

# ESSUULA EYOOKUSATU

## ASOOMOOZA OW'EKIKYUPULI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula Sitaani ng'asoomooza ow'ekikyupuli eri amaanyi ga Katonda amatuufu.
- Okunnyonnyola amakulu ga "obubonero bw'omwoyo mu bifo ebya waggulu."
- Okufuna engeri sitaani gy'ageegeenya amaanyi ga Katonda okuyita mu myoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu.

**ENNYIRIRI ENKULU:**

> **Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow'omusana.**
>
> **Noolwekyo abamuweereza bwe beefuula ng'abaweereza b'obutuukirivu tekitwewuunyisa. Ku nkomerero bagenda kubonerezebwa ng'ebikolwa byabwe biri. (2 Abakolinso 11:14-15)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula ewedde oyize nti Katonda y'ensibuko y'amaanyi n'engeri z'ayoleka amaanyi ge mu nsi. Naye amaanyi ga Katonda agasinga tegasobola kuba nga tegasoomoozebwa. Waliyo akafubo k'amaanyi akagenda mu maaso mu nsi olwaleero. Si lutalo lwa mubiri na musaayi, kafubo akasoomooza ow'ekikyupuli ng'alwanyisa Katonda.

**ASOOMOOZA OW'EKIKYUPULI**

Sitaani yeeyongera okusoomooza amaanyi ga Katonda mu nsi. Y'asoomooza ow'ekikyupuli kubanga mu mazima tasoomooza Katonda. Sitaani mu kusooka yatondebwa Katonda nga Malayika ye ennungi ayitibwa Lusifa. Soma ku mbeera ye eyasooka n'ekifo kye mu Ezeekyeri 28:12-17. Naye Sitaani yalwanyisa amaanyi n'obuyinza bwa Katonda. Yayagala abeere nga Katonda yennyini. Osobola okusoma ku mboozi eno mu Ezeekyeri 28:17 ne Isaaya 14:12-15. Katonda yandikubye Sitaani n'amutta olw'okulwana okwo. Naye singa yaggyawo omulabe ono eyasooka mu ngeri eno, wandibaddewo olutalo olulala olwo ebyafaayo by'eggulu byandibadde bijjudde ekizibu kye kimu.

Mu kifo ky'ekyo, Katonda yagoba Sitaani mu ggulu n'akkiriza kye yayagala eky'amaanyi gabe ku nsi. Katonda era yagoba ne malayika endala ezaali mu lutalo luno, ze malayika embi ezimanyiddwa nga "ddayimooni" oba emizimu egiri mu nsi olwa leero.

Akabanga katono nga Katonda amaze okulonda omusajja n'omukazi, olutalo lwatandika ku nsi. Osobola okusoma ku kusoomooza okwasooka mu Oluberyeberye 3. Okugwa kwa Adamu ne Kaawa mu kibi kwava ku lutalo eri obuyinza n'amaanyi ga Katonda. Adamu ne Kaawa baanoonya okumanya okwenkanankana n'okwa Katonda. Olw'okumanya okwo amaanyi gandizze.

Okuva awo Sitaani yeeyongera okusoomooza amaanyi n'obuyinza bwa Katonda ku nsi. Okuyitamu kibi, Sitaani ayagala abakazi n'abasajja okumugondera mu kifo kya Katonda. Olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Enkola z'omwoyo" ekitabo ky'olutalo olw'omwoyo, kikwata ku Sitaani mu bulambulukufu. Bw'oba osoma amasomo g'essomo lino nga bwe gasengekeddwa, womala okusoma amasomo gano, tuteesa okifune kikuyambe okutegeera omulabe n'enkola z'omwoyo ez'okuwangula amaanyi ge.

Emu ku nkola za Sitaani mu kusoomooza amaanyi ga Katonda kwe kukyupula. Omukyupuzi y'oyo ageegeenya ekintu ng'agenderera kulimbalimba. Okugeza ekikyupuli kya sente kye kikolebwa okwefaanaanyiriza sente entuufu. Ababbi bakikola ng'essente eza ddala mu ngeri ey'okubalimbalimba.

Sitaani akyupula amaanyi ga Katonda ageegeenya amaanyi ga Katonda okubalimba. Akozesa malayika ze (ddayimooni), okumuyambako okutuukiriza ekiruubirirwa kye. Sitaani ne ddayimooni ze ebiseera ebimu zirabika nga ennungi kyokka nga nkyamu. Tulabulwa:

> **Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow'omusana.**
>
> **Noolwekyo abamuweereza bwe beefuula ng'abaweereza b'obutuukirivu tekitwewuunyisa. Ku nkomerero bagenda kubonerezebwa ng'ebikolwa byabwe biri. (2 Abakolinso 11:14-15)**

Mu nnaku z'okunsi, ez'oluvannyuma Sitaani, ajja kweyongera okugeegeenya amaanyi ga Katonda. Okuyita mu bubonero n'ebyewunyisa, ajja kulimba bangi:

> **Omuntu oyo alijjira mu maanyi ga Setaani gonna n'akola obubonero n'eby'amagero, eby'obulimba,**
>
> **Era n'obulimba obwa buli ngeri obw'obutali butuukirivu eri abo abazikirizibwa, kubanga bagaana okukkiriza amazima okulokolebwa.**
>
> **Katonda kyava abawaayo eri okubuzibwabuzibwa okw'amaanyi bakkirize eby'obulimba. (2 Abasessaloniika 2:9-11)**

Ekyawandiikibwa kino kiraga engeri Sitaani gy'akolamu. Akyupula amaanyi ga Katonda n'obubonero n'ebintu ebyewuunyisa. Engeri yokka ey'okumanya obulimba bwe ge mazima g'ekigambo kya Katonda.

## ABAFUZI N'AMAANYI

> **Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeeso 6:12)**

Omuntu akwatibwa mu kumeggana kwa Sitaani eri amaanyi ga Katonda. Twenyigira mu kumeggana kuno okw'amaanyi n'amaanyi ga Sitaani agatalabika. Naye amaanyi ga Katonda gasinga "obufuzi, obuyinza n'amaanyi gonna" (Abakolosaayi 1:16), n'ekisinga byonna bwe "bufuzi n'amaanyi mu bifo ebya waggulu" (Abaefeeso 6:12). Naye mwetaaga okubeera obulindaala eri amaanyi ga Sitaani ag'obulimba agava mu kukyupula amaanyi ga Katonda, muteekwa okumanya…

**EMYOYO EMIBI MU BIFO EBYA WAGGULU**

Paulo bw'ayogera ku "emyoyo emibi mu bifo byawaggulu," aba ategeeza emyoyo emibi egitaataaganya enkola z'eddiini mu nsi. Sitaani ategese amaanyi ge amabi okugeegeenya ebikolebwa mu kkanisa za Katonda. Ebiseera ebimu aba alina abagoberezi be abayitibwa "ekkanisa ya Sitaani" oba "ab'omwoyo." Ataddewo engeri y'okusinza mu mwoyo mu bifo byawaggulu mu ddiini etegekeddwa.

Sitaani naye ataddewo enkola ye mu kkanisa okuyita mu bantu ababi abagenze "bayingiramu nga tebamanyikiddwa" (Yuda 4). Sitaani alina eddembe mu kkanisa okwolesa amaanyi, nga naye sigemaanyi ga Katonda. Enkola za Sitaani zitereeddwawo mu bifo ebya waggulu mu ddiini zisinziira ku kugeegenya n'obulimba.

**SITAANI ALINA OBUSATU BWE:**

Katonda ali mu busatu obwa, kitaffe, omwana, n'omwoyo Omutukuvu. Obusatu bwa Sitaani mulimu: Sitaani yennyini, ensolo enkambwe, ne bannabbi ow'obulimba.

**SITAANI ALAINA EKKANISA YE:**

Katonda yatandikawo ekkanisa ye entuufu eyitibwa, "Omubiri gwa Kristo" nga Yesu ye mutwe gwayo:

> **Kale mwenna awamu muli mubiri gwa Kristo, era buli omu ku mmwe kitundu kyagwo. (1 Abakolinso 12:27)**

Sitaani alina ekkanisa ye eyitibwa, "ekkanisa ya sitaani"

> **Nti mmanyi okubonaabona kwo n'obwavu bwo, naye ng'oli mugagga, era n'okulimirira kw'abo abeeyita Abayudaaya songa ssi Bayudaaya, wabula kuŋŋaaniro lya Setaani. (Okubikkulirwa 2:9)**

Erinnya erya "Sinagooga ya Sitaani" terikozesebwa mu lwatu, naye sinagooga ye etandikibwawo mu kifo kyonna enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo entuufu w'etennabuulirwa.

**SITAANI ALINA ENJIGIRIZA:**

Katonda alina enjigiriza eragibwa mu kigambo kye ekitukuvu, Baibuli:

> **Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋŋamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu. (2 Timoseewo 3:16)**

Enjigiriza ya Sitaani eyitibwa, “enjigirirza y’emizimu.”

> **Mwoyo Mutukuvu ayogera lwatu nti mu nnaku ez’oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bagoberera emyoyo egiwubisa, n’enjigiriza ya baddayimooni. (1 Timoseewo 4:1)**

**SITAANI ALINA ENKOLA Y’OKUSADDAAKA:**

Mu Abaruumi 12:1, tugambibwa okwewaayo eri Katonda nga ssaddaaka ennamu. Kino kitegeeza tulina okwewaayo obulungi eri Katonda ffenna. Sitaani naye ayagala ssaddaaka:

> **Nedda. Kye ŋŋamba kye kino nti abo abawaayo ssaddaaka eri bakatonda abalala bawa eri baddayimooni so si eri Katonda. Saagala mwegatte wamu ne baddayimooni mussekimu nabo. (1 Abakolinso 10:20)**

Sitaani ayagala okuwaayo omubiri gwonna, emmeeme n’omwoyo. Ddala waliwo ssaddaaka ezikolebwa nga abasajja n’abakazi beewaayo okuweereza Sitaani. Ssaddaaka z’omusaayi gw’abantu n’ensolo zikolebwa.

Sitaani naye alina okuseekimu kwe:

Okusseekimu mu kugabana omugaati n’envinnyo kwatandikibwawo ng’engeri y’okujukira ssaddaaka ze olw’ebibi by’abantu bonna ku musaalaba (1 Abakolinso 11:23-24). Sitaani akyupula kino mu kusseekimu kwe:

> **Temuyinza kunywa ku kikompe kya Mukama ate ne munywa ne ku kikompe kya baddayimooni. Era temuyinza kuliira ku mmeeza ya Mukama ate ne ku ya baddayimooni. (1 Abakolinso 10:21)**

**SITAANI ALINA ABAWEEREZA:**

Katonda ayita abakkiriza abamu okukola nga Abasumba n’abaweereza mu kkanisa ye nga babuulira enjiri (1 Abakolinso 12:28). Sitaani naye alina abaweereza:

> **Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow’omusana.**
>
> **Noolwekyo abamuweereza bwe beefuula ng’abaweereza b’obutuukirivu tekitwewuunyisa. Ku nkomerero bagenda kubonerezebwa ng’ebikolwa byabwe biri. (2 Abakolinso 11:14-15)**

Abaweereza ba Sitaani babuulira “njiri” ekontana n’enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo:

> **Kubanga tewali njiri ndala, wabula mwawubisibwa abaagala okunyoola n’okukyusa Enjiri ya Kristo.**
>
> **Omuntu yenna, ne bwe tuba ffe, wadde malayika ava mu ggulu, bw’abuuliranga Enjiri okuggyako gye twababuulira, akolimirwenga. (Abaggalatiya 1:7-8)**

Olw’okuba nga obubaka butuusibwa n’amaanyi mu ngeri gye buleetebwamu, tekitegeeza nti obubaka obwo y’enjiri entuufu.

**SITAANI ALINA NNAMULONDO:**

Katonda alina nnamulondo mu ggulu, Sitaani naye alina nnamulondo, wadde nga tetubuulirwa kifo kituufu mw’eri:

> **Ekisolo ekyo kye nalaba kyali kifaanana ng’engo naye ng’ebigere byakyo biri ng’ebyeddubu, kyokka ng’akamwa kaakyo kali ng’ak’empologoma. Ogusota ne guwa ekisolo ekyo amaanyi gaagwo awamu n’entebe yaakyo ey’obufuzi era n’obuyinza bungi. (Okubikkulirwa 13:2)**

**SITAANI ALINA ABASINZA:**

Waliyo bangi abasinza Katonda omutuufu, era bangi abasinza Sitaani:

> **Ne basinza ogusota olw’okuwa ekisolo ekikambwe obuyinza obwenkaniddaawo, era n’ekisolo ne bakisinza, nga bagamba nti, “Ani akisinga amaanyi era ani ayinza okulwana nakyo? (Okubikkulirwa 13:4)**

Abamu ku basinza Sitaani beefuula abasinza Yesu:

> **Ennimiro y’ensi, n’ensigo ennungi be baana b’obwakabaka, naye omuddo be baana ba Setaani.**
>
> **Omulabe eyasiga ensigo ez’omuddo ye Setaani, amakungula y’enkomerero y’ensi n’abakunguzi be bamalayika. (Matayo 13:38-39)**

Sitaani agattika “ensigo embi” mu “nsigo ennungi.” (abakkiriza abatuufu)

**SITAANI ALINA BANNABBI:**

Katonda ataddewo bannabbi mu kkanisa, abantu abaafukibwako amafuta g’okulungamya n’okutuusa obubaka eri ekkanisa okuva gy’ali butereevu (1 Abakolinso 12:28). Sitaani naye alina bannabbi ab’obulimba:

> **Era bannabbi ab’obulimba bangi balijja ne bawubisa abantu bangi. (Matayo 24:11)**

**SITAANI ALINA ABASOMESA:**

Katonda yafukako abantu abamu amafuta ng’abasomesa okunnyonnyola ekigambo kye eri abalala (1 Abakolinso 12:28). Naye abasomesa bonna tebava eri Katonda. Sitaani alina abasomesa abakyamu ababuulira enjigiriza embi:

> **Naye waaliwo ne bannabbi ab’obulimba mu bantu, era nga bwe walibaawo abayigiriza ab’obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne Mukama waffe, ne beereetako okuzikirira okw’amangu.**

> **Abantu bangi baligoberera empisa zaabwe ez'obukaba ne bavumaganyisa ekkubo ery'amazima;**
>
> **balibafunamu amagoba mangi nga bakozesa ebigambo eby'obulimba olw'omululu gwabwe. Abo Katonda yabasalira dda omusango era n'okuzikirizibwa kwabwe tekubuusibwabuusibwa. (2 Peetero 2:1-3)**

Abasomesa ebya Sitaani baleetamu "ebikyamukiriza" mu bye bayigiriza ebikyamu era ebireetawo enjawukana. Boogera ebyobulimba era bakugu mu kutabulatabula amazima era bakola ensobi mu ngeri ey'ensobi ezikkirizika.

**SITAANI ALINA ABATUME:**

Omutume ye muntu abuulira enjiri era n'atandikawo amakanisa (1 Abakolinso 12:28). Sitaani naye alina abatume abakola omulimu gwe okwetooloola ensi. Balimba abantu nga bageegeenya abatume abatuufu:

> **Abantu ng'abo batume baabulimba, era bakozi baabukuusa, nga beefuula abatume ba Kristo. (2 Abakolinso 11:13)**

Abatume ba Sitaani bafuuka abakulembeze b'enjigiriza enkyamu ne bayingira mu amakanisa nga n'oluusi bafuuka abakulembeze mu kkanisa.

**SITAANI AYIMUSA BA KRISTO ABAKYAMU:**

Sitaani ageegeenyezza ne Mukama waffe Yesu Kristo ng'ayimusa ba Kristo abakyamu. Yesu yalabula:

> **Yesu n'abaddamu nti, "Temukkirizanga muntu yenna kubalimbalimba.**
>
> **Kubanga bangi balijja mu linnya lyange nga bagamba nti, 'Nze Kristo', era balirimba bangi. (Matayo 24:4-5)**

Ba Kristo bano abakyamu bakozesa erinnya lya Yesu. Bayinza okukola obubonero n'ebyewuunyisa nga bageegeenya amaanyi ga Katonda.

**SITAANI ALINA EMIKUTU GYE EGYEMPULIZIGANYA:**

Baibuli eraga engeri Katonda gye yayogeranga n'omuntu mu biseera ebyayita. Katonda ne leero akyayogera n'abantu. Sitaani naye ayogera n'abantu. Ebigambo bye ebyasooka eri omuntu byava mu kugwa kwe mu kibi: Oluberyeberye 3

Abakkiriza basaba Katonda olw'ebyetaago byabwe. Katonda addamu essaala z'abatuukirivu (Yakobo 5:16), abagoberezi ba Sitaani bamusaba ne bawuliziganya okuyita mu myoyo emikyamu. Oluusi Sitaani addamu n'ebintu ebitali bya bulijjo nga amaloboozi, ebintu ebitambula, okuwoggana n'ebirala. Sitaani alina amaanyi era agoolesa mu ngeri erabikako mu nsi.

Katonda ayogedde n'omuntu okuyita mu kigambo kye, Baibuli. Obubaka bwa Sitaani nabwo buyitira mu kigambo ekiwandiikiddwa nga magaziini, ebitabo, ebifaananyi n'ennyimba. Okuwuliza Katonda okw'ekigambo kye ekyawandiikibwa n'ekyogere kuwa okulungamya eri omuntu mu mbeera ez'obulimba.

Sitaani alina enkola ey'okuluɧɧamya okukyamu etuukirizibwa okuyita mu bukodyo nga buno wammanga:

- Okunoonyereza ku bitonde by'omubbanga: Ekozesa emmunyeenye okuteebereza ebinaabaawo n'okuluɧɧamya. Okusoma ebikoola, ebifaananyi, amasiga g'omutwe, ebibatu n'ebisejje. Obubaka obuva mu bikoola, enkuubo z'omu bibatu, ebisejje, n'ebifaananyi bugambibwa okuba nti bwa kuluɧɧamya.
- Obusamize: Okukozesa obubonero, eddagala, eddogo, obulombolombo, amaanyi g'ebitonde bwonna bukodyo bwa lukisakisa, okwolesebwa ebifaananyi ebikube, n'ebirala bw'ebityo ebitali nkola za mwoyo ebiruɧɧamya.

**SITAANI ALINA AMAANYI AGATALI GA BULIJJO:**

Yesu yasuubiza amaanyi ag'enjawulo eri abagoberezi be oluvannyuma lw'okujjuzibwa Omwoyo Mutukuvu (Ebikolwa 1:8). Ne Sitaani agaba amaanyi agatali ga bulijjo n'obuyinza: Okubikkulirwa 13:2

Zi ddayimooni ze zitondawo amaanyi agatali ga bulijjo. Sitaani awa amaanyi n'obuyinza (Okubikkulirwa 13:2), nga Yesu bwe yakola. Sitaani asobola okukola obubonero n'ebyamagero ebitali bya bulijjo:

> **Abo be baddayimooni abakozi b'ebyamagero... (Okubikkulirwa 16:14)**

Yesu yagamba:

> **Ku lunaku luli bangi baliŋŋamba nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe, twayogeranga eby'obunnabbi mu linnya lyo, era ne tugoba ne baddayimooni mu linnya lyo, ne tukola n'ebyamagero bingi mu linnya lyo.'**
>
> **Ndibaddamu nti, 'Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi. (Matayo 7:22-23)**

Wekkaanye nti Yesu yagamba nti, "Sibamanyangako," abantu bano n'obubonero bwabwe n'amaanyi gaabwe tebyali bya Katonda. Baalinga balimpa ab'ebikyupuli.

**AMAANYI AGASINGA:**

Sitaani mugeegeenyi omukukunavu. Alina entegeka ey'amaanyi. Abagoberezi be basobola okukola ebintu eby'amaanyi, Yesu yalabula ku maanyi ge:

> **Naye nzija kubalaga gwe musaanidde okutya. Mutyenga oyo alina obuyinza okutta ate n'okusuula mu ggeyeena. Weewaawo mbagamba nti oyo gwe musaanye okutyanga. (Lukka 12:5)**

Naye Katonda alina amaanyi agasinga, Yesu yagamba:

> **Mmwe, abaana abaagalwa, muli ba Katonda era mumaze okuwangula, kubanga oyo ali mu mmwe wa maanyi okusinga oyo ali mu nsi. (1 Yokaana 4:4)**

Ojja kuyiga mu ssuula eddako ku ngeri Yesu gye yajjamu n'obuyinza wamu n'amaanyi okusaanyawo emirimu gya Sitaani emibi. Ojja kuyiga mu ssuula eziddako ku ngeri Yesu gye yawa amaanyi agasinga ag'omulabe eri abakkiriza.

## OKUSISINKANA ASOOMOOZA OW'EKIKYUPULI

Zino z'ezimu ku ngeri Baibuli z'eraga mu kusisinkana amaanyi g'asoomooza ow'ekikyupuli:

### MANYA SITAANI NTI MUGEEGENYI:

Omutendera ogusooka ku kuwangula omulabe Sitaani, kwe kumanya nti Sitaani ageegeenya maanyi ga Katonda.

### KOZESA OKUKEBERA:

Waliwo ekirabo ky'omwoyo omutukuvu ekiyitibwa okukebera mu mwoyo. Buno buba busobozi obutali bwa bulijjo obuweebwa Katonda amangu ago n'okebera ekiri mu mwoyo gw'omuntu n'omanya oba nga balungi oba bakyamu. Bw'oba olina ekirabo ky'omwoyo kino, kikozese okumanya oba emyoyo gy'abantu gya Katonda oba Sitaani.

Bw'oba tolina kirabo kino,Katonda akuwadde engeri y'okumanya endala. 2 Peetero 2 n'ekitabo kya Yuda ebiraga embala y'abantu abalina emyoyo egisendasenda bikuyambe okujizuula. Awatali kutunuulira ngeri muntu gy'ali mu mwoyo oba amaanyi gaalina, mukebere ng'osinziira ku kigambo kya Katonda.

### MUKEBERE AMAANYI GAABWE AGATALI GA BULIJJO OKUYITA MU BIBALA.

Kubanga Sitaani ageegeenya amaanyi ga Katonda okuyita mu kwolesa kw'ebyamagero okutali kwa bulijjo, obubonero n'ebyewuunyo, Katonda ataddewo engeri y'okukebera. Yesu yageraageranya abantu ku miti egy'ebibala:

> **Omuti omulungi teguyinza kubala bibala bibi, n'omuti omuvundu teguyinza kubala bibala birungi. ..,**
>
> **Noolwekyo mulibategeerera ku bibala byabwe. (Matayo 7:18, 20)**

Sitaani ayinza okugeegeenya ebirabo by'omwoyo n'amaanyi ga Katonda, naye tasobola kugeegeenya bulamu butukuvu obuli mu kibala ky'omwoyo Omutukuvu omuli:

> **...okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, obuwombeefu, okwefuga... (Abaggalatiya 5:22-23)**

Mukebere obuweereza n'ebirabo by'omwoyo mu kifo ky'okwolesa amaaanyi agatali ga bulijjo.

**SOMA EKIGAMBO KYA KATONDA:**

Okusobola okutegeera enjigiriza ya Sitaani enkyamu, abasomesa, abatume, bannabbi, n'abaweereza, oteekwa okumanya ekisomesebwa mu kigambo kya Katonda. Paulo yagamba Timoseewo:

> **Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, ng'oli mukozi akola ebitakuswaza, era nga weekuumira mu kkubo ery'obubaka obw'amazima. (2 Timoseewo 2:15)**

Wadde nga Paulo yali mukulembeze w'eddiini ow'amaanyi mu kkanisa eyasooka , abakkiriza mu kibuga ky'e Bereya baakeberanga buli kye yasomesanga okuyita mu kigambo kya Katonda:

> **Abayudaaya b'omu Beroya baali balungi okusinga ab'e Sessaloniika, ne bawuliriza bulungi n'essanyu Ekigambo ekyababuulirwa. Buli lunaku nga babikkula Ebyawandiikibwa okunoonyaamu ebyo Pawulo ne Siira bye baayogerangako bakakase nti bya mazima. (Ebikolwa 17:11)**

Okwewala okulimbibwa amaanyi ga Sitaani, kebera buli kintu ekisomesebwa mu kitangaala ky'ekigambo kya Katonda. Kebera obulamu bw'abo abasomesa enjigiriza ez'amaanyi oba abakola obubonero n'ebyewuunyisa.

Temukkirizanga njigiriza yonna, kusomesebwa, okubikkulirwa oba ekyamagero kyonna ekikontana n'ekigambo kya Katonda. Amaanyi ga Sitaani ebiseera ebisinga gasikiriza abakkiriza okuyita mu kuyitibwa "Okubikkulirwa okw'amazima okw'enjawulo okupya." Abantu beekwasa okwolesebwa, ebirooto, bamalayika amaloboozi oba ebintu ebitali bya bulijjo ebibaawo, Paulo yalabula:

> **Kubanga tewali njiri ndala, wabula mwawubisibwa abaagala okunyoola n'okukyusa Enjiri ya Kristo.**
>
> **Omuntu yenna, ne bwe tuba ffe, wadde malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga Enjiri okuggyako gye twababuulira, akolimirwenga. (Abaggalatiya 1:7-8)**

Tomala gakkiriza buyitibwa bunnabbi obutali mu nkolagana na kukkiriza (Abaruumi 12:6) era okutatuukirira (Ekyamateeka 18:22). Tokkiriza kubikkulirwa kwonna okukutwala ebbali w'ekkubo lya Katonda n'amazima g'ekigambo kye: Ekyamateeka 13:1-5

> **Omuntu awaba okuva mu kkubo ly'okutegeera, agukira mu bafu. (Engero 21:16)**

**WEEWALE BULI KUSIKIRIZIBWA KWA SITAANI:**

Katonda yalabula Isirayiri ku kwewala buli maanyi ga Sitaani agasikiriza:

> **Mugobangamu abatuuze baamu bonna abagirimu kaakano. Muzikirizanga ebifaananyi byabwe byonna ebibajje n'ebiweese byonna; era musaanyangawo ebifo byabwe ebigulumivu mwe basinziza. (Okubala 33:52)**

Soma ku biragiro ebirala Katonda bye yawa mu Ekyamateeka 18:9-14. Isirayiri teyalina kwesembereza nkola mbi eza Sitaani wadde. Saanyawo buli kintu ky'olina ekiringa ekyobusamize oba eky'ebikolwa

by'omubi, nga mwe muli: Eddogo, obufuusa, eddagala, obuzannyo, ebintuntu ebiringa bikatonda n'ebiringa ebyo. Yonoona buli bubaka obubi n'ennyimba ezitagulumiza Katonda. Kino abantu kye baakola mu ndagaano empya bwe bafuuka abakkiriza:

> **Abamu abaali abalogo ne baleeta ebitabo byabwe ne babyokya ng'abantu bonna balaba. Bwe baabalirira omuwendo gw'ensimbi mu bitabo ebyayokebwa, nga guwera nga siringi emitwalo kkumi. (Ebikolwa 19:19)**

Toyonoonera budde bwo mu bifo ebiri mu ebikolwa ebikyamu. Baibuli eraga nti Katonda yeeyolekera mu bifo ebyenjawulo nga mu ndagaano enkadde mu yeekaalu ne mu kisenge ekya waggulu eky'ennyumba ku lunaku lwa Pentekooti. Neera kituufu amaanyi ga Sitaani gasobola okwolesebwa mu bifo ebyenjawulo ebyawongebwa eri omubi. Muno mulimu ebifo omuli ebifaananyi ebibi mwebiragibwa, bye banywera n'awali obuvuyo. Wabaawo okukuɧɧaana, okusinza Sitaani buli awakolerwa ebikolwa ebikyamu. Weewale ebifo ng'ebyo, kubanga amaanyi ga Sitaani gaba nga mangi nnyo mu bifo ebyo. Tosobola kusabirayo, "Tontwala mu kukemebwa," ate ne weeteeka mu kifo ng'ekyo.

> **...Saagala mwegatte wamu ne baddayimooni mussekimu nabo... (1 Abakolinso 10:20)**

Tokolagana na bakulembeze bakyamu, abasomesa, bannabbi, abaweereza oba abatume: Byonna byewale ebikyamu bwe bityo.

> **Mwewalenga buli ngeri ya kibi. (1 Abasessaloniika 5:22)**

**MANYA NG'AMAANYI GA KATONDA GASINGA AGA SITAANI:**

Entegeka ya Katonda, ekkanisa entuufu esinga eya sitaani amaanyi:

> **Katonda atadde ebintu byonna wansi w'ebigere bye, n'afuula Kristo omutwe gw'ebintu byonna eby'ekkanisa,**
>
> **Era ekkanisa gwe mubiri gwe ye yennyini, mwatuukiririza ebintu byonna. (Abaefeeso 1:22-23)**
>
> **Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo. (Abaefeeso 3:10)**

Yesu ye mutwe gw'ekkanisa, abakkiriza gwe mubiri. Ebintu byonna bwe biba wansi w'ebigere bya Yesu nga Sitaani n'enkola z'eddiini bwe biri, olwo naye aba wansi wa bigere byaffe kubanga ffe mubiri. "Wansi w'ebigere" kitegeeza nti biri wansi w'amaanyi n'obuyinza bwa Katonda bye yatusigira. Yesu yagamba nti tulina amaanyi gonna (Lukka 10:19). Muno mulimu enkola ez'omwoyo embi mu bifo ebya waggulu. Sitaani n'ababe bagezaako okusoomooza amaanyi ga Katonda naye tebayinza kumukanga wadde abantu be. Ekkanisa eba erina kwolesa maanyi ga Katonda eri abafuzi n'amaanyi g'omubi.

**YIGA ENNONO ZA BAIBULI EZ'AMAANYI:**

Ojja kusoma ennono za Baibuli mu lusoma luno. Bw'otegeera ennono z'amaanyi ga Katonda, tojja kulimbibwa mirimu gya Sitaani emikyupule.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. "Enkola z'omwoyo embi mu bifo ebyawaggulu" kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Funza byonna by'ojjukira ku mukyupuzi w'amaanyi ga Katonda owa Sitaani okuyita mu nkola embi ez'omwoyo mu bifo bya waggulu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Leetayo enkola za Baibuli munaana eziweebwa mu ssuula eno ez'okuwangula ageegeenya ono asoomooza.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma 2 Peetero 2 n'ekitabo kya Yuda. Essuula zino zijja kukuyamba okumanya abageegeenya aba Sitaani mu kkanisa.
2. Funa ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Enkola z'omwoyo: "Ekitabo eky'olutalo olw'omwoyo." Kijja kukuyamba okuyiga ku asoomooza omukyupuzi, omanye n'enkola z'okuwangula amaanyi ge.
3. Omugeegeenyi w'amaanyi ga Katonda, Sitaani anoonya gw'alimba mu nsi ya leero. "Okulimba" kwe kuluɧɧamya okukyamu oba okuleetera omuntu okukkiriza ekintu ekitali kituufu.

- Sitaani talimba bantu bokka wabula n'amawanga: Okubikkulirwa 20:8-10
- Sitaani akolera mu "bulimba bwonna obutali butuukirivu." 2 Abasessaloniika 2:10
- Tulabulwa nti obulimba bujja kweyongera: 2 Timoseewo 3:13
- Kubanga obulimba bujja kweyongera, tulagirwa ku kumanya ebiribaawo ebiranga okujja kwa Kristo: Matayo 24, Makko 13, 2 Abasessaloniika 2:3
- Tulabulwa ku bakozesebwa Sitaani okulimba 2 Abakolinso 11:13, Tito 1:10, 2 Peetero 2:13, 2 Yokaana 7.
- Omutima gw'omuntu mulimba: Yeremiya 17:9
- Buli muntu atali mulokole alimbibwa: 2 Abakolinso 4:4, Abaebbulaniya 3:13
- Temukkiriza "byogerwa eby'obulimba nga tebikkiriziganya na kigambo kya Katonda: Abaruumi 16:18, 2 Abakolinso 4:2

Olimbibwa bw'o…

- Bw'owuliriza eby'ekifirosoofa: Abakolosaayo 2:18
- Bwe weesiga obugagga n'okkiriza n'okwegomba kw'omubiri: Matayo 13:22, Makko 4:19, Abaefeeso 4:22
- Oba muwulize so si mukozi wa kigambo kya Katonda: Yakobo 1:22
- Bw'ogamba nti tolina kibi: 1 Yokaana 1:8
- Bw'owuliriza ababi: 2 Timoseewo 3:13
- Bw'olowooza nti oli wa mugaso nnyo kyokka nga mumazima tolina ky'oli: Abaggalatiya 6:3
- Bw'olowooza nti tookungule ky'osiga: Abaggala: 6:7
- Bw'olowooza nti abatali batuukirivu nti bajja kusikira obwakabaka bwa Katonda: 1 Abakolinso 6:9
- Bw'olowooza nti oli mugezi olw'okuba n'amagezi g'ensi eno: 1 Abakolinso 3:18
- Bw'olowooza nti oli wa mwoyo naye ng'olulimi lwo terunafugibwa mazima: Yakobo 1:26
- Bw'otokkiriza nti Yesu Kristo yajja mu mubiri: 2 Yokaana 7
- Bw'olowooza nti bw'osemberera ekibi tekiikukose: 1 Abakolinso 15:33

# ESSUULA EYOOKUNA

## “TEWALI MUNTU YAYOGERA NGA YE”

**EBIGENDERERWA:**

Bw’omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensibuko y’amaanyi ga Yesu.
- Okufunza ekyo Baibuli ky’esomesa ku maanyi n’obuyinza ebya Yesu.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Awo Yesu n’asemberera abayigirizwa be n’abategeeza nti, “Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. (Matayo 28:18)**

**ENNYANJULA**

Katonda ali mu busatu, omuli Katonda kitaffe, Katonda omwana n’Omwoyo Omutukuvu. Ensibuko y’amaanyi ye Katonda kitaffe. Katonda yasigira omwana we Yesu Kristo amaanyi ge. Omwoyo omutukuvu oluvannyuma yawa abakkiriza amaanyi ge yasigira mu mwana we.

Mu ssuula eno ojja kuyiga ku maanyi n’obuyinza ebya Yesu. Kyali ky’amaanyi okuba ng’abakulembeze b’eddiini ebiro ebyo bagamba, “Tewali muntu yayongera nga Ye” (Yokaana 7:46)

**YAZAALIBWA MU MAANYI**

Yesu yazaalibwa mu maanyi ag’omwoyo Omutukuvu:

> **Malayika n’amuddamu nti, “Mwoyo Mutukuvu alikukkako, n’amaanyi g’Oyo Ali Waggulu Ennyo galikubuutikira, n’omwana alizaalibwa aliba mutukuvu, Omwana wa Katonda. (Lukka 1:35)**

Yesu yali maanyi ga Katonda agalabikako:

> **Naye eri abaayitibwa, Abayudaaya n’Abamawanga, Kristo ge maanyi ga Katonda, era amagezi ga Katonda. (1 Abakolinso 1:24)**

**YABATIZIBWA MU MAANYI**

Yokaana yamanya amaanyi ga Yesu, yagamba:

> **Yabuuliranga ng'agamba nti, "Waliwo omuntu omukulu era ansinga amaanyi ajja okujja, gwe sisaanira na kusumulula bukoba bwa ngatto ze.**
>
> **Nze mbabatiza na mazzi, naye ye alibabatiza na Mwoyo Mutukuvu. (Makko 1:7-8)**

Yesu bwe yabatizibwa Yokaana mu mugga gwe Yoludaani, Omwoyo Omutukuvu yamukkako mu ngeri ey'ejjuba.

> **Nange nnali simumanyi, wabula nze najja okubatiza n'amazzi, ndyoke mulage eri abantu ba Isirayiri. (Yokaana 1:31)**

Katonda yali yagamba Yokaana:

> **…Bw'olabanga Mwoyo Mutukuvu ng'akka n'abeera ku muntu, nga oyo, ye Kristo abatiza ne Mwoyo Mutukuvu. (Yokaana 1:33)**

Kino kyakasibwa Mwoyo Mutukuvu bwe yaka ku Yesu mu ngeri ey'ejjuba. Yesu teyajjuzibwa bujjuzibwa maanyi ga Mwoyo Mutukuvu, yali wa kubatizibwa n'amaanyi.

**AMAANYI AGAAKAKASIBWA**

Amangu ddala ng'amaze okubatizibwa, Yesu yagenda mu ddungu okukemebwa Sitaani:

> **Awo Yesu, ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu, n'avaayo ku mugga Yoludaani, Omwoyo n'amutwala mu ddungu. (Lukka 4:1)**

Osobola okusoma ku kino mu Lukka 4:1-13.

Amaanyi gaakakasibwa olw'okugezesebwa. Buli kikemo kya Sitaani, kyasoomooza amaanyi n'obuyinza ebya Yesu. Yesu byonna yabiwangula era n'a…

> **Awo Yesu n'akomawo mu Ggaliraaya ng'ajjudde amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu, n'ayogerwako mu bitundu byonna ebyetoolodde mu byalo. (Lukka 4:14)**

**ENSIBUKO Y'AMAANYI GE**

Katonda kitaffe y'eyali ensibuko y'amaanyi n'obuyinza ebya Yesu. Yesu yagamba:

> **Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe,**
>
> **N'okulangirira ekiseera kya Mukama eky'okulagiramu ekisa kye. (Lukka 4:18-19)**

Yesu teyagezesa maanyi ge nga tali ne Katonda kitaffe. Okweyongerayo mu buweereza bwe bwonna obwokunsi, Yesu yalaga nti Katonda y'ensibuko y'amaanyi ge:

**Yesu n'abagamba nti, "Mwalaba ebyamagero bingi Kitange bye yankozesa, kiruwa ku ebyo kye musinziirako okunkuba amayinja? (Yokaana 10:32)**

**AMAANYI AGATAKUGIRWA**

Tewaaliwo kukugirwa ku maanyi ga Katonda. Yaweebwa amaanyi gonna mu ggulu ne ku nsi:

**Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. (Matayo 28:18)**

Yesu yalina amaanyi:

**Waggulu eyo, Kristo gy'afugira obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna, n'amaanyi gonna, n'obwami bwonna, na buli kitiibwa kyonna ekiweebwa omuntu. Afugira mu mulembe guno, era alifugira ne mu mulembe ogugenda okujja.**

**Katonda atadde ebintu byonna wansi w'ebigere bye, n'afuula Kristo omutwe gw'ebintu byonna eby'ekkanisa. (Abaefeeso 1:21-22)**

Yesu ye mutwe omukulu ogw'amaanyi amalala gonna:

**Era tweyongera okubasabira, mutambulenga nga musiimibwa Mukama era nga mumusanyusa mu buli byonna bye mukola, era nga mubala ebibala mu buli mulimu omulungi, era nga mukula mu kutegeera Katonda. (Abakolosaayi 2:10)**

Yesu yalina amaanyi nga tegakugirwa, yaweebwa:

**AMAANYI G'OKUSOMESA N'OBUYINZA:**

Abawandiisi, obuyinza bwabwe baabuggya mu byawandiikibwa eby'endagaano enkadde. Yesu yajja obuyinza bwe ku Katonda yennyini:

**Ne beewuunya okuyigiriza kwe, kubanga yabayigiriza nga nannyini buyinza, so si ng'abannyonnyozi b'amateeka bwe baakolanga. (Makko 1:22)**

**Ne beewuunya nnyo okuyigiriza kwe. Kubanga yayogeranga nga nnannyini buyinza. (Lukka 4:32)**

**AMAANYI KU KIBI**

Yesu yalina amaanyi agasonyiwa ebibi:

**Naye mutegeere nga Omwana w'Omuntu alina obuyinza ku nsi okusonyiwa ebibi… (Matayo 9:6)**

**AMAANYI KU NDWADDE:**

**Obudde bwe bwawungeera, ne bamuleetera abalwadde bangi abaaliko baddayimooni. N'ayogera bwogezi kigambo baddayimooni n'abagoba, era n'awonya n'abalala bonna abaali balwadde. (Matayo 8:16)**

**AMAANYI KU BITONDE:**

**N'azuukuka n'aboggolera omuyaga n'agamba ennyanja nti, "Tteeka, sirika." Omuyaga ne gusirika n'ennyanja n'eteekera ddala. (Makko 4:39)**

**AMAANYI KU MUBIRI GWONNA:**

**Nga bwe wamuwa obuyinza ku balina omubiri bonna, bonna be wamuwa alyoke abawe obulamu obutaggwaawo. (Yokaana 17:2)**

**AMAANYI KU BALABE BE:**

**Piraato n'amugamba nti, "Tonziramu? Tomanyi nga nnina obuyinza okukuta oba okukukomerera?"**

**Yesu n'amuddamu nti, "Tewandibadde na buyinza ku Nze n'akatono, singa tebukuweebwa kuva waggulu. Noolwekyo abo abampaddeyo gy'oli be balina ekibi ekisinga. (Yokaana 19:10-11)**

**AMAANYI KU KUFA:**

Yesu yagamba:

**Nze kuzuukira n'obulamu; akkiriza nze newaakubadde ng'afudde, aliba mulamu. (Yokaana 11:25)**

Okuyita mu kufa n'okuzuukira kwe, Yesu…

**…n'aggya ebyokulwanyisa ebyo ku bafuzi n'ab'obuyinza ab'omu bbanga, n'abaswaza mu lwatu, n'abawangulira ddala. (Abakolosaayi 2:15)**

**AMAANYI KU BULAMU BWE:**

Yesu yannyonnyola ng'asinziira ku bulamu bwe:

**Tewali n'omu abunzigyako, wabula mbuwaayo lwa kwagala kwange. Nnina obuyinza okubuwaayo, era nnina obuyinza okubweddizza. Ekyo Kitange ye yakindagira. (Yokaana 10:18)**

**AMAANYI G'OKUSALA OMUSANGO:**

Katonda awadde Yesu amaanyi g'okusala omusango:

**Era yamuwa obuyinza okusalira abantu emisango, kubanga ye Mwana w'Omuntu. (Yokaana 5:27)**

**AMAANYI KU DDAYIMOONI:**

Yesu yalina amaanyi n'obuyinza eri amaanyi ga ddayimooni:

> **Buli muntu n'atya nnyo nga bwe beebuuzaganya nti, "Kigambo ki kino? Kubanga alagira n'obuyinza n'amaanyi emyoyo emibi ne giva mu muntu, ekireetera ne dayimooni okumugondera. (Lukka 4:36)**

> **Buli omu ne yeewuunya, ne beebuuzaganya nti, Kuyigiriza kwa ngeri ki kuno okuggya okujjudde obuyinza? So n'emyoyo emibi agiragira ne gimugondera. (Makko 1:27)**

> **Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

**AMAANYI KU BIKOLWA BY'OMULABE BYONNA:**

> **Naye buli akola ekibi wa Setaani, kubanga okuva olubereberye Setaani akola bibi. Omwana wa Katonda kyeyava ajja mu nsi azikirize ebikolwa bya Setaani. (1 Yokaana 3:8)**

**AMAANYI AGALIWO:**

Oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwe, Yesu yaddayo mu ggulu. N'eyo ayongera okuweereza n'amaanyi n'obuyinza ng'ali ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo.

> **Naye ekiseera kituuse, Nze, Omwana w'Omuntu, okutuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda Ayinzabyonna. (Lukka 22:69)**

> **N'abagamba nti, "Laba, ndaba eggulu nga libikkuse, nga n'Omwana w'Omuntu ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. (Ebikolwa 7:56)**

Yesu era yeeyongera okuweereza mu maanyi agaaweebwa abakkiriza. Nga Yesu tannaddayo mu ggulu, yalekera abagoberezi be amaanyi n'obuyinza. Baali bakukola emirimu egisingayo (Yokaana 14:12). Ojja kusoma ku maanyi gano agaaweebwa mu ssuula eddako.

**AMAANYI AGALIJJA**

Olunaku lumu, Yesu alidda ku nsi mu maanyi n'ekitiibwa eby'enjawulo:

> **Oluvannyuma lw'ebyo akabonero k'Omwana w'omuntu kalirabika ku ggulu, era walibaawo okukungubaga kw'amawanga gonna ag'omu nsi, era baliraba Omwana w'Omuntu ng'ajja ku bire by'eggulu, mu maanyi ne mu kitiibwa ekinene. (Matayo 24:30)**

Mu kiseera ekyo amaanyi g'eggulu n'ensi gajja kuweebwayo eri Yesu:

> **Olwo enkomerero n'eryoka etuuka, Kristo n'akwasa Katonda Kitaawe obwakabaka; Kristo ng'amaze okuzikiriza obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna era n'amaanyi gonna. (1 Abakolinso 15:24)**

Ensi yonna ejja kwatula amaanyi ga Katonda kitaffe n'omwana, Yesu Kristo:

> **Ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Omwana gw'Endiga eyattibwa, asaanidde okuweebwa obuyinza, n'obugagga, n'amagezi n'amaanyi, n'ekitiibwa, n'ettendo n'okwebazibwa!"**
>
> **Ne ndyoka mpulira buli kitonde kyonna mu ggulu ne ku nsi ne wansi w'ensi ne mu nnyanja ne byonna ebigirimu nga bitendereza nti, "Okutenderezebwa, n'ettendo, n'ekitiibwa, n'amaanyi by'Oyo atudde ku ntebe y'obwakabaka awamu n'Omwana gw'Endiga, Emirembe n'emirembe." (Okubikkulirwa 5:12-13)**

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Biki ebikugira amaanyi ga Yesu?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Ani nsibuko y’amaanyi n’obuyinza bwa Yesu?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Funza by’oyize mu ssuula eno ku maanyi n’obuyinza ebya Yesu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

Weeyongere okusoma ku maanyi n'obuyinza ebya Yesu nga bw'osoma ku bulamu n'obuweereza bwe mu bitonde bya: Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana.

Wandiika emirundi amaanyi ga Yesu gye galagibwa nga gasibuka ku Katonda kitaffe. Emirundi egyo giri emeka?

Laga engeri amaanyi ge gye goolesebwa mu kuyigiriza, mu kuwonya, mu kugoba ddayimooni, mu byamagero, okufuga ebitonde n'ebirala. Kozesa ekipande:

| Okujuliza | Engeri amaanyi gye gaayolesebwa | Ebyavaamu |
|---|---|---|

# ESSUULA EYOOKUTAANO

## OBUYINZA OBUSIGIRE

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensibuko y'obuyinza bw'omwoyo bwe tufuna.
- Okunnyonnyola oluganda oluli wakati w'obuvunaanyizibwa n'obuyinza
- Okunnyonnyola obuvunaanyizibwa Yesu bwe yalekera abagoberezi be.
- Okunnyonnyola ebigambo ebibiri eby'oluyonaani eby'amaanyi.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. (Lukka 10:19)**

**ENNYANJULA**

Katonda y'ensibuko y'amaanyi. Yalekera omwana we Yesu Kristo amaanyi ge gonna. Olwo Yesu naye n'alekera amaanyi amaanyi ge ag'omwoyo eri abagoberezi be. Amaanyi gano gaabasobozesa okutuukiriza obuvunaanyizibwa obwabalekerwa.

**OBUVUNAANYIZIBWA N'OBUYINZA**

Yesu bwe yamaliriza obuweereza bwe obwo kunsi n'addayo mu ggulu, yalekera abagoberezi be obuvunaanyizibwa obunene, yagamba:

> **Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**
>
> **Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)**

Obuvunaanyizibwa Yesu bwe yawa abagoberezi be kwe kutuukirira ensi yonna n'enjiri yobwakabaka bwa Katonda.

Waliyo enkolagana nnene wakati w'obuyinza n'obuvunaanyizibwa okukola ekintu, era aba alina okuweebwa obuyinza okukikola. Obuyinza obwo bulina kumuweebwa oyo aba amusingako.

Ekyokulabirako, omuserikale aweebwa obuyinza okukuuma eddembe mu kitundu, ekyalo oba ekibuga. Era aweebwa obuyinza gavumentiokusobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe. Aweebwa obuyinza okukwata eky'okulwanyisa eky'okumuwa amaanyi okutuukiriza omulimu gwe. Omuserikale talina buyinza bubwe nga ye. Obuyinza bwe bumuweebwa buweebwa abamusingako. Akiikirira gavumenti.

Yesu yawa abagoberezi be obuvunaanyizibwa bw'okutuukirira ensi yonna n'enjiri. Era n'abawa n'obuyinza obw'okutuukiriza omulimu guno. Tosobola kuwa muntu buvunaanyizibwa nga tomuwadde buyinza bwa kukubutuukiriza. Obuyinza buno bwe buli wa? Ge maanyi ag'omwoyo. Yesu yagamba:

> **Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. (Matayo 28:18)**

Era n'agamba:

> **Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**
>
> **Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo."(Matayo 28:19-20)**

**OBUYINZA OBUSIGIRE**

Yesu bwe yajja ku nsi eno, yajja n'amaanyi n'obuyinza. Yesu yalina "amaanyi gonna" agaamuweebwa Katonda. Olwa kino, ye (Yesu) yalina obuyinza obw'okwesigisa amaanyi n'obuvunaanyizibwa eri abagoberezi be:

> **Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, ne bajja gy'ali n'abawa obuyinza okugobanga baddayimooni, n'okuwonyanga buli ndwadde n'okukozimba ebya buli ngeri. (Matayo 10:1)**

N'ayawula ekkumi n'ababiri, basobole okuba naye, era abatume babuulire:

> **N'alonda kkumi na babiri mu abo, be yafuula abatume babeerenga naye, era abatumenga okubuulira.**
>
> **N'abawa n'obuyinza okugobanga baddayimooni. Ekkumi n'ababiri be yalonda be bano. (Makko 3:14-15)**
>
> **Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abatuma babiri babiri era n'abawa obuyinza okugoba emyoyo emibi ku bantu. (Makko 6:7)**

**Awo olunaku lwali lumu Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri bonna awamu, n'abawa obuyinza okugoba baddayimooni ku bantu n'okuwonya endwadde. (Lukka 9:1)**

Si mbeera oba omukisa gw'ebintu ebikalu nti Yesu bye yawa abayigirizwa be. Teyatandikawo kitongole kyabwe nti bakolere e Yerusalemu. Yamanya nga bino byokka tebijja kumaliriza mulimu, yawaayo amaanyi.

Mu ssuula eyookusatu wayize ku maanyi ga Sitaani. Amaanyi Yesu ge yawa abagoberezi be gasinga nnyo amaanyi g'omulabe.

**Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. (Lukka 10:19)**

Sitaani takutya, tajja kukuwa kitiibwa, naye atya obuyinza bwo Katonda bwe yakuwa. Obuyinza buva ku nkolagana. Okugeza, omuserikale alina obuyinza okusinziira ku nkolagana ye ne gavumenti. Obuyinza bwo businziira ku nkolagana yo ne Mukama waffe Yesu Kristo. Emabega wo ebaayo Yesu "namaanyi gonna." Bw'omanya amazima gano, obulamu bwo bujja kukyuka. Yesu yagamba abayigirizwa be:

**Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

Abayigirizwa bwe baaweebwa amaanyi gano baakyusibwa okuva mu kutya, obutakkiriza, okubuusabuusa kw'abantu eri ababa balina obuyinza:

**Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)**

Ekitabo kya Ebikolwa kiraga engeri y'ekisuubizo ky'amaanyi ag'omwoyo gye kyatuukirizibwamu mu bulamu bw'abakkiriza. Ebyamagero, obubonero, ebyewuunyisa, obubonero ebinnyonnyolwa mu kitabo kino bisanyusa. Buli maanyi ga Katonda lwe gaayolesebwa kyaleetangawo okutuukirizibwa kw'omulimu omunene ogwokutuukirira ensi n'enjiri.

**EBIGAMBO EBIBIRI EBY'AMAANYI**

Mu ndagaano empya, ebigambo bibiri eby'enjawulo mu Luyonaani bakyusibwa mu kigambo kimu, amaanyi amakulu gano ag'emirundi ebiri galagibwa mu lunyiriri luno:

**Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. (Lukka 10:19)**

Ekigambo ky'oluyonaani "Exousia" kitegeeza amaanyi oba obuyinza obusigire. Ekigambo "Dunamis" kitegeeza amaanyi agava munda. "Agava munda" ge maanyi agava mu ndowooza oba mu ggwe. Amaanyi agava munda (Dunamis) kikozeseddwa mu lunyiriri luno okunnyonnyola amaanyi ga Sitaani. Amaanyi amasigire (Exousia) kikozesebwa okunnyonnyola amaanyi ga Yesu agamuweebwa Katonda.

Gano ge maanyi, agaweebwa okuva ewa Katonda, agasinga amaanyi amasigire agaweebwa abakkiriza. Tozaalibwa na maanyi gano. Togasikira kuva ku bazadde bo. Gakuweebwa Yesu Kristo.

**OBUVUNAANYIZIBWA ERI AMAANYI**

Amaanyi Yesu ge yawa abagoberezi be gatambula n'obuvunaanyizibwa. Gaali gakukozesebwa mu kwongerayo enjiri eri amawanga g'ensi:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Amaanyi gano ga kiruubirirwa eky'okwongerayo enjiri eri amawanga g'ensi. Yesu yagera olugero lw'ekyokulabirako ky'amazima gano mu Makko 13. Yagamba:

> **Ng'omusajja eyatambula olugendo n'ategekera abaddu be, buli omu n'amuwa obuyinza ng'omulimu gwe bwe guli, n'alagira omuggazi w'oluggi atunule alindirire. (Makko 13:34)**

Obuyinza bwaweebwa olw'okumaliriza omulimu ogwo nga gwe gw'okubunyisa enjiri eri amawanga g'ensi.

**KYAYITAKO?**

Abantu abamu balowooza nti okuweebwa amaanyi g'omwoyo kwali kwa baaliwo mu kkanisa eyasooka. Bagamba nti gaali ga bayigirizwa bokka. Bagamba nti ebiro by'ebyamagero byaggwaako.

Naye ffaayo ku kibuuzo kino: Ensi yonna emaze okutuukirirwa enjiri? Omulimu Yesu gwe yalekera abagoberezi be tegunnaggwa. Tukyalina obuvunaanyizibwa bw'okutuukirira ensi yonna n'enjiri y'obwakabaka. Yesu yali tasobola kuggyawo buyinza ng'omulimu tegunnaba kuggwa.

Soma ku mboozi y'okufa n'okuzuukira kwa Lazaalo mu Yokaana 11. Yesu bwe yatuuka nga Lazaalo yaakafa, Maliza yamusisinkana n'amugamba:

> **Awo Maliza n'agamba Yesu nti, "Mukama wange, singa wali wano mwannyinaze teyandifudde. (Yokaana 11:21)**

Yesu yamugamba:

> ...Mwannyoko ajja kuzuukira. (Yokaana 11:23)

Maliza n'agamba:

> **...Mmanyi nti alizuukira ku lunaku olw'enkomerero. (Yokaana 11:24)**

Awo Yesu kye yava amugamba:

**...Nze kuzuukira n'obulamu; akkiriza nze newaakubadde ng'afudde, aliba mulamu. (Yokaana 11:25)**

Maliza yakkiriza nti Yesu yandibadde yazuukiza dda mu Lazaalo, "… singa abaddewo." Yakkiriza nti Yesu yali wa kumuzuukiza mu biseera ebirijja (mu nnaku envannyuma). Naye Yesu n'amugamba amazima amakulu ennyo. Yamugamba, "Nze" kuzuukira n'obulamu. "Nze" njogera mu kiseera ekiriwo. Awo n'azuukiza Lazaalo mu bafu.

Teriiyo kintu kiringa ekyo nga eky'olunaku lw'ebyamagero olwayita. Mu buli biro mulimu amaanyi g'okukola ebyamagero okusisinkana ebyetaago by'abantu. Mu buli lunaku n'emyaka, Katonda ayolesa amaanyi ge. Akugamba, "Ndi" ekiseera ekiriwo.

## OBULAMU OBUVA KU KIKOLO

> **Nze muzabbibu, mmwe matabi. Buli abeera mu Nze nange ne mbeera mu ye oyo abala ebibala bingi. Kubanga awatali Nze temuliiko kye muyinza kukola. (Yokaana 15:5)**

Mu nsi ey'omubiri, obulamu buva mu kikolo. Ekikolo kiwa amatabi g'ekimera obulamu kisobole okubala ebibala. Ettabi teribala bibala ku lwalyo. Bwe liba lyawuddwa ku kikolo, terisobola kuddamu kubala era limala ne lifa.

Kino ky'ekyokulabirako Yesu kye yakozesa okulaga entambula y'amaanyi ga Katonda mu nsi ey'omwoyo. Ffe matabi agabala ebibala. Yesu kyekikolo. Toleeta bibala, wabula obala bubazi (Laba Yokaana 15)

Ebyamagero by'endagaano empya ebyamaanyi tebyali bya Peetero, tebyakolebwa na mikono gya Paulo. Byava ku kutambuza kw'obulamu bwa Katonda okubayitamu ng'amatabi agoomwoyo agabala ebibala.

Abantu bano baakola Katonda kye yabalagira. Baabulira ekigambo, bateekako emikono ku balwadde, baasumulula abo abaalina emizimu, baagonda era ebisigadde ne babirekera Katonda.

Gondera Katonda oleke ebisigadde mu mikono gye. Toli mukozi wa byamagero, Katonda y'ensibuko y'amaanyi gonna. Bw'ogondera Katonda n'okola ekigambo kye, olwo ng'obirekera ye. Asindika amaanyi okuyita mu ggwe.

Abayigirizwa bwe babuuza, "Tukole ki okutuukiriza omulimu gwa Katonda?" Yesu yaddamu:

> **...Katonda ky'ayagala mukole kwe kukkiriza oyo gwe yatuma. (Yokaana 6:29)**

Yesu yakukoleramu, yakwesigisiza obuyinza. Tolina kufuba kukolerera mu maanyi go. Tolina kugasabire "gakke' wabula ge maanyi ga Katonda agakolera mu bulamu bwo:

> **Katonda ky'ayagala mukole kwe kukkiriza oyo gwe yatuma. (Makko 16:20)**

Ebiseera ebisinga mu buweereza enkola eno y'egobererwa, naye enkola ereeta enjawulo y'eya, "Mukama okubakozesa."

Yesu yagamba abayigirizwa be:

**Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

Obuweereza bungi bulemererwa olw'okuba nti butandikibwa nga tebunnafuna maanyi ga Mwoyo. Bwe tuba bakutuukiriza mulimu omukulu Yesu gwe yatulekera, tulina kukikolera mu buyinza n'amaanyi ga Katonda.

**EBIRUUBIRIRWA**

Abantu tebalekera balala maanyi okuleka nga waliwo ensonga ebakozesa bw'etyo. Wabawo ekiruubirirwa bulijjo obuyinza bwe buba bulekeddwa.

Oyize mu ssuula eno nti ensonga enkulu ey'okuba n'amaanyi ag'omwoyo kwe kwongerayo enjiri. Naye waliyo ebintu ebirala eby'omugaso bingi ku lw'amaanyi gano amasigire.  Ojja ku biyigako mu ssuula eddako.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Omukkiriza obuyinza bw'omwoyo abuggya wa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Nkolagana ki eri wakati w'obuvunaanyizibwa n'obuyinza?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Buvunaanyizibwa ki obw'amaanyi Yesu bwe yalekera abagoberezi be?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Waliwo ebigambo bibiri eby'oluyonaani ebikozesebwa ku maanyi:

- Ekigambo "Dunamis" kitegeeza ki?
  ……………………………………………………………………………………………………………………………………
  ……………………………………………………………………………………………………………………………………
- Ekigambo "Exousia" kitegeeza ki?
  ……………………………………………………………………………………………………………………………………
  …………………………………………………………………………………………………………………………………..

6. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu?
   "Ebiro by'ebyamagero byayita. Tetukyalina kwolesebwa kwa maanyi agaaliwo mu bayigirizwa."
   Engero eno……………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma ekitabo kya Ebikolwa olabe engeri abayigirizwa gye baatuukirizaamu obuvunaanyizibwa n'obuyinza obwabaweebwa Yesu.

Leeta ebijuliza ku kwolesa kw'amaanyi ga Katonda agasukkulumye mu katundu akasooka wansi. Mu bufunze laga ebyabaawo mu katundu akookubiri. Mu katundu akookusatu laga ebyava mu maanyi ga Katonda. Ekyokulabirako ekikuwereddwa ky'oba ogoberera.

Ojjakulaba engeri obuyinza Yesu bwe yalekera abayigirizwa be gye bw'abasobozesa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe. Yabubawa batuuse enjiri eri ensi.

| **Ebikolwa eby'okujuliza.** | **Engeri amaanyi ga Katonda. gye gayolesebwa.** | **Ebyavaamu.** |
|---|---|---|
| Ebikolwa 2 | Omwoyo Omutukuvu aweebwa | Peetero eyali omusajja omutiitiizi, awa Okujulira okw'amaanyi okwavaamu okulokolebwa kw'abantu enkumi essatu. |

# ESSUULA EYOOMUKAAGA

## OBUKULU BW'AMAANYI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola engeri amaanyi ag'omwoyo gye gaawukanako n'amaanyi ag'ensi.
- Okuwa obujulizi okuva mu Baibuli obulaga ennono z'ensi za njawulo ku ezo ez'obwakabaka bwa Katonda.
- Okuzuula obukulu bw'amaanyi ag'omwoyo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)**

**ENNYANJULA**

Amaanyi agataluŋŋamiziddwa gasobola okuba amabi. Amaanyi g'omugga ogw'amaanyi gasobola okufuulibwa ag'omugaso. Gusobola okuwa abalimi. Amaato amanene gasobola okutambulirako. Ne mu nsi endala gakolebwamu amaanyi ag'enjawulo agayitibwa "amasanyalaze."

Naye omugga gwe gumu bwe gutaluŋŋamizibwa, gusobola okuleetawo amataba agayinza n'okwonoona ebintu. Gasobola okwonoona ebimera n'ettaka, amayumba, oba n'okutta abantu. Naye nga mugga gwe gumu. Ge maanyi ge gamu. Omugga ge maanyi amalungi agaluŋŋamiziddwa ku lw'omulimu omulungi era nga gaba mabi bwe gutakolebwa. Amaanyi ag'omwoyo agakozesebwa olw'ebiruubirirwa ebikyamu gaba mabi ag'omugga ogwamaanyi oguleeta amataba singa tegufugibwa. N'olwensonga eno kikulu nnyo okutegeera obukulu bw'ebyawandiikibwa obw'amaanyi g'omwoyo.

**OBUKULU MU NSI**

Nga bwe wayize mu nnyanjula y'olusoma luno nti waliwo ebika by'amaanyi agakola bingi mu nsi olwa leero. Abantu bakozesa amaanyi gano olw'ebigendererwa eby'enjawulo.

**Amaanyi g'ebyobufuzi** gakozesebwa okutwala obufuzi bw'ebitongole, ebika, ebyalo, ebibuga, n'amawanga.

**Amaanyi g'obugunjufu** gakozesebwa okuleetawo ebiyiiye mu kuwandiika ne mu nnyimba, n'okuteekawo amatendekero mu by'enjigiriza.

> **Amaanyi g'omubiri**: gano gabeera mu bantu ab'amaanyi, era nga bangi ku bo bafuuka bannabyamizannyo abagundiivu.
>
> **Amaanyi ag'ebyensimbi**: Gano gabeera mu bakola mu zi bbanka n'obusuubuzi abeetaba mu bisaawe by'ensimbi ebinene.
>
> **Amaanyi ag'amaggye**: Gano gabeera maanyi era agakozesebwa mukukuuma oba okufuna amatwale amanene.
>
> Amaanyi agakozesebwa abantu mu ngeri nnyingi okuva ku muliro ow'ebbugumu, okutuuka ku masanyalaze agabuna ekibuga kyonna.
>
> **Amaanyi ag'eddiini**: Gano gava ku bibinja by'enzikiriza n'empisa z'eddiini.

Naye tewali ku byonna kiraga bukulu bwa maanyi gano kya Baibuli.

**SI NGA BANNAMAWANGA**:

Olumu Yesu yali asomesa abayigirizwa be ku bukulembeze, n'agamba:

> **Yesu kwe kubayita n'abagamba nti, "Mumanyi ng'abakulembeze b'abamawanga babazitoowereza embeera, n'abakulu baabwe babafuza lyanyi.**
>
> **Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe. Buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe, abeerenga muweereza wa banne.**
>
> **Na buli ayagala okuba omwami mu mmwe aweerezenga banne ng'omuddu waabwe. (Matayo 20:25-27)**

Yesu yali asomesa abagoberezi be ennono ey'omugaso ennyo eyinza n'okuteekebwa mu nkola mu bintu by'obulamu ebirala ebitali bukulembeze. Ekigambo "bannamawanga" kikozesebwa okulaga abantu n'amawanga amalala agatali Katonda. Yesu yannyonnyola nti obwakabaka bwa Katonda bukolera ku nnono ezaawukanira ddala ku ezo ez'ensi.

Ennono eno ntuufu ku nsonga eno ey'amaanyi. Ebigendererwa by'amaanyi mu nsi si by'ebimu n'ebyobwakabaka bwa Katonda. Amaanyi gakozesebwa ku lw'ebigendererwa eby'omuntu nga ye mu nsi. Mu bwakabaka bwa Katonda, gakozesebwa si ku lwa muntu naye olwokwongerayo obwakabaka.

Abantu abamu bakozesa bubi amaanyi g'omwoyo ne basalawo okwekolera eddiini zaabwe n'ebibiina byabwe. Bagakozesa okuteekawo obwakabaka bw'ensimbi n'okufuna okumanyika. Bino si bigendererwa bya mwoyo olw'amaanyi g'omwoyo. Bakozesa bubi obuyinza obwabalekerwa Yesu nga abakkiriza. Abawandiisi n'abafalisaayo ab'endagaano empya kye ky'okulabirako ky'abakozesa obubi amaanyi ag'omwoyo. Yesu yagamba:

> **Zibasanze mmwe Abafalisaayo! Kubanga mwagala nnyo okutuula ku ntebe ez'ekitiibwa mu makuŋŋaaniro, era n'okulamusibwa mu butale ng'abantu babawa ekitiibwa.**
>
> **Zibasanze! Kubanga muli ng'amalaalo, agatalabika abantu kwe batambulira ng'ekiri munda tebakimanyi. (Lukka 11:43-44)**

Abawandiisi n'abafalisaayo baali bakulembeze b'eddiini ab'amaanyi. Baakozesa amaanyi gano olw'okufuna ebyabwe. Baatulanga mu ntebe ezisinga obulungi mu Sinagooga nga basaba babuuzibwe mu ngeri ey'enjawulo nga bali mu butale. Baakozesa n'amaanyi gaabwe okufuga abantu:

> **Zibasanze mmwe Abawandiisi, nammwe Abafalisaayo. Bannanfuusi mmwe! Muziyiza abantu abalala okuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, ate nammwe ne mutayingira. (Matayo 23:13)**
>
> **Zibasanze bannanfuusi mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Kubanga mutambula okwetooloola ennyanja ne ku lukalu musobole okukyusa omuntu, naye bw'akyuka, mumufuula mwana wa ggeyeena okusingawo emirundi ebiri. (Matayo 23:15)**

Abafalisaayo baafubanga okulaga amaanyi agookungulu ag'eddiini, naye ne bagakozesa okwetusaako ebyabwe:

> **Bannanfuusi mmwe Abawandiisi nammwe Abafalisaayo! Mulowoozesa abantu nti muli batuukirivu nga musaba essaala, so ng'ate mwekyusa ne mugobaganya bannamwandu mu mayumba gaabwe. (Matayo 23:14)**

Baalina amaanyi g'eddiini, naye tebaalina maanyi ga mwoyo mutuufu. Yesu yagamba nti baalinga entaana ezitaalina bulambe abaafa edda nga tebalina maanyi okuba nti abantu baabatambulirangako nga tebamanyi.

## OBUKULU BW'AMAANYI MU BAIBULI

Buno bwe bukulu bw'amaanyi g'omwoyo mu Baibuli:

**OKULOKOLEBWA:**

Obukulu bw'amaanyi g'omwoyo obusooka kwe kulokolebwa:

> **Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye. (Yokaana 1:12)**

> **Ekigambo ky'omusaalaba kya busirusiru eri abo abazikirira naye eri ffe abaalokolebwa ge maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 1:18)**

Okwolesa kw'amaanyi ga Katonda kuva mu kulokolebwa. Ebyalo by'e Lidda ne Salooni byakyusibwa Anasi, eyali omugongobavu ng'ali ku kitanda okumala emyaka munaana, bwe yawonyezebwa (Ebikolwa)

**OKUJULIRA:**

Obukulu bw'amaanyi g'omwoyo obulala bwaweebwa abakkiriza Yesu lwe yasooka okusuubiza amaanyi:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Ojja kwongera okuyiga ku maanyi g'omwoyo mutukuvu gye bujja mu lusoma luno. Amaanyi Yesu yawa abagoberezi be gaali ga kubakkako oluvannyuma lw'okujja kw'omwoyo Omutukuvu. Obukulu bw'amaanyi gonna kwali kubunyisa njiri okuva e Yerusalemu okudda eri ebitundu by'ensi byonna.

Okwolesebwa kw'amaanyi ge ag'omwoyo okwasooka kwakolebwa omutume Paulo. Oluvannyuma lw'okufuna Mwoyo Mutukuvu, yeyasooka okubuulira enjiri ekyaviirako abantu enkumi ssatu (3000) okulokolebwa. Ono ye Peetero eyadduka nga Yesu akwatiidwa. Yali Peetero y'omu eyagaana okumanya Mukama. Kiki ekyabaawo?

Peetero yali aweereddwa amaanyi ag'omwoyo, yajjukira obukulu bw'amaanyi ago nga Yesu bweyayogera, "mulibeera bajulirwa bange." Bwe yafuna amaanyi ago yatandika okugakozesa mu ngeri entuufu ey'okubunyisa enjiri eri abasajja n'abakazi abatannalokoka.

Mu kkooti z'amaateeka, "Okujulira" kulina ebintu bibiri: obujulizi obw'ebigambo n'obulabibwako. Era ky'ekimu ne mu nsi e'omwoyo. Abajulira enjiri, balina okuba n'obujulizi bw'ekigambo n'ebintu ebirabikako. Ebintu ebirabikako kwe kwolesa amaanyi ga Katonda:

> **Awo abatume ne babuulira nnyo n'amaanyi mangi ku kuzuukira kwa Mukama waffe Yesu, era bonna ne bajjula ekisa kingi. (Ebikolwa 4:33)**

Paulo yawandiika:

> **Kubanga Enjiri yaffe teyajja gye muli mu kigambo kyokka, wabula ne mu maanyi, ne mu Mwoyo Omutukuvu, ne mu bukakafu obungi, era nga bwe mumanyi nga twabeeranga wakati mu mmwe ku lwammwe. (1 Abasessaloniika 1:5)**

Yesu yasuubiza okukolera awamu n'abo abaligenda eri ensi okugibuulira enjiri. Abantu abamu banoonya obubonero obw'amaanyi mu buweereza, naye tebatuukiriza kiragiro kya kugenda. Amaanyi ga Yesu ge yasuubiza g'abo abatuukiriza ekiragiro.

**OBUVUMU:**

> **Kubanga Mwoyo wa Katonda, gwe yatuwa tatufuula bati, wabula atuwa amaanyi, n'okwagala era n'okwegendereza. (2 Timoseewo 1:7)**

Mu kkanisa eyasooka enjiri yabuulirwanga n'obuvumu kubanga baaweebwa amaanyi ag'omwoyo:

> **Awo bwe baamala okusaba, ekifo mwe baali bakuŋŋaanidde ne kinyeenyezebwa, bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu ne babuulira ekigambo kya Katonda n'obuvumu. (Ebikolwa 4:31)**

> **Naye Balunabba n'amuleeta eri abatume n'abategeeza nga Sawulo bwe yalaba Mukama mu kkubo era n'ayogera nga bwe yabuulira n'obuvumu mu Damasiko mu linnya lya Yesu. (Ebikolwa 9:27)**

> **N'atandika okubuulira n'obuvumu mu kkuŋŋaaniro... (Ebikolwa 18:26)**

> **Pawulo n'ayingiranga mu kkuŋŋaaniro buli lwa Ssabbiiti ng'abuulira n'obuvumu bungi okumala emyezi esatu, n'abategeezanga ekyo ky'akkiriza era n'ensonga kyava akkiriza, n'asendasenda bangi okukkiriza ebintu by'obwakabaka bwa Katonda. (Ebikolwa 19:8)**

> **Mumanyi nga bwe twabonaabonera e Firipi, n'okuyisibwa obubi kyokka ne tugumira mu Katonda waffe ne tubategeeza Enjiri ya Katonda nga tuli mu kuwakanyizibwa okungi. (1 Abasessaloniika 2:2)**

**OKUKOLA EMIRIMU GYA KATONDA:**

Abayigirizwa beewunya nnyo emirimu gya Yesu egy'amaanyi:

> **Yesu n'ava mu kitundu ekyo n'abayigirizwa be n'addayo mu kibuga ky'ewaabwe.**
>
> **Olunaku lwa Ssabbiiti bwe lwatuuka n'agenda mu kkuŋŋaaniro okuyigiriza, abantu bangi abaaliwo ne beewuunya nnyo bwe baawulira bw'ayigiriza, ne bawuniikirira ne beebuuza nti, "Bino byonna yabiyigira wa era magezi ga ngeri ki ono ge yaweebwa n'eby'amagero ebyenkanidde wano by'akola? (Makko 6:1-2)**

Yesu yagamba:

> **Kale kitugwanidde okukola emirimu gy'oyo eyantuma, obudde nga bukyali misana. Ekiro kijja omuntu mw'atasobolera kukola. (Yokaana 9:4)**

Yesu yalina ekiruubirirwa, yalina okukola emirimu gya Katonda. Kino ky'ekyamusikiriza oluvannyuma lw'okuba emirimu gino egy'ekiseera, abayigirizwa bajja eri Yesu n'ekibuuzo kino:

**…Tukole ki okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala? (Yokaana 6:28)**

N'abaddamu:

**…Katonda ky'ayagala mukole kwe kukkiriza oyo gwe yatuma. (Yokaana 6:29)**

Omulimu gwa Katonda omukulu gulagibwa mu Yesu. Mukama yeekaliriza abayigirizwa be ku mazima gano okusinga ku bubonero n'ebyewuunyisa ebyakolebwa. Ebyamagero ebituufu bigulumiza Yesu. Guno gwe mulimu gwa Katonda.

Oluvannyuma Yesu yagamba abagoberezi be:

**Ddala ddala mbagamba nti buli anzikiriza alikola emirimu egyo gye nkola, era alikola egisinga egyo, kubanga Nze ŋŋenda eri Kitange. (Yokaana 14:12)**

Abagoberezi be baalina okukola ekintu ky'ekimu nga kye yakola. Ebyayita byali tebimazeeyo maanyi. Bandikoze ebintu eby'amaanyi. Ebikolwa bino byandibadde bingi naye nga si byamutindo kubanga Yesu yalina okuddayo mu ggulu.

Ekisuubizo kye kyafuuka kya mazima. Mu kitabo ky'ebikolwa kyonna, tulaba abakkiriza nga bakola omulimu gwa Katonda. Abalwadde bawonyezebwa, emizimu gyagobebwa, enzigi z'amakomera z'eggula, n'abafu ne bazuukira.

**OKUBIKKULA KATONDA:**

Wayize nti emu ku nsonga lwaki Katonda abikkula amaanyi ge ku nsi kwe kwebikkulira omuntu. Amaanyi g'omwoyo agaweebwa abakkiriza era galina obukulu buno:

**Naye abantu abaali mu bibiina bwe baalaba ekyamagero kino ne beewuunya nnyo! Ne bagulumiza Katonda eyawa abantu obuyinza obwenkaniddaawo. (Matayo 9:8)**

Okuyita mu kkanisa ey'amaanyi, Katonda ayagala yeebikulire ensi yonna:

**Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo. (Abaefeeso 3:10)**

Obukulu bw'okubikkulirwa kuno okuyita mu maanyi kwe:

**Okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza. (Ebikolwa 26:18)**

**OKUBIKKULA OBWAKABAKA BWA KATONDA:**

Yesu yagatta okubuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'okukwolesa. Yesu bwe yabuuzibwa, "Ye ggwe eyali ow'okujja?" (Lukka 7:19). Teyaddamu mu ngeri ekontana oba okubuzaabuza, yagamba:

**Muddeeyo eri Yokaana mumutegeeze byonna bye muwulidde ne bye mulabye. Abazibe b'amaaso bazibulwa amaaso ne balaba, n'abalema batambula, n'abagengea balongoosebwa, n'abaggavu b'amatu gagguka ne bawulira, n'abafu bazuukizibwa, era n'abaavu babuulirwa Enjiri. (Lukka 7:22)**

Amaanyi galaga obwakabaka bwa Katonda obuli mu kukola. Ebyamagero bya Yesu biraga nti obwakabaka bwa Katonda weebuli buzze. Byali byakulabirako by'ekyo obwakabaka kye bunaabaamu nga buli mu ngeri erabibwako ng'ensi n'eggulu ebipya bimaze okutondebwa:

- Okugoba emizimu kiraga kulumba kwa Katonda mu nfo za sitaani n'okumusaanyawo: Matayo 12:29, Makko 3:27, Lukka 11:21, Yokaana 12:31, Okubikkulirwa 20:1
- Okuwonya kw'abalwadde kulaga olunaku okubonaabona lwe kulikoma: Okubikkulirwa 21:4
- Okugabirira ekyokulya mu ngeri y'ekyamagero kulaga olunaku okubonaabona lwe kulikoma: Okubikkulirwa 7:1
- Okukkakanya omuyaga kulaga obuwanguzi ku maanyi g'ebitonde okutiisa ensi: Okubikkulirwa 21:1
- Okuzuukiza abafu kulanga nti okufa kujja kumalibwawo: 1 Abakolinso 15:26

**OKUKAKASA EKIGAMBO:**

Obubonero obw'amaanyi n'ebyewuunyo bikakasa ekigambo kya Katonda:

**Ne baabeerayo ebbanga gwanvu nga babuulira n'obuvumu, era Mukama n'akakasanga ekigambo ky'ekisa kye ng'abawa okukola obubonero n'ebyamagero. (Ebikolwa 14:3)**

**Ne kaakano, Ayi Mukama, wulira okutiisatiisa kwabwe; owe abaddu bo obuvumu babuulire ekigambo kyo.**

**Golola omukono gwo owonye, n'obubonero n'ebyamagero bikolebwenga mu linnya ly'Omuweereza wo Omutukuvu Yesu. (Ebikolwa 4:29-30)**

**Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)**

**OKUWEEREZA ABALALA:**

Amaanyi ga Katonda gakka ku Yesu ne gamutuukiriza ku lw'obuweereza:

**Mwoyo wa Mukama alibeera ku ye, Mwoyo ow'amagezi n'okutegeera ne Mwoyo w'okusala ensonga, n'ow'amaanyi ne Mwoyo w'okumanya era n'okutya Mukama Katonda. (Isaaya 11:2)**

**Omwoyo wa Mukama Katonda ali ku nze, kubanga Mukama anfuseeko amafuta okubuulira abaavu n'abali obubi ebigambo ebirungi, antumye okuyimusa abalina emitima egimenyese. Okulangirira eddembe eri abawambe, n'abasibe bateebwe bave mu makomera. (Isaaya 61:1)**

**Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

**Ne beewuunya okuyigiriza kwe, kubanga yabayigiriza nga nannyini buyinza, so si ng'abannyonnyozi b'amateeka bwe baakolanga. (Makko 1:22)**

Amaanyi gano ge gamu geeraga mu buweereza bw'abakkiriza ab'ekkanisa enkadde. Paulo yagamba:

**Nafuuka omuweereza w'enjiri eyo olw'ekirabo eky'ekisa kya Katonda kye naweebwa, Katonda ng'akolera mu maanyi ge. (Abaefeeso 3:7)**

Okukola kw'amaanyi ga Katonda obulungi mu ggwe kuleetera okuweereza. Obuweereza buno butuukirira era ne bukulira mu maanyi ga Katonda agakolera mu ggwe. Paulo yagamba:

**Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu,**

**Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)**

Ekkanisa eyasooka yatandikibwawo mu kwolesebwa kw'amaanyi, so si mu boogezi abalungi oba abamanyi ennyo eby'eddiini. Kino kyaganya okukkiriza kwabwe okuba mu Katonda so si mu kwogera obwogezi okw'abantu.

Amaanyi ga Katonda gasobozesa obuweereza bwonna obw'omwoyo, okubuulira enjiri, okuweereza mu balwadde, abanyigirizibwa, n'abo abanyigirizibwa n'amaanyi g'emizimu:

**Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.**

**Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. (Matayo 28:18-19)**

**Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**

**Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

**Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, ne bajja gy'ali n'abawa obuyinza okugobanga baddayimooni, n'okuwonyanga buli ndwadde n'okukozimba ebya buli ngeri. (Matayo 10:1)**

Okukakasibwa okuba omuweereza wa Katonda olw'amaanyi ga Katonda:

**Naye mu buli kintu tweyoleka nga tuli baweereza ba Katonda,…ne mu kigambo eky'amazima, ne mu maanyi ga Katonda... (2 Abakolinso 6:4, 7)**

**OLUTALO LW'OMWOYO:**

Nga bw'otuukiriza obukulu bw'amaanyi mu kubunyisa enjiri, ojja kusisinkana okulwanyisibwa Sitaani. Yesu akuwadde amaanyi okulwana olutalo lw'omwoyo. Akuwadde amaanyi agasukkuluma ku maanyi g'omulabe:

**Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. (Lukka 10:19)**

**Eky'enkomerero, mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu buyinza obw'amaanyi ge.**

**Mwambale ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke musobole okwolekera enkwe za Setaani.**

**Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeeso 6:10-12)**

**OKWEWALA ENSOBI Z'OMWOYO:**

Abantu bagwa mu nsobi z'omwoyo olw'ensonga bbiri:

**Naye Yesu n'abagamba nti, "Olw'obutamanya byawandiikibwa n'obutategeera maanyi ga Katonda kyemuvudde mukyama. (Matayo 22:29)**

Ensobi y'omwoyo ejja olw'obutamanya kigambo kya Katonda kubanga oba wegulidde enjigiriza ez'obulimba era enkyamu. Ensobi y'omwoyo era eva ku butamanya maanyi ga Katonda, wegguliddewo amaanyi agoobulimba ag'omulabe. Ofuuka omu kubanyigirizibwa amaanyi ge agakulwanyisa bw'oba tolina maanyi ga mwoyo okusobola okulwanyisa amaanyi ge.

Abamu balina engeri eringa ey'obwakatonda era bamanyi ebyawandiikibwa, naye bagaana amaanyi ga Katonda. Baibuli erabula nti abamu balina:

**Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda so nga tebakkiriza maanyi gaakyo. Abantu ab'engeri eyo obeewalanga. (2 Timoseewo 3:5)**

**OBUWANGUZI KU KIBI:**

Amaanyi g'omwoyo gawangula ekibi:

**Temukkiriza kibi kwongera kubafuga, kubanga temukyafugibwa mateeka, wabula ekisa kya Katonda. (Abaruumi 6:14)**

OKUZIMBA:

Paulo yawandiikira Abakolinso:

> **Kubanga ne bwe ndisukkirira okwenyumiriza olw'obuyinza bwe tulina, Mukama bwe yatuwa olw'okubazimba so si lwa kubassa wansi, sirikwatibwa nsonyi. (2 Abakolinso 10:8)**
>
> **Mbawandiikira kubanga siri nammwe, bwe ndijja nneme kubakambuwalira, okusinziira ku buyinza Mukama bwe yampa okubazimba, so si okubazikiriza. (2 Abakolinso 13:10)**

Paulo yamanya nti obuyinza bwe tebwali bwa kukozesa kufuga bantu oba okubasanyaawo, wabula yalina enjogera ey'amangu kye yava awandiikira Abakolinso ku nsonga enzibu. Teyayagala kukozesa bubi maanyi ga Mwoyo Katonda ge yali amuwadde. Amaanyi agava ewa Katonda gaaweebwa Paulo okuyigiriza abalala, so si kubasaanyaawo. Okubayigiriza kitegeeza okubazimba basobole okukula mu mwoyo.

Kino tekitegeeza nti tekulina maanyi ga kutereeza empisa z'abali mu kkanisa. Obuyinza bw'omwoyo buweebwa abakulembeze okutereeza empisa z'abalala okusinziira ku biragiro ebiweebwa mu kigambo kya Katonda. Ekkanisa omutali maanyi ejja kuviirako okubulwa empisa ng'ezo.

**OKULEETAWO OBWAGAZI:**

Buli muntu alina obwagazi bwe, obwagazi obwo ge maanyi agasalawo. Okwolesa amaanyi kuteekawo obwagazi oba okweggulira Katonda:

> **Abantu bo balyewaayo bokka mu ggye lyo ng'ekiseera ky'olutalo kituuse... (Zabuli 110:3)**

**OKUGANYA KATONDA OKUKOLA:**

Katonda akolera mu bitundu eby'engeri y'okuganya amaanyi ge okukoleramu:

> **Kaakano nsaba nti oyo akola ebintu byonna okusinga byonna bye tusaba, ne bye tulowooza, ng'amaanyi ge bwe gali agakolera mu ffe. (Abaefeeso 3:20)**

Kyoyinza okusaba Katonda, by'ebyo by'olowooza ebikwata ku mazima g'omwoyo era kikozesebwa amaanyi ga Katonda agakolera mu ggwe.

**OKUGUMA KW'OMWOYO:**

Amaanyi ga Katonda tegakolera mu ggwe kyokka, naye era gagumya omwoyo gwo. Paulo yagamba tuli:

> **Amaanyi ag'ekitiibwa kye, galibafuula abagumiikiriza mu buli nsonga yonna, mulyoke musanyuke. (Abakolosaayi 1:11)**

Amaanyi ga Katonda gakugumya mu biseera ebizibu ngaweetaaga okugumiikiriza mu kubonaabona. Osobola okusisinkana ebiro ebizibu mu ssanyu ku lw'amaanyi ge ag'ekitiibwa agakolera mu ggwe si maanyi amatooleko obutoozi. Ogumizibwa mu maanyi gonna. Amaanyi n'okuguma ebiva ewa Katonda by'abugagga ebyomunda by'olinda okukozesa mu biseera by'obwetaavu. Kino nakyo kiraga obukulu bw'amaanyi ge agakolera mu ggwe:

**Buli mulundi ng'aŋŋamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe. (2 Abakolinso 12:9)**

**OKUKUUMA:**

Okuumibwa okuyita mu maanyi ga Katonda, okutuuka ku nkomerero:

**Era Katonda, mu buyinza bwe, alibakuuma olw'okukkiriza kwammwe, n'abatuusa mu bulokozi obwateekebwateekebwa okubikkulirwa mu biro eby'enkomerero. (1 Peetero 1:5)**

**OKUZUUKIRA:**

Obeera mu mubiri ogufa okuleka nga Yesu asoose okukomawo ku nsi. Ge maanyi g'omwoyo agalizuukiza omubiri gwo ogufa:

**Guziikibwa nga si gwa kitiibwa, naye ne guzuukizibwa nga gujjudde ekitiibwa. Guziikibwa nga munafu, naye guzuukizibwa nga gwa maanyi. (1 Abakolinso 15:43)**

**Era Katonda eyazuukiza Mukama waffe alituzuukiza olw'amaanyi ge. (1 Abakolinso 6:14)**

**OBULAMU OBUTAGGWAWO:**

Amaanyi ga Katonda gayambako mu bulamu obutakoma:

**Atassibwawo ng'amateeka ag'ebiragiro eby'omubiri bwe gali, wabula ng'amaanyi bwe gali ag'obulamu obutaggwaawo. (Abaebbulaniya 7:16)**

**KU LW'EBINTU BYONNA:**

Ebintu byonna ebikwatagana n'obulamu n'obwa Katonda bikuweebwa okuyita mu maanyi ga Katonda:

**Kubanga mu maanyi g'obwakatonda bwe, mwe twaweerwa ebintu byonna olw'obulamu buno n'okutya Katonda mu kumanya oyo eyatuyita olw'ekitiibwa kye n'obulungi bwe ye. (2 Peetero 1:3)**

Lowooza ku bintu bingi ebibaawo mu bulamu. Lowooza ku mbala eziri mu bwakabaka. Obukulu bw'amaanyi ga Katonda kwe kukuwa ebintu byonna.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Amaanyi g'omwoyo gaawukana gatya ku maanyi ag'ensi?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Wa okujuliza kwa Baibuli okulaga nti ennono z'ensi zaawukana ku z'obwakabaka bwa Katonda.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Wasomye obukulu bw'amaanyi ag'omwoyo obw'enjawulo mu ssomo lino. Mu bufunze wandiika by'oyize ku bukulu obw'emirundi esatu.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yesu yagamba nti abakkiriza bajja kukola buli kye yakola. Soma mu Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana. Kola olukalala lw'ebyo Yesu bye yakola. Bino by'ebimu by'oyinza okukola olw'amaanyi ga Katonda.
2. Wammanga lwe lukalala lw'obukulu bw'amaanyi agannyonnyoddwa mu ssuula eno. Weekenneenye omutendera kw'oli ogw'omwoyo. Bukulu ki ku buno obweyolekera mu bulamu bwo n'obuweereza? Teeka akabonero ak'omusaalaba (+) ku ebyo ebyeyolekera mu bulamu bwo. Teeka akabonero akasaze (-) ku ebyo ebyetaaga okwoleka.

Okulokolebwa.

Okujulira.

Obuvumu.

Okukola omulimu gwa Katonda.

Okubikkulirwa kwa Katonda.

Okubikkulirwa obwakabaka bwa Katonda.

Okukakasa ekigambo kya Katonda.

Obuweereza bw'abalala.

Olutalo lw'omwoyo.

Okwewala ensobi z'omwoyo.

Obuwanguzi ku kibi.

Okuyigirizibwa.

Okuteekawo obwagazi.

Okuleka Katonda akolere mu ggwe.

Amaanyi g'omwoyo.

Okukuumibwa.

Okuzuukira.

Obulamu obutaggwaawo.

Ebintu byonna eby'obulamu.

3. Daudi bulijjo ayogera ku mulimu gwa Katonda mu kitabo kya Zabuli. Soma okujuliza kuno:

8:6, 9:1, 14:1, 26:7, 28:5, 33:4, 15, 40:5, 46:8, 66:3, 5, 71:17, 73:28, 75:1, 77:11, 78:4, 7,11, 32, 86:8. 92:4,5, 103:22, 104, 13, 24, 31, 105:2, 5, 106:13, 22, 35, 39, 107:8, 15, 21, 22, 24, 31, 111:2, 4,6,7 118:17, 119:27, 138:8, 139:14, 141:4, 143:5, 145:4, 5, 9, 10, 17

Funza by'oyiga mu bitundu bino:

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

# ESSUULA EYOOMUSANVU

## ENNONO Y’AMAANYI ESOOKA: AMAANYI G’ENJIRI

**EBIGENDERERWA:**

Bw’omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola “enjiri.”
- Okuzuula okujuliza eky’ebyawandiikibwa ekifunza ebintu ebikulu mu njiri.
- Okunnyonnyola lwaki enjiri y’amaanyi.
- Okuzuula emigaso gy’amaanyi mu musaayi gwa Yesu.
- Okuzuula okukkiriza nti kyetaago eky’okusabayo amaanyi g’enjiri.
- Okusisinkana amaanyi g’enjiri.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n’eri Omunnamawanga. (Abaruumi 1:16)**

**ENNYANJULA**

Oyize obukulu bw’okuba n’amaanyi mu bulamu bwo. Wazuula ensibuko y’amaanyi mu Katonda era wayiga ne kumaanyi agaaweebwa Yesu Kristo. Mu ssuula esembayo n’oyiga engeri abakkiriza gye baaweebwa amaanyi g’omwoyo. Ofuna otya amaanyi gano? Osobola otya okugasaba ku lw’obulamu bwo n’obuweereza? Nnono ki ez’omwoyo mwe gakolera?

Eno y’etandika ekitundu ekituumiddwa, “Ennono z’amaanyi.” Buli ssomo wano linnyonnyola ennono ez’enjawulo zeweetaaga okufuna n’okusigala n’amaanyi g’omwoyo. Ennono esooka y’eya, “Amaanyi g’enjiri.”

**ENJIRI**

Ekigambo “Enjiri” kitegeeza “Amawulire amalungi.” Bwe twogera ku njiri eri mu Baibuli, kitegeeza amawulire amalungi ag’obwakabaka bwa Katonda n’obulokozi okuyita mu Yesu Kristo. Ebikola enjiri ebikulu byafunzibwa omutume Paulo:

> **Kubanga nabategeeza ekigambo ekikulu ennyo nange kye nnaweebwa ekigamba nti Kristo yafa olw’ebibi byaffe, ng’Ebyawandiikibwa bwe bigamba.**
>
> **Era nti yaziikibwa, n’azuukizibwa ku lunaku olwokusatu ng’Ebyawandiikibwa bwe bigamba. (1 Abakolinso 15:3-4)**

Ebikola enjiri ebikulu bitunuulira obulamu n'obuweereza obwa Yesu. Mulimu okufa kwe olw'ekibi ky'omuntu, okuziikibwa n'okuzuukira kwe okuva mu bafu okusinziira ku byawandiikibwa eby'ekigambo kya Katonda. Mu bubaka bw'enjiri mulimu amaanyi mangi. Paulo yagamba:

> **Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Omunnamawanga.**
>
> **Kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa. Obutuukirivu obwo butuweebwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza kwokka, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Abatuukirivu banaabeeranga balamu lwa kukkiriza.**
>
> **Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibbwa okuva mu ggulu ku abo abatatya Katonda bonna n'abakaafiiri bonna ku bye bakola okuziyiza amazima okuvaayo.**
>
> **Kubanga ebisoboka okumanyibwa ku Katonda bibabikkuliddwa, kubanga Katonda abibalaze byonna mu bujjuvu. (Abaruumi 1:16-19)**

Ennyiriri zino ziraga lwaki enjiri y'amaanyi. Y'amaanyi kubanga:

- Mwe mulagibwa amaanyi ga Katonda eri omuntu.
- Ereeta obulokozi eri abantu bonna, awatali kutunuulira luse lwe, langi oba akabondo.
- Eraga ekyo abantu kye balina okumanya ku Katonda.
- Eraga okulamula n'obusungu bwa Katonda eri ekibi.
- Eraga obutuukirivu bwa Katonda.
- Eraga engeri y'okutuukirira olw'okukkiriza.
- Kwe kusinziira okukkiriza kwe tulimu.

## AMAANYI MU MUSAAYI

Omusaalaba ky'ekikozesebwa olw'okufa, kye kibaawo Yesu kwe yattirwa. Amaanyi g'enjiri tegaawulwa ku ga musaalaba n'omusaayi ogwayiika.

Amaanyi g'omusalaba si ky'ekibaawo ku bwakyo. Amaanyi si ke kabonero k'omusalaba ke twambala oba ke tuteeka ku bizimbe by'ekkanisa. Amaanyi g'omusaalaba gali mu ekyo ekyaliwo ku musaalaba ogwo. Gali mu maanyi g'omusaayi gwa Yesu ogwayiika ku musaalaba olw'ebibi by'abantu bonna.

Baibuli esomesa nti obulamu bw'omuntu n'ensolo buli mu musaayi (Ekyabaleevi 17:11, 14). Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa (Abaruumi 6:23), era olw'okuba obulamu buli mu musaayi, Katonda yateekawo ennono nti, okusonyiyibwa ebibi kwa kuyita mu kuyiwa musaayi:

> **Era mu mateeka buli kintu kitukuzibwa na musaayi, era awatali kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa. (Abaebbulaniya 9:22)**

Mu ndagaano enkadde, omusaayi gw'ensolo gwe gwaweebwangayo olw'ekibi. Ssaddaaka z'omusaayi zaaweebwangayo olubeerera singa omuntu yabanga ayonoonye. Naye mu ndagaano empya, Katonda

yasindika Yesu ayiwe omusaayi gwe omulundi gumu ku lw'ekibi ky'abantu bonna aboonoonyi. Tekikyetaagisa musaayi gwa nsolo kuba nga guweebwayo nga ssaddaaka y'ekibi:

> **Teyayingira na musaayi gwa mbuzi wadde ogw'ente ennume, naye yayingira mu Watukuvu w'Awatukuvu omulundi gumu gwokka n'omusaayi gwe; bw'atyo ye yennyini n'atufunira obulokozi obutaggwaawo. (Abaebbulaniya 9:12)**

Amaanyi g'omusalaba gali mu musaayi gwa Yesu. Maanyi ki agali mu musaayi ogwo? Omusaayi:

- Gwayiika olw'okusonyiwa ebibi by'abangi: Matayo 26:28
- Gwaleetawo okununulibwa mu kibi: Abaefeso 1:7, 2:13, 1 Peetero 1:2, 18-19, Okubikkulirwa 5:6-9
- Gwamuwendo kubanga gwatununula: 1 Peetero 1:18-19
- Gututukuza mu kibi: 1 Yokaana 1:7
- Gulongoosa endowooza yaffe ku kibi: Abaebbulaniya 9:14
- Gutwogerera: Yesu yemwegayiirizi waffe n'omusaayi gwe gukaaba oba gutwogerera: Abaebbulaniya 12:24
- Guwa obusobozi okutuuka mu kubeerawo kwa Katonda tusobole okumutuukirira: Abaebbulaniya 9:12, 10::19-22, Abaefeeso 2:13
- Gwafuula Yesu omutabaganya wa Katonda n'omuntu: Abaebbulaniya 12:24
- Gututukuza: Abaebbulaniya 13:12-13
- Y'engeri y'okutuukirizibwa: Abaruumi 3:24-25
- Ky'ekikompe ky'emikisa gy'omwoyo: 1 Abakolinso 10:16
- Gutununula mu kibi n'edwadde: Isaaya 53:4
- Gunyweza ebisuubizo bya Kristo. Yesu bwe yanywa ekikombe ekya wayini n'agamba, "Kino ky'ekikompe eky'endagaano empya mu musaayi gwange." Yali agamba, "Buli kisuubizo ekiri mu ndagaano eno kikuumibwa olw'omuwendo gw'omusaayi." Lukka 22:20
- Ge maanyi agali emabega w'okuzuukira kwa Yesu: Abaebbulaniya 13:20
- Guleeta obulamu: Yokaana 6:53-57
- Gutusobozesa okukola okwagala kwa Katonda: Abaebbulaniya 13:20-21
- Gutuyamba okuwangula amaanyi g'omulabe: Okubikkulirwa 12:11
- Guwa obukuumi. Omusaayi gw'omwana gw'endiga ey'okuyitako bwe gwateekebwa ku nzigi z'aba Isirayiri e Missiri, ekibi kyali tekisobola kuyigira: Okuva 12:12-33

Zino z'ensonga Paulo yagamba:

> **Ekigambo ky'omusaalaba kya busirusiru eri abo abazikirira naye eri ffe abaalokolebwa ge maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 1:18)**

**ENSONGA Y'OKUSALAWO:**

Yesu bwe yakomererwa ku musaalabaa kyali tekitegeeza nti abalabe be baali bamusinza amaanyi kubanga baamubonyaabonya ate ne bamala ne bamutta? Soma ku byawandiikibwa bino mu Baibuli:

**Piraato n'amugamba nti, "Tonziramu? Tomanyi nga nnina obuyinza okukuta oba okukukomerera?"**

**Yesu n'amuddamu nti, "Tewandibadde na buyinza ku Nze n'akatono, singa tebukuweebwa kuva waggulu. Noolwekyo abo abampaddeyo gy'oli be balina ekibi ekisinga. (Yokaana 19:10-11)**

**Tewali n'omu abunzigyako, wabula mbuwaayo lwa kwagala kwange. Nnina obuyinza okubuwaayo, era nnina obuyinza okubweddizza. Ekyo Kitange ye yakindagira. (Yokaana 10:18)**

Abalabe ba Yesu baali tebamusinza maanyi. Yesu yasalawo okuwaayo obulamu bwe ku lw'ebibi bya bonna okusinziira ku nteekateeka. Yesu teyalina kukikola, yalina amaanyi g'okwenunula ku musaalaba. Yawaayo obulamu mu kwagala.

**OKUZUUKIRA**

Okufa kwa Yesu ku musaalaba si y'eyali enkomerero ya byonna. Amaanyi g'enjiri tegakoma wano. Ennaku ssatu okuva ku kufa kwe, Yesu yazuukira mu bafu. Osobola okusoma ku bino mu Lukka 24:1-12

**Kyokka Katonda yamuzuukiza ng'asaanyizaawo obulumi bw'okufa, kubanga okufa tekwayinza kumunyweza. (Ebikolwa 2:24)**

Eky'okulabirako ky'amaanyi ga Katonda ekisinga kyali mu kuzuukira kwaYesu Kristo:

**Kubanga newaakubadde nga yakomererwa mu bunafu, kyokka mulamu mu maanyi ga Katonda. Naffe tuli banafu mu mibiri gyaffe nga tuli mu ye, naye tuliba balamu mu ye olw'amaanyi ga Katonda olw'omulimu gwe tukola mu mmwe. (2 Abakolinso 13:4)**

Okuzuukira kwa Yesu kitundu kinene ku maanyi g'enjiri kubanga mu kwo:

**Era mmwe nga muli mu ye, mwatuukirira mu ye, oyo Kristo omutwe gw'obufuzi bwonna n'obuyinza bwonna, ...n'aggya ebyokulwanyisa ebyo ku bafuzi n'ab'obuyinza ab'omu bbanga, n'abaswaza mu lwatu, n'abawangulira ddala. (Abakolosaayi 2:10, 15)**

Okuyita mu kuzuukira kwe, Yesu yawangula amaanyi g'omulabe. Olwa kwo tulina amaanyi eri buli maanyi ga mulabe. Era tulina amaanyi eri okufa, kubanga n'emibiri gyaffe giri sisinjkana okuzuukira. Mu kuzuukira mulimu amaanyi mangi. Paulo yayongera ku kumanya Yesu mu maanyi g'okuzuukira (Abafiripi 3:10). Ojja kwongera okuyiga ku nnono eno mu ssuula eyekkumi n'omukaaga, "Amaanyi g'okuzuukira kwe."

**ENSONGA Y'OKUKKIRIZA**

Waliyo ensonga emu eyeetaagisa okusisinkana ebirungi ebiri mu musaayi gwa Yesu Kristo. Olina okuba n'okukkiriza mu musaayi:

**Kyokka twaweebwa obutuukirivu bwa buwa olw'ekisa kye ekiri mu kununulibwa okuli mu Yesu Kristo.**

**Katonda yaweereza Kristo okuba omutango, bwe tukkiriza Kristo olw'omusaayi gwe yayiwa. Alaga obutuukirivu bwe mu kugumiikiriza ebibi ebyakolebwa edda, be bantu abaayonoona mu biseera biri eby'edda.**

**Kino kiraga Katonda bw'alaga okwaniriza kw'alina eri abantu mu biro bino, bwe baba n'okukkiriza mu Yesu...Noolwekyo omuntu aweebwa obutuukirivu lwa kukkiriza so si lwa kugoberera mateeka. (Abaruumi 3:24-26, 28)**

Tekimala okuba nti mulimu amaanyi mu njiri. Oteekwa okuteeka mu nkola amaanyi ago mu bulamu bwo. Kino okikolera mu kukkiriza. Okutwaliza awamu, okukkiriza kyetaagisa. Oteekwa okukkiriza mu maanyi g'enjiri okusobola okukusisinkana. Ojja kwongera okuyiga ku luganda oluli wakati w'okukkiriza n'amaanyi gye bujja mu lusoma luno.

**OKUSISINKANA AMAANYI G'ENJIRI**

Bw'oba tonnafuna Yesu Kristo ng'omulokozi w'obulamu bwo wamu n'okusonyiyibwa ebibi byo, tosobola kusisinkana maanyi ga njiri. Okusisinkana amaanyi g'enjiri oteekwa:

1. **KKIRIZA NTI WAYONOONA:**

   **Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)**

2. **KKIRIZA NTI YESU YAFIIRIRA EBIBI BYO:**

   **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo.**

   **Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi kugisalira musango, wabula ensi erokolebwe okuyita mu ye. (Yokaana 3:16-17)**

3. **YATULA EBIBI BYO ERI KATONDA ERA OMUSABE AKUSONYIWE:**

   **Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe. 9 Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:8-9)**

4. **SISINKANA OBULAMU OBUKYUSIDDWA:**

   **Leka amaanyi g'enjiri gakole mu ggwe gakyuse obulamu bwo obukadde, ebikolwa byo ebibi n'endowooza:**
   **Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya. (2 Abakolinso 5:17)**

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Nnyonnyola ekigambo “Enjiri.”
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Kyawandiikibwa ki ekifunza obulungi ebintu ebikola enjiri?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Lwaki enjiri y’amaanyi nnyo?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Funza by’oyize ku maanyi g’omusaayi gwa Yesu.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Kiki ekyetaagisa okusabayo amaanyi g’enjiri?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Osobola otya okusisinkana amaanyi g’enjiri?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu?
“Abalabe ba Yesu baalina amaanyi okumusinga kubanga baasobola okumutta.” Enjogera eno…………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Weeyongere okusoma ku njiri. Funza ebyawandiikibwa bino kye biyigiriza:

Matayo 4:13, 9:35, 24:14

Makko 1:14

Abaruumi 1:1-3, 9: 15:16, 19

2 Abakolinso 4:4

Abaefeeso 1:13, 6:15

1 Abasessaloniika 2:2, 9

2 Abasessaloniika 1:8

1 Timoseewo 1:11

1 Peetero 4:17

Okubikkulirwa 14:6

# ESSUULA EYOOMUNAANA

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOKUBIRI: AMAANYI GA MWOYO MUTUKUVU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuwa okujuliza kwa Baibuli okulaga oluganda oluli ku Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi.
- Okuzuula obukulu bw'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu.
- Okuzuula ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu.
- Okuwa okujuliza kwa Baibuli ku bibala bya Mwoyo Mutukuvu.
- Okuleeta ebiruɧɧamya ku kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

**ENNYANJULA**

Yesu yakola ekisuubizo ekikulu eri abagoberezi be eky'amaanyi ag'omwoyo:

> **Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

Amaanyi g'enjiri n'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu z'ennono enkulu mu kutegeera amaanyi agali mu Baibuli. Okusisinkana byombi kyetaagisa okufuna amaanyi g'omwoyo. Omaze okuyiga ku mugaso gw'amaanyi ag'enjiri. Naye waliyo ekintu ky'omwoyo ekirala ekikulu ky'olina okufuna. Ge maanyi ga mwoyo mutukvu Yesu ge yasuubiza. Essuula eno ennyonnyola ennono enkulu eno. Essuula eno eyanjula bwanjuzi Mwoyo Mutukuvu. Okusoma essomo lino ebuziba, funa olusoma lwa Harvestime oluyitibwa, "Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu."

**EKISUUBIZO KY'AMAANYI**

Yesu yagamba abagoberezi be nti bali:

> **Nange ndisaba Kitange n'abawa Omubeezi omulala anaabeeranga nammwe emirembe n'emirembe,**
>
> **Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe. (Yokaana 14:16-17)**

Mwoyo wa Yesu yayogerera mu muntu owokusatu mu busatu bwa Katonda, omwoyo omutukuvu. Mwoyo Mutukuvu ajja kubaweebwa, "kubambaza" (abayigirizwa) amaanyi ag'omwoyo:

> **Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

**OLUGANDA OLULI KU MWOYO MUTUKUVU N'AMAANYI:**

Manya nti amaanyi g'omwoyo agasinga gaalina okusisinkana oluvannyuma lw'okufuna Mwoyo Mutukuvu:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Amaanyi gaba mwoyo:

> **Kubanga Mwoyo wa Katonda, gwe yatuwa tatufuula bati, wabula atuwa amaanyi, n'okwagala era n'okwegendereza. (2 Timoseewo 1:7)**
>
> **Awo Yesu n'akomawo mu Ggaliraaya ng'ajjudde amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu, n'ayogerwako mu bitundu byonna ebyetoolodde mu byalo. (Lukka 4:14)**

"Omwoyo w'amaanyi" oyo y'aba Mwoyo Mutukuvu:

> **Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

**OBUKULU BW'AMAANYI GANO:**

Omwoyo Omutukuvu aweereza mu bulamu bw'abakkiriza mu ngeri ez'enjawulo:

**Abeera mu ye**: 1 Abakolinso 6:19, ffe Yeekaalu Omwoyo Omutukuv mwatuula.

**Amugatta ku mwoyo y'omu ne Katonda wamu n'abakkiriza abalala**: 1 Abakolinso 6:17. Waliyo amaanyi mangi mu bumu nga bwe bwolesebwa mu mboozi y'omunaala gwe babeeri (Laba Oluberyeberye 11, n'okusinga mu lunyiriri 6)

**Amwegayirira:** (Abaruumi 8:26). Omwegayirizi ono ow'amaanyi atusabira okusinziira ku kwagala kwa Katonda.

**Amuluŋŋamya**: (Yokaana 16:13). Mwoyo Mutukuvu atuyamba okutambulira mu maanyi so si mu kavuyo. Atuluŋŋamya eri ekifo eky'amaanyi, okwagala kwa Katonda okutuukiridde.

**Amuteekamu okwagala kwa Kristo okuyita mu ye**: (Abaruumi 5:5) ojja kweyongera okuyiga mu maanyi g'okwagala mu ssuula eddako.

**Amubikkulira amazima ga Baibuli:** (1 Abakolinso 2:10), okubikkulirwa kw'omwoyo okw'amaanyi kujja lwa Mwoyo Mutukuvu.

**Amubeera:** (Ebikolwa 9:31 ne Yokaana 14:17, 26), atubeera mu biro eby'okulumwa.

**Amukuumira mu kifaananyi kya Kristo:** (2 Abakolinso 3:18), Tetulina maanyi kwekyusa kubeera mu kifanaanyi kya Kristo. Okwerongoosa kw'omuntu kuleetawo okulemererwa. Naye okuyita mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu. Okumanya ky'amaanyi era Omwoyo Omutukuvu agaba okumanya okwomwoyo.

**Amusomesa:** (Yokaana 14:26), omusomesa asinga ajja n'abeera mu ffe bwe tuba nga twambaziddwa Omwoyo Omutukuvu.

**Amusikiriza okusinza:** (Yokaana 4:24), Okusinza n'okutendereza bikola kinene mu mwoyo. Mu ntalo ezimu ez'endagaano enkadde bye byali obukodyo obwakozesebwa mu kulwanyisa omulabe wa Katonda.

Amwanguyiza: (Abaruumi 8:11), amaanyi ga Katonda agaazuukiza Yesu mu bafu ge gakolera mu ffe okutwanguyiza. Kino kitegeeza nti twaweebwa amaanyi ge gamu n'agokuzuukira muno mu mibiri gyaffe.

**Amutukuza**: (2 Abassesaloniika 2:13-14), tetulina kufuba kweteeka mu bulamu bwa butuukirivu mu maanyi gaffe. Amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu ge gatutukuza mu birowoozo ne mu bikolwa. Atusobozesa okubeera mu bulamu obutuukirivu.

**Amukyusa:** (Tito 3:5), amaanyi geetaagisa okukyusa ebintu era Omwoyo Omutukuvu y'awa amaanyi amalungi.

**Amulumiriza olw'ekibi:** (Yokaana 16:8-10). Ojja kweyongera okukiyigako mu lusoma luno gye bujja nti ekibi kiviirako amaanyi g'omwoyo okulemererwa. Omwoyo Omutukuvu y'alumiriza ekibi era y'atutwala mu kwenenya. Kino kiyamba okuleetawo okutambula kw'amaanyi ga Katonda.

**Awa okukakasa kw'obulokozi**: (Abaruumi 8:16), okumanya ekifo kyo kikuwa amaanyi. Omwoyo Omutukuvu akakasa ekifo kyo mu Katonda.

**Amuwa eddembe:** (Abaruumi 8:2), eddembe likuwa omukisa ogw'amaanyi. Omwoyo Omutukuvu akuwa eddembe okuyita m Yesu Kristo.

**Amwogereramu:** (Makko 13:11), tetukugirwa njogera yaffe. Omwoyo Omutukuvu ayogera ekigambo kya Katonda okuyita muffe n'obuyinza bwe tulina.

**Ayolesa amaanyi ga Katonda**: (1 Abakolinso 2:4). Omwoyo Omutukuvu aganya amaanyi ga Katonda mu buli nsonga ey'obulamu bwaffe.

**Amugumya**: (Abaefeeso 3:16), bw'oba omunafu, okugumira mu Katonda kwolesebwa.

## EKIRUUBIRIRWA EKISINGA OBUKULU

Bino byonna bya mugaso naye waliyo ekiruubirirwa ekikulu eky'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu. Ebiruubirirwa bya mwoyo Mutukuvu byaliwo olw'okumaliriza ekiruubirirwa ekikulu. Ekiruubirirwa kya Mwoyo Mutukuvu ekikulu kiragibwa mu kisuubizo kya Yesu:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Amaanyi g'okuba abajulirwa ba Yesu ky'ekyoleka amazima ag'omwoyo Omutukuvu. Kyajjirawo mu bulamu bw'omutume Peetero. Nga tonnaba kusisinkana Mwoyo Mutukuvu, Peetero yegaana Yesu mu kutya. Oluvannyuma lw'okufuna amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu, Peetero yayimirira n'abuulira enjiri eyaviirako abantu enkumi ssatu okulokoka.

Gaali maanyi ga Mwoyo Mutukuvu mu kkanisa eyasooka agaabaviirako okubuulira enjiri mu nsi yonna. Ekitabo kya Ebikolwa bya Abatume ky'ekiraga okujuliza okw'amaanyi okwali kukakasibwa olw'okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu.

## OKUBATIZIBWA KWA MWOYO MUTUKUVU

Okwambazibwa Omwoyo Omutukuvu kuno kujja olw'ensisinkano eyitibwa, "Okubatizibwa Mwoyo Mutukuvu." Yesu yayogera ku kubatizibwa kuno:

> **Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa 1:5)**

Peetero yayogera ku kubatizibwa kuno:

> **Awo ne nzijukira ebigambo bya Mukama waffe bwe yagamba nti, Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mulibatizibwa na Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 11:16)**

## AKABONERO AKOOKUNGULU

Ekiraga okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, ge maanyi agoomwoyo, naye ensisinkano eno egobererwa akabonero akookungulu. Waliyo ebitundu bisatu mu ndagaano empya awalagibwa abantu nga babatizibwa Mwoyo Mutukuvu n'ebyaliwo. Muno mulimu, omulundi ogwasooka okuweebwa Omwoyo Omutukuvu okuli mu Ebikolwa 2:2-4, mu maka ga Koloneeriyo mu Ebikolwa 10:44-45, abakkiriza b'e Efeeso bwe baafuna Mwoyo Mutukuvu nga bwe kiragibwa mu Ebikolwa 19:6.

Bw'ogerageranya ebitundu bino byonna, akabonero akookungulu kali kamu akalabikira wonna. Abo abaafuna Omwoyo Omutukuvu baayogerera mu nnimi ezitali zaabuzaaliranwa bwabwe. Zino tezaali nnimi ze baali baayiga. Zaali nnimi ezaabaweebwa okuyita mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu. "Ennimi ez'omwoyo zisobola okubeera ezo ezaddala ezoogerwa mu nsi:

> **Ne bawuniikirira ne beewuunya ne bagamba nti, "Bano bonna aboogera si Bagaliraaya?**

**8 Kale lwaki tuwulira buli muntu olulimi lw'ewaffe gye twazaalibwa? (Ebikolwa 2:7-8)**

Ennimi era zisobola okuba ezo ezitamanyiddwa muntu yenna. Kino kye kiyitibwa "Ennimi ezitamanyiddwa:"

> **Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo. (1 Abakolinso 14:2)**

## OBUKULU BW'ENNIMI

Ennimi eziweebwa Mwoyo Mutukuvu zikola omulim ogw'amaanyi mu bulamu bw'abakkiriza. Obumu ku bukulu bw'ennimi obusangibwa mu 1 Abakolinso 14 bwe;

- Okusaba eri Katonda: Olunyiriri 2
- Okwezimba: Okwezimba tekitegeeza kwegulumiza, wabula okuzzaamu amaanyi, okulongoosa, n'okukulaakulana: Olunyiriri 4
- Bwe zitaputibwa ziba za kutereeza kkanisa: Olunyiriri 12
- Okwegayirira: Olunyiriri 14, laba Abaruumi 8:26-27
- Okutendereza: Olunyiriri 15, 17
- Okutuukiriza obunnabbi: Olunyiriri 21, laba Isaaya 28:11-12
- Kabonero eri abatali bakkiriza: Olunyiriri 22, laba Ebikolwa 2.

## EBIRABO BYA MWOYO MUTUKUVU

Yesu yaleka abagoberezi be n'obuvunaanyizibwa obw'okubunyisa enjiri eri ensi yonna:

> **Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**
>
> **Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)**

Amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu gaaweebwa okuyamba abayigirizwa okutuukiriza omulimu gwabwe(Ebikolwa 1:8)

Ekitundu ekimu ku maanyi g'omwoyo omutukuvu by'ebirabo by'omwoyo Omutukuvu by'awa abakkiriza okuba abaweereza abatuukiridde. Omulimu guno munene nnyo okuba nga gumalirizibwa n'obusobozi obwa bulijjo. Ebirabo bino eby'omwoyo si byebimu ne Talanta ez'omubiri. Talanta z'omubiri n'obusobozi biweebwa omuntu lw'azaalibwa oba ng'akula mu bulamu obw'omubiri. Bisobola okukozesebwa mu buweereza naye si by'ebimu n'ebirabo by'omwoyo.

Ebirabo by'omwoyo bwe busobozi obw'enjawulo obuweebwa obuweebwa omwoyo mutukuvu okusobozesa omulimu gw'obuweereza. Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu bwe busobozi obuweebwa okuva ewa Katonda:

**Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo.**

**Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna lwe tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali.**

**Tuteekwa okulekeraawo okweyisa ng'abaana abato, nga tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera enteekateeka ey'obulimba.**

**Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna, nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekkanisa. (Abaefeeso 4:12-15)**

Ebitundu ebikulu ebiragibwa ebirabo by'omwoyo ebiri mu bakkiriza okuyita mu mwoyo Omutukuvu bye: Abaruumi 12:1-8, 1 Abakolinso 12:1-31, Abaefeeso 4:1-16, 1 Peetero 4:7-11

Bino by'ebirabo by'omwoyo. Baibuli tebitegeka mu bibinja nga bwe biri wano. Ebibinja bino bikozeseddwa lwa kuyiga:

- Ebirabo by'omwoyo.
- Abatume.
- Bannabbi.
- Ababuulizi.
- Abasumba.
- Abasomesa.

Ebirabo by'okuweereza:

- Omwoyo w'okutegeera.
- Abakulembeze.
- Okukulira.
- Okukkiriza.
- Okwaniriza abantu.
- Okuwaayo.
- Okuyamba.
- Okuweereza.
- Okusaasira.

Ebirabo by'okwogera:

- Obunnabbi.
- Okuyigiriza.
- Okugolola.
- Ekigambo ky'amagezi.

- Ekigambo ky'okumanya.

Obubonero bw'ebirabo:

- Ebyamagero
- Okuwonya
- Ennimi.
- Okutaputa ennimi

Ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Obuweereza bwa Omwoyo Omutukuvu," kinnyonnyola buli kimu ku birabo bino mu bulambulukufu, kijja kukuyamba okuzuula ebirabo byo ebyomwoyo. Enkozesa y'ebirabo by'omwoyo entuufu kye kisumuluzo eky'amaanyi g'omwoyo agatuukiridde. We bitaba, kiringa kugezaako kukola mulimu mu nsi eyoomubiri awatali bikozesebwa.

**EKIBALA EKYA MWOYO MUTUKUVU**

Okuweebwa amaanyi ga Omwoyo Omutukuvu nakyo kiyambako okubeera mu bulamu ng'obwa Kristo. Kino kimalirizibwa n'ebisaanyizo ebya Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bwo. Ekisaanyizo kiyitibwa ekibala ekyomwoyo. Ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu kitegeeza embeera ya Mwoyo Mutukuvu eyeeyolekera mu bulamu bw'omukkiriza. Katonda ayagala ebibala byonna byeyolekere mu bulamu bwo. Bino, lwe lukalala lw'ebibala eby'Omwoyo Omutukuvu:

> **Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa.**
>
> **Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)**

Ebibala ebya Mwoyo Mutukuvu binnyonnyoddwa mu bulambulukufu mu lusoma ekituumiddwa, "Obuweereza obwa Mwoyo Mutukuvu." Ebisaanyizo bino bikuwa amaanyi g'okuba nga Yesu.

**OKUFUNA OKWAMBAZIBWA AMAANYI**

Nga Yesu bwe yasuubiza, Omwoyo Omutukuvu yaweebwayo kitaawe eri abayigirizwa abaalindirira mu Yerusalemu (Ebikolwa 2). Omwoyo omutukuvu yamala okutuweebwa, naye buli mukkiriza alina okufuna amaanyi gano okuyita mu nsisinkano y'okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.

Bino baibuli by'eruɧɧamya okusobola okufuna okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.

**WEENENYE OBATIZIBWE:**

Oteekwa okusooka okusisinkana amaanyi g'enjiri nga weenenya okuva mu kibi n'ofuna Yesu ng'omulokozi wo. Era kigambibwa nti wandibatiziddwa mu mazzi.

> **Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 2:38)**

**KIRIZA NTI KIKYO:**

> **Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'eri abaana bammwe, n'eri bonna abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe. (Ebikolwa 2:39)**

**KIYAAYANIRE:**

> **Awo ku lunaku olw'embaga olusembayo, olusingira ddala obukulu, Yesu n'ayimirira n'ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka n'agamba nti, "Buli alina ennyonta, ajje gye ndi anywe!**
>
> **Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe!"**
>
> **Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali bagenda okufuna, kubanga Mwoyo oyo yali tannagabibwa, kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa. (Yokaana 7:37-39)**

**MANYA NTI KIRABO:**

Omwoyo Omutukuvu yakuweebwa dda. Yaweebwa ekkanisa ku lunaku lwa Pentekooti nga bwe kiragibwa mu Ebikolwa 2.

Kubanga kirabo, tolina kyoyinza kukola kukifuna. Tandika okwebaza n'okutendereza Katonda olw'ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu.

**WEEWEEYO ERI KATONDA:**

Nga bw'otendereza Katonda olw'ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu, yatulira waggulu amatendo go nga bwe baakola ku lunaku lwa Penteekoti mu Ebikolwa 2. Mu kutendereza Katonda okwo ojja kuwulira ng'anaanagira ku mumwa gyo. Olulimi lwo luweeyo eri Omwoyo Omutukuvu era ajja kukwogereramu ebigambo ebitali bya bulijjo mu kutegeera kwo. Emimwa eginanaagira gijja kukula gifuuke olulimi bw'oneeyongerayo ng'otendereza Katonda:

> **Weewaawo, Katonda alyogera eri abantu abo n'emimwa emigenyi mu lulimi olugwira. (Isaaya 28:11)**
>
> **Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:4)**

**SABA ABAKKIRIZA ABALALA BAKUSABIRE:**

Omwoyo Omutukuvu era asobola okufunibwa ng'otereddwako emikono gy'abakkiriza. Ebikolwa 8, 9 ne 19, alaga engeri abakkiriza abajjuzibwa omwoyo gye bayinza okukuyambamu okufuna okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Wa okujuliza mu Baibuli okulaga enkolagana ya Mwoyo Omutukuvu n'amaanyi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Ekiruubirirwa ky'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu ekikulu kye kiri wa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
4. Leeta okujuliza kwa Baibuli okulaga ebibala ebya Mwoyo Mutukuvu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Leeta okujuliza kwa Baibuli ku ssuula eno ey'okufuna amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Kozesa okujuliza kuno olage ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu ebiri mu bakkiriza: Abaruumi 12:1-8, 1 Abakolinso 12:1-3, Abaefeeso 4:1-16, 1 Peetero 4:7-11

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Ebikolwa 8:14-17. Abantu b'e Samaliya baafuna obulokozi lwa buweereza bwa Firipo. Baafuna okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu okuyita mu buweereza bwa Peetero ne Yokaana. Okufuna okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu yali nsisinkano ey'enjawulo ku y'okufuna obulokozi. Kino kyoleka amaanyi g'enjiri n'amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu agakolera awamu n'obuweereza.
   Laba Ebikolwa 19:1-6, Laba ekisuubizo kya Paulo: bwe mwakkiriza mwaweebwa mwafuna Mwoyo Mutukuvu?
2. Funa olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu." Kino kyekinnyonnyola ku buweereza bwa Mwoyo Mutukuvu obw'amaanyi mu bulamu bw'abakkiriza: Ekisumuluzo ekituufu eri amaanyi g'omwoyo kiggyayo ebibala by'omwoyo n'okulakulanya ebibala by'omwoyo mu bulamu bwo. Olusoma luno lujja kukuyamba mu nsonga zino.
3. Bw'oba ng'oyogera ku masomo agaweebwa essomero lino nga bwe gagoberagana, wamaze okusoma "Obuweereza bw'omwoyo Omutukuvu." Ddamu okyetegereze n'ekigendererwa eky'okuzuula engeri Mwoyo Omutukuvu gy'aweerezaamu eri abakkiriza mu maanyi.

# ESSUULA EYOOMWENDA

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOKUSATU: AMAANYI G'OKWAGALA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "okwagala"
- Okunnyonnyola ekigambo "ebyekisa"
- Okukizuula nti okwagala y'ennono y'amaanyi g'omwoyo esinga.
- Okuzuula amateeka agasingira ddala erisooka n'eryokubiri.
- Okunnyonnyola engeri ensi gy'eneemanya nti tuli bakkiriza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Kaakano waliwo ebintu bisatu eby'olubeerera: okukkiriza, n'okusuubira, era n'okwagala. Naye ekisingako ku ebyo obukulu kwe kwagala. (1 Abakolinso 13:13)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula ewedde, oyize ku maanyi ga Mwoyo Mutukuvu. Wayize nti ekibala ky'omwoyo y'emu ku ngeri z'okulagiramu amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bw'abakkiriza. Ekimu ku bibala eby'omwoyo ky'ekyokuba n'okwagala ng'okwa Yesu. Ky'ekibala ekisooka ekiragibwa mu lukalala oluli mu Abaggalatiya: 5:22-23

> **Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala... (Abaggalatiya 5:22)**

**AMAANYI AGASINGA**

Soma 1 Abakolinso 13:1-13 nga tetunnaba kutuuka ku ssomo lino. Ekigambo "eby'ekisa" kitegeeza okwagala nga bwe kiri mu kitundu kino. Essuula eno etunuulidde emu ku nnono z'amaanyi g'omwoyo, amaanyi g'okwagala. Amaanyi g'okwagala gasinga.

Ennimi eziweebwa Mwoyo Mutukuvu. Olunaku lumu ennimi zino zirivaawo, oba oyogerera mu nnimi ezimanyiddwa oba ezitamanyiddwa bantu, bubaka omutali maanyi na kwagala: Ennyiriri 1 ne 8)

Okumanya n'okutegeera: Okumanya kw'amaanyi naye olunaku lumu okumanya kw'omuntu kulivaawo. Okwagala kujja kusigalawo: Olunyiriri 2 ne 8

Ekirabo ky'obunnabbi: Ng'obunnabbi kirabo ky'amaanyi, kwe kwogera obuterevu obubaka obuva ewa Katonda n'okubuulira ebiribaawo. Naye n'obunnabbi lunaku lumu bulivaawo: (Ennyiriri 2, 8-12)

Okukkiriza: Wadde olina okukkiriza okumala okuseeteeza ensozi, tekugasa awatali kwagala: Olunyiriri 2

Okugaba: Ekikulu si bungi bw’ebyo by’ogabira abalala, tekigasa ekyo okuggyako ng’ogabira mu kwagala: Olunyiriri 3

Okusaddaaka: Ne bwe wandifudde ku lw’enjiri, eyo ssaddaaka tegasa okuleka ng’okikoledde mu kwagala: Olunyiriri 3

Essuubi: Essuubi kintu kikulu mu bulamu kubanga obutaba nakwo obulamu buba mu katyabaga. Naye okwagala kusinga essuubi: Olunyiriri 13

Oyize era ojja kuyiga bingi ku maanyi g’omwoyo mu lusoma luno, naye jjukira kino: Ennono endala zonna ez’amaanyi g’omwoyo, ebirabo byonna eby’omwoyo, obuweereza bwonna bulina okutambulira mu kwagala, oba si kyo tebugasa. Ekintu ekirala bwe kiremererwa, amaanyi agali mu kwagala gajja kuwangula.

## OKUNNYONNYOLA N’EBIKOLA OKWAGALA

Okwagala y’engeri y’okulagamu enkolagana eyoomunda, okufaayo, n’ebyo byofaako okukulaakulanya mu bulamu bwo okuyita mu mwoyo omutukuvu. Tosobola kikulaakulanya mu bulamu bwo wekka. Okwagala okw’obwa Katonda kukulaakulanyizibwa mu ggwe mu maanyia g’omwoyo Omutukuvu:

> **Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajjuza emitima gyaffe okwagala kwe. (Abaruumi 5:5)**

Wekkaanye ebikola okwagala kuno okw’obwa Katonda okuweebwa Katonda mu 1 Abakolinso 13:

**OLUNYIRIRI 4:**

Okwagala kugumiikiriza.

Okwagala kwa kisa.

Okwagala tekulina buggya.

Okwagala tekwenyumiriza wadde okwekuluntaza.

**OLUNYIRIRI 5:**

Okwagala tekukola bitasaana (okweyisa obubi eri abalala)

Okwagala tekunoonya byakwo (tekweyagaliza kwokka)

Okwagala tekunyiiga mangu (tekunyiizibwa)

Okwagala tekusiba kibi ku mwoyo.

**OLUNYIRIRI 6:**

Okwagala tekusanyukira bitali bya butuukirivu (tekusanyukira bikolwa bibi oba okuwulira ebibi eri abalala)

Okwagala kusanyukira mu mazima (si bulimba na lugambo)

**OLUNYIRIRI 7:**

Okwagala kugumiikiriza byonna (ne bwe biba nga bizibu)

Okwagala kukkiriza byonna (kukkiririza mu balala)

Okwagala kusuubira byonna (tekuggwamu ssuubi mu Katonda oba abalala k'ebe mbeera ki)

Okwagala kugumiikiriza byonna.

**OLUNYIRIRI 8:**

Okwagala tekulemererwa (k'ebeere mbeera ki)

**KI BAIBULI KY'ESOMESA KU KWAGALA?:**

Okutegeera amaanyi g'okwagala, oteekwa okumanya ekyo Baibuli ky'esomesa ku nsonga eyo. Ekibala ky'omwoyo eky'okwagala, amaanyi gano amasukkulumu. Kuno si kwe kwagala okw'omubiri oba okwagala ensi kw'emanyi. Okwagala okutalina bukuusa kwe kwagala okutukuvu. Okwagala okutaliimu bukuusa kw'ekwo kw'olina okulaga abalala:

> **Kale kaakano nga bwe mumaze okutukuza emyoyo gyammwe olw'okukkiriza amazima, ne mwagalanira ddala mu luganda lwennyini, mweyongere okwagalana n'omutima ogutaliimu bukuusa. (1 Peetero 1:22)**

Etteeka erisooka era erisinga obukulu kwe kwagala Katonda:

> **Era yagala Katonda wo n'omutima gwo gwonna n'omwoyo gwo gwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna. (Makko 12:30)**

(Laba Ekyamateeka 6:5, Lukka 10:27, 1 Yokaana 2:5, 15, 3:11-17, 4:7-20, 5:2, 2 Yokaana 1:5-6)

Okwagala kwo eri Katonda kugezesebwa mu kumugondera:

> **Yesu n'amuddamu nti, Omuntu yenna anjagala anaagonderanga ekigambo kyange, ne Kitange anaamwagalanga, era Nze ne Kitange tunajjanga ne tubeera mu ye era tunaatuulanga mu ye. (Yokaana 14:23)**
>
> **Naye buli agondera ekigambo kye, ddala ng'okwagala kwa Katonda kutuukiridde mu muntu oyo. Era ekyo kye kitukakasisa nti tuli mu ye. (1 Yokaana 2:5)**

Etteeka ery'okubiri ku gasinga ly'e ryokwagala abalala:

> **N'eryokubiri lye lino nti, 'Oyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.' Tewaliiwo mateeka malala gasinga ago bukulu. (Makko 12:31)**

Yesu ayagala oyagale abalala nga bw'akwagala:

> **Mbawa ekiragiro ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala. (Yokaana 13:34)**
>
> **Mbaagadde nga Kitange bw'anjagala. Noolwekyo munywererenga mu kwagala kwange...Kye mbalagira kye kino nti mwagalanenga nga Nze bwe mbaagala. (Yokaana 15:9, 12)**
>
> **Era mbayigirizza ne bamanya erinnya lyo, era nzija kwongera okubamanyisa okwagala kwo kw'onjagala, kulyoke kubeerenga mu bo, era nange mbeere mu bo. (Yokaana 17:26)**

Mu kwagala mw'omanyibwa nti oli mukkiriza:

> **Bwe munaayagalananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange. (Yokaana 13:35)**
>
> **Kubanga ffe tumanyi nga twava mu kufa, ne tuyingira mu bulamu, kubanga twagala abooluganda, naye buli muntu atalina kwagala akyali mu kufa. (1 Yokaana 3:14)**

Bw'oba toyagala balala, okwagala kwa Katonda tekuba mu ggwe:

> **Omuntu agamba nti atambulira mu musana, kyokka ate n'akyawa owooluganda, aba akyali mu kizikiza.**
>
> **Naye ayagala owooluganda aba ali mu musana, era talinaawo kimwesittaza. (1 Yokaana 2:9-10)**

(Gano amazima ga mugaso nnyo. Weeyongere okusoma Yokaana 13:34, 14:15, 21, 23, 31, 15:9-17, 17:26, 21:15-17)

Okwagala Katonda n'abakkiriza abalala kuleetawo obumu mu mwoyo era g'emaanyi amakulu ennyo. Bwe baali obumu mu ssaala, Pentekooti yabaawo (Ebikolwa 2). Baali mu "mmeeme emu" ne mu maanyi beeyongera okujulira (Ebikolwa 4:32-33). Beekumira mu bumu obw'okusseekimu era obubonero n'ebyewuunyisa ebingi byabaawo (Ebikolwa 2:42-43)

Mwagale abalabe bammwe:

> **Naye mmwe abampuliriza mbagamba nti: Mwagalenga abalabe bammwe, n'ababakyawa mubayisenga bulungi.**
>
> **Ababakolimira mubasabirenga omukisa; ababayisa obubi mubasabirenga...Bwe munaayisanga obulungi abo bokka ababayisa obulungi, munaagasibwa ki? Kubanga n'abakozi b'ebibi bwe bakola bwe batyo...Naye mmwe mwagalenga abalabe bammwe! Mubayisenga bulungi!**

**Muwolenga nga temusuubira kusasulwa magoba. Bw'etyo empeera yammwe eriba nnene era muliba baana b'oyo Ali Waggulu Ennyo. Kubanga wa kisa eri abatasiima n'abakozi b'ebibi. (Lukka 6:27, 28, 33, 35)**

**Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'Yagalanga muliraanwa wo, naye okyawenga mulabe wo.'**

**Naye nze mbagamba nti, Mwagalenga abalabe bammwe! Musabirenga ababayigganya. (Matayo 5:43-44)**

Okwagala kwo kulina okubeerera ekitegeeza nti kulina okubeera nga kweyongera bulijjo:

**Mbasabira nti okwagala kwammwe kweyongerenga, era mujjule amagezi n'okutegeera. (Abafiripi 1:9)**

**Mukama waffe aboongereko okwagala kwammwe, mwagalanenga mwekka na mwekka era mwagalenga nnyo abantu bonna, nga naffe bwe tubaagala. (1 Abasessaloniika 3:12)**

Olina okusimbibwa era onywezebwe mu kwagala:

**Kristo alyoke abeerenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza kwammwe. Mbasabira mubeerenga n'emirandira mu kwagala nga mukunywereddemu.**

**Mulyoke mubeerenga n'amaanyi awamu n'abatukuvu bonna, okusobola okutegeera obugazi, n'obuwanvu, n'obugulumivu n'okukka wansi ebiri mu kwagala kwa Kristo.**

**Njagala mutegeere okwagala kwa Kristo okusukkiridde okutegeera kwonna, mulyoke musobole okutegeerera ddala Katonda bw'ali. (Abaefeeso 3:17-19)**

Bw'oba ng'oli wakujjuzibwa Katonda n'amaanyi ge, oteekwa okuba n'okwagala. Kyamugaso nnyo eri amaanyi kubanga kimalawo okutya:

**Mu kwagala temuliimu kutya, kubanga okwagala okutuukiridde kumalawo okutya; kubanga okutya kulimu okubonerezebwa, na buli atya, aba tannatuukirira mu kwagala. (1 Yokaana 4:18)**

Mulina okutambulira mu kwagala:

**Mwagalanenga nga Kristo bwe yatwagala ne yeewaayo ku lwaffe n'afuuka ekiweebwayo era ssaddaaka eri Katonda, eyakawoowo akalungi. (Abaefeeso 5:2)**

Mulina "okusituliraganako" oba okukolagana n'abalala mu kwagala:

**Nga mwekuumira mu kwagala kwa Katonda, nga mwesunga okusaasira kwa Mukama waffe Yesu Kristo olw'obulamu obutaggwaawo. (Yuda 21)**

**Naye ggwe, omuntu wa Katonda, ddukanga ebintu ebyo, ogobererenga obutuukirivu, n'okutya Katonda, n'okukkiriza, n'okwagala, n'okugumiikiriza, n'obuwombeefu. (1 Timoseewo 6:11)**

Okukkiriza nga kwe kusinga obukulu kumaanyi, ebikolwa eby'okwagala:

**...wabula okukkiriza kukola olw'okwagala. (Abaggalatiya 5:6)**

Omulimu gwo eri Mukama kwe kuba ng'okolera mu kwagala:

**Nga tujjukira omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba okw'okwagala... (1 Abasessaloniika 1:3)**

**Kubanga Katonda mwenkanya tayinza kwerabira mulimu gwammwe omunene bwe gutyo, n'okwagala kwe mwagala erinnya lye, era amanyi bwe mwaweereza abantu be, era bwe mukyeyongera okubaweereza. (Abaebbulaniya 6:10)**

Nga bwe tusemberera enkomerero y'ensi, okwagala kw'abangi tekujja kugumiikiriza. Kujja kusaanuuka, ekitegeeza nti abantu bajja kuba nga tebeefiirayo:

**Olw'obujeemu okuyinga obungi, era bangi okwagala kwabwe kuliwola. (Matayo 24:12)**

Naye tukakasibwa nti tewali kiyinza kutwawula ku kwagala kwa Katonda:

**Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? Kubonaabona, oba bulumi, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwerere, oba kabi, oba kitala? Kubanga nkakasiza ddala nga newaakubadde okufa, wadde obulamu, wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo, wadde ebigenda okujja, wadde amaanyi.**

**Wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirala kyonna, tewali kiriyinza kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe. (Abaruumi 8:35, 38-39)**

## OKWAGALA OKUSINGAYO

Okwagala okusinga kwekwo Katonda kwe yalina eri ensi ejjudde ekibi. Yalaga okwagala okwo ng'atuma Yesu okufiiririra abantu bonna:

**Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo. (Yokaana 3:16)**

Yesu yayolesa okwagala kuno nga yeewaayo eri okufa ku musaalaba:

**Tewali kwagala kusinga okw'omuntu awaayo obulamu bwe olwa mikwano gye. (Yokaana 15:13)**

**Kizibu okufiirira omuntu omutuukirivu. Oboolyawo omuntu ayinza okwewaayo okufa ku lw'omuntu omulungi.**

**Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gye tuli mu ngeri eno: bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufiirira. (Abaruumi 5:7-8)**

Ky'amaanyi okwagala: Okwagala kwa Katonda, Omwoyo Omutukuvu kw'ayagala akuze mu bulamu bwo:

**Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajjuza emitima gyaffe okwagala kwe. (Abaruumi 5:5)**

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Okwagala kye ki?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Amateeka abiri agasooka ge galiwa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Ensi eneemanya etya nti tuli bakkiriza?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Maliriza sentensi eno: "Ennono endala zonna ez'amaanyi g'omwoyo, ebirabo by'omwoyo byonna, obuweereza bwonna buteekwa okukolebwa mu maanyi aga………………………….. awatali ekyo byonna tebigasa."
6. Ennono y'amaanyi g'omwoyo esinga y'eriwa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Ekigambo "ebyekisa" kitegeeza ki ekiri mu 1 Abakolinso 13?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Daudi yawandiika bingi ku kwagala. Laba Zabuli 18:1, 31:23, 40:16, 97:10, 116:1, 119:97, 113, 119, 127, 132, 159, 163, 165, 167, 122:6, 154:20.
2. Soma ekitabo kya 1 Yokaana. Omulamwa gw'ekitabo kino omukulu kwe kwagala.
3. Soma 1 Abakolinso 13, mu nzivuunula ya Baibuli eyitibwa "Amplified" y'ewa amakulu g'ebigambo ag'enjawulo nga bikozeseddwa mu kitundu.

# ESSUULA EY'EKKUMI

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOKUNA: AMAFUTA AG'AMAANYI.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola okufukibwako amafuta amatukuvu okw'endagaano enkadde.
- Okuwa ebyokulabirako by'engeri okufukako amafuta amatukuvu bwe kwakozesebwa mu ndagaano enkadde.
- Okuwa amakulu g'erinnya "Kristo"
- Okufunza obukulu bw'amafuta ag'amaanyi.
- Okunnyonnyola omugaso oguli mu kuzuula amafuta g'olina mu buweereza.
- Okunnyonnyola engeri y'okufuna amafuta ag'amaanyi.
- Okuzuula ensibuko y'amafuta ag'omwoyo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muntu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y'abayigiriza buli kimu, era w'amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza. (1 Yokaaana 2:27)**

**ENNYANJULA:**

Essuula eno efaayo ku mafuta ga Katonda agawa abantu amaanyi okuweereza obulungi. Era ewa n'okulungamya ku ngeri y'okufuna amafuta g'amaanyi gano.

**ENKOLA EY'OKUFUKAKO AMAFUTA**

"Okufukako amafuta" kitegeeza okusiiga amafuta ku muntu oba ekintu kyonna. Nkola eyatandikibwawo mu biro eby'endagaano enkadde. Okufukako amafuta kwatandika nga kwa mirundi esatu: okwabulijjo, ng'okuba eddagala n'okuba omutukuvu.

**Okufukako amafuta okwabulijjo**: Kwaba nga kwa buli muntu ayagadde okuba ng'awunya bulungi. Osobola okusoma ku kino mu Luusi 3:3, Zabuli 104:15 ne Engero 27:9. Abagenyi baababafungako amafuta ng'engeri y'okubawa ekitiibwa (Lukka 7:46), n'abafu baateekebwatekebwa okuziikibwa nga bafukibwako amafuta (Makko 14:8, 16:1)

**Okufukibwako amafuta ng'eddagala** kyakolebwanga okuyamba omulwadde oba alina ekiwundu. Okugeza laba: Lukka 10:34

**Okufukibwako amafuta amatukuvu**: Y'engeri eyookusatu ku kino mu ssuula eno. Kwe kufukibwako amafuta agobutukuvu oba okwekigendererwa ekyomwoyo. Kuno kwali kwa kuwonga bintu oba abantu ba Katonda.

**EBYOKULABIRAKO EBYENDAGAANO ENKADDE**

Omulundi ogwasooka okuweebwa amafuta ku lw'omwoyo gulagibwa mu ndagaano enkadde mu Oluberyeberye 28:18. Oluvannyuma lwa Yakobo okufuna okwolesebwa okw'amaanyi okuva eri Katonda:

> **Awo Yakobo n'agolokoka ku makya, n'addira ejjinja lye yali yeezizise n'alisimba okuba empagi n'ayiwa amafuta ku mutwe gwalyo.**
>
> **Ekifo ekyo n'akituuma Beseri, songa ekibuga ekyo kyayitibwanga Luzi. (Oluberyeberye 28:18-19)**

Oluvannyuma Katonda yayogera ku kino ng'agamba:

> **Nze Katonda w'e Beseri gye wafukira amafuta ku jjinja lye wasimba, gye weeyamira obweyamo. Kale kaakano golokoka ove mu nsi muno, oddeyo mu nsi gye wazaalirwa. (Oluberyeberye 31:13)**

Oluvannyuma Katonda yawa ebiragiro by'okufuka amafuta ku bakabona, bakabaka ne bannabbi okubaawula ku lw'omwoyo. Ebyalinga mu weema webaasinzizanga nabyo byafukibwako amafuta. Osobola okwongera okusoma ku kino mu kitundu ekyokweyongera okusoma eky'essuula eno.

Obukulu bw'okufuka amafuta ku bantu bano kwali kubaawula mu ngeri y'okubawongayo ey'enjawulo baweereze Katonda. Amafuta amatukuvu ge gaakozesebwanga olw'omulimu guno ogw'omoyo.

> **Bino byonna obikolemu amafuta amatukuvu ag'okusiiga, nga bigattikibbwa bulungi ng'ebikoleddwa omutabuzi w'eby'akawoowo, ne galyoka gabeera amafuta amatukuvu ag'okufukibwangako.**
>
> **...Era abaana ba Isirayiri obagambe nti, 'Gano ge ganaabanga amafuta gange amatukuvu ag'okufukibwangako, mu mirembe gyammwe gyonna. (Okuva 30:25, 31)**

**YESU AFUKIBWAKO AMAFUTA**

Enkola eno Katonda ye yagitandikawo. Yesu yafukibwako amafuta olw'obuweereza. Yesu yagamba:

> **Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe.**
>
> **N'okulangirira ekiseera kya Mukama eky'okulagiramu ekisa kye. (Lukka 4:18-19)**

Kuno kwali kutuukiriza bunnabbi mu Isaaya 61:1, abayigirizwa baakimanya nti:

> **Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

**ENSIBUKO Y'OKUFUKAKO AMAFUTA**

Amaanyi mu kufukibwako amafuta g'omwoyo si mafuta gennyini. Amaanyi tegaba ku muntu aba afukako amafuta oba obusobozi bw'oyo agafuna. Amaanyi g'amafuta gakulukuta okuva ku nsulo yaago, Katonda kitaffe. Wekkaanye nti Yesu yagamba: Omwoyo wa Mukama ali ku nze, anfuseeko amafuta:

Paulo yagamba:

> **Naye atunyweza ffe awamu nammwe mu Kristo, era eyatufukako amafuta, ye Katonda. (2 Abakolinso 1:21)**

Katonda y'eyali ensibuko ya Kristo okufukibwako amafuta. Era nakati y'ensibuko y'amafuta. Amafuta kabonero ka kungulu akakozesebwa okukiikirira amafuta. Omusajja omuzibe ow'amaaso eyawonyezebwa Yesu yagamba:

> **N'abategeeza nti, "Omuntu ayitibwa Yesu, yatabula ettaka n'alinsiiga ku maaso, n'andagira nti, 'Genda e Sirowamu onaabe.' Ne ŋŋenda ne naaba, ne nsobola okulaba. (Yokaana 9:11)**

Olunyiriri luno lukakasa nti ekikulu si kyakuteekebwako naye amaanyi agali emabega w'enkola y'okufukako amafuta ky'ekikulu. Wadde nga abasajja n'abakazi baafukibwangako amafuta mu ngeri yabubonero nga okusiigibwa amafuta, okufuna amafuta ag'amaanyi kyavanga wa Katonda. Katonda yagamba Daudi:

> **Nalaba Dawudi, omuweereza wange; ne mufukako amafuta gange amatukuvu okuba kabaka. (Zabuli 89:20)**

Emyaka egyaliwo nga tannaba kufukibwako muntu mafuta, Daudi yali yafukibwako Katonda amafuta:

> **Nasani n'agamba Dawudi nti, "Omusajja oyo ye ggwe. Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isirayiri nti, 'Nakufukako amafuta okuba kabaka wa Isirayiri, ne nkulokola mu mukono gwa Sawulo. (2 Samwiri 12:7)**

**OBUKULU BW'OKUFUKA AMAFUTA**

Okufukibwako amafuta ag'omwoyo wa Katonda kya mugaso nnyo mu bulamu ne mu buweereza bw'omukkiriza. Buno bwe bumu ku bukulu bw'amafuta ago:

**OKUWEEREZA:**

Saulo bwe yafuna amafuta okuva ewa Katonda, yafuulibwa omusajja omupya omuweereza wa Isirayiri nga Kabaka:

> **Awo Samwiri n'addira eccupa ey'amafuta n'agifuka ku mutwe gwa Sawulo, n'amunywegera ng'agamba nti, "Mukama akufuseeko amafuta okufuga abantu be, Isirayiri.**
>
> **...Omwoyo wa Mukama anakukkako mu maanyi, n'owa obunnabbi wamu nabo, era onookyusibwa n'ofuuka omuntu omuggya. (1 Samwiri 10:1, 6)**

Yesu yali yafukibwako Katonda amafuta olw'obuweereza:

> **Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe.**
>
> **N'okulangirira ekiseera kya Mukama eky'okulagiramu ekisa kye. (Lukka 4:18-19)**
>
> **Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

Ennyiriri zino ziwa obukulu bw'okufukibwako amafuta olw'obuweereza. Amafuta gakuyamba:

- Okubuulira enjiri.
- Okuweereza eri abaavu.
- Okuwonya abamenyese emitima .
- Okuwonya abalwadde (Laba Yakobo 5:14-15 ne Makko 6:13)
- Okubuulira okusumululwa eri abo abasibe mu mwoyo.
- Okuzibula amaaso g'abo abasibe mu mwoyo.
- Okusumulula abo abataaguddwa, abalina ebiwundu by'omulabe.
- Okubuulira omwaka gwa Mukama (Laba 2 Abakolinso 6:2)
- Okutambulira mu kukola obulungi.
- Okuwonya abo abanyigirizibwa omubi.

**OBUVUNAANYIZIBWA:**

Katonda awa abakkiriza obuvunaanyizibwa obw'omwoyo. Buli kyakwesigisa, kinene oba kitono, sirwabusobozi bwo nga ggwe, enneeyisa yo oba ekifo kyo mu kitundu. Ofuna obuvunaanyizibwa obw'omwoyo mu kufukibwako amafuta.

> **Awo Mukama Katonda n'agamba Alooni nti, "Laba, Nze kennyini nkukwasizza ebiweebwayo byonna ebireetebwa gye ndi; ebiweebwayo byonna ebitukuvu abaana ba Isirayiri bye banandeeteranga mbikuwadde ggwe ne batabani bo nga gwe mugabo gwammwe ogw'olubeereraa. (Okubala 18:8)**

**EKIRAGIRO:**

Okufukibwako amafuta kikuyigiriza:

> **Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muntu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y'abayigiriza buli kimu, era w'amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza. (1 Yokaana 2:27)**

Kino tekitegeeza nti tofuna kuyigirizibwa kwa mwoyo okuva mu balala. Katonda atadde mu kkanisa abasomesa ab'ekiruubirirwa kino (Abaefeeso 4:11). Omwoyo Omutukuvu abawa amafuta ag'okusomesa ekigambo kya Katonda. Naye bw'oba tolina mukisa gwa kufuna buweereza ng'obwabasajja abo abalondebwa Katonda, amafuta g'omwoyo Omutukuvu era gajja kukusomesa.

Amafuta gano gakuyamba okukebera amazima agali mu njigiriza gy'owulira mu balala. Era ekulaga amazima g'ototegeera bulungi era n'okuggula okubikkulirwa kw'ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa. Kimanye nti amafuta gatuyigiriza "ebintu byonna" mulimu amaanyi bwe gatyo mu mafuta agakulagira okukola ebintu mu buli kitundu ky'obulamu n'obuweereza bwo.

**OKUBEERA:**

Amafuta ga Katonda gakuyamba okubeera mu Yesu. Wekkaanye ekitundu ky'olunyiriri luno ky'osomyeko:

> **Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muntu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y'abayigiriza buli kimu, era w'amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza. (1 Yokaana 2:27)**

Ngeri emu ey'okukkiriza Yesu ng'omulokozi wo, ngeri emu ey'okuyiga okubeera mu ye n'okutambulira mu kugondera ekigambo kye n'okwagala kwe. Amafuta gakusomesa okukikola kino.

**EDDEMBE:**

Ekikoligo ky'obusibe kimenyebwa n'amafuta gano. Ebikoligo byakozesebwanga mu mirembe egy'edda okusiba ensalo awamu nga zigenda okulima mu nnimiro. Era bikozesebwa olw'omulimu gwe gumu mu mawanga mangi kati. Yesu yayogera ku kikoligo bwe yagamba nti:

> **Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitooweredddwa, nange nnaabawummuza. Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gyammwe girifuna ekiwummulo.**
>
> **Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa. (Matayo 11:28-30)**

Ffena tuli mu kikoligo ky'ekimu. Ekikoligo kye balimu kya Sitaani oba Katonda ekikoligo kya Sitaani kya ngeri ssatu:

1. **Ekikoligo ky'ekibi:**

**Nze Mukama Katonda wammwe eyabaggya mu nsi ey'e Misiri, mulyoke mukome okuba abaddu b'Abamisiri; namenya ebikoligo byammwe ne mbasobozesa okutambula nga mwesimbye. (Ebyabaleevi 26:13)**

“Ekikoligo ky’e Missiri” kitegeeza ekikoligo ky’ekibi. Ekikoligo kino kiteekwa okumenyebwa bw’oba wa kuyingira mu kikoligo kya Yesu.

**2. Ekikoligo kyo:**

Paulo yafuba n’ekikoligo kye:

**Kubanga kye nkola sikimanyi. Kye njagala si kye nkola, naye kye nkyawa kye nkola. (Abaruumi 7:15)**

**3. Ekikoligo ky’omuntu:**

Ekikoligo ky’omuntu ky’ekikuteekebwako abalala:

> **Basiba emigugu emizito ne bagitikka abalala, so nga bo n’okugezaako tebagezaako kukwatako n’engalo yaabwe. (Matayo 23:4)**

Ekikoligo ky’omuntu kiyinza okubaamu ekikoligo ky’okulumirizibwa ekibi, obuwangwa, ekibinja mw’ogwa oba embeera n’enneeyisa ekuteekebwako abalala. Ebikoligo bino biyinza kumenyebwa bitya mu bulamu bwo ne mu bulamu bw’abo b’oweereza? Bimenyebwa na mafuta:

> **Ku lunaku olwo, omugugu gwe guliggyibwa ku bibegabega byo, n’ekikoligo kye kive ku nsingo yo; ekikoligo kirimenyebwa olw’obugevvu bwo. (Isaaya 10:27)**

Tosobola kumenya kikoligo kya Sitaani na maanyi go. Tosobola kukikola na maanyi go. Buli kikoligo, buli busibe bwa muntu bwonna buvaawo na mafuta:

**ESSANYU:**

Yesu yalina amafuta ag’essanyu:

> **Naye ku Mwana ayogera nti, “Entebe yo ey’Obwakabaka, Ayi Katonda, ya lubeerera emirembe n’emirembe; obutuukirivu, gwe muggo ogw’obwakabaka bwo.**
>
> **Wayagala obutuukirivu n’okyawa obujeemu. Katonda, era Katonda wo kyeyava akufukako amafuta ag’omuzeeyituuni agaleeta essanyu okusinga banno. (Abaebbulaniya 1:8-9)**

Abo abaagala obutuukirivu ne bakyawa obubi bajja kufukibwako amafuta ag’essanyu bwe liti. Amafuta aga Katonda galeetawo essanyu mu bulamu bwo. Essanyu lya Mukama ge maanyi agagumya obuweereza bwo eri Katonda.

## AMAFUTA AG’ENJAWULO

Obukulu bw’amafuta bwonna bw’oyize bukola ku bakkiriza bonna. Naye Katonda awa abantu amafuta ng’obuweereza obw’enjawulo n’emirimu egy’enjawulo. Abamu baweebwa amafuta g’okubuulira, abalala basomesa. Abamu basumba ate abalala bannabbi. Waliwo ebika by’amafuta eby’enjawulo Katonda byawa abakkiriza.

Yesu yalina amafuta ag’enjawulo okuva eri Katonda okufiiririra ebibi by’abantu. Erinnya “Kristo” litegeeza “oyo eyafukibwako amafuta.” Erinnya Yesu litegeeza “Omulokozi.” Erinnya “Yesu Kristo” bwe likozesebwa lyonna, kitegeeza eyafukibwako amafuta ga Katonda okuba omulokozi w’ensi. Nga tannafa, omukazi yamufukako amafuta ag’omuwendo ennyo. Yesu n’agamba:

**Anfuseeko amafuta gano okuteekateeka omubiri gwange okuguziika. (Matayo 26:12)**

Yesu yamanya nti yali yafukibwako amafuta ga Katonda okufiiririra ebibi by’abantu. Teri muntu mulala yafuna mafuta ga ngeri eno.

Okuyita mu byawandiikibwa bya Baibuli byonna, Katonda yawa abantu amafuta g’okukola obuweereza obw’enjawulo (Laba 2 Ebyomumirembe 22:7). Abantu bwe baagezaako okuba n’obuweereza nga tebalina mafuta ga Katonda okubukola, ebizibu byabajjira. Soma ku mboozi ya Miriamu ne Alooni mu Okubala 12 ng’ekyokulabirako kya kino. Miriamu ne Alooni baalowooza nti baalina amafuta ge gamu n’aga Musa okukulembera abaana ba Isirayiri nga ye. Byali byanjawulo nnyo. Ekyokulabirako ekirala kyali mu kitabo kya Okubala 16 mu mboozi ya Koola eyagezaako okwagala amafuta ng’aga Musa.

Obutakkaanya obusinga obungi mu mubiri gwa Kristo bujja olw’abantu okugezaako okuyingirira obuweereza bwe batafukiddwako mafuta. Omuntu omu afukibwako amafuta ga Katonda mu ngeri ey’enjawulo mu kiseera kitono buli omu n’atandika okugeegeenya obuweereza bwe. Naye abageegeenya tebaba na bibala ebyamaanyi ng’ebibye. Beebuza obuzibu we buba. Bakola ebintu ng’omuntu omulala yenna, naye nga tebaba na bibala. Ekyokuddamu kiba ku maanyi agali mu mafuta. Amafuta ga Katonda gaba ku muntu omu olw’omulimu ogumu naye si omulala olwa kino, omu awangula omulala n’alemererwa.

Ekimu ku bibi eby’omubiri ebiragibwa mu Abaggalatiya 5:20, kiyitibwa “okwegomba.” Okwegomba y’engeri y’okukwatibwa obuggya n’ogeegeenya omulala kyakola. Katonda tasobola kuwa mukisa bino ebyokwegomba. Katonda anoonya abo abanaava mu kibi ekyokwegomba ne badda eri okubikkulirwa okuva mu maanyi agali mu mafuta.

## ENGERI Y’OKUFUNAMU AMAFUTA

Ofuna otya amafuta ag’amaanyi?

**MANYA ENSIBUKO:**

Nga bwe wayize mu ssomo lino, ensibuko y’amaanyi ag’omwoyo ye Katonda. Tosobola kwesiga buyigirize bwo, mbeera zo oba bw’oli. Tofuna mafuta kuva wa muntu mulala yenna.

Tewali ky’oyinza kukola kufuna mafuta ago. Tosobola kugakolerera nga ggwe. Katonda y’ensibuko y’amaanyi ag’omwoyo. Okufuna amafuta bwegatyo, oteekwa kusooka kumanya wa gye gasibuka okukulukuta.

**FUNA OKUZAALIBWA OBUGGYA:**

Olw'okuba nti gano maanyi ga mwoyo agava mu nsulo ya Katonda, oteekwa okuba nga ozaaliddwa buggya mu mwoyo okugafuna. Ensonga ya kino eri:

> **Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo. (1 Abakolinso 2:14)**

Amafuta gano ag'amaanyi gakulukuta okuva mu mwoyo wa Katonda. Omuntu ow'omubiri (omwonoonyi) tasobola kugafuna okuleka nga oli muntu wa mwoyo.

**SOMA EKIGAMBO KYA KATONDA ERA OSABE:**

Olw'okuba Katonda y'ensibuko y'amaanyi, oteekwa okusigala mu nkolagana naye okuyita mu kusaba (mwoyogerera naye) ne mu kigambo kya Katonda (mwayita okwogera naawe). Gy'okoma okubeera mu kigambo kye, nakyo mu ggwe, ge mafuta agajja okuyingira mu bulamu bwo.

**MENYA EKIKOLIGO:**

Wayize mu ssuula eno, nti obumu ku bukulu bw'amafuta kwe kumenya ebikoligo. Saba Katonda amenye buli kikoligo ky'ekibi, ekikyo, n'ebyo ebijja okuva ku balala. Oteekwa okufuna amafuta agamenya ebikoligo mu ggwe nga tonnaba kweyongerayo eri abalala.

**FUNA OMWOYO MUTUKUVU:**

> **Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)**

Olunyiriri luno lulaga engeri amafuta ga Katonda gye gafaanagana n'omulimu gwa Mwoyo Mutukuvu ogw'amaanyi mu bulamu bwo. Okufuna amafuta g'amaanyi, oteekwa okufuna Omwoyo Mutukuvu. Wamaze okukisomako kino mu ssuula eyoomunaana ekwata ku, "Amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu."

**TOTUNUULIRA BY'OTOSOBOLA:**

Abantu bangi bafannyo ku bye batasobola ne bava ku bye basobola mu bo okuyita mu mafuta ag'amaanyi. Kabaka Daudi olumu yagamba:

**Era leero, newaakubadde nga nze kabaka eyafukibwako amafuta, ndimunafu... (2 Samwiri 3:39)**

Daudi mu ye yamanya nti yali munafu, wadde yali Kabaka. Amaanyi ge yafuna gajja olw'amafuta. Gaakyusa obunafu bwe eri obusobozi. Teyatunuulira by'atasobola naye ebyo by'asobola okuyita mu mafuta ag'amaanyi. Y'ensonga lwaki yasobola okugamba:

> **Bwe mbeera naawe nsobola okulumba abalabe bange; nga ndi ne Katonda wange nsobola okuwalampa bbugwe. (Zabuli 18:29)**

Abayigirizwa baali bantu abaalina okutya era nga si bakkiriza mu kusooka. Bonna baalekulira Yesu mu kiseera kye yalina obwetaavu. Omu yamwegaana n'okumwegaana kyokka abantu bano be bamu Yesu be yalekera omulimu gw'okubunyisa enjiri mu nsi. Yesu teyatunuulira bye batasobola. Teyatunuulira butasoma bwabwe oba embeera yaabwe nga bwe yali. Teyatunuulira ebyo bye baayitamu. Yalaba ekyo kye bandifuuse singa baali nga bakkiriza amafuta ag'amaanyi okukyusa obulamu bwabwe. Yalaba ekyo kye balifuuka oluvannyuma lw'okufuna Omwoyo Mutukuvu.

Lekeraawo okwetunuulira nga ggwe, kimanye nti Omwoyo wa Katonda ali mu ggwe, buweereza bwe kyamagero kye, mafuta ge. Musabe amafuta gakulukutire mu ggwe. Tandika okusisinkana abalala abali mu buweereza, era ojja kutandika okuwulira amaanyi ago nga gakulukutira mu ggwe.

Katonda takuwa mafuta ga kutuula nga tolina ky'okola mu kkanisa. Amafuta ag'amaanyi gaweebwa olw'emirimu egitali gimu nga bwe wagisomyeko mu ssuula eyoomukaaga. Gy'okoma okutunuuliza amaanyi go eri ebiruubirirwa bino, gy'okoma okukulukutira mu mafuta ag'amaanyi.

**MANYA AMAFUTA G'OLINA:**

Okumanya amafuta g'obuweereza  bwo, olina okuzuula ebirabo by'omwoyo Katonda by'akuwadde. Laba ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu," kikuluŋŋamye mu kitundu kino.

**EKIFO KY'OYO EYAFUKIBWAKO AMAFUTA**

Okubeera nga wafukibwako amafuta ga Katonda kikuteeka ku mwanjo mu lutalo olw'omwoyo. Baibuli eraga nti abo abaafukibwako amafuta ag'amaanyi ga Katonda bajja kufuna okulwanyisibwa okuva ew'omulabe:

> **Bakabaka ab'ensi bakuŋŋaanye, n'abafuzi ne bateeseza wamu ku Mukama ne ku Kristo we, nga bagamba nti.**
>
> **Ka tukutule enjegere zaabwe, era tweyambulemu ekikoligo kyabwe. (Zabuli 2:2-3)**

Daudi yagamba:

> **Abalabe bo banvuma, Ayi Mukama; ne bajerega oyo gwe wafukako amafuta, nga bamukijjanya buli gy'alaga. (Zabuli 89:51)**

Naye Katonda ayogedde bwati eri abawakanya abaafukibwako amafuta ge:

> **Naye Katonda oyo atuula mu ggulu, abasekerera busekerezi, n'enkwe zaabwe ezitaliimu zimusesa.**
>
> **N'alyoka abanenya ng'ajjudde obusungu, n'abatiisa nnyo ng'aswakidde. (Zabuli 2:4-5)**

Katonda ge maanyi go bw'ofuna okuwakanyizibwa bwe kutyo:

**Mukama y'awa abantu be amaanyi, era kye kiddukiro eky'obulokozi bw'oyo gwe yafukako amafuta. (Zabuli 28:8)**

**Kaakano ntegedde nga Mukama awanguza oyo gwe yafukako amafuta, amwanukula ng'amuwa obuwanguzi n'omukono gwe ogwa ddyo, ng'asinziira mu ggulu lye ettukuvu. (Zabuli 20:6)**

Beera mwegendereza ku byoyogera ku bakkiriza abaafukibwako amafuta. Twala abaafukibwako amafuta nga bakuli waggulu ko ng'obawa ekitiibwa. Katonda amafuta g'amaanyi agawa ekitiibwa. Alabula:

**...Temukwatanga ku abo be nnafukako amafuta, so bannabbi bange temubakolanga akabi. (1 Ebyomumirembe 16:22)**

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Obukulu bw'amafuta amatukuvu mu ndagaano enkadde bwe buli wa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leeta ku byokulabirako ku ngeri amafuta amatukuvu gye gaakozesebwangamu mu ndagaano enkadde.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Amakulu g'erinnya "Kristo" ge galiwa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Funza bye wayize ku bukulu bw'amafuta ag'amaanyi.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Lwaki kikulu okuzuula amafuta g'olina mu buweereza?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Osobola otya okufuna amafuta ag'amaanyi?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Ani nsibuko y'amafuta ag'omwoyo?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Weeyongere okusoma ku bukulu bw'amafuta ag'omwoyo mu ndagaano enkadde:
- Amafuta ga bakabona: Ebyabaleevi 8:12, 30, Okuva 28:41, 29:7, 30:30
- Amafuta ga weema n'ebigirimu: Okuva 30:22-29, 40:9-11
- Amafuta ga bakabaka: waliyo ebiragibwa bingi mu kino. Okugeza laba 1 Samwiri 9:16, 10:1, 16:1, 12, 13, 2 Samwiri 2:7, 1 Basekabaka 1:33-34
- Amafuta ga bannabbi: 1 Bassekabaka 19:16, 1 Ebyomumirembe 16:22
2. Sitaani naye lumu yaweebwa amafuta ga Katonda, kisomeko mu Ezeekyeri 28:14
3. Ekyokuba nti wafukibwako amafuta ga Katonda tekitegeeza nti tolina kugololwa olw'ekibi , laba Zabuli 89:38
4. Katonda atunuulira abo baafuseeko amafuta era abafaako nnyo (Zabuli 84:9). Abalaga ekisa kye (Zabuli 18:50)
5. Kabaka Daudi yalaga omugaso gw'obutakoma ku abo Katonda b'afuseeko amafuta. Laba 1 Samwiri 24 ne 26 ne mu 2 Samwiri 1:16, 21
6. Essuula eno eraze obukulu bw'amafuta nga ge gawa abakkiriza amaanyi okuweereza. Weekenneenye obuweereza bwo obugeraageranye n'ebigendererwa bino: Bimeka ebyeyolese mu buweereza bwo?
- Obuulira enjiri?
- Oweereza eri abaavu?
- Owonya abalwadde?
- Owonya abamenyese emitima?
- Obuulira okusumululwa kw'abo abaali mu busibe obw'omwoyo?
- Obikkula amaaso g'abatalabira mu mwoyo?
- Osumulula abataaguddwa, abalina ebiwundu by'omulabe?
- Obuulira omwaka gwa Mukama ogukkirizibwa (Laba 2 Abakolinso 6:2. Kino kitegeeza obubaka bw'obulokozi)
- Weeyongera n'okukola obulungi?
- Owonya bonna abanyigirizibwa omubi?

# ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOKUTAANO: AMAANYI, OKUKKIRIZA N'EBIKOLWA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo
- Okunnyonnyola okukkiriza.
- Okuzuula emitendera gy'okukkiriza.
- Okuzuula ebika by'okukkiriza.
- Okunnyonnyola engeri okukkiriza gye kuyinza okweyongera.
- Okufunza oluganda oluli wakati w'amaanyi, okukkiriza n'ebikolwa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Suteefano, ng'ajjudde ekisa kya Katonda n'amaanyi, n'akolanga ebyamagero bingi n'obubonero mu bantu. (Ebikolwa 6:8)**

**ENNYANJULA**

Mu Matayo 17, abayigirizwa baagezaako okugoba emizimu mu mwana, naye ne balemererwa. Bwe baamuleeta eri Yesu, yasobola okuwonya.

Abayigirizwa ne babuuza Yesu, "Lwaki tetusobodde kugigoba?" Yesu n'abaddamu:

> **...Olw'okukkiriza kwammwe okutono. Kubanga ddala ddala mbagamba nti, bwe muba n'okukkiriza okufaanana ng'akaweke ka kaladaali, mwandiyinzizza okugamba olusozi luno nti, 'Vvaawo wano,' era ne luvaawo era tewandibaddewo kye mulemwa. (Matayo 17:20)**

Mu mbeera eno Yesu yagabana ennono y'amaanyi g'omwoyo enkulu. Amaanyi galina okukolera mu kukkiriza olwo nno osobola okukola emirimu gya Katonda. Okukkiriza y'engeri omuntu gy'addamu eri amaanyi ga Katonda:

> **...Buli kimu kisoboka eri oyo akkiriza. (Makko 9:23)**

Essuula eno ekwata ku nkolagana eri wakati w'amaanyi, okukkiriza n'ebikolwa.

**OKUNNYONNYOLA**

Okukkiriza kitegeeza okuba n'obukakafu mu kintu. Okukkiriza kitegeeza okuba ne kye weesiga. Ebigambo "okukkiriza n'okwesiga" byonna bitegeeza ekintu ky'ekimu mu byawandiikibwa.

Baibuli ennyonnyola okukkiriza nga:

> **Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika. (Abaebbulaniya 11:1)**

Ne Baibuli eyavvuunulwa eyitibwa, “Amplified” eyongera okunnyonnyola:

> **Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika. (Abaebbulaniya 11:1)**

Okukkiriza kuwa obukakafu nti ebintu ebyasuubizibwa bya ddala era n’ebitalabika ng’ebirabika.

Okukkiriza si kwe kumu ne “Endowooza ku kintu” ebyagunjibwawo bannaddiini. “Endowooza ku kintu” eyigiriza nti omuntu awangula ebizibu byonna eby’ensi eno (ensi n’ebyayo) mu kukozesa endowooza, ebirowoozo oba okwagala. Enjigiriza zino ziba zaabantu zifaayo ku muntu so si ku Katonda. “Endowooza ku kintu” eno tesinziira ku kigambo kya Katonda. Okukkiriza kutunuulira ku Katonda, so si muntu. Okukkiriza tekuleetebwa lwa maanyi ga muntu olw’endowooza ye.

Okukkiriza Baibuli kweyogerako si kwa bulijjo okw’okwesigisa ebintu by’ensi by’oyigidde mu by’oyitamu. Okugeza okukkiriza nti entebe gy’otuddeko ejja kukuwanirira.

**EBIKA BY’OKUKKIRIZA MU BAIBULI**

Waliyo ebika by’okukkiriza eby’enjawulo ebinnyonnyolwa mu byawandiikibwa:

**OKUKKIRIZA OKULOKOLA:**

> **Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw’okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo. (Abaruumi 5:1)**

Okukkiriza okulokola kubaamu okwenenya ebibi. Oteekwa okuwulira, okukkiriza ate n’okkiriza obubaka bw’enjiri nga ggwe. Okukkiriza okulokola kwetaagisa omuntu okwewaayo eri Katonda.

Okukkiriza kirabo ekiva ewa Katonda eri abantu be okubayamba okulokoka:

> **Mwalokolebwa lwa kisa olw’okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda. (Abaefeeso 2:8)**

Tosobola kulokoka awatali kukkiriza:

> **Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga. (Makko 16:16)**

> **Naye awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda. Buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nti Katonda waali era n’abo abamunoonya n’obwesigwa abawa empeera. (Abaebbulaniya 11:6)**

**OKUKKIRIZA OKUTUKUZA:**

**Kyokka ndi mulamu, si ku bwange, wabula ku bwa Kristo abeera mu nze; era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda, eyanjagala ne yeewaayo yekka ku lwange. (Abaggalatiya 2:20)**

Okukkiriza okutukuza kukuyamba okubeera mu bulamu obutukuvu ng'omaze okulokoka. Oteekwa okufuna okukkiriza okulokola olyoke ofune okukkiriza okutukuza.

**EKIRABO KY'OKUKKIRIZA:**

Waliyo ekirabo ky'omwoyo eky'okukkiriza ekiweebwa Omwoyo Omutukuvu:

**Omu Omwoyo amuwa...Okukkiriza. (1 Abakolinso 12:8-9)**

Omuntu alina ekirabo ky'omwoyo eky'okukkiriza oba n'obusobozi bw'okukkiriza mu Katonda. Amanya nti Katonda agenda kukola ebitasoboka. Ateeka mu nkola okukkiriza kuno abalala abali okumpi ne bwe baba nga tebakkiriza.

**EKIBALA EKY'OKUKKIRIZA:**

Okukkiriza si ky'ekintu kye weekolera. Kibala kya mwoyo ekikulira mu bulamu bwo olwa Mwoyo Mutukuvu:

**Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino:... Okukkiriza. (Abaggalatiya 5:22)**

Okukkiriza ng'ekibala mbala. Ndowooza ya kukkiriza mu Katonda. Kikulira munda mu bulamu bwo ne kikuleetera okukula mu mwoyo.

Si bonna nti balina ekirabo ky'omwoyo eky'okukkiriza, ekibala kirina okweyolekera mu bulamu bwa buli mukkiriza. Kyetaago ekiyamba omuntu okufuna amaanyi ag'omwoyo.

**EMITENDERA GY'OKUKKIRIZA**

Baibuli eraga nti waliyo emitendera gy'okukkiriza egy'enjawulo. Yesu yayogera ku bantu abatakozesa kukkiriza ng'a batakkiriza (Matayo 17:17). Yayogera ku abo abaalina okukkiriza okutono (Matayo 6:30), 8:26, 14:31, Lukka 12:28) n'abo abalina okukkiriza okunene (Matayo 8:10, 15:28, Lukka 7:9)

Baibuli esomesa nti buli muntu alina ekigera ky'okukkiriza ekyamuweebwa ng'ekirabo okuva eri Katonda:

**...nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza. (Abaruumi 12:3)**

Naye ngeri gy'oyinza okwongera ku kigera ky'okukkiriza kuno osobole okuba n'amaanyi ga Katonda?

**ENGERI Y'OKWONGEZA OKUKKIRIZA**

Baibuli eyogera ku ngeri y'okwongera okukkiriza:

**Noolwekyo okukkiriza kujja olw'okuwulira ekigambo kya Kristo. (Abaruumi 10:17)**

Oyongera okukkiriza kwo okuyita mu kigambo kya Katonda. Okukkiriza okulokola kujja olw'okuwulira ekigambo kya Katonda. Oteekwa okusooka okuwulira ekigambo kya Katonda okusobola okwenenya ebibi byo n'ofuna Yesu ng'omulokozi wo. Tosobola kufuna maanyi ga mwoyo okuleka ng'ofunye okukkiriza okulokola.

Bw'omala okulokoka, enjigiriza ya Baibuli n'okubuulira byongera ku kukkiriza kwo. Gy'okoma okuwulira ekigambo kya Katonda, n'okukkiriza gye kukoma okweyongera mu ggwe.

Okukkiriza kuno kujja kweyongera okukuumira mu kifaananyi kya Yesu mu ngeri ey'okutukuzibwa. Okutukuzibwa kwe kubeera mu bulamu bw'obutukuvu. Oteekwa okubeera mu butuukirivu okusobola okufuna amaanyi g'omwoyo. Okweyongera okubeera mu kibi ky'omanyi kikulemesa okukolera mu maanyi ga Katondamu bulamu bwo.

Okukkiriza gye kukoma okweyongera, n'okubeera mu bulamu obutukuvu gye kukoma okweyongera mu bulamu bwo n'olwanyisa n'ebyomwoyo ebikulumba okuva ew'omulabe. Abakristaayo abatalina maanyi be bakristaayo abawangulwa.

Okukkiriza okutono kwokka kuba kw'amaanyi nnyo:

> **Yesu n'abaddamu nti, "Olw'okukkiriza kwammwe okutono. Kubanga ddala ddala mbagamba nti, bwe muba n'okukkiriza okufaanana ng'akaweke ka kaladaali, mwandiyinzizza okugamba olusozi luno nti, 'Vvaawo wano,' era ne luvaawo era tewandibaddewo kye mulemwa. (Matayo 17:20)**

**OKUKKIRIZA, EBIKOLWA N'AMAANYI**

Kyangu nnyo okulaba engeri okukkiriza gye kukosaamu entambula y'amaanyi ga Katonda mu bulamu bwo. Awatali kukkiriza, obeera mu kabi k'okuwuliriza obuwulizi ebigambo naye n'otafuna maanyi gaabyo:

> **Kubanga naffe tubuuliddwa Enjiri, nga nabo bwe baagibuulirwa. Kyokka baalema okukkiriza ekigambo kye baawulira, era tebaalina kye baagasibwa. (Abaebbulaniya 4:2)**

Naye era waliwo enkolagana ey'amaanyi wakati w'okukkiriza, ebikolwa n'amaanyi. Okufuna amaanyi, oteekwa okuba n'okukkukiriza. Okwolesa amaanyi oteekwa okuba n'okukkiriza. Okukkiriza n'amaanyi okutuukirira mu kubuulira enjiri, kuteekwa okwolesebwa n'ebikolwa. Yakobo yawandiika:

> **Abooluganda, kibagasa ki okugamba nti mulina okukkiriza kyokka ng'okukkiriza kwammwe temukwoleka mu bikolwa? Mulowooza ng'okukkiriza ng'okwo kugenda kubalokola?...Noolwekyo n'okukkiriza bwe kutyo; bwe kutabaako bikolwa kuba kufu.**
>
> **Naye omuntu ayinza okugamba nti, Ggwe olina okukkiriza nange nnina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa, nange nkulage ebikolwa byange nga bwe bikakasa okukkiriza kwange.**

> **...Ng’omubiri bwe guba omufu omwoyo bwe gutagubeeramu, n’okukkiriza bwe kutyo kuba kufu bwe kuteeyolekera mu bikolwa. (Yakobo 2:14, 17-18, 26)**

Okukkiriza n’ebikolwa bikolaganira wamu nga bwe kiri ku mwoyo n’omubiri.

Siteefano yali ajjudde okukkiriza n’amaanyi ebyamuyamba okukola ebintu eby’amaanyi:

> **Suteefano, ng’ajjudde ekisa kya Katonda n’amaanyi, n’akolanga ebyamagero bingi n’obubonero mu bantu. (Ebikolwa 6:8)**

Ebikolwa by’okukkiriza bikolebwa maanyi:

> **Kyetuva tubasabira bulijjo, Katonda waffe abasaanyize okuyitibwa kwammwe. Abawe amaanyi mutuukirize ebirungi byonna bye mukola, na buli mulimu ogw’okukkiriza mu maanyi. (2 Abassaloniika 1:11)**

Katonda ayagala akole ebikolwa by’okukkiriza n’amaanyi mu ggwe wamu n’okuyitira mu ggwe. Bw’okozesa okukkiriza, kiyunga amaanyi ga Katonda n’ebikolwa byo. “ Ebintu byonna bisoboka,” Yesu bwe yagamba, “Eri oyo yenna akkiriza.”

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Wa ennyinnyonnyola y'okukkiriza eya Baibuli.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Laga emitendera gy'okukkiriza Yesu gye yayogerako.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Leeta ebika by'okukkiriza ebinnyonnyolwa mu ssomo lino.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okukkiriza kuyinza kwongezebwa kutya?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Funza by'oyize mu ssuula eno ku luganda oluli wakati w'amaanyi, okukkiriza n'ebikolwa.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Weeyongere okusoma ku maanyi agali mu kukkiriza mu kitabo ekya Abaebbulaniya 11, eyitibwa "Essuula y'okukkiriza" mu Baibuli. Funza ne ky'oyize ku maanyi g'okukkiriza okuva mu by'okulabirako bino:

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________

2. Ekimu ku by'okulabirako eby'amaanyi eby'okukkiriza mu Baibuli ye Ibulayimu:

- Ibulayimu yatuukirira olw'okukkiriza: Yakobo 2:23
- Okukkiriza kwe kwamuwa okukakasiza ddala ebisuubizo bya Katonda: Abaruumi 4:18-21
- Katonda yasanga omutima gwa Ibulayimu nga mukkiriza: Nekemiya 9:8
- Abakkiriza abagoberera ekyokulabirako kye era be bantu ab'okukkiriza: Abaruumi 4:11-12

Funza ky'oyiga ku Ibulayimu okuva mu nnyiriri zino:

________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________

# ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOMUKAAGA: AMAANYI MU LINNYA LYA YESU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola omugaso gw'amaanya mu biseera bya Baibuli.
- Okuzuula erinnya erisinga amaanyi era erisinga amalala gonna.
- Okuzuula amakulu g'erinnya Yesu.
- Okunnyonnyola engeri Yesu gye yafunamu erinnya lye.
- Okuzuula okulungamya kwa Baibuli ku kukozesa erinnya erya Yesu.

ENNYIRIRI ENKULU:

> **Katonda kyeyava amugulumiza, n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna;**
>
> **Buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi, era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,**
>
> **Era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. (Abafiripi 2:9-11)**

**ENNYANJULA**

Wayize ku maanyi n'obuyinza Katonda bye yawa Yesu Kristo n'engeri Yesu gye yeesigisa amaanyi gano n'obuyinza eri abakkiriza. Emu ku nnono zino ez'omwoyo ez'amaanyi y'enkozesa y'erinnya lye. Essuula eno efaayo nnyo ku maanyi agali mu linnya lya Yesu.

**OMUGASO GW'AMANNYA**

Mu biro ebya baibuli, amannya gaali ga mugaso nnyo ekitaliiwo leero. Mu buwangwa bwa leero obusinga, erinnya likozesebwa ku kutuuma butuumi bantu. Mu biro ebya Baibuli waabangawo omulamwa mu kutuuma amannya g'abantu. Erinnya eryatumibwanga kyasinziira nga ku mbeera eyaliwo ng'omwana azaalibwa (Oluberyeberye 19:22). Ebiseera ebimu erinnya lyayolesanga essuubi oba obunnabbi (Isaaya 8:1-4, Koseya 1:4)

Olw'omugaso gw'amannya mu biro bya Baibuli, Katonda yakyusa amannya ga bantu bangi. Yakyusa erinnya lya Ibulaamu ne lifuuka Ibulayimu okusinziira ku magenda ge:

> **Erinnya lyo tokyayitibwa Ibulaamu, wabula onooyitibwanga Ibulayimu, kubanga nkufudde kitaawe w'amawanga mangi. (Oluberyeberye 17:5)**

Erinnya Ibulayimu nga litegeeza “Taata w’abangi.” Katonda era yakyusa erinnya lya Salaayi ne lifuuka Saala, n’erya Yakobo n’afuuka Isirayiri olw’ensonga z’ezimu. Mu ndagaano empya enkola eno y’emu yeeyongera mu maaso. Simyoni naye ayitibwa “Peetero” ne Saulo afuuka “Paulo.” Amanya gaabwe gaalaganga amagenda gaabwe mu nteekateeka ya Katonda.

Olw’omugaso ogwali mu manya, Katonda yatondera omwana we erinnya ery’enjawulo.

**ERINNYA ERYA YESU**

Erinnya lya Yesu lyaweebwa omwana wa Katonda bwe yajja ku nsi mu ngeri ey’omuntu. Lyamuweebwa olw’okugondera ekyo Malayika kye yagaana Yusuufu, omwami wa Mariamu, maama wa Yesu:

> **Era alizaala Omwana wabulenzi, olimutuuma erinnya Yesu, (amakulu nti, ‘Omulokozi’) kubanga y’alirokola abantu bonna mu bibi byabwe. (Matayo 1:21)**

Erinnya “Yesu” litegeeza “omulokozi.” Yesu naye yalina amannya amalala. Ayitibwa nnyo Yesu Kristo, Mukama Yesu ne Mukama. Era gano ge gamu agagattibwa okukola ekitiibwa ekya “Mukama waffe Yesu Kristo.” Kristo litegeeza “eyafukibwako amafuta.”

Yesu olumu yayitibwa “Emanweri,” eritegeeza “Katonda ali naffe.” Yesu yayitibwa “Omwana w’omuntu” era ayitibwa nnyo “Omwana wa Katonda.” Mu byawandiikibwa by’endagaano empya, Yokaana amuyita “Kigambo” ne “Omwana gw’endiga owa Katonda.”

Waliyo amannya amalala mangi agayitibwa Yesu nga; “Omugaati gw’obulamu, ekitangaala ky’ensi” n’amalala. Olukalala lw’amanya gano lukuweebwa mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, “Enkola z’omwoyo: Ekitabo ky’olutalo lw’omwoyo.” Mu mannya gonna agaweebwa, erinnya Yesu kkulu nnyo mu kulaga n’okutegeera ekifo kye n’obuweereza bwe.

Naye erya Mukama waffe likozesebwa nnyo ku lw’erinnya “Yesu” mu ndagaano empya yonna. Lino erinnya lye twogerako mu ssuula eno ey’amaanyi agali mu linnya. Ly’erinnya lya Yesu, oluusi ligattibwako amannya amalala agakozesebwa okwolesa amaanyi ga Katonda mu bakkiriza mu kitabo ekya Ebikolwa.

**ENGERI AMANNYA GYE GAFUNIBWAMU**

Waliyo engeri ssatu abasajja ab’amaanyi gye baafunangamu amannya gaabwe.

**MU KUZAALIBWA:**

Abantu abamu baazaalibwa n’erinnya ery’amaanyi. Bazaalibwa ng’abalangira, abambejja oba omwana w’omukungu mu kika. Bayinza okuzaalibwa mu maka agalina erinnya erimanyiddwa olw’obugagga obw’amaanyi oba omukulembeze ow’amaanyi. Ne basikira erinnya ery’amaanyi okuva mu bazadde baabwe.

**OLWA BYE BAKOZE:**

Abantu abamu bakola amannya ag'amaanyi olw'ebyo bye bakoze. Bafuuka abawandiisi ab'amaanyi, abatandisi, bannabyabufuzi n'abakulembeze.

**AMAPAATIIKE:**

Abantu abalala bafuna erinnya ery'amaanyi kubanga lipapaatiikibwako. Baweebwa erinnya ery'amaanyi omuntu omulala. Okugeza, omukazi omwavu asobola okufuna erinnya ly'omusajja munnabyabufuzi omugagga bw'afumbirwa. Kabaka oba omukulu w'ekika asobola okuwa erinnya eryamakulu eri omuntu omu mu bwakabaka bwe oba mu kika.

**ENGERI YESU GYE YAFUNAMU ERINNYA LYE**

Yesu yafuna erinnya lye mu ngeri zonna essatu abantu ab'amaanyi gye bafunamu amannya wano ku nsi

**MU KUZAALIBWA:**

Yesu yafuna erinnya lye mu kuzaalibwa lye mu kuzaalibwa, olw'obusika eri Kitaawe:

> **Edda, Katonda yayogeranga ne bajjajjaffe mu ngeri nnyingi ez'enjawulo ng'ayita mu bannabbi;**
>
> **Naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogera naffe ng'ayita mu Mwana, gwe yalonda okuba omusika wa byonna, era mu oyo mwe yatondera ensi n'ebintu byonna ebirimu.**
>
> **Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era abeezaawo buli kintu olw'ekigambo kye eky'amaanyi. Bwe yamala okukola ekikolwa eky'okututukuza okuva mu bibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda mu Bwakabaka obw'omu ggulu. Bw'atyo n'asinga bamalayika, nga kyeragira ku linnya lye okuba ery'ekitiibwa okusinga amannya gaabwe. (Abaebbulaniya 1:1-4)**

Yesu yasikira erinnya erisinga amalala ku nsi. Erinnya lye lisinga amannya ga bakabaka, abakulembeze b'eggwanga, oba omukulu wekika. Lisinga erinnya lyonna erya Malayika mu ggulu.

**OLWA BYE YAKOLA:**

Yesu era yafuna erinnya lye okuyitira mu bye yakola kubanga yawangula amaanyi g'omulabe gonna:

> **N'aggya ebyokulwanyisa ebyo ku bafuzi n'ab'obuyinza ab'omu bbanga, n'abaswaza mu lwatu, n'abawangulira ddala. (Abakolosaayi 2:15)**

**OLW'OKUPAATIIKA:**

Yesu yafuna erinnya lye nga balimupaatiikako:

> **Katonda kyeyava amugulumiza,n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna;**

**Buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi, era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,**

**Era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. (Abafiripi 2:9-11)**

**ERINNYA ERISINGA**

Erinnya lya Yesu ly'erisinga amannya gonna ku nsi. Lisinga amannya gonna amalala:

**Katonda kyeyava amugulumiza, n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna. (Abafiripi 2:9)**

**Waggulu eyo, Kristo gy'afugira obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna, n'amaanyi gonna, n'obwami bwonna, na buli kitiibwa kyonna ekiweebwa omuntu. Afugira mu mulembe guno, era alifugira ne mu mulembe ogugenda okujja. (Abaefeeso 1:21)**

**AMAANYI MU LINNYA**

Yesu yalekera abagoberezi be omulimu gw'amaanyi ogw'okubuulira ensi yonna enjiri. Era yabalekera amaanyi ag'enjawulo okusobola okugutuukiriza. Yabawa obuyinza okukozesa erinnya lye:

**Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.**

**Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**

**Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:18-20)**

Omuntu bwe yawa erinnya lye omuntu omulala, kyategeezanga nti bombi bafuuse omu. Eky'okulabirako ky'ekya Katonda bwe yawa Isirayiri erinnya lye:

**Mukama agenda kukufuula eggwanga lye ettukuvu nga bwe yakusuubiza n'ekirayiro, bw'onookwatanga amateeka ga Mukama Katonda wo n'otambuliranga mu makubo ge.**

**Kale nno abantu ab'omu mawanga gonna ag'ensi balitegeera nga bw'oyitibwa erinnya lya Mukama era banaakutyanga. (Ekyamateeka 28:9-10)**

Okutumibwa oba okwogerera mu linnya ly'omuntu kuba kubeera na buyinza bwe:

**Noolwekyo bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda ku basajja b'e Anasosi abanoonya obulamu bwo nga bagamba nti, "Totubuulira bunnabbi mu linnya lya Mukama, tuleme okukutta."**

**Noolwekyo bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda ow'Eggye nti, Laba, nzija kutta abavubuka n'ekitala; ne batabani baabwe n'abawala bafe enjala. (Yeremiya 11:21-22)**

Abantu abakyamu baanonya Yeremiya okumutta kubanga yalagulira mu linnya lya Mukama era baamanya obunnabbi bwe bw'alina obuyinza bwa Katonda.

Ekimu ku bisumuluzo ebikulu eby'amaanyi g'omwoyo ly'erinnya erya Yesu. Tutera okulemererwa mu buweereza kubanga twesigama nnyo ku maanyi gaffe okutaasa abalala. Si linnya lyaffe, ekifo oba obuyinza nga by'ebibaamu amannya agawonya. Amaanyi gaffe gali mu linnya lya Yesu. Okwogera obwogezi ku linnya ng'oliddiŋŋana tekyawukana nnyo ku bulombolombo. Kifuuka kuddiŋŋana buddiŋŋanyi linnya ly'erimu okwefaanaanyiriza ekyo Abafalisaayo kye baakola n'abawandiisi mu Baibuli. Erinnya lya Yesu si kigambo kya bufuusa, oteekwa okuba n'okukkiriza mu linnya. Abayigiriza kino baakissaako essira nga bamaze okusisinkana okuwonyezebwa okw'amaanyi okwaliwo mu Ebikolwa 3. Peetero yagamba:

> **Olw'okukkiriza mu linnya lye, omusajja ono, mwenna gwe mulaba era gwe mumanyi aweereddwa amaanyi mu linnya lye, era okukkiriza mu ye kwe kuwadde omusajja ono obulamu obutuukiridde nga mwenna bwe mulaba. (Ebikolwa 3:16)**

Twemanyiziza erinnya lya Yesu ng'akalombolombo, naye okukkiriza kwaffe mu linnya kubadde kunafu. Kino kiyinza kutereezebwa kitya? Tusobola tutya okubeera mu kuddingana obuddinganyi erinnya lya Yesu mu kukkiriza erinnya erivaamu amaanyi? Baibuli egamba:

> **Noolwekyo okukkiriza kujja olw'okuwulira ekigambo kya Kristo. (Abaruumi 10:17)**

Okukkiriza kwo mu linnya erya Yesu kuyinza okweyongera okuyitira mu kubuulira ekyo ekigambo kya Katonda kye kigamba ku linnya. Okuyitira mu kigambo osobola okutegeera obuyinza obuli emabega w'erinnya n'ebyo Baibuli by'erungamya kunkozesa y'erinnya.

## MU LINNYA ERYA YESU

Erinnya lya Yesu likozesebwa:

### OLW'OKULOKOLEBWA:

Amannya agasinga agali mu linnya lya Yesu ge g'okulokolebwa mu kibi. Omwo obulokozi mwe bujjira:

> **Era alizaala Omwana wabulenzi, olimutuuma erinnya Yesu, (amakulu nti, 'Omulokozi') kubanga y'alirokola abantu bonna mu bibi byabwe. (Matayo 1:21)**
>
> **Tewali mu mulala yenna bulokozi, era tewali linnya ddala na limu mu mannya gonna agaaweebwa abantu, wansi w'eggulu, mwetugwanira okulokolebwa. (Ebikolwa 4:12)**
>
> **Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga kubanga takkiririza mu linnya ly'Omwana oyo omu yekka owa Katonda. (Yokaana 3:18)**

Tosobola kusonyiyibwa bibi byo mu ngeri ndala yonna okuggyako ng'oyise mu linnya lya Yesu. Tosobola kutuuka eri Katonda okuleka ng'oyise mu Yesu:

> **Yesu n'addamu nti, "Nze kkubo, n'amazima n'obulamu. Tewali n'omu ajja eri Kitange wabula ng'ayita mu Nze. (Yokaana 14:6)**

Nga enjiri ebuulirwa, kikulu nnyo okukkaatiriza nti obulokozi bujja okuyitira mu linnya lya Yesu mwokka. Okwatula erinnya lya Yesu kigasa nnyo olw'okulokolebwa:

> **Bw'oyatula n'akamwa ko nti, Yesu ye Mukama, n'okkiriza n'omutima gwo nga Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka.**
>
> **Kubanga omuntu akkiriza na mutima gwe n'aweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa ke n'alokoka. (Abaruumi 10:9-10)**

Amaanyi g'okufuuka omwana wa Katonda gajja okuyita mu linnya lya Yesu:

> **Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye. (Yokaana 1:12)**

**OKUTUKUZIBWA:**

Si kuba nti olongosebwako ekibi n'otuukirizibwa okuyita mu linnya lya Yesu kyokka, wabula otukuzbwa. Okutukuzibwa kujja olw'amaanyi ga Katonda ageeyongera okukolera mu ggwe oluvannyuma lw'okulokoka okukusobozesa okubeera mu bulamu obutukuvu. Mu 1 Abakolinso 6, Paulo ayogera ku bubi obuli mu kibi, agamba:

> **Era abamu ku mmwe mwali nga bo, naye ebibi byammwe byanaazibwa era mwatukuzibwa era mwaweebwa obutuukirivu mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda waffe. (1 Abakolinso 6:11)**

Gye buvuddeko, Abakolinso nga bakyabeera mu bikolwa ebibi, basobola okutambulira mu bulamu obutuukirivu okuyita mu kutukuzibwa okwajja olw'erinnya lya Yesu.

**MU SSAALA:**

> **Kino mubadde temukikola, naye kaakano mukitandike. Musabe mu linnya lyange, mujja kuweebwa ekyo kye musaba, essanyu lyammwe liryoke lituukirire. (Yokaana 16:24)**

Ekigambo "Hitherto" kitegeeza "waggulu okutuusa leero." Waggulu okutuuka ku biro ebya Yesu we yayogerera ebigambo bino, abagoberezi be baali tebalina kye baali bamusabye mu linnya lye. Mu kiseera kino yatandikawo enkolagana empya nabo, yabagamba okusaba Katonda ebintu byonna mu linnya lye:

> **Mu kiseera ekyo nga temukyansaba kintu na kimu, mmwe bennyini munaasabanga Kitange mu linnya lyange. (Yokaana 16:23)**

Ng'ekisuubizo ky'amaanyi! Buli kyetusaba mu linnya lye, tujja kukifuna. Naye ekisuubizo kino kirina okukolebwa wamu n'ennono z'essaala ezisomesebwa mu Baibuli. Tetulirekayo lunyiriri yadde olumu ku nsonga emu esomesebwa mu kigambo kya Katonda. Baibuli esomesa nti tolisaba byakweyagaliza:

> **Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka. (Yakobo 4:3)**

Oteekwa okubeera ng'oli mutuukirivu wali Katonda, bwoyonoona olina okwatula era osabe ekisonyiwo:

> **Noolwekyo mwatulireganenga ebibi byammwe, era buli omu asabirenga munne, mulyoke muwonyezebwe. Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungi, era n'ebivaamu biba bya ttendo. (Yakobo 5:16)**

Tosobola kweyongera kubeera mu kibi n'olowooza nti olw'okuba osabira mu linnya lya Yesu nti ojja kuweebwa by'osaba:

> **Naye bwe munywerera mu Nze ne munyweza ebigambo byange, buli kye munaasabanga kinaabakolerwanga. (Yokaana 15:7)**

Kino kitegeeza nti bw'obeera mu Kristo, osobola okusaba ne kikuweebwa. Bw'oba ng'otambulira mu kugondera ekigambo kya Katonda, awo musobola okusabira mu linnya lya Yesu.

Okusabira mu linnya lya Yesu nakyo kitambulira mu kwagala kwa Katonda. Yesu yasaba:

> **Kitange, obanga kwe kusiima kwo ekikompe kino kinzigyeko. Naye si nga Nze bwe njagala, wabula ky'oyagala kye kiba kikolebwa. (Lukka 22:42)**

Mu bunafu bw'omubiri gw'omuntu, Yesu teyayagala kubonaabona, yayagala ekikompe ky'okubonaabona kimuggibweko, naye nawaayo okwagala kwe eri Katonda ky'ayagala.

Mu nsonga ezimu ezirambikiddwa obulungi mu byawandiikibwa, tumanyi okwagala kwa Katonda n'engeri y'okusabamu. Mu nsonga endala, tusobola okwolesa okwagala kwaffe nga Yesu bwe yakola, olwo tuweeyo okwagala kwaffe kugondere okukwe, byonna mu linnya erya Yesu.

Okusaba okukolebwa mu linnya lya Yesu kuba wansi wa okwagala kwa Katonda. Tusaba okusinziira ku ndowooz ey'obuntu ne tutafaayo kutegeera kiruubirirwa kya Katonda ekikulu ennyo:

> **Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammwe era n'amakubo gammwe si ge makubo gange," bw'ayogera Mukama.**
>
> **Ng'eggulu bwe liri waggulu okukira n'ensi, bwe gatyo amakubo gange bwe gali ewala ennyo n'amakubo gammwe, n'ebirowoozo byange bwe biri eri ebirowoozo byammwe. (Isaaya 55:8-9)**

Tojja kumanyanga kwagala kwa Katonda na ngeri ntuufu ey'okusaba. Bw'oba nga teweekakasa kwagala kwa Katonda, kaseera kalungi nnyo ako osabireko mu lulimi olwa Mwoyo Mutukuvu kubanga yeegayirira ku lwaffe okusinziira ku kwagala kwa Katonda:

> **N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka.**

**Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:26-27)**

Abamu tebajja kukkiriziganya na njigiriza ya Baibuli eno. Bajja kugamba nti osobola okusaba ekintu kyonna mu linnya lya Yesu era kirikolebwa. Bw'omala gasaba n'otawaayo kusaba kwo mu kwagala kwa Katonda. Asobola okuddamu okusaba kwo, naye kuyinza obutaba nga bw'oyagalira ddala. Kino yakikolera eggwanga lya Isirayiri:

**Bw'atyo n'abawa kye baasaba, kyokka n'abaleetera n'olumbe olw'amaanyi. (Zabuli 106:15)**

Era oteekwa okukimanya nti bw'osaba ekintu ku lw'abalala okwagala kwabwe kuyingira mu mbeera. Teri muntu asabira mu linnya lya Yesu, asobola okusindika ekintu kyonna mu ssaala eri omulala nga oyo takyagala. Katonda taggyawo kwagala kwa muntu. Obutakkiriza n'okwagala kw'omuntu omulala biyinza okukosa essaala yo.

Mu Yokaana 17, Yesu asaba essaala ey'amaanyi ku lw'abantu ba Katonda be yamuwa nga abayigirizwa. Abasajja bano bonna baafuna okutendekebwa kwe kumu. Baalaba ebyamagero by'ebimu, baafuna ekigambo kya Katonda ky'ekimu, naye era omu yamala n'abula. Yuda yalina okwagala okukwe ng'oggyeeko bye yawulira ne bye yalaba, yagaana ekigambo kya Katonda olw'obutakkiriza.

Yesu yayogera ku maanyi g'okukkiriziganya n'abalala mu kusabira mu linnya lye:

**Era ddala ddala mbagamba nti bwe munaabanga babiri mu nsi ne mukkiriziganya ku ekyo kye mwagala okusaba, Kitange ali mu ggulu alikibakolera.**

**Kubanga abantu ababiri oba abasatu bwe banaakuŋŋaananga mu linnya lyange, nange nnaabeeranga awo wakati waabwe. (Matayo 18:19-20)**

Ng'ekitundu ky'essaala, okwebaza kukolebwenga mu linnya erya Yesu:

**Bulijjo mwebazenga Katonda Kitaffe olwa byonna, mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. (Abaefeeso 5:20)**

Olina okwebaliza mu linnya erya Yesu:

**Kale mu Yesu tuweerayo bulijjo ssaddaaka ey'okutendereza Katonda, kye kirabo eky'emimwa, nga twatula erinnya lye. (Abaebbulaniya 13:15)**

Ojja kwongera okusoma ku maanyi agali mu ssaala mu ssuula eddako:

**MU BITUNDU BY'OBUWEEREZA BYONNA:**

Erinnya lya Yesu lirina okukozesebwa mu buweereza bwonna:

**Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.**

**Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**

**Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:18-20)**

**Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**

**Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

Okusinziira ku nnyiriri zino, obuweereza buno bulina okukolebwa mu linnya lya Yesu.

Obubonero n'ebyewuunyisa:

Obubonero n'ebyewuunyisa byonna birina okukolebwa mu linnya erya Yesu. Abayigirizwa basaba:

**Ne kaakano, Ayi Mukama, wulira okutiisatiisa kwabwe; owe abaddu bo obuvumu babuulire ekigambo kyo.**

**Golola omukono gwo owonye, n'obubonero n'ebyamagero bikolebwenga mu linnya ly'Omuweereza wo Omutukuvu Yesu. (Ebikolwa 4:29-30)**

Okubuulira n'okusomesa:

Yesu yagamba nti amaanyi gonna gaamuweebwa olw'omulimu gw'okubuulira n'okuyigiriza enjiri mu linnya lye:

**Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**

**Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)**

**N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.**

**Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. Lukka 24:46-47)**

Olw'okuba baamanya amaanyi agali mu linnya lya Yesu, abalabe b'enjiri baalabula abayigirizwa nti:

**Naye engeri gye tunaaziyizaamu ebigambo byabwe okwongera okusaasaana kwe kubalabula n'amaanyi baleme kuddayo kwogera na muntu yenna ku linnya lya Yesu."**

> **Ne babayita bakomewo mu Lukiiko, ne babalagira baleme kuddayo nate kwogera ku linnya lya Yesu. (Ebikolwa 4:17-18)**

Naye Paulo yaddamu:

> **Tetuyinza butayogera ku bintu bye twalaba, n'ebigambo bye twawulira. (Ebikolwa 4:20)**

Abayigirizwa baajulira amaanyi ga Katonda. Ebintu bye baali balabye ne bye baawulira mu linnya lya Yesu byali by'amaanyi okubayamba okutuukiriza obuweereza bwabwe.

Temulina kusomesa mu linnya lya Yesu mwokka, era mulina okusomesa ne mu linnya eddala:

> **Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo abasajja n'abakazi ne babatizibwa. (Ebikolwa 8:12)**

Abakkiriza abapya balina okubatizibwa mu mazzi mu linnya erya kitaffe n'omwana Yesu n'omwoyo omutukuvu:

> **Bwe baawulira ebyo, ne babatizibwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu. (Ebikolwa 19:5)**

Okusinziira ku linnya eryo, abakkiriza baafuna Omwoyo Omutukuvu:

> **Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 2:38)**

**OKUGOBA EMIZIMU:**

Emizimu oba ddayimooni ziba malayika za Sitaani. Zasooka kuba malayika za Katonda naye ne zeegatta ku Sitaani mu kulwanyisa Katonda. Kati ziri kitundu ku ggye lya Sitaani erikolera wano ku nsi mu ngeri enkyamu.

Ddayimooni zisobola okuyingira mu batali bakkiriza era ne zibabeeramu. Amaanyi ga ddayimooni gayinza okunyigiriza abakkiriza, naye teziyinza kubabeeramu. Amaanyi ga Sitaani gano galina okuba nga gamenyebwa mu linnya erya Yesu:

> **Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya. (Makko 16:17)**

Paulo bwe yasisinkana omukazi eyalina ddayimooni, yagamba mwoyo:

> **...Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo, muveeko!" Era amangwago dayimooni n'ava ku muwala. (Ebikolwa 16:18)**

Okusomesa okulambulukufu ku ddayimooni n'engeri y'okusumulula abazirina n'amaanyi gaazo kuweebwa mu lusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Enkola z'omwoyo: Ekitabo ky'olutalo lw'omwoyo."

**OKUWEEREREZA MU MWOYO OMUTUKUVU:**

Omwoyo Omutukuvu yaweebwa mu linnya lya Yesu:

> **Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alijja alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:26)**

Okwongerera mu nnimi endala okuyita mu Mwoyo Mutukuvu nakyo kikozesebwa ng'ekyokulabirako ky'obuweereza bwe obw'enjawulo:

> **Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya. (Makko 16:17)**

Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu ebyamaanyi byonna bikolera mu linnya erya Yesu. Ekirabo ky'ennimi kimu ku birabo ebingi eby'omwoyo. Kikozesebwa okukiikirira obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu kubanga kyasooka kulabibwako nga baweereddwa Mwoyo Mutukuvu.

**OKUWONYEZEBWA:**

Erinnya lya Yesu likozesebwa mu buweeresza bw'okuwonya abalwadde:

> **Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**
>
> **Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**
>
> **Waliwo omulwadde mu mmwe? Kirungi atumye abakulembeze b'Ekkanisa, bamusabire, era bamusiige amafuta, nga bwe basaba Mukama amuwonye. (Yakobo 5:14)**

Yesu bwe yafa ku musaalaba, teyafiiririra bibi byo byokka naye mu kubonaabona kwe n'okufa yakufunira okuwonyezebwa:

> **Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe. Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe. Yeetikka ekibonerezo ffe tusobole okubeera n'emirembe. Ebiwundu bye, bye bituwonya. (Isaaya 53:5)**

Bwe kityo ekigambo ekyayogerebwa mu nnabbi Isaaya ne kituukirira bwe yagamba nti:

> **Yatuwonya endwadde zaffe, era n'atwala obunafu bwaffe. (Matayo 8:17)**
>
> **Yesu Kristo yennyini yeetikka ebibi byaffe mu mubiri gwe bwe yatufiirira ku musaalaba, naffe tulyoke tufe eri ekibi, tube abalamu eri obutuukirivu. Olw'ebiwundu bye, muwonyezebbwa. (1 Peetero 2:24)**

Abayigirizwa bwe baasisinkana omusajja omulema ku wankaaki waYeekaalu, Peetero yagamba:

> **Naye Peetero n'agamba nti, "Effeeza ne zaabu sibirina, naye ka nkuwe ekyo kye nnina. Mu linnya lya Yesu Omunnazaaleesi Golokoka, otambule. (Ebikolwa 3:6)**

Peetero yamanya amaanyi agali mu linnya lya Yesu, yamanya nti waliyo okuwonya mu linnya eryo. Yamanya nti yalina obuyinza okukozesa erinnya, "… Ekyo kye nnina!," amaanyi agali mu linnya eryo gaali gaamuweebwa Yesu.

Ensimbi zeetagibwa olw'omulimu gw'obuweereza, naye obutabaawo bwa nsimbi tebulemesa buweereza bw'amaanyi ga Katonda kutambula. Peetero ne Yokaana tebaalina ffeeza na Zaabu, kyokka ne beeyongerayo okuweereza mu maanyi agali mu linnya lya Yesu.

Abantu bano tebaalina mbalirira ya kubuulira njiri mu kibuga kya Yerusaalemu, naye ekibuga kyonna ky'amanya okwolesa amaanyi ga Katonda. Osobola okukisomako mu Ebikolwa 3 ne 4

Mu buweereza obusinga kati, essira liteereddwa nnyo ku kusonda ssente okusinga ku maanyi g'erinnya lya Yesu. Kimanyiddwa nti ensimbi kikulu mu buweereza naye essira lirina kuteekebwa ku kwolesa amaanyi ga Katonda. Amaanyi okuyita mu linnya lya Yesu tegalemwa lwa kuba na nsimbi oba obutabaawo bwazo.

**OLW'OBUKUUMI:**

> **Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**
>
> **Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

Omutume Paulo yalumbwa omusota ogw'obusagwa naye teyafuna kabi. Osobola okukisomako mu Ebikolwa 28

**MU BULI KINTU:**

Baibuli egamba nti buli ky'okola olina kukikolera mu linnya erya Yesu:

> **Na buli kye munaakolanga mu kigambo oba mu kikolwa, byonna mubikolenga mu linnya lya Mukama waffe Yesu nga muyita mu ye okwebaza Katonda Kitaffe. (Abakolosaayi 3:17)**

Bw'okolera buli kintu mu linnya erya Yesu, n'akantu akatono k'okola kavaako okwolesa amaanyi g'omwoyo. Osobola okulongoosa ekkanisa mu linnya lya Yesu. Osobola okufumbira ab'enju yo emmere mu linnya lya Yesu. Ky'okola si kyamugaso nnyo naye engeri gy'okikolamu, kikolebwa mu linnya erya Yesu?

**OKUBONAABONERA ERINNYA LYA YESU:**

> **Mujjukire kye nabagamba nti, 'Omuddu tasinga mukama we.' Kale obanga Nze banjigganya era nammwe bagenda kubayigganyanga. Era obanga baagondera ebigambo byange n'ebyammwe balibigondera.**
>
> **Ebyo byonna balibibakola ku lw'erinnya lyange, kubanga eyantuma tebamumanyi. (Yokaana 15:20-21)**

Abayigirizwa bwe baabonaabona olw'enjiri:

> **Abatume ne bava mu Lukiiko nga basanyuka kubanga baasaanyizibwa okukwatibwa ensonyi n'okubonaabona olw'Erinnya.**
>
> **Awo ne bayigirizanga mu Yeekaalu buli lunaku ne mu maka g'abantu, nga babuulira Yesu. (Ebikolwa 5:41-42)**

Abayigirizwa baali basajja abaawaayo obulamu bwabwe ku lw'erinnya lya Mukama:

> **Kyetuvudde tuteesa ffenna, era ne tukkiriziganya bumu, okubatumira ababaka baffe bajjire wamu n'abaagalwa baffe, Balunabba ne Pawulo.**
>
> **Abasajja abeewaddeyo okuweereza Mukama waffe Yesu Kristo nga tebabalirira bulamu bwabwe. (Ebikolwa 15:25-26)**

Wadde Yesu yasuubiza obukuumi singa weenyigira mu buweereza, tekyategeeza nti abayigirizwa tebaabonanaabona. Peetero, Paulo ne Siira bwe baali mu kkomera. Abayigirizwa baakubibwa era Paulo yakomayo olw'okubibwa abalabe b'enjiri. Obuweereza bwabwe bwaggwa, abayigirizwa abasinga baafa nga batemulwa olw'enjiri. Era Peetero y'omu eyanunulibwa mu kkomera oluvannyuma yafa olw'enjiri.

Abaebbulaniya 11 atunyumiza emu ku mboozi z'abasajja n'abakazi ab'amaanyi abaanunulibwa olw'okukkiriza. Era alaga n'emboozi y'abo abaafiira mu kukkiriza olw'enjiri ng'obuweereza buwedde. Peetero atugamba:

> **Mulina omukisa bwe muvumibwa olw'erinnya lya Kristo kubanga Omwoyo ow'ekitiibwa owa Katonda ali ku mmwe. (1 Peetero 4:14)**

Ojja kweyongera okuyiga ku maanyi g'okussekimu mu kubonaabona kwe mu ssuula ey'ekkumi n'omusanvu.

**OKUFUGA OLW'ERINNYA:**

Okuyita mu linnya lya Yesu, wafuuka kitundu ku bwakabaka bwa Katonda:

> **Nga mwebaza Kitaffe eyatusaanyiza okugabana ku birungi bye yategekera abantu be abatukuvu ab'obwakabaka obw'ekitangaala.**
>
> **Katonda eyatuwonya n'atuggya mu maanyi g'ekizikiza aga Setaani, n'atutwala mu bwakabaka bw'Omwana we omwagalwa. (Abakolosaayi 1:12-13)**

Ng'ekitundu ky'obwakabaka bwa Yesu, ofuna obusika obw'amaanyi obufugira mu bulamu bwo:

> **Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo? (Abaruumi 5:17)**

Olina okufuga mu bulamu ng'oyita mu linnya erya Yesu. Olina okufugira waggulu wa buli mbeera y'obulamu embi mu linnya erya Yesu, olina okufuga buli maanyi g'omubi mu linnya lya Yesu.

**OKUJULIZA OKUSEMBAYO**

Okujuliza kwa Baibuli okusembayo ku linnya lya Yesu kusangibwa mu kitabo ekya Okubikkulirwa. Kyogera ku lunaku abakkiriza lwe baliba mu kubeerawo kw'omulokozi waabwe mu ggulu n'ensi ebipya:

> **Mu kibuga ekyo tewalibaayo kikolimo nate. Entebe ey'obwakabaka eya Katonda n'ey'Omwana gw'Endiga ziribeera eyo, n'abaddu be balimuweereza.**
>
> **Era banaalabanga amaaso ge, n'erinnya lye liriwandiikibwa mu byenyi byabwe. (Okubikkulirwa 22:3-4)**

- Erinnya eryo lye twayagala…
- Erinnya eryo lye tukozesa mu buyinza obw'obuweereza era mwe tusabidde.
- Erinnya mwe tufugidde mu bulamu…
- ERINNYA LYA YESU… Liribeera kitundu kuffe emirembe gyonna.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola obukulu bw'amannya mu biro ebya Baibuli.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Ani yalagira Yosefu okutuuma Yesu?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
4. Yesu yafuna atya erinnya lye?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Osobola otya okukuza okukkiriza kwo mu linnya erya Yesu n'amaanyi gaalyo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Yesu yafuna atya erinnya lye?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Soma ebitundu bino omale ojjuze ennukuta ezibulawo mu bigambo ebitaweddeeyo:
   a. Erinnya lya Yesu lyetaagibwa olw'oku…………………………………………………………………………………
   b. Bwe tusaba olw'okuwo…………………………………………………………kw'endwadde, kulina kuba mu linnya erya Yesu.
   c. Obulo…………………………………………. Bujjira mu linnya erya Yesu.
   d. Tulina okuso…………………………………n'okubuu………………………………. mu linnya erya Yesu.
   e. Okugoba zi ddayi………………………………………..kulina kukolebwa mu linnya lya Yesu.
   f. Tulina okukki…………………………………………….. mu linnya erya kitaffe, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu.
8. Wandiika kituufu oba kikyamu ku ntandikwa y'amabanga agakuweereddwa mu ssentesi zino.
   a. ……………………..Tulina okwebalizanga buli kintu mu linnya erya Yesu.
   b. …………………….. Omwoyo Omutukuvu yaweebwa mu linnya erya Yesu.
   c. ……………………… Obukuumi mu linnya eya Yesu kitegeeza nti tetujja kubonaabona, ku lulwe.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Olukalala luno lulaga ebijuliza eby'owoyo ku linnya lya Yesu mu ndagaano empya. Weyongere okusoma ku maanyi ag'erinnya lya Yesu ng'okozesa olukalala luno:

Matayo: 1:21, 23, 24, 25, 10:22, 12:18, 21, 18:5, 18:19, 20, 19:29, 28:19

Makko: 9:38-41, 16:17-18

Lukka: 10:17, 24:46-47

Yokaana: 1:12, 2:23, 3:18, 14:13-14, 14:26, 15:16, 15:20-21, 16:23, 24, 26, 20:31

Ebikolwa: 2:21, 2:38, 3:6, 3:16, 4:7, 8:10, 12, 17, 18, 4:29-30, 5:28, 40-42, 8:12, 9:14-16, 9:21, 27, 29, 10:43, 10:48, 15:25-26, 16:18, 19:5

Abaruumi: 1:5, 10:13

1 Abakolinso 1:2, 1:10, 6:11

Abaefeeso: 5:20

Abafiripi: 2:9-11

Abakolosaayi: 3:17

2 Abasessalonnika 1:12

2 Timoseewo 2:19

Abaebbulaniya: 1:4, 6:10, 13:15

Yakobo: 5:14

1 Peetero 4:14

1 Yokaana 2:12, 3:23, 5:13

Okubikkulirwa 19:12, 13, 16, 22:3-4

# ESSUULA EY'EKKUMI N'ENNYA

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOMUSANVU: AMAANYI G'ESSAALA

**EBIGENDERERWA:**

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola engeri okusaba n'okusiiba gye bisumulula amaanyi ga Katonda.
- Okunnyonnyola essaala.
- Okuzuula emitendera gy'essaala egy'enjawulo.
- Okuzuula ebika by'essaala eby'enjawulo.
- Okuzuula ebiziyiza essaala.
- Okunnyonnyola okusiiba.
- Okuzuula ebika ebibiri eby'okusiiba.
- Okunnyonnyola obukulu bw'okusiiba.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **...Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungi, era n'ebivaamu biba bya ttendo. (Yakobo 5:16b)**

**ENNYANJULA**

Nga bwe wayize ku maanyi agali mu linnya lya Yesu nti abakkiriza basobola okusabira mu linnya lye eri Kitaffe. Essuula eno eraga amaanyi agali mu kusabira mu linnya lya Yesu. Era liraga ne ku kusiiba. Okusaba n'okusiiba nnono z'amaanyi nnyo okusumulula amaanyi ga Katonda mu bulamu bw'abakkiriza.

**OKUNNYONNYOLA ESSAALA**

Essaala kwe kusseekimu ne Katonda. Kwangeri zanjawulo, naye kubaawo omuntu bwayogera ne Katonda ate ne Katonda ng'ayogera n'omuntu. Essaala ennyonnyolwa nga:

_______________________

Akantu akamu mu ssomo lino kaliko ebikwata ku kusaba n'okusiiba nga bigiddwa mu kitabo ekya "Enkola Z'omwoyo: Ekitabo ky'olutalo olw'omwoyo." Enkola zino si byakulwanyisa bya mwoyo byokka, nnono ez'amaanyi. N'olwensonga eno ebiwandiiko ebimu bireetebwa nga n'ebipya bwe bireetebwa:

- Okukoowoola erinnya lya Mukama: Oluberyeberye 12:8
- Okukaabirira Katonda: Zabuli 27:7, 34:6
- Okusemberera Katonda: Zabuli 73:28, Abaebbulaniya 10:22
- Okutuunulira Katonda: Zabuli 5:3
- Okuyimusa emmeeme: Zabuli 25:1
- Okuyimusa omutima: Okukungubaga 3:41
- Okuyiwa omutima: Zabuli 62:8

- Okuyiwa emmeeme: 1 Samwiri 1:15
- Okukaabirira eggulu: 2 Ebyomumirembe 32:20
- Okusabanga Mukama: Okuva 32:11
- Okunoonya obwenyi bwa Mukama: Zabuli 27:8
- Okunoonya Katonda: Yobu 8:5
- Okwegayirira: Yobu 8:5, Yeremiya 36:7

## OBULAMU BWA YESU OBW'ESSAALA

Essaala kyali kikozesebwa eky'amaanyi mu bulamu bwa Mukama waffe Yesu

**YESU YAFUULA ESSAALA EKISINGA OBUKULU:**

Yasabanga mu budde bwonna, emisana n'ekiro: Lukka 6:12-13

Essaala yamusingira okulya: Yokaana 4:31-32

Essaala yamusingira emirimu: Yokaana 4:31-32

**ESSAALA YAGOBERERANGA BULI KINTU EKYAKOLEBWANGA EKY'OMUGASO:**

- Ku kubatizibwa kwe: Lukka 3:21-22
- Ng'ali mu buweereza obwasooka: Makko 1:35, Lukka 5:16
- Nga tannalonda bayigirizwa be: Lukka 6:12-13
- Nga tannaba ne bwe yamala okuliisa enkumi ettaano: Matayo 14:19, 23, Makko 6:41, 46, Yokaana 6:11, 14-15
- Ku kuliisa enkumi ennya: Matayo 15:36, Makko 8:6, 7
- Nga Peetero tannayatula: Lukka 9:18
- Okukyusibwa tekunnabaawo: Lukka 9:28-29
- Ku kudda kw'abo ensanvu: Matayo 11:25, Lukka 10:21
- Ku ntaana ya Laazaaro: Yokaana 11:41-42
- Lwe yawa abato omukisa: Matayo 19:13
- Ku kujja kwa Abayonaani: Yokaana 12:27-28
- Nga tannasunguwala: Matayo 26:26-27, Makko 14:22-23, Lukka 22:17-19
- Ku lwa Peetero: Lukka 22:32
- Mu kuwaayo Omwoyo Omutukuvu: Yokaana 14:16
- Mu lugendo lw'e Emmawo: Lukka 24:30-31
- Nga tannaddayo mu ggulu: Lukka 24:50-53
- Ku lw'abagoberezi be: Yokaana 17

## EMITENDERA GY'ESSAALA

Paulo akubiriza abakkiriza okusaba ne "essaala ey'engeri yonna" (Abaefeeso 6:18). Enzivuunula ya Baibuli endala eraga "okusabanga buli kika ky'essaala." Kino kinnyonnyola ebika n'emitendera gy'essaala egy'enjawulo. Waliyo emitendera gy'essaala esatu: Okusaba, okunoonya, n'okukonkona:

**Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo.**

**Kubanga buli asaba aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo. (Matayo 7:7-8)**

Okusaba gwe mutendera gw'essaala ogusooka: kwekuleeta eky'okusabira ewa Katonda n'ofunirawo okuddibwamu okwamangu. Okusobola okufuna, akakwakulizo kali kusaba:

**...Temulina kubanga mulemeddwa okubisaba. (Yakobo 4:2)**

Okunoonya mutendera gw'essaala ogw'amaanyi. Guno gwe mutendera gw'essaala, nga muno eky'okuddibwamu tekijjirawo ng'okifunira ku mutendera gw'okusaba. Abo ekikumi mu amakumi abiri baakunganira mu kisenge ekyawaggulu gye beekumira mu kusaba ng'ekyokulabirako ky'okunoonya abasajja n'abakazi bano baanoonya okutuukirizibwa kw'ekisuubizo ekya Mwoyo Mutukuvu ne beeyongera okunoonya okutuusa bwe baafuna okuddibwamu: Ebikolwa 1-2

Okunoonya mutendera gw'ebuzibako. Ssaala ey'okunyiikira okuddibwamu bwe kutwala ebbanga eddene okujja. Kino kiragibwa mu lugero Yesu lwe yayogera oluli mu Lukka 11:5-10. Okunoonya gwe mutendera ogusinga okubaamu olutalo lw'essaala ey'omwoyo kyalagibwa ku Danyeri bwe yalemerako. Yeeyongera okukonkona wadde nga yali talina kyalaba kikoleddwawo (Danyeri 10)

**EBIKA BY'ESSAALA**

Waliyo ebika by'essaala ebiragibwa mu ssaala y'ekyokulabirako eya Mukama waffe (Matayo 6:9-13)

1. **OKUSINZA N'OKUTENDEREZA:**

Oyingira mu kubeerawo kwa Katonda n'okusinza n'okutendereza:

**Muyingire mu miryango gye nga mwebaza, ne mu mpya ze n'okutendereza; mumwebaze mutendereze erinnya lye. (Zabuli 100:4)**

Okusinza kwe kwewaayo n'okuwa ekitiibwa. Okutendereza kwe kwebaza n'okulaga essanyu ku lw'ebyo byokka Katonda by'akoze n'olwekyo ky'ali. Olina okusinza Katonda mu mwoyo n'amazima:

**Naye ekiseera kijja, era kituuse, abo abasinziza mu mazima bwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo ne mu mazima. Kubanga Kitaffe anoonya abo abamusinza era n'abo abamusinza kibagwanira okumusinzanga mu mwoyo ne mu mazima.**

**Kubanga Katonda Mwoyo n'abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima. (Yokaana 4:23-24)**

Okusinza n'okutendereza biyinza okuba mu:

- Kuyimba: Zabuli 9:2, 11, 40:3, Makko 14:26
- Ettendo eriwulirwa: Zabuli 103:1
- Okusaakaanya: Zabuli 47:1

- Okuyimusa emikono: Zabuli 63:4, 134:2, 1 Timothy 2:8
- Okukuba mu ngalo: Zabuli 47:1
- Ebivuga: Zabuli 150:3-5
- Okuyimirira: 2 Ebyomumirembe 20:19
- Okuvunnama: Zabuli 95:6
- Amazina: Zabuli 149:3
- Okufukamira: Zabuli 95:6
- Okugalamira wansi: Zabuli 149:5

**2. OKWEWAAYO:**

Eno y'essaala y'okuwaayo obulamu n'okwagala eri Katonda. Muno mubaamu essaala z'okwewaayo n'okwetukuza.

**3. OKWEGAYIRIRA:**

Essaala z'okwegayirira kuba kusaba. Okusaba kulina okukolebwa mu kwagala kwa Katonda nga bwe kulagibwa mu kigambo kye ekyawandiikibwa. Okwegayirira kusobola okubeera ku mitendera: ogw'okusaba, okunoonya oba okukonkona. Okwegayirira kigambo ekirala ekitegeeza "Okusaba Katonda oba okumwegayirira ennyo olw'ekyetaago kyo."

**4. OKWATULA N'OKWENENYA:**

Essaala ey'okutwala y'eyokwenenya n'okusaba okusonyiyibwa ebibi:

> **Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:9)**

**5. OKWEGAYIRIRA:**

Okwegayirira kuno y'essaala gy'osaba ku lw'abalala. Omwegayirizi ye muntu ayimirirawo ku lw'abalala oba eyeegayiririra ku lw'omusango gw'omulala.

Baibuli eraga nti olumu Katonda yatunuulira ensi n'alaba nga terina mwegayirizi:

> **N'alaba nga tewali muntu, ne yennyamira nti tewali muntu ayinza kudduukirira. Noolwekyo kwe kusalawo okukozesa omukono gwe ye kennyini okuleeta obulokozi n'obutuukirivu bwe okuwangula. (Isaaya 59:16)**

Katonda bwe yalaba nga tewali mwegayirizi ku nsi:

> **Mujje gy'ali nga muli ng'amayinja amalamu, muzimbibwemu ennyumba ey'omwoyo. Mulyoke mube bakabona be abaweereza ssaddaaka ey'omwoyo, esiimibwa Katonda mu Yesu Kristo Mukama waffe. (1 Timoseewo 2:5)**

**Ani alibasalira omusango? Kristo Yesu yafa, kyokka okusinga byonna yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng'atwegayiririra. (Abaruumi 8:34)**

**Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolereza. (Abaebbulaniya 7:25)**

**Baana bange abaagalwa, ebintu bino mbibawandiikidde mulemenga okukola ekibi. Naye omuntu yenna bw'akolanga ekibi tulina omuwolereza eri Kitaffe, ye Yesu Kristo Omutuukirivu. (1 Yokaana 2:1)**

Omwegayirizi mu kkooti y'oyo akirizibwa okuyambako oba omuwabuzi eyeegayiririra omulala ky'aba akoze. Okwegayirira lw'e lutalo olw'essaala y'omwoyo eri Katonda ku lw'omuntu omulala. Oluusi okwegayirira kuno kukolebwa n'okutegeera. Weegayirira ku lw'omuntu omulala mu lulimi lwo oluzaaliranwa:

**Okusookera ddala, mbasaba, musabenga, mwegayirirenga, era mwebazenga Katonda ku lw'abantu bonna.**

**Era musabirenga bakabaka n'abafuzi abalala bonna, tulyoke tube bulungi nga tuli mirembe, nga tussaamu Katonda ekitiibwa, era nga twegendereza mu buli ngeri. (1 Timoseewo 2:1-2)**

Oluusi okwegayirira kukolebwa Omwoyo Omutukuvu. Kiyinza okuba nga tekwatuka ekiva ku buzito bw'omugugu bw'oba nabwo mu mwoyo. Kiyinza okuba mu nnimi ezitamanyikiddwa. Kiyinza okubeera okwegayirira ku lw'omuntu omulala oba nga Mwoyo Mutukuvu yeegayirira ku lulwo. Kino bwe kibaawo, Omwoyo Omutukuvu akwogereramu ng'asaba butereevu eri Katonda okusinziira ku kwagala kwe. Totegeera kika kya kwegayirira kino:

**N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka. (Abaruumi 8:26)**

**ESSAALA Y'EKY'OKULABIRAKO**

Mu buweereza bwa Yesu obwo ku nsi, abayigirizwa be lumu bajja gy'ali n'ekibuuzo ekinnyuma ennyo:

**...omu ku bayigirizwa be n'amugamba nti, "Mukama waffe, naawe tuyigirize okusaba... (Lukka 11:1)**

Abayigirizwa tebaasaba ngeri ya kubuulira wadde okukola ebyamagero. Tebaasaba kusomesebwa ku ngeri ya kuzimba nkolagana eŋŋundiivu. Tebaabuuza ku bikwatagana na byewuunyisa eby'okuwonyezebwa okulabika. Baasaba kuyigigirizibwa ngeri ya kusaba. Kiki ekyaleeta okuyaayana kuno? Kyali ekyo kye baalaba kiva mu ssaala z'obulamu n'obuweereza bwa Yesu.

Abayigirizwa baali baalaba ku bintu eby'amaanyi ebyava mu nkola ey'omwoyo ono eyali egenda mu maaso.

Soma ku ky'okulabirako ky'essaala bw'eti mu maaso ko nga bw'olaba ebika by'essaala bye tunyonnyodde:

- Kitaffe, ali mu ggulu erinnya lyo litukuzibwe (Kutendereza nakusinza)
- Obwakabaka bwo bujje, byoyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu (Kwewaayo)
- Otuwe emmere yaffe eya leero (Kwegayirira)
- Otusonyiwe okwonoona kwaffe nga naffe bwe tusonyiwa abatusobya (Kwatula n'okwegayirira)
- Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu kibi (Kwegayirira)
- Kubanga obwakabaka, amaanyi n'ekitiibwa bibyo emirembe gyonna (Okusinza n'okutendereza)

**ENGERI Y'OKUSABA**

Wekkaanye okujuliza kuno mu Baibuli yo. Ebyawandiikibwa bino bikuyigiriza engeri y'okusaba:

- Essaala ekolebwe eri Katonda: Zabuli 5:2
- Okuddingana ebigambo kugaanibwa naye mwewale okuddingana: Matayo 6:7, Danyeri 6:10, Lukka 11:5-13, 18:1-8
- Oyonoona bw'olema okusabira abalala: 1 Samwiri 12:23
- Saba n'okutegeera (mu lulimi lwo): Abaefeeso 6:18
- Sabira mu mwoyo: Abaruumi 8:26, Yuda 20
- Sabira mu kwagala kwa Katonda: 1 Yokaana 5:14-15
- Sabira mu kyama: Matayo 6:6
- Eri ku mutindo esinga bingi: Essaala tewangula lwa bungi bwa bigambo by'oyogedde: Matayo 6:7
- Saba bulijjo: Lukka 21:36, Abaefeeso 6:18
- Weeyongerenga okusaba: Abaruumi 12:12
- Saba obutakoowa: 1 Abassesaloniika 5:17
- Saba eri Katonda mu linnya lya Yesu: Yokaana 15:16
- N'okwegendereza mu ndowooza: 1 Peetero 4:7
- Okusinziira ku ky'okulabirako eky'essaala ey'ekyokulabirako: Matayo 6:9-13
- Saba n'obuwombeefu: Matayo 6:7
- Oluusi essaala mu giteekeko n'okusiiba: Matayo 17:21
- Saba n'obumalirivu: Yakobo 5:16, Abakolosaayi 4:12
- Saba n'okwewaayo eri Katonda: Lukka 22:42
- Kozesa enkola y'okusiba n'okusumulula: Matayo 16:19

KY'OLINA OKUSABIRA

- Emirembe gya Yerusalemu: Matayo 22:6
- Abakunguzi: Matayo 9:38
- Oleme kukemebwa: Lukka 22:40-46
- Abo abakunyoomoola (abalabe bo): Lukka 6:28
- Abatukuvu bonna: Abaefeeso 6:18
- Abalwadde: Yakobo 5:14

- Omu ku lw'abalala (Okusituliranako emigugu): Yakobo 5:16
- Olw'abantu bonna: bakabaka n'abali mu buyinza: 1 Timoseewo 2:1-4
- Olw'ebyetaago ebyabulijjo: Matayo 6:11
- Olw'amagezi: Yakobo 1:5
- Olw'okuwonyezebwa: Yakobo 5:14-15
- Olw'okusonyiyibwa: Matayo 6:12
- Olw'okwagala kwa Katonda n'obwakabaka busimbibwe: Matayo 6:10
- Olw'kukkanyizibwa mu bulumi: Yakobo 5:13

**SABA EBISUUBIZO**

> **Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka. (Yakobo 4:3)**

Katonda addamu essaala okusinziira ku bisuubizo bye. Bw'otosabira mu bisuubizo bino, essaala yo teddibwamu. Kyefaanaanyiriza engeri taata gy'akolagamu n'abaana be. Teri muzadde amala gawa baana be buli kye baba bamusabye oba kye baagala. Akibagamba bulungi nti ajja kubakoleranga ebintu ebimu ate ebirala nti tajja kubikola. Mu nkola bw'eti, taata addamu okusaba kw'omwana we.

Ky'ekimu ne ku Katonda. Ebisuubizo bye bikola essaala etuukiridde. Yiga ebyo Katonda bye yasuubiza osabe okusinziira ku bisuubizo bya Katonda. Engeri ennungi ey'okukola kino y'eyokuyita mu Baibuli nga bw'olamba ebisuubizo. Kozesa Baibuli yo ng'osaba ng'essaalayo esinziira ku bisuubizo bino.

**EBIZIYIZA ESSAALA**

Bino by'ebimu ku bintu ebijja okuziyiza essaala:

- Ekibi eky'engeri yonna: Isaaya 59:1-2, Zabuli 66:18, Isaaya 1:15, Engero 28:9
- Ebifaananyi ebiri mu mutima: Ezeekyeri 14:1-3
- Omwoyo w'obutasonyiyibwa: Makko 11:25, Matayo 5:23
- Okweyagaliza, ebigendererwa ebikyamu: Engero 21:13, Yakobo 4:3
- Enjala y'amaanyi: Essaala ez'okweteekawo: Yakobo 4:2-3
- Okuyisa obubi omubeezi wo mu bufumbo: 1 Peetero 3:7
- Okwetuukiriza: Lukka 18:10-14
- Obutakkiriza: Yakobo 1:6-7
- Obutabeera mu Kristo n'ekigambo kye: Yokaana 15:7
- Obutaba na kisa: Engero 21:13
- Obunnanfuusi, amalala, okuddiŋŋana ebitalina makulu: Matayo 6:5, Yobu 35:12-13
- Obutasabira mu kwagala kwa Katonda: Yakobo 4:3
- Obutasabira mu linnya lya Yesu: Yokaana 16:24
- Ebiziyiza ebya ddayimooni za sitaani: Danyeri 10:10-13, Abaefeeso 6:1
- Obutasooka kunoonya bwakabaka bwa Katonda: mu kusooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda mwe mwokka omuleetera ebisuubizo b'ebintu ebirala: Matayo 6:33
- Katonda alina ekiruubirirwa ekinene mu kugaana okusaba kwo: 2 Abakolinso 12:8-9

- Bw’oba tomanyi kusaba nga bw’osaanidde, essaala yo eziyizibwa. Y’ensonga lwaki kikulu okuleka Omwoyo Omutukuvu akusabiremu: Abaruumi 8:26

**LW’OTOLINA KUSABA**

Kikulu nnyo okuyiga engeri y’okulinda okuluŋŋamya kwa Katonda nga tonnabaako ky’okola. Era mu ngeri y’emu kikulu okumanya ddi lw’osaba. Katonda bw’akuyita okubaako ky’okola, oteekwa okukola so si kweyongerayo mu kusaba.

Ekyokulabirako, awaali amazzi aga Mara Musa bwe yakaabirira Mukama, Katonda yamulagirawo ekyo kye yalina okukola ku ekyo Katonda kye yali amubikulidde. Era ekintu ky’ekimu ekyali ku Yoswa bwe yasabira Isirayiri ng’ewanguddwa e Ayi. Katonda yakiraga nti waaliwo abantu ba Isirayiri abaali mu kibi. Mu butuufu yamugamba:

**Golokoka. Kiki ekikuvuunamizza ku ttaka? Isirayiri eyonoonye…Golokoka otukuze abantu…** (Yoswa 7: n’obutundu mu 10, 11 ne 13)

Kyali kiseera kyakusaba. Kyali kiseera kya kukolera mu kuluŋŋamizibwa okuweereddwa mu ssaala. Abantu abamu beekwasa essaala okwewala okukola ebyo Katonda by’abagamba bakole. Abalala beeyongera okusaba olw’okuba ng’ebyo Katonda by’abazzeemu si bye baagala. Weetegereze emboozi ya Balamu mu Okubala 22. N’okusinga laba ennyiriri zino 18-19. Balamu teyalina ddembe lya kugenda eri Katonda ku nsonga y’emu kuba Katonda yali yamugaanidde ddala okubaako ky’akikolera (Laba olunyiriri 12)

**OKUGATTA ESSAALA N’OKUSIIBA**

Essaala eba y’amaanyi nnyo bw’egattibwako okusiiba. Okusiiba mu nnyinnyonnyola ennyangu kwe kuba nga tolya.

**EBIKA BY’OKUSIIBA**

Okusinziira ku Baibuli, waliyo ebika by’okusiiba bibiri. Okusiiba okulamba kwe kuba nga tolya yadde okunywa ekintu. Eky’okulabirako ku kino kisangibwa mu Ebikolwa 9:9. Okusiiba okw’ekitundu kwe kuba nga olyako katono. Ekyokulabirako kiri mu Danyeri 10:3

**OKUSIIBA KWA BONNA N’OKWEKYAMA:**

Okusiiba kya muntu ne Katonda we. Kulina kukolebwa mu kyama so si kwenyuma wonna:

> **Bwe musiibanga, temukiraganga nga bannanfuusi bwe bakola. Kubanga batunuza ennaku balyoke balabike mu bantu nti basiiba, mbategeeza ng’abo, eyo y’empeera yokka gye bagenda okufuna.**
>
> **Naye ggwe bw’osiibanga olongoosanga enviiri zo n’onaaba ne mu maaso.**

> **Abantu baleme kutegeera nti osiiba, okuggyako Kitaawo ali mu ggulu era alaba mu kyama alikuwa empeera. (Matayo 6:16-18)**

Abakulembeze bayinza okuyita abantu basiibe ne basaba ekkanisa yonna okwewaayo eri okusaba:

> **Mufuuyire ekkondeere mu Sayuuni, mulangirire okusiiba okutukuvu. Muyite olukuŋŋaana olussaamu Katonda ekitiibwa. (Yoweeri 2:15)**

**OBUKULU BW'OKUSIIBA:**

Waliyo emigaso gy'okusiiba mingi. Kikulu nnyo bwe tutegeera kino, nga bwe tusiibira ensonga enkyamu tekujja kuba na makulu. Soma okujuliza kuno ku bukulu bw'okusiiba. Biraga obukulu n'amaanyi agali mu kusiiba mu lutalo olw'omwoyo. Osiiba:

- Okwekkakkanya: Zabuli 35:13, 69:10
- Okwenenya ebibi: Yoweeri 2:12
- Okubikkulirwa: Danyeri 9:2, 3:21-22
- Okukutula enkola z'omubi, okusitula emigugu emizito, okuta abanyigirizibwa, n'okumenya buli kikoligo: Isaaya 58:6
- Okuliisa abaavu, mu mubiri ne mu mwoyo: Isaaya 58:7
- Okuwulirwa Katonda: 2 Samwiri 12:16, 22, Yona 3:5, 10

Okusiiba tekukyusa Katonda, kukyusa ggwe. Katonda akolagana naawe okusinziira ku ngeri gy'okolaganamu naye. Bw'okyuka n'engeri Katonda gy'akukwatamu ekyuka. Tosiiba kukyusa Katonda kubanga Katonda takyuka. Naye okusiiba kukyusa engeri gy'akukwatamu. Soma ekitabo kya Yona ofune ekyokulabirako.

**OBUWANVU BW'EKISIIBO:**

Obuwanvu buno businziira ku ekyo Katonda ky'ayogerera mu mwoyo gwo. Asobola okukulembera okusiiba ekitono oba ebbanga eggwanvu. Ojjukira emboozi ya Esawo ne Yakobo? Yakobo yali yeefumbira kamere ke naye olw'okusiiba yagyeresa. Olwo kyandibadde kitya singa Esawo yeeresa akamere n'asiiba?!

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnono ki ebbiri ezisumulula amaanyi ga Katonda mu bulamu bw'abakkiriza?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Emitendera gy'essaala esatu eginnyonnyoddwa mu ssomo lino gye giriwa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Leeta ebika by'essaala ebiragibwa mu ssaala ey'okyokulabirako.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Leeta ebimu ku biziyiza essaala ebinnyonnyoddwa mu ssuula eno.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Nnyonnyola essaala.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Nnyonnyola okusiiba.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Ebika by'okusiiba ebibiri by'ebiriwa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
9. Funza obukulu bw'okusiiba.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ebiddibwamu ku ssaala bikkirizibwa:
- Oluusi mbagirawo: Isaaya 65:24, Danyeri 9:21-23
- Oluusi birwawo: Lukka 18:7
- Oluusi byanjawulo ku byetwagala: 2 Abakolinso 12:8-9
- Okusukka ku bye tusuubira: Yeremiya 33:3, Abaefeeso 3:20

  Jjukira: Essaala ya Yesu mu nnimiro terina kye yakyusa ku kwagala kwa Katonda, naye okwagala kwa Katonda kweraga bulungi mu yo (Abaebbulaniya 5:7-9). Essaala zaffe teziddibwamu, kubanga teziddibwamu mu ngeri gye tuba twagala. Ebyo by'olaba ng'essaala ezitaddibwamu by'ebisinga okukola omulimu omunene.

2. Bwe tusabira mu nkola ey'essaala ya Mukama kireetera endowooza ennungi.

| Bwe tusaba nti… | Tuba tulaga… |
|---|---|
| - Kitaffe ali mu ggulu: | Endowooza y'obuto. |
| - Erinnya lyo litukuzibwe: | Endowooza eweesa ekitiibwa. |
| - Obwakabaka bwo bujje: | Endowooza ey'okusuubira. |
| - By'oyagala bikolebwe ku nsi: | Endowooza y'okugonda nga bwe bikolebwa mu ggulu. |
| - Otuwe emmere yaffe eyaleero: | Endowooza y'okubeezebwawo. |
| - Otusonyiwe ebyonoono byaffe: | Endowooza y'okwenenya. |
| - Nga bwe tusonyiwa abatusobya: | Endowooza y'okusonyiwa. |
| - Totutwala mu kukemebwa naye otulokole mu bubi: | Endowooza y'obuwanguzi |
| - Obwakabaka, amaanyi n'ekitiibwa bibyo emirembe gyonna: | Endowooza y'okusinza. |

3. Soma Yakobo 5:17-18. Kino kyakulabirako eky'essaala ey'amaanyi n'okukkiriza kubanga:
- Esinziira ku kisuubizo kya Katonda: 1 Bassekabaka 18:1
- Yatuukiriza embeera ey'ekisuubizo: 1 Bassekabaka 18:2
- Yagumiikiriza byonna wadde waaliwo alipoota: 1 Bassekabaka 18:43

4. Soma ku by'okulabirako by'essaala ez'amaanyi eziragibwa mu Baibuli:

**Oluberyeberye:**

Ekyafaayo ky'essaala kitandika: 4:26
Essaala y'okweyongerayo mu mwoyo: 5:21-24
Essaala n'ekyoto: 12-13
Essaala y'omusika: 15
Essaala olulimi lw'okukaaba: 16
Essaala n'okubikkulirwa: 17
Essaala oluvannyuma lw'okukola ensobi: 20
Essaala y'okugonda: 22
Essaala y'omugole: 24
Essaala y'omukazi omugumba: 25:19-23
Essaala ekyusa ebintu: 26
Essaala ng'ekiragiro: 28

Essaala ekwata ku w'oluganda gw'osobezza: 32
Essaala, omuliro ogwekwese: 39-41, 45:5-8, 50:20-24
Essaala y'omukisa eri ebika: 48-49

**Okuva:**

- Essaala ekolebwa nga teyatuka: 1-2
- Essaala ey'okunyumya: 3-4
- Essaala y'okwemulugunya: 5-7
- Essaala y'okubeera mu maanyi: 8-10
- Essaala ey'ettendo: 15
- Essaala ey'okutereezebwa: 17
- Essaala ey'abeetaaga: 22:22-24
- Essaala y'okulamulwa okulwawo nga kugwanidde: 32
- Essaala ya Musa eyayanguwa ku lwa Isirayiri: 32:9-14
- Essaala ya Musa eyookubiri: 32:30-34
- Essaala ya Musa eyookusatu: 33:12-23
- Essaala n'okufuulibwa: 34

**Okubala:**

- Essaala ng'okusiibula: 6:24-27
- Essaala y'obukuumi: 10:35-36
- Essaala y'okuggibwako okusalirwa omusango: 11:1-2
- Essaala y'omutima oguweddemu amaanyi: 11:10-35
- Essaala y'omuntu omuwombeefu: 12
- Essaala y'okukuuma ekittibwa ky'obwakatonda: 14
- Essaala y'enkola y'obwakatonda okuziyiza abalwana: 16
- Essaala y'otaasibwa mu bafu: 21
- Essaala n'obunnabbi: 23-24
- Essaala y'omukulembeze omupya: 27

**Ekyamateeka:**

- Essaala y'ekyokukola ekirungi: 3:23-29
- Essaala y'oyo ali obubi: 4:7
- Essaala y'okulemezaawo okulamulwa: 9:20, 26-29
- Essaala ng'omukisa: 21:6-9
- Essaala ng'okwebaza: 26
- Essaala ng'oluyimba: 32-33

**Yoswa:**

- Essaala Katonda gy'addamu: 17

- Essaala ng'ekisoomoozo: 5:13-15
- Essaala eyakolebwa n'ebivaamu: 9:14
- Essaala eyaleeta ekamagero: 10

**Ekyabalamuzi:**

- Essaala ey'okuluŋŋamizibwa: 1
- Essaala mu kiseera ky'olutalo: 4-5
- Essaala ey'akabonero: 6
- Essaala mu kubulwa: 10:10-16
- Essaala ng'okwegayirira: 1:30-40
- Essaala y'omwana atannazaalibwa: 13
- Essaala mu maaso g'okufa: 16:28-31
- Essaala eddibwamu obutereevu: 20:23-28
- Essaala y'ekika ekyabula: 21:2-3

**1 Samwiri:**

- Essaala etaliimu bigambo: 1
- Essaala erabika ng'obunnabbi: 2:1-10
- Essaala mu Yeekaalu: 3
- Essaala y'ekizibu ky'eggwanga: 7
- Essaala ya Kabaka: 8
- Essaala y'okwewaayo: 12
- Essaala ya Kabaka anyigirizibwa: 14
- Essaala y'omutima oguluma: 15:11
- Essaala ng'eddoboozi ettono: 16:1-12
- Essaala ng'ekyama ekyokuzaamu amaanyi: 17
- Essaala ey'okwebuuza: 23
- Essaala y'amatu agaggalwa: 28:7
- Essaala y'okuzibwawo kw'ebyanyagibwa: 30

**2 Samwiri:**

- Essaala ng'ekyo ky'olina: 2:1
- Essaala y'akabonero k'obuwanguzi: 5:19-25
- Essaala y'omukisa eri enju oba obwakabaka: 7:18-29
- Essaala y'omwana omulwadde: 12
- Essaala ng'okwebuzaabuza: 5:7-9
- Essaala y'okutegeera okunyigirizibwa: 21:1-12
- Essaala nga Zabuli: 22
- Essaala ng'okwatula okw'amalala: 24:10-17

**1 Bassekabaka:**

- Essaala y'omutima omugezi: 3
- Essaala y'okuwonga: 8:12-61
- Essaala y'omukono omulema: 13:6
- Essaala eri ebbanga ery'eggadde: 17
- Essaala y'okuzuukira kw'omwana omufu: 17:20-24
- Essaala y'ekitiibwa ekyobwa Katonda: 18:16-41
- Essaala n'okugumiikiriza: 18:4-5
- Essaala y'okufa: 19

**2 Bassekabaka:**

- Essaala y'omwana eyafa: 4:32-37
- Essaala y'okwolesebwa: 6:13-17
- Essaala y'okununulibwa eri abawakanyi: 19
- Essaala y'obuwangaazi: 20:1-11

**1 Ebyomumirembe:**

- Essaala y'obuwanguzi bw'omwoyo: 4:9-10
- Essaala ng'obwesige: 5:20
- Essaala y'okutya: 13:12
- Essaala y'okukola endagaano: 17:16-27
- Essaala eddibwamu n'omuliro: 21
- Essaala ng'omusigire: 23:30
- Essaala n'okuwaayo: 29:10-19

**2 Ebyomumirembe:**

- Essaala ng'eggwanga liri mu buzibu: 14:11
- Essaala n'okukyuka: 15
- Essaala n'okukuutirwa ku byafaayo: 20:3-13
- Essaala y'okwetoowaza olw'ebyaliwo: 33:13

**Ezera:**

- Essaala y'okwebaza: 7:27-28
- Essaala n'okusiiba: 8:21-23
- Essaala n'okutwala: 9:5-10:4

**Nekkemiya:**

- Essaala olw'okunakuwala: 1:4-11
- Essaala mu katuubagiro: 2:4

- Essaala y’okununulibwa mu kiswalo: 4:1-6
- Essaala y’okuwangula obusungu: 4:7-9
- Essaala n’omutango: 5
- Essaala ku bukuusa: 6:9-14
- Essaala n’ekigambo: 8:1-13
- Essaala n’obulungi bwa Katonda: 9
- Essaala y’okujjukira: 13:14, 22. 29, 31

**Yobu:**

- Essaala y’okubivaamu: 1:20-22
- Essaala y’okusaasira: 6:8-9, 7:17-21
- Essaala y’okutuukirizibwa: 9
- Essaala ku kulagibwa obwemage: 10
- Essaala y’ekitangaala n’obutafa: 14:13-22
- Essaala n’endowooza: 23
- Essaala n’endowooza: 23
- Essaala ng’okwegayirira: 42:7-10

**Zabuli:**

- Essaala eva mu kuwakanya: 3
- Essaala y’obutuukirivu: 4
- Essaala ng’essaawa y’okumakya: 5
- Essaala y’okubaako ekyobwa Katonda ekikolebwa: 9:7
- Essaala y’okutendereza olw’ekyobwakabaka ekikoleddwa: 8
- Essaala y’okukuumibwa wano n’okuva wano: 16
- Essaala y’omusaalaba: 22
- Essaala y’omusumba afaayo: 23
- Essaala y’okwolesebwa kw’ekitiibwa eky’obwa Katonda: 24
- Essaala ng’agenda ewa Katonda: 25
- Essaala y’okukkiriza mu mutima: 27
- Essaala y’omutima ogukkiriza: 27
- Essaala y’okunyigirwa mu Kristo: 31
- Essaala y’emmeeme erumwa: 32
- Essaala y’okukuumibwa eri abalabe: 35
- Essaala y’ettendo ly’okwagala okungi: 36
- Essaala y’omulamazi: 39, 90, 91
- Essaala y’okutuukirizibwa kwayo: 40
- Essaala mu nnaku ennyingi: 41
- Essaala ng’oluggi lw’essuubi: 42-43
- Essaala y’obuyambi obw’obwa Katonda: 44
- Essaala y’okubeerwa: 46

- Essaala y'omutima omunafu: 51
- Essaala y'ebiseera byonna: 55
- Essaala y'okulumwa: 57
- Essaala y'obwesigwa: 71
- Essaala ya Katonda yennyini: 73
- Essaala ng'ettendo ly'amaanyi ga Katonda: 96
- Essaala y'okutoloka mu kugezesebwa: 102-103, 105
- Essaala y'okujjukira: 106
- Essaala y'abalina akabenje ku nnyanja: 107
- Essaala n'enkolagana eri ebyawandiikibwa: 119
- Essaala y'okunoonya omutima: 139

**Engero:**

- Ekitabo kikwata ku ssaala ng'omukutu gw'amagezi Katonda gw'ataddewo.

**Omubuulizi:**

- Ekitabo kinnyonnyola essaala mu ngeri ey'olukisakisa

**Oluyimba:**

- Ebyama by'essaala: Ekitabo kyonna;

**Isaaya:**

- Essaala Katonda gy'atawulira: 1:15, 16:12
- Essaala n'okutukuzibwa: 6
- Essaala ng'akabonero: 7:11
- Essaala ng'okugulumiza: 12
- Essaala y'ettendo olw'obuwanguzi: 25
- Essaala y'emirembe: 26
- Essaala n'obuvumu: 41
- Essaala n'enkola: 55
- Essaala etamanyiddwa bangi: 59
- Essaala y'okulaga amaanyi g'obwa Katonda: 63-64

**Yeremiya:**

- Essaala ng'okwatula obutasobola: 1
- Essaala ng'okulumwa olw'okuddirira: 2-3
- Essaala n'okwemulugunya: 4:10-31
- Essaala y'okukungubagira okulwanyisibwa: 5
- Essaala y'obugabirizi: 6
- Essaala egaanibwa: 7:16

- Essaala y’emirembe: 10:23-25
- Essaala y’okuba ng’oli mu buzibu: 12:1-4
- Essaala y’okutaasibwa ekibi n’ekyeya: 14:7-22
- Essaala
- Essaala okuva mu kibi n’ekyeya: 14:7-22
- Essaala ye Ggulu ey’okuwolera eggwanga: 15:15-21
- Essaala ey’okujjawo okuteesa kw’ababi: 18:18-23
- Essaala ey’omutima omukoowu: 20:7-13
- Essaala ey’okwebaza olw’obulungi bwa Katonda: 32:16-25
- Essaala ey’abakkiriza abaasigalawo: 42

**Okukungubaga:**

- Essaala ey’obulumi: 1:20-22
- Essaala y’okwatirwa ekisa: 2:19-22
- Essaala y’okwemulugunya: 3
- Essaala y’abanyigirizibwa: 5

**Ezeekyeri:**

- Essaala ng’okuwakanya: 4:14
- Essaala y’okukuuma ebyo ebyasigalawo: 9:8-11
- Essaala ya yeekaalu: 11:13-16

**Danyeri:**

- Essaala y’okuvvunula: 2:17-18
- Essaala ey’obujjeemu eri etteeka: 6:10-15
- Essaala ey’okwatula: 9
- Essaala n’ebirabwako eby’omwoyo: 10
- Essaala ekwata ku bufunda bw’obulamu: 12:8-13

**Koseya:**

- Katonda agamba eggwanga eriseeredde okusaba essaala y’okwenenya.

**Yoweeri:**

- Essaala ey’embaggirawo: 1:19-20
- Essaala n’okukaaba: 2:17

**Amosi:**

- Essaala ey’okwegema akatyabaga n’okusonyiyibwa: 7:19

**Yona:**

- Essaala eri banamawanga abatambulira ku nnyanja: 1:14-16
- Essaala y'okuwoma Geyeena: 2
- Essaala y'ekibuga ekyenenyeza: 3
- Essaala eri nnabbi ey'emulugunya: 4

**Mikka:**

- Essaala kwekulindirira Mukama okutuukiriza ekigambo kye

**Kabakuuku:**

- Essaala y'okwemulugumya n'obwenkanya: 1:1-4, 12-17

**Malaki:**

- Essaala – okuwakanya okusooka: 1:2
- Essaala – okuwakanya okwokubiri: 1:6
- Essaala – okuwakanya okwokusatu: 1:7, 13
- Essaala – okuwakanya okwokuna: 2:17
- Essaala – okuwakanya okwokutaano: 3:17
- Essaala – okuwakanya okwomukaaga: 3:8

**ESSAALA MU NDAGAANO EMPYA:**

**Matayo:**

- Essaala n'obwetaavu bw'okusonyiyibwa: 5:22-26, 6:12, 14-15
- Essaala n'obunanfuusi: 6:5-7
- Essaala nga bweyasomesebwa Kristo: 7:7-11
- Essaala y'omugenge: 8:1-4
- Essaala y'omukulu w'ekitongole: 8:5-13
- Essaala mukatyabaga: 8:23-27
- Essaala y'abalalu: 8:28-34
- Essaala ya Yeyiro: 9:18-19
- Essaala ey'o mukazi wekikulukuto: 9:20-22
- Essaala yaba muzibe ababiri: 9:27-31
- Essaala y'abakukunguzi mu nnimiro: 9:37-39
- Essaala ya Kristo nga yeebaza Katonda: 11:25-27
- Essaala ku lusozi: 14:23
- Essaala ya Peteero munyiike: 14:28-30
- Essaala ey'omunamawanga omukazi: 15:21-28

- Essaala ey’omutabani omulalu: 17:14-21
- Essaala mu kukiriziganya: 18:19-20
- Essaala mu ngero: 18:23-25
- Essaala olw’ekifo ekye kitiibwa: 20:20-28
- Essaala y’okuwonya obuzibe: 20:29-34
- Essaala ey’okukkiriza: 21:18-22
- Esaala ey’okwegayaaza: 23:14, 25
- Essaala ey’okwewaayo: 25:20, 22, 24
- Essaala ey’okuwaayo okwagala kwo: 26:26, 36-46
- Essaala e Kalivaliyo: 27:46, 50

**Makko:**

- Essaala eri dayimoni: 1:23-28, 32-34
- Essaala – enneeyisa ya Kristo: 1:35, 6:41, 46
- Essaala kulwa muzibe n’ekiggala: 7:31-37
- Okusaba n’okusiiba: 2:18, 9:29
- Essaala ey’omukulembeze omuto: 10:17-22

**Lukka:**

- Essaala ya Zakayo: 1:8, 13, 67-80
- Essaala ng’okusinza: 1:46-55
- Essaala ey’okwagala okusukkulumu: 2:10-20, 25-38
- Essaala eggulawo obwengula bwe ggulu: 3:21-22
- Essaala ey’okudduka okutegerebwa: 5:16
- Essaala nabo ekkumi n’ababiri: 6:12-13, 20, 28
- Essaala n’okwayakana: 9:28-29
- Essaala ey’engero: 11:5-13, 18:1-8
- Essaala y’omwana eyazaawa: 15:11-24, 29-30
- Essaala okuva mu Geyeena: 16:22-31
- Essaala eya bagenge ekkumi: 17:12-19
- Essaala y’omufarisaayo n’omuwooza: 18:9-14
- Essaala ya Peetero ey’okumulabirira: 22:31-34
- Essaala y’okulumwa: 22:31-34
- Essaala ne Mukama azuukidde: 24:30, 50-53

**Yokaana:**

- Essaala kulwo Omwoyo: 4:9, 15, 19, 28, 7:37-39, 14:16
- Essaala y’omukungu wa Gavumenti: 4:46-54
- Essaala y’omugaati ogw’obulamu: 6:34

- Essaala ey’okukkakkasa: 11:40-42
- Essaala ey’obwogi obubiri: 12:27-28
- Essaala ng’ekyokwesiimisa: 14:13-15, 15:16, 16:23-26
- Essaala mu ssaala: 17

**Ebikolwa by’Abatume:**

- Essaala mu kisenge ekya waggulu: 1:13-14
- Essaala ey’omusika: 1:15-26
- Okusaba n’okusinza: 2:42-47
- Essaala ngekyokwekuuma: 3:1
- Essaala kulwo obuvvumu mu kubuulira enjiri: 4:23-31
- Essaala n’obuweereza bwe kigambo: 6:4-7
- Essaala ey’okufa kw’omujulizi eyasooka: 7:55-60
- Essaala ey’omusamaliya n’omufuusa: 8:9-25
- Essaala y’omukkiriza omuggya: 9:5-6, 11
- Essaala ya Doluka: 9:36-43
- Essaala ya Koluneriyo: 10:2-4, 9, 31
- Essaala ya Peetero mu kkomera: 12:5, 12-17
- Essaala y’okutikirwa: 13:2-3, 43
- Okusaba n’okusiiba: 13:2-3, 14:15, 23, 26
- Essaala kulubalama lw’omugga 16:13, 16
- Essaala mu bunnya: 16:25, 34
- Essaala y’okuwaayo eri obuyinza: 20:36
- Essaala y’okumeeri: 27:33, 35
- Essaala kulw’eyakwatibwa omusujja: 28:8, 15, 28

**Abaruumi:**

- Essaala kulw’olugendo olulungi: 1:8-15
- Essaala eruɧɧamiziddwa omwoyo wa Katonda: 8:15, 23, 26-27
- Essaala kulwa Yisirayiri: 10:1, 11:26
- Essaala ng’obuweereza obwa buli lunaku: 12:12
- Essaala y’okulowooza obumu: 15:5-6, 30-33
- Essaala kukuwangula sitaani: 16:20, 24-27

**2 Abakolinso:**

- Essaala ng’eyomukisa n’obukuumi: 1:2-4
- Essaala y’okujjamu eriggwa: 12:7-10

**Abaefeso:**

- Okusaba n’ekifo ky’omukkiriza: 1:1-11

- Okusaba kw’okulaba n’amaanyi: 1:15-20
- Essaala ng’okutuukirira Katonda: 2:18, 3:12
- Essaala y’okujjuzibwa omuntu w’omunda: 3:13-21
- Essaala n’oluyimba lw’omuntu w’omunda: 5:19-20
- Essaala ng’eterekero ly’omulwanyi: 6:18-19

**Abafiripi:**

- Essaala ng’okusaba kwesanyu: 1:2-7
- Essaala n’emirembe mu birowoozo: 4:6-7, 19-23

**Abakolosaayi:**

- Essaala ng’ettendo ly’okulaga okwagala: 1:1-18
- Essaala ku lwo mukisa olw’ebiyondo omusanvu: 1:9-14
- Essaala kwekusa ekimu: 4:2-4, 12, 17

**1 Abassessaloniika:**

- Essaala y’okujjukira: 1:1-3
- Essaala y’okukyaala kw’okuddayo: 3:9-13
- Okusaba, okutendereza olw’okutuukirizibwa: 5:17-18, 23-24, 28

**2 Abassessaloniika:**

- Essaala y’okusaanyiza okuyitibwa: 1:3, 11-12
- Essaala y’okuzzaamu essuubi n’amaanyi: 2:13, 16-17
- Okusaba olw’ekigambo n’obukuumi: 3:1-5

**2 Timoseewo**:

- Okusabira obuweereza bwa Timoseewo: 1:2-7
- Essaala eri ennyumba ya Onesifolo.
- Essaala eri ab’oluganda abakyamu: 4:14-18

**Abaebbulaniya:**

- Essaala ng’ettendo eri obutonde: 1:10-12
- Essaala kulw’ekisa n’okuganja: 4:16
- Essaala n’obuweereza bwa Kristo: 5:7-8, 7:24-25
- Essaala okwagala kwa Katonda kukolebwe: 12:9, 12, 15
- Essaala y’okutuukirizibwa: 13:20-21

**Yakobo:**

- Essaala ku lwa amagezi: 1:5-8, 17
- Essaala etakwasa: 4:2-3

- Essaala emmalirira: 5:13-18

**1 Peetero:**

- Essaala y'okwebaza eri obusika: 1:3-4
- Essaala eri obufumbo: 3:7-12
- Essaala y'okwetegeka n'okwegendereza: 4:7
- Essaala y'okunywezebwa kw'omukristaayo: 5:10-11

**2 Peetero:**

- Essaala y'okwkubisaamu kw'ekisa n'emirembe: 1:2

**3 Yokaana:**

- Essaala gwe musingi gw'ekitiibwa: 1:4, 12

**Yuda:**

- Essaala mu mwoyo: 20

**Okubukkulirwa:**

- Essaala ng'ettendo eri endiga olw'okununulibwa: 5:9
- Essaala ng'ekibya kya zaabu ekijjudde obubaane: 5:8, 8:3
- Essaala y'abajulirwa abattibwa: 6:10
- Essaala y'abannamawanga: 7:9-12
- Essaala y'abakadde amakumi abiri: 11:15-19
- Esaala ya Musa: 15:3-4
- Essaala y'abatukuvu: 19:1-10
- Essaala emaliriza Baibuli: 22:17, 20

# ESSUULA EY'EKKUMI N'ENNYA

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOMUNAANA: AMAANYI G'EKIGAMBO

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensibuko y'ekigambo eky'amaanyi.
- Okunnyonnyola ekigambo "Rhema" ne "Logos" ebigambo bya Katonda.
- Okunnyonnyola engeri Yesu gye yayanukula Sitaani okuyita mu kigambo eky'amaanyi.
- Okunnyonnyola obuvunaanyizibwa bwo ku kigambo kya Katonda.
- Okufunza obukulu bw'ekigambo kya Katonda obw'amaanyi.
- Okunnyonnyola lwaki ebigambo byo bikulu nnyo eri amaanyi ag'omwoyo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Ekigambo kya Katonda kiramu era kikola. Kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kiyitamu ne kituukira ddala ku mmeeme n'omwoyo, n'ennyingo n'obusomyo, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima. (Abaebbulaniya 4:12)**

**ENNYANJULA**

Baibuli entukuvu ky'ekigambo kya Katonda omutuufu omu era omulamu. Waliwo amaanyi ag'enjawulo mu kigambo kya Katonda:

> **Ekigambo kya Katonda kiramu era kikola. Kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kiyitamu ne kituukira ddala ku mmeeme n'omwoyo, n'ennyingo n'obusomyo, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima. (Abaebbulaniya 4:12)**

> **Bwe kityo ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange bwe kiri; tekiriddayo bwereere, naye kirikola ekyo kye njagala era kirituukiriza ekyo kye nakituma. (Isaaya 55:11)**

Tolifuna bujjuvu bw'amaanyi ga Katonda okutuusa lw'onoofuna amaanyi g'ekigambo kye.

**ENSIBUKO Y'EKIGAMBO**

Katonda y'ensibuko y'amaanyi g'ekigambo kye ekyawandiikibwa. Kino kifuula ekigambo kye okuba eky'amaanyi:

> **Mukama yalangirira; ne babunyisa ekigambo kye; baali bangi ne boogera nti. (Zabuli 68:11)**

> **Naffe kyetuva twebaza Katonda obutayosa, kubanga bwe mwawulira ekigambo ekiva gye tuli, temwakiwulira ng'ekiva eri abantu wabula ng'ekiva eri Katonda, nga ky'ekigambo kya Katonda kyennyini, ekikolera ne mu mmwe, abakkiriza. (1 Abasessaloniika 2:13)**

Mu butuufu Katonda yatonda ensi n'ekigambo kye:

> **Olw'okukkiriza tumanyi ng'ensi yatondebwa na kigambo kya Katonda, ebirabika kyebyava bikolebwa nga biggibwa mu bitalabika. (Abaebbulaniya 11:3)**
>
> **Mukama yayogera kigambo, eggulu ne likolebwa... (Zabuli 33:6)**

Katonda yeeyongera okuwanirira ensi n'ebintu byonna nga bwe biri olw'amaanyi g'ekigambo kye:

> **Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era abeezaawo buli kintu olw'ekigambo kye eky'amaanyi. Bwe yamala okukola ekikolwa eky'okututukuza okuva mu bibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda mu Bwakabaka obw'omu ggulu. (Abaebbulaniya 1:3)**

## "RHEMA" NE "LOGOS"

Mu Baibuli mulimu ebigambo eby'enjawulo bibiri eby'oluyonaani ebitegeeza ekigambo kya Katonda. Ekimu ku byo kye "Logos" ekitegeeza ekigambo kya Katonda ekiwandiike, kwe kubikkulirwa kw'ekyo Katonda ky'agamba.

Ekigambo ekyokubiri kye "Rhema," ekitegeeza ekyo Katonda ky'ayogera ku mbeera ebaawo. Obujjuvu bwa "Logos" okubikkulirwa kw'ekigambo kya Katonda kw'amaanyi. Naye Katonda bw'akumulisa okutegeera ekigambo kye "Rhema" olunyiriri lw'obaddenga osoma ate ne lukuwa amakulu amapya. Osobola okulaba engeri gye kikola mu mbeera ez'enjawulo z'osisinkana. Ekigambo "Rhema" kikuwa okuddibwamu, okubikkulirwa, oba okubeerwa kwe weetaaga mu kiseera ekyo.

## OKUKEMEBWA KWA YESU

Amaanyi ga Katonda gaaweebwa Yesu Kristo naye amaanyi ago gateekwa okuba nga gagezesebwa olw'okuba nti obuvumu bw'eyongera ng'onyigirizibwa. Okulumbibwa okw'amaanyi okwaliwo wakati w'amaanyi ga Yesu n'aga Sitaani agaaliwo mu buweereza bwa Kristo obwasooka. Nga tonneeyongerayo na ssomo lino. Soma ku nsisinkano eno mu Matayo 4:1-11, Makko 1:12-13 ne Lukka 4:1-13

Okusooka, Sitaani yagezaako okugamba Yesu afuule amayinja emmere. Amaanyi agaali mu Yesu agaasobola okufuula amazzi omwenge gaaliwo naye yali tasobola kufuula mayinja mmere naye okukola ekyo ku mbeera eno, singa yakikola, yandikoze ku lulwe so si ku lwa Katonda n'okukozesa amaanyi ge ku lw'ebyo by'ayagala.

Sitaani era yagezaako okugamba Yesu abuuke okuva waggulu agwe wansi okulaga amaanyi ge. Era yakozesa n'ebyawandiikibwa mu bukyamu okumusendasenda okukikola.

Ogwokusatu, Sitaani yakema Yesu n'ekigambo ky'essaala. Sitaani yamugamba nti ajja kumuwa obwakabaka bw'ensi bwonna singa Yesu avunnama n'amusinza.

Mu kafubo ak’amaanyi gano, Yesu yafuna okusoomozebwa n’amaanyi g’ekigambo kya Katonda. Yesu yanokolayo ebyawandiikibwa ebituukira ku mbeera eyaliwo. Yakozesa kye tuyise ekigambo kya Katonda ekya “Rhema”

**OKUKOZESA EKIGAMBO EKY’AMAANYI**

Tekimala kumanya bumanya nti waliwo amaanyi mu kigambo kya Katonda. Okukifuula ekyomugaso, ekigambo ekyo kirina okuteekebwa mu nkola nga Yesu bwe yakikozesa. Yesu yakyoleka lwatu nti ebigambo bye yali akozesa tebyali bibye. Byali bigambo bya Katonda (Yokaana 3:34, 14:10, 24, 17:8, 14)

Yesu yayogera ekigambo kya Katonda n’amaanyi:

> **Ne beewuunya nnyo okuyigiriza kwe. Kubanga yayogeranga nga nnannyini buyinza. (Lukka 4:32)**
>
> **Buli muntu n’atya nnyo nga bwe beebuuzaganya nti, “Kigambo ki kino? Kubanga alagira n’obuyinza n’amaanyi emyoyo emibi ne giva mu muntu, ekireetera ne dayimooni okumugondera. (Lukka 4:36)**

Yesu yayogera kigambo eri omusajja eyalina omukono ogwasanyalala era ne guwonerawo (Makko 3:1-5). Yayogera ekigambo eri omugenge era n’atukuzibwa (Matayo 8:2-3). Yagamba…

“Golokoka” eri omusajja omugongobavu ku kidiba (Yokaana 5:8)

“Laba” eri omuzibe (Lukka 7:21)

“Fuluma” eri emizimu (Matayo 9:32-33)

“Wulira” eri kiggala (Makko 7:32-35)

“Fulumayo” eri abafu (Yokaana 11:44)

Yesu yamanya nti mu kigambo kya Katonda mwalimu amaanyi, naye yakimanya era nti yalina okuwulira, n’okuddamu eri ekigambo kisobole okutuukiririra. Ebigambo bya Yesu, ebyali ebigambo bya Katonda, byali by’amaanyi nti byakolera wala. Yesu teyalina na kubeerawo awaalinga ekyetaago oba ekizibu. Omusajja omu eyalina omuddu omulwadde yagamba:

> **Omukulu w’ekitongole n’agamba Yesu nti, “Mukama, sisaanira kukuyingiza mu nnyumba yange, yogera bwogezi ekigambo, omulenzi wange anaawona!**
>
> **...Awo Yesu n’agamba omukulu w’ekitongole Omuruumi nti, “Ggenda. Nga bw’okkirizza kikukolerwe.” Omulenzi we n’awonerawo mu kiseera ekyo. (Matayo 8:8, 13)**

Omusajja ono yakkiriza mu maanyi g’ekigambo kya Katonda. Yamanya nti kyali ky’amaanyi nnyo nti tekyakosebwanga budde, kifo oba ekintu ekirala kyonna ekiyinza okulemesa omuntu. Naye okukituukiriza mu bulamu bwe n’embeera, yalina okukyatula. Yalina okuteeka mu nkola ekigambo kya Katonda okufuna ebirungi eby’amaanyi gaakyo.

Ekkanisa eyasooka yakozesa ebigambo bya Katonda eby'amaanyi. Paulo yagamba;

> **Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu.**
>
> **Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4, 5)**
>
> **Naye nzija mangu, Mukama bw'anaasiima ndyoke mmanye amaanyi g'abo abeekuluntaza so si mu bigambo obugambo. (1 Abakolinso 4:19)**

**AMAANYI G'EKIGAMBO**

Katonda ye maanyi agali emabega w'ekigambo kye:

> **Bwe kityo ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange bwe kiri; tekiriddayo bwereere, naye kirikola ekyo kye njagala era kirituukiriza ekyo kye nakituma. (Isaaya 55:11)**
>
> **...kubanga neetegereza ndabe ng'ekigambo kyange kituukirira. (Yeremiya 1:12)**

Ekigambo kya Katonda kiwa amaanyi agasinga ag'omwoyo:

> **Ekigambo kya Katonda kiramu era kikola. Kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kiyitamu ne kituukira ddala ku mmeeme n'omwoyo, n'ennyingo n'obusomyo, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima. (Abaebbulaniya 4:12)**

Katonda awa ekitiibwa ekigambo kya Katonda okusukkuluma ku linnya lye:

> **Nvuunama nga njolekedde Yeekaalu yo Entukuvu, ne ntendereza erinnya lyo olw'okwagala kwo n'olw'obwesigwa bwo; kubanga wagulumiza ekigambo kyo n'erinnya lyo okusinga ebintu byonna. (Zabuli 138:2)**

Biruubirirwa ki eby'amaanyi ebituukirizibwa olw'ekigambo kya Katonda? Soma ennyiriri zino ez'ekigambo kya Katonda:

- Bigasa olw'okuyigiriza, okunenya, okulungamya ne mu kubuulira 2 Timoseewo 3:16-17.
- Kireetera okukkiriza mu bubaka bw'enjiri: Ebikolwa 4:4
- Kitukuza: Yokaana 15:3, Abaefeeso 5:26
- Kireetera obulamu obutaggwaawo, bwe tuwulira ne tukikkiriza: Yokaana 5:24
- Kwe kusinziirwa okulamulwa kw'olubeerera: Yokaana 12:48
- Kikozesebwa okugoba emyoyo emibi: Matayo 8:16, Lukka 4:36
- Kigobererwa obubonero bw'ebyamagero ne kirumiriza abantu olw'amazima g'enjiri: Makko 16:20
- Kiwa obukakafu ku bulokozi: 1 Yokaana 1:2-6
- Kireetera obulamu bw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri: 1 Peetero 1:23, Zabuli 119:41
- Kiraga amazima g'enjiri: 1 Yokaana 5:7

- Kitukuza omukkiriza: 1 Timoseewo 4:5
- Kiwa essuubi: Zabuli 130:5, 119:49, 81
- Kireetawo okuwonya: Zabuli 107:20
- Kituggya mu kkubo ly'omwonoonyi: Zabuli 17:4
- Kiri mwoyo, n'omulamu: Yokaana 6:63
- Kireetawo essanyu n'okujjaguza: Yeremiya 15:16
- Kyongera okukkiriza: Abaruumi 10:17
- Kigumya: 1 Abasessaloniika 4:18, Zabuli 119:50, 52
- Kirongoosa omwoyo: 1 Timoseewo 4:6
- Kireetera okuddamu essaala: Yokaana 15:7
- Ky'ekisumuluzo ky'obuwanguzi: Yoswa 1:8
- Kiwa omukisa, bwe tukiwulira ne tukikkiriza: Lukka 11:28
- Kireeta omukisa bwe kikuumibwa ate ekikolimo bwe kitakuumibwa: Ekyamateeka 28
- Kyakulwanyisa mu biro eby'okukemebwa: Matayo 4
- Kikyusa emmeeme: Zabuli 19:7
- Kifuula abagezi abangu: Zabuli 19:7
- Kiwa ekitangaala: Zabuli 19:8
- Kirabula: Zabuli 19:11
- Kireeta empeera ennungi bwe kikuumibwa: Zabuli 19:11
- Kiweesa omwagaanya gw'okutuuka eri eggulu: Okubikkulirwa 22:14
- Kireeta omukisa gw'okutambulira mu butuukirivu: Zabuli 119:1-3
- Kitufuula abagezi okusinga abalabe baffe, abasomesa: Zabuli 119:98-104
- Kyanguya: Zabuli 119:25
- Kigumya: Zabuli 119:28
- Y'ensibuko y'okusaasira kwe: Zabuli 119:58
- Kireetawo okusanyuka: Zabuli 119:92
- Kireeta okutegeera okwangu: Zabuli 119:130, 104, 169
- Kinunula: Zabuli 119:170

**OBUVUNAANYIZIBWA KU KIGAMBO**

Olw'okuba nti ekigambo kya Katonda kya maanyi nnyo, abakkiriza balina obunaanyizibwa bw'okukimanyisa eri ensi yonna. Ekkanisa eyasooka yatwala obuvunaanyizibwa buno obw'ekigambo kya Katonda. Baagendanga buli wamu nga bakibuulira (Ebikolwa 8:4, 12:24, 13:49). Baasaba Katonda obuvumu bw'okwogera ekigambo kye (Ebikolwa 4:29, 31). Ekigambo kya Katonda kyeyongera mu nsi yonna olw'obwesigwa bwabwe (Ebikolwa 6:7, 19:20)

Katonda akakasa ekigambo kye n'obubonero. Omu tayinza kulinda bubonero kusooka kigambo. Olina obuvunaanyizibwa bwokubunyisa ekigambo eri ensi. Yiga obuvunaanyizibwa bwo nga osoma ebyawandiikibwa bino wammanga:

- Katonda ateeka ekigambo kye mu ggwe osobole okwogerera eri abalala: Ekyamateeka 18:18-19, Isaaya 51:16, Yeremiya 1:9, 3:12, 5:14, 26:12, Ezeekyeri 2:7-8

- Bw'oba osomeseddwa mu kigambo kya Katonda, olwo obeera n'obuvunaanyizibwa obw'okusomesa abalala: Abaggalatiya 6:6
- Olina okubuulira ekigambo eri ensi yonna: Lukka 24:47, Makko 16:15, 2 Timoseewo 4:2
- Tolina kwogera bigambo byo, naye bigambo bye: Isaaya 58:13
- Tolina kukwatibwa nsonyi lwa lwa kigambo kya Katonda: Makko 8:38
- Olina okukisomesa abaana bo: Ekyamateeka 6:6-9

**EBIGAMBO BYO**

Ebyawandiikibwa ebitukuvu birina amaanyi ag'obwakatonda kubanga bigambo bya Katonda omulamu. Naye n'ebigambo byo birina amaanyi, naddala ng'oyogedde ku kigambo kya Katonda. Osobola okuwangula Sitaani okuyita mu bigambo:

> **Ne bamuwangula olw'omusaayi gw'Omwana gw'Endiga, n'olw'ekigambo eky'obujulirwa bwabwe, ne bawaayo obulamu bwabwe nga tebatya na kufa. (Okubikkulirwa 12:11)**

Okutwala n'omumwa gwo kitundu ku bulokozi:

> **Abo bonna abalina okukkiriza mu Kristo bagamba nti, "Ekigambo kiri kumpi naawe, kiri mu kamwa ko era kiri mu mutima gwo," kye kigambo eky'okukkiriza kye tubuulira.**
>
> **Bw'oyatula n'akamwa ko nti, Yesu ye Mukama, n'okkiriza n'omutima gwo nga Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka.**
>
> **Kubanga omuntu akkiriza na mutima gwe n'aweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa ke n'alokoka. (Abaruumi 10:8-10)**

Olulimi lwo lulina amaanyi okuleetawo okufa okw'omwooyo oba obulamu bw'oba oweereza abalala:

> **Olulimi lulina obuyinza okuwa obulamu oba okutta,... (Engero 18:21)**

Osobola okwesuula mu kyambika olw'ebigambo byo. Osobola okwesuula mu buzibu olw'ebyo byoyogera:

> **Obanga weesibye n'ebigambo ggwe kennyini bye wayogera, ng'ebigambo by'omu kamwa ko bikusibye. (Engero 6:2)**

Ebigambo byo biyinza okukulemesa okwatula amaanyi ga Katonda:

> **Nga boogera nti, "Tujja kuwangula n'olulimi lwaffe, era tufune byonna bye twetaaga n'akamwa kaffe, kubanga ani alitukuba ku mukono. (Zabuli 12:4)**

Sitaania akozesa ebintu by'oyogera okuleeta olwatika mu mwoyo gwo. Olw'atika ky'ekituli w'ayinza okuyita okuyingira:

> **Olulimi oluzimba muti gwa bulamu, naye olulimi olulimba lubetenta omutima. (Engero 15:4)**

Ky'oyogera kikosa emmeeme yo:

> **Akamwa k'omusirusiru ke kamuleetera okuzikirira, era n'emimwa gye mutego eri emmeeme ye. (Engero 18:7)**
>
> **Afuga akamwa ke n'olulimi lwe, yeewoonya emitawaana. (Engero 21:23)**

Ebigambo byo bikosa omubiri gwo gwonna:

> **Olulimi nalwo muliro. Lujjudde obutali butuukirivu bungi okusinga ebitundu ebirala eby'omubiri gwaffe. Lwo omuliro luguggya mu ggeyeena, ne lulyoka lukoleeza omubiri gw'omuntu gwonna ne gwaka ng'oluyiira okumutuusa mu kuzikirira. (Yakobo 3:6)**

Ebigambo byo bikosa obulamu bwo bwonna:

> **Oyo eyeegendereza by'ayogera akuuma obulamu bwe, naye oyo amala googera, alizikirira. (Engero 13:3)**

Abakkiriza balemesa entambula y'amaanyi g'ekigambo kya Katonda mu bulamu bwabwe olw'ebigambo byabwe. Bayogerera mu kululunkana, ebifaananyi, n'ebigambo eby'obusirusiru. Boogera ku biragiro by'abantu okuva ku mazima g'enjiri. Boogera ebigambo ebikyamu ku balala; olugambo, beemulugunya, beenyumiriza, n'e balimba. Boogera ebigambo ebireetawo enjawukana, ebigambo by'okukolima n'obukaawu. Olwo ne beewuunya lwaki tebalina maanyi.

Jjukira: Okutambula kw'amaanyi ga Katonda mu bulamu bwo tekukosebwa maanyi ga kigambo kye gokka, wabula n'amaanyi g'ekigambo kyo.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Ani nsibuko y'ekigambo eky'amaanyi?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Ekigambo kya Katonda ekya "Rhema" kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Ekigambo kya Katonda ekya "Logos" kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Yesu yawangula atya ebikemo bya Sitaani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Funza by'oyize ku kigambo kya Katonda ekyamaanyi n'obuvunaanyizibwa bwo gye kiri mu ssomo lino.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Funza ky'oyize mu ssomo lino ku bukulu bw'amaanyi g'ekigambo kya Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu? "ebigambo byo tebirina kye bikosa ku maanyi go ag'omwoyo…………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Oluberyeberye essuula 1. Wekkaanye amaanyi g'obutonzi agali mu kigambo kya Katonda. Saza ku buli awakozeseddwa ekigambo "Awo Katonda n'agamba."
2. Soma ku maanyi agali ku lulimi lwo mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Enkola ez'omwoyo." Engeri z'okufugamu olulimi lwo zikuweebwa mu lusoma luno.
3. Yesu mu butuufu ayitibwa ekigambo kya Katonda mu ngeri ey'omuntu. Soma Yokaana 1
4. Ekisooka okulagibwa ku kigambo kya Katonda kyawandiikibwa omuntu nga kisangibwa mu Okuva 20:1-17
5. Waliyo ebitundu by'ekigambo kya Katonda bibiri. Amata g'ekigambo n'ennyama y'ekigambo. Amata g'ekigambo ge mazima aganguwa okutegeerebwa. Ennyama y'ekigambo y'enjigiriza y'ekigambo kya Katonda eyoomunda. Ereetawo okukula mu mwoyo. Soma ku bitundu bino mu Abaebbulaniya 5:13-14 ne 1 Peetero 2:2

# ESSUULA EYEKKUMI N'ETTAANO

## ENNONO Y'AMAANYI EYOOMWENDA: AMAANYI G'OBUYINZA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola lwaki olina okubeera wansi w'obuyinza.
- Okuzuula ab'obuyinza Katonda b'atadde mu kkanisa.
- Okuzuula ab'obuyinza Katonda b'atadde mu maka.
- Okunnyonnyola ab'obuyinza Katonda b'atadde gye tukolera.
- Okuwa okujuliza okunnyonnyola oluganda oluli wakati w'abakkiriza n'obuyinza bwa gavumenti.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri Katonda, era n'abafuzi abaliwo Katonda ye yabalonda. (Abaruumi 13:1)**

Okuva ku kutondebwa kw'ensi, Katonda afubye okuleetawo okutabagana okuva mu kavuyo. Engeri emu gy'okolamu kino kwe kutandikawo ebifo by'obuyinza mu buli kanyomero k'obulamu. Obuyinza obusinga era obunene bwe bwa Katonda yennyini, Omwana Yesu Kristo, Omwoyo Omutukuvu.

Katonda era atandiseewo ebifo by'obuyinza ebikoma ku bulamu bwo. Ebifo by'obuyinza bino bikulu bw'oba oyagala amaanyi ag'omwoyo. Bw'oba nga toli bulungi wansi w'obuyinza olwo tolina kulaga buyinza.

**OMUNTU WANSI W'OBUYINZA**

Olunaku lumu e Kaperenawumu, Yesu yayagala okusisinkanako omukulembeze w'abaserikale. Tetuweebwa linnya lya mukulembeze, tumanyako nti yalina omuddu eyali omulwadde. Soma ku mboozi eno mu Matayo 8:5-13 ne Lukka 7:1-10 nga tonneeyongerayo na ssomo lino.

Omukungu yali akolera wansi w'obuyinza bwa Rooma. Era yalina obuyinza nga ye mukulu w'abaserikale ekikumi. Olwa kino, yayanguwa okutegeera enkolagana ey'omwoyo Yesu mweyakoleranga ne kitaawe. Kyefaanaanyirizaako enkolagana ye ey'omubiri ng'omukungu n'omuduumizi we.

Yesu yali musajja ow'obuyinza. Yakoleranga mu buyinza, yasonyiwanga ebibi, yawonya endwadde, yagobanga emizimu, n'akola n'ebyamagero. Naye ne Yesu ku buyinza bwe. Yali wansi wa buyinza bwa kitaawe:

> **Awo Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti, Omwana taliiko ky'akola ku bubwe, wabula ekyo ky'alaba Kitaawe ng'akola. Kubanga ye by'akola n'Omwana by'akola. (Yokaana 5:19)**

**Kubanga nga Kitaawe w'Omwana bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye.**

**Era yamuwa obuyinza okusalira abantu emisango, kubanga ye Mwana w'Omuntu. (Yokaana 5:26-27)**

**Kubanga ekyanzigya mu ggulu kwe kukola ekyo Katonda eyantuma ky'ayagala, so si Nze bye njagala ku bwange. (Yokaana 6:38)**

**...Nze sibayigiriza byange ku bwange, wabula eby'oyo eyantuma. (Yokaana 7:16)**

**Era oyo eyantuma ali nange, tandekanga bw'omu, kubanga bulijjo nkola by'ayagala. (Yokaana 8:29)**

Omukungu yamanya amaanyi n'obuyinza bye yalina, n'olwekyo, yamanya nti kyali kyetaagisa Yesu kugenda waka we okuwonya omuddu we. Yamanya nti Yesu yalina amaanyi agamala okwogera obwogezi ekigambo ne kituukirira. Yesu yasanyukira omukungu olw'okukkiriza okunene kwe yalina era era omuddu we n'awona.

**Buli obuyinza lwe bwolekebwa, wabaawo emitendera gy'ebiragiro. Y'ensonga lwaki Abafalisaayo n'abawandiisi baabuuza Yesu, "Buyinza ki mwokolera ebintu bino?" (Matayo 21:23)**

Buli abantu lwe balaba obulamu nga bujjudde amaanyi, banoonyereza ensibuko yaago.

**YESU WANSI W'OBUYINZA:**

Katonda yanoonya omuntu anaayongerayo obuyinza bwe:

**Ne mpulira eddoboozi lya Mukama ng'abuuza nti, Naatuma ani, era ani anaagenda ku lwaffe? (Isaaya 6:8)**

Katonda alina ekipimo ky'obuyinza bwe kye yawa abasajja n'abakazi ab'endagaano enkadde. Naye okubikkulirwa kw'amaanyi ge n'obuyinza bwe byajjira mu Yesu Kristo. Yamanya nti yalina obuyinza buno:

**Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. (Matayo 28:18)**

Yesu yalaga nti yalina obuyinza:

**Naye mutegeere nga Omwana w'Omuntu alina obuyinza ku nsi okusonyiwa ebibi. Awo n'agamba akoozimbye nti, "Yimirira weetikke akatanda ko, weddireyo ewammwe. (Matayo 9:6)**

Yesu yafuna obuyinza bwe okuva eri Katonda era olwa kino n'awangula buli maanyi n'obuyinza bw'omulabe:

Yesu y'akulira buli maanyi n'obuyinza (Abakolosaayi 2:10) kubanga:

> **N'aggya ebyokulwanyisa ebyo ku bafuzi n'ab'obuyinza ab'omu bbanga, n'abaswaza mu lwatu, n'abawangulira ddala. (Abakolosaayi 2:15)**

Yesu ali wansi w'obuyinza bwa Katonda n'amaanyi amalala. Nga bwe wayize, abakkiriza be bantu abali mu buyinza obw'omwoyo nga bali wansi w'obuyinza.

**OBUYINZA OBWATEKEBWAWO KATONDA**

Wamaze okuyiga nti Katonda y'ensibuko y'amaanyi:

> **Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakolosaayi 1:16)**

Katonda era ge maanyi agali emabega w'obuyinza n'ebifo by'obuyinza by'ataddewo ku nsi:

> **Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri Katonda, era n'abafuzi abaliwo Katonda ye yabalonda. (Abaruumi 13:1)**

Okwongereza ku buyinza bwa Katonda obusukkulumye, abakkiriza bali wansi w'ebifo by'obuyinza by'ataddewo. Muno mulimu obuyinza mu maka, ku kkanisa, ku mirimu, ne mu gavumenti nti.

Buli mbeera ya muntu eyawukana ku y'omulala. Abakyala abasinga tebalina baami. Abantu abamu tebakola era tebalina bakozesa. Tebali mu nkola za buyinza. Naye kyetaagisa okumanya emitendera Katonda gy'ataddewo. Olina okubeera wansi w'obuyinza Katonda gyeyateekawo.

Wooba oli wansi w'obuyinza, oba n'ensibuko ennungamu obuyinza bwo mwe buva. Eky'okulabirako omukyala mu maka afuna obuyinza okuva eri omwami we. Abadyankoni n'abakadde mu kkanisa bafuna obuyinza bwabwe okuva eri abasajja Katonda b'atadde mu kkanisa. Omukozi alina obuyinza obukugiddwa okuva ew'omukozesa. Naye buli muyungiro gw'obuyinza guviira ddala okuva eri ensibuko y'obuyinza nga ye Katonda.

Buli buyinza bwateekebwawo Katonda. Bwe tulondoola ensibuko ya buli buyinza, tukomekereza nga tulaba Katonda. Olwa kino, obujeemu ku buyinza bwa Katonda bulemesa entambula y'amaanyi ga Katonda mu bulamu bwo. Bw'ojeemera abo abali mu buyinza, oba ojeemedde Katonda:

> **Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri Katonda, era n'abafuzi abaliwo Katonda ye yabalonda. Noolwekyo abawakanya abafuzi, bawakanya obuyinza bwa Katonda. Era baba bawakanya kiragiro kye, bwe batyo ne beeretako bokka omusango. (Abaruumi 13:1-2)**

Eri buli muntu ali mu buyinza, olina okubeera wansi w'obuyinza bwa Katonda n'abo Katonda b'atadde waggulu wo. Gino gy'emitendera gy'obuyinza Katonda gy'ataddewo:

**OBUYINZA MU MAKA:**

Omutendera gw'obuyinza ogwasooka okuteekebwawo Katonda gaali maka (Oluberyeberye 1-3). Guno gwe mutendera gw'obuyinza mu maka:

**Abaami:**

Baibuli esomesa nti omwami y'alina okuba omutwe mu maka. Obuyinza bw'omwami mu maka bulina kusinziira ku kwagala:

> **Omusajja gwe mutwe gw'omukazi, nga Kristo bw'ali omutwe gw'Ekkanisa, era ye Mulokozi wagwo. …Nammwe abaami mwagalenga bakyala bammwe nga Kristo bwe yayagala Ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo. (Abaefeeso 5:23, 25)**

**Abakyaala:**

Omukyala alina okuba wansi w'obuyinza bw'omusajja mu kwagala:

> **Abakazi, muwulirenga babbammwe nga bwe muwulira Mukama waffe. (Abaefeeso 5:22)**

**Abazadde:**

Omwami n'omukyala awamu balina obuyinza eri abaana baabwe mu maka:

> **Abaana, muwulirenga bazadde bammwe mu Mukama waffe, kubanga bwe mukola mutyo, mukola kituufu. Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa, eryo lye tteeka erisooka eririmu okusuubiza nti: Bw'onoobanga obulungi, era n'owangula ku nsi. (Abaefeeso 6:1-3)**

Naye abazadde mulabulwa:

> **Nammwe abazadde, temunyigirizanga baana bammwe, wabula mubakuze nga mubagunjula era nga mubayigiriza ebya Mukama waffe. (Abaefeeso 6:4)**

Buli buyinza bulina obuvunaanyizibwa bwawo. Abazadde balina okuteeka mu nkola obuyinza bw'obwa Katonda mu kwagala. Abaami balina okuteeka mu nkola obukulembeze ng'obwa Kristo eri Ekkanisa. Tebalina kuba bakambwe n'okwegulumiza ngabaleetera abakyala baabwe okubaweereza ng'abaddu. Balina okukolagana n'amaka gaabwe nga Yesu bw'akola eri Ekkanisa ye.

Abaami balina okuwuliriza bakyala baabwe, kubanga abakyala birabo okuva ewa Katonda era "abayambi." Omukyala ayinza atya okuba omuyambi w'omwami wewaba nga tewali kuwuliziganya? Waliwo okujuliza kungi mu Baibuli Katonda bwe yalagira abaami okuwuliriza abakyala baabwe (Ibulayimu) ne Katonda bwe yasooka okwogera eri omukyala nga tannayogera na mwami (Manowa). Y'ensonga lwaki kyetaagisa omwami n'omukyala mu maka okuba nga bawuliziganya era nga bakolagana bulungi. Tekikwewunyisa nti ensonga lwaki Katonda yayita Ibulayimu mu buweereza obw'obuvunaanyizibwa kubanga amaka ge gaali mu mbeera nnungi.

Buli mutendera gw'obuyinza gulina okuba nga mulungi era nga gwa kwagala. Naye kino sibwe kiri kubanga obuyinza butyobooleddwa era n'abantu tebaddamu gy'ebuli mu ngeri y'okwagala. Omutendera gw'obuyinza Katonda bwatadde mu maka bukosa nnyo obuweereza. Amaka bwe gaba tegatebenkedde, omuntu aba tasobola kuleetawo bukulembeze bulungamu mu kkanisa ate nga ekkanisa bwe buvunaanyizibwa obusingayo. Eno y'ensonga lwaki Katonda yateekawo amaka agatebenkedde obulungi ng'ekyetaago eky'obukulembeze obulungi mu kkanisa:

> **Noolwekyo Omulabirizi kimugwanira okuba nga taliiko kya kunenyezebwa, nga musajja wa mukazi omu, nga muntu eyeefuga, nga mwegendereza, nga mukwata mpola, ayaniriza abagenyi, era ng'amanyi okuyigiriza.**
>
> **...Ateekwa kuba ng'afuga bulungi amaka ge, abaana be nga bamuwulira, era nga bamussaamu ekitiibwa.**
>
> **Kubanga omuntu atasobola kufuga maka ge, alisobola atya okulabirira ekkanisa ya Katonda? (1 Timoseewo 3:2, 4-5)**
>
> **Omuntu ateekwa okuba nga taliiko kya kunenyezebwa, nga musajja alina omukazi omu, era nga n'abaana baabwe bakkiriza, nga tebalina kibi kiyinza kuboogerwako era nga tebeenyigira mu bikolwa bya buseegu oba mu bujeemu. (Tito 1:6)**

Baibuli era eyogera ku ssaala eziziyizibwa nga waliwo obutali butebenkevu wakati w'omwami n'omukyala.

**OBUYINZA MU KKANISA:**

Bwe twogera ku bifo by'obuyinza ebiri mu kkanisa, tetwogera ku bitongole ebyateekebwawo omuntu. Tetwogera ku njuyi za kukkiriza n'engeri gye beetegekamu, beefunamu oba okulondebwa kw'abakulembeze. Tutegeeza ebifo bya Baibuli Katonda kwasimbye ekkanisa.

Omutwe gw'ekkanisa ye Yesu Kristo n'abakkirizagwe…

> **Kale mwenna awamu muli mubiri gwa Kristo, era buli omu ku mmwe kitundu kyagwo. (1 Abakolinso 12:27)**

Katonda ateeka mu kkanisa ebirabo by'obukulembeze eby'enjawulo:

> **Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. (Abaefeeso 4:11)**

Ebirabo bino eby'obukulembeze Katonda y'abiteekawo mu kkanisa. Bw'ofuuka ekitundu ku kkanisa, olwo oba ozze wansi w'abantu Katonda b'aba ataddewo ng'abakulembeze n'okusinga mu kusseekimu. Abakulembeze bano bayambibwako abakadde n'abadinkoni nga balina okuweereza ku biragiro byabwe. Osobola okusoma ku basajja bano mu 1 Timoseewo 3, ne Tito 1.

Katonda era awa abo abajjudde omwoyo ebirabo by'omwoyo. Ebirabo bino birina okukolera mu kkanisa wansi w'obuyinza bw'abakulembeze olw'okuyigiriza n'olwomulimu gw'obuweereza. Osobola okusoma ku birabo bino mu kitundu wammanga: Abaruumi 12:1-8, 1 Abakolinso 12:1-31, Abaefeeso 4:1-16, 1 Peetero 4:7-11. Osobola okusoma ku birabo bino mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Obuweereza obwa Mwoyo Mutukuvu."

Ekkanisa gwe mubiri gwa Yesu Kristo. Buli muntu mu kkanisa alina obuvunaanyizibwa obw'enjawulo, ng'ebintu byomubiri gw'omuntu bwe biba. Buli kitundu kikolera ku kuluŋŋamizibwa kw'omutwe gw'ekkanisa, Yesu Kristo.

Mu mubiri gw'omuntu, buli kitundu kifuna okuluŋŋamizibwa okuva ku mutwe. Era ky'ekimu ne mu mazima g'omubiri ogw'omwoyo, ogw'ekkanisa. Tewasobola kubaawo bumu mu mubiri omutali buyinza bwa mutwe, Yesu Kristo.

Ebitundu by'omubiri birina okuweerezeganya, nga bwe bikola mu mubiri ogulabika. Okugeza, bwe kituuka ku kusoma mu by'omubiri, eriiso ly'eriba n'obuyinza. Bwe kituuka mu kutambula, ebigere by'ebiba n'obuyinza. Abali mu mubiri ogw'omwoyo balina okwewaayo mu ngeri y'emu buli omu eri munne okusobola okukola obuweereza mu ngeri ennungi.

**OBUYINZA KU MULIMU:**

Baibuli etaddewo enkola y'obuyinza eri abo abakola nga abakozesebwa oba abakozesa. Omukozesa y'abeera Mukama w'omulala, omukulu oba avunaanyizibwa ku bakozi. Omukozi y'oyo abeera yafunibwa okukola ng'alina obuvunaanyizibwa bw'okukola omulimu ogumu. Baibuli esomesa:

> **Abaddu, muwulirenga bakama bammwe ab'omu mubiri nga mubatya era nga mubawa ekitiibwa ng'omutima gwammwe mumalirivu, nga bwe mwamalirira mu Kristo.**
>
> **6 Ekyo temukikola lwa kulabibwa, abantu balyoke babasiime, wabula mukolenga ng'abaddu ba Kristo nga mukola n'omutima gwammwe gwonna, nga Katonda bw'ayagala.**
>
> **Muweerezenga n'omutima omulungi ng'abakolera Mukama waffe so si ng'abakolera abantu.**
>
> **Nga mumanyi ng'ekirungi kyonna omuntu ky'akola, oba muddu oba wa ddembe, Mukama alimusasula empeera ennungi. (Abaefeeso 6:5-8)**

Omulimu gw'omukozi oba omuddu gulina kukolebwa nga eri Mukama kubanga Katonda y'ensibuko y'amaanyi gonna. Ebiragiro era biweebwa omukulu oba akozesa. Enkula y'oyo ali mu buyinza era buli muntu ali mu buyinza eragibwa mu kitundu kino:

> **Era nammwe bakama b'abaddu, muyisenga bulungi abaddu bammwe nga temubatiisatiisa, nga mumanyi nti Mukama waabwe, ye Mukama wammwe, ali mu ggulu era ye tasosola mu bantu. (Abaefeeso 6:9)**

Abakozesa balina okuyisa obulungi abaddu baabwe, nga nabo Katonda bw'abayisa obulungi kuba y'ensibuko y'amaanyi gaabwe.

**OBUYINZA MU GAVUMENTI:**

Okusinziira ku Matayo 20:25-28, enkola y'amaanyi g'ensi si y'emu n'eyobwakabaka bwa Katonda. Naye naffe abakkiriza era abali ekitundu ku bwakabaka bwa Katonda, mu kiseera kino tubeera mu nsi.

Buli omu ku ffe abeera mu kyalo oba ekibuga ekimu ekiri mu nsi ennene, ettwale n'ensi. Buli omu ku ffe ali wansi wa gavumenti y'eggwanga era waliwo amateeka n'abakulembeze ba gavumenti abatusukkulumako n'obuyinza.

Wayize nti Baibuli y'esomesa nga Katonda bw'ali ensibuko y'amaanyi. Abaruumi 13, annyonnyola engeri kino gye kikwatagana n'obuyinza bwa gavumenti. Gendako mu ssuula eno mu Baibuli yo:

Olunyiriri 1. Lusomesa nti Katonda y'ensibuko y'amaanyi gonna era olina okugagondera.

Olunyiriri 2. Lulaga nti bw'owakanya amaanyi gano, mu mazima oba owakanya Katonda.

Olunyiriri 3-4. Zinnyonnyola nti abakulembeze ba gavumenti baba kizibu gy'oli bw'otabagondera. Mu butuufu bagerageranyizibwa ku baweereza ba Katonda.

Katonda aleeta abakulembeze ba gavumenti eri amaanyi era asobola okubaggyako bw'aba ng'ayagadde:

> **Ategeera ebiseera n'ebiro; assaawo bakabaka era aggyawo bakabaka; awa amagezi abagezigezi,era n'okumanyisa abo abategeevu. (Danyeri 2:21)**
>
> **Omusango ogwo gulangiriddwa ababaka, abatukuvu be baasanguza ekisaliddwawo, abalamu balyoke bategeere ng'Oyo Ali Waggulu Ennyo y'afuga obwakabaka bw'abantu, era abuwa buli gw'asiima, era alonda abantu abasemberayo ddala okuba aba wansi okubafuga. (Danyeri 4:17)**

Danyeri ayogera ku Kabaka Nebukaduneeza ataategeera nsibuko y'amaanyi ge agookunsi okutuusa Katonda lwe yamusomesa:

> **Naye omutima gwe bwe gwegulumiza ne gukakanyala olw'amalala ge, yaggyibwa ku ntebe ye ey'obwakabaka, n'ekitiibwa kye ne kimuggyibwako.**
>
> **N'agobebwa mu bantu, n'ebirowoozo bye ne biwaanyisibwa n'aba ng'ensolo ey'omu nsiko, n'abeera wamu n'endogoyi ez'omu nsiko, n'alya omuddo ng'ente, n'omubiri gwe ne gutoba omusulo ogw'eggulu, okutuusa lwe yategeera nga Katonda Ali Waggulu Ennyo, y'afuga obwakabaka bw'abantu, era y'ateekawo buli gw'asiima. (Danyeri 5:20-21)**

Katonda yatuma nnabbi eri Kabaka amaziya okumulagirira ng'ategeka okugenda mu lutalo:

> **Naye ne wabaawo omusajja wa Katonda eyagenda gy'ali n'amugamba nti, "Ayi kabaka, tokkiriza eggye lya Isirayiri okugenda naawe, kubanga Mukama tali wamu ne Isirayiri, talina n'omu gwali naye ku bantu ba Efulayimu.**

**Ate ne bw'onoogenda ng'olowooza nti oli muzira nnyo mu ntalo, Katonda alikuwaayo mu maaso g'omulabe, kubanga Katonda alina obuyinza okuyamba, n'okulekerera. (2 Ebyomumirembe 25:7-8)**

Ennyiriri zino ziraga bulungi nti Katonda y'ateekawo obukulembeze bwa gavumenti. Akola ne mu ntalo ez'ensi ng'ayimusa omu nakkakkanya omulala. Eky'embi, nga ebifo by'obukulembeze bwe bityoboolwa mu maka ne mu kkanisa, ne mu gavumenti bityobooleddwa. Abakulembeze ababi abatalina kisa bafunye obukulembeze mu mawanga mangi. Bagaana okwatula nti Katonda y'ensibuko y'amaanyi gaabwe olwo ne baleetawo okubonaabona mu bakkiriza. Buli gavumenti oba amateeka bwe gakontana n'ekyo Katonda ky'asomesa mu kigambo kye, olwo oteekwa okugondera Katonda so si omuntu. Abayigirizwa bwe baagambibwa nti tebasobola kubuulira mu linnya lya Yesu:

**Naye Peetero n'abatume ne baddamu nti, "Kitugwanira okugondera Katonda okusinga okugondera abantu. (Ebikolwa 5:29)**

Baakimanya nti okusaba kwabwe kwali kukontana n'ekiragiro kya Yesu ekyali eky'okubuulira enjiri eri ensi yonna. Mu bifo ebirala:

**Noolwekyo kibagwanira okuba abawulize, si lwa busungu bwokka, naye n'olw'okumanya nga kye kituufu.**

**6 Era kyemuva muwa omusolo kubanga abakozi abo baweereza ba Katonda nga banyiikirira emirimu gyabwe. 7 Abantu bonna basasulenga ebibabanjibwa; musasulenga emisolo eri abo be muteekwa okuwa omusolo, n'ow'empooza mumuwenga empooza; n'oyo ateekwa okutiibwa mumutyenga, n'oyo ateekwa okuweebwa ekitiibwa mumuwenga ekitiibwa. (Abaruumi 13:5-7)**

Olw'obuvunaanyizibwa bwabwe obw'amaanyi n'obusobozi bw'okuvvoola amaanyi, olina okusaba:

**Era musabirenga bakabaka n'abafuzi abalala bonna, tulyoke tube bulungi nga tuli mirembe, nga tussaamu Katonda ekitiibwa, era nga twegendereza mu buli ngeri. (1 Timoseewo 2:2)**

## AMAANYI GONNA GAAFUUKA GA KATONDA

Katonda y'ensibuko y'amaanyi gonna mu nsi ey'omubiri n'eyomwoyo. Amaanyi gonna gatuweebwa ye. Yaleka amaanyi gano okutandikawo enkola eno mu maka, mu kkanisa, mu butale, mu bitundu byaffe ne mu ggwanga. Naye lumu alijja ne yeddiza amaanyi gonna ge yabawa:

**Olwo enkomerero n'eryoka etuuka, Kristo n'akwasa Katonda Kitaawe obwakabaka; Kristo ng'amaze okuzikiriza obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna era n'amaanyi gonna. (1 Abakolinso 15:24)**

**Katonda bw'alimala okussa byonna mu buyinza bwa Kristo, olwo Kristo yennyini, Omwana we, n'alyoka afugibwa Katonda eyamuwa okufuga byonna. Era olwo Katonda n'alyoka afugira ddala byonna. (1 Abakolinso 15:28)**

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Lwaki olina okuba wansi w'obuyinza okutuukiriza obuyinza bw'olina?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola engeri Yesu gye yali omusajja w'obuyinza obuli wansi w'obuyinza.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
4. Funza by'oyize ku bifo by'obuyinza obwa Katonda by'atandiseewo mu kkanisa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Funza bye wayize ku bifo by'obuyinza bwa Katonda by'atadde mu maka.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Nnyonnyola enkola y'obuyinza Katonda gy'ataddewo mu nkolagana ey'omulimu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Leetayo okujuliza kwa Baibuli okunnyonnyola enkolagana y'abakkiriza eri obuyinza bwa gavumenti.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Bw'owakanya obuyinza bwabakusingako, ani gw'oba olwanyisa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Ebikolwa 6:1-6 ng'ekyokulabirako ky'obuyinza obukolera mu ntegeka y'ekkanisa. Funza by'oyize mu kitundu kino:

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________

2. Mu Abafiripi 4:2, Paulo yasaba emirembe giteekebwewo wakati wa Ewudiyo ne Sintiko. Tetubuulirwa nkula ya kafubo kano, naye buli lwe wabaawo obuzibu bwe buti, omuntu omu aba tagondera buyinza.
3. Soma 1 Samwiri 13. Mu mboozi eno, Kabaka Saulo yayagala obuyinza obutaali bubwe nga Kabaka. Yawaayo ssaddaaka ezaalina okuweebwangayo ba nnabbi ba Katonda bokka.
   Soma 1 Samwiri 15. Wano, Kabaka Saulo yawakanya ebiragiro bya Katonda ng'atereka ebimu ku bye baali banyaze ku Bameleki.
   Biki ebyava mu kuwakana kwa Saulo? (Laba 1 Samwiri 13:13-14 ne 15:26)

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________

4. Soma Yokaana 19:10-11. Piraato yalowooza yalina obuyinza obusinga obwa Yesu. Kino kyali kituufu?

   ______________________________________________________________________________

5. Funza ebiragiro ebiweebwa omwami n'omukyala mu 1 Abakolinso 7.

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________

6. Soma Ebikolwa 23, Engeri Paulo gye yagondera obuyinza obwaliwo bwe yamanya nti omuntu gwe yali ayogerako yali kabona wa Katonda. Yakola atya?

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________

# ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUKAAGA

## ENNONO Y'AMAANYI EY'EKKUMI: AMAANYI G'OKUZUUKIRA KWE

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola okuzuukira.
- Okunnyonnyola omugaso gw'okuzuukira kwa Yesu.
- Okufunza enkola y'amaanyi g'okuzuukira mu bulamu bw'omukkiriza.
- Okuzuula ensibuko y'amaanyi ag'okuzuukira.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe. (Abafiripi 3:10)**

### ENNYANJULA

Paulo yayogera ku maanyi g'omwoyo agaasisinkanibwa mu ngeri ebbiri okuyita mu Yesu:

> **Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe. (Abafiripi 3:10)**

Essuula eno etunuulidde amaanyi ga Yesu Kristo ag'okuzuukira agali mu bakkiriza. Essuula eddako ekwata ku maanyi g'okusseekimu n'okuzuukira kwe. Tewali ssomo sitaani lyakyawa nga okuzuukira kwa Yesu, kiraga nga bw'atasobola kuwangula nteekateeka ya Katonda okusinziira ku byaliwo ebiragibwa mu Baibuli.

### OKUNNYONNYOLA OKUZUUKIRA

Amakulu g'ekigambo "okuzuukira" kwe kuva oba okugolokoka okuva mu kufa n'oddamu okuba omulamu.

### OKUZUUKIRA KWA YESU KRISTO

Oluvannyuma lw'okufiirira ekibi by'abantu, Yesu yazuukizibwa Katonda okuva mu bafu:

> **Bwe mutyo ne mutta aleeta obulamu; oyo ye Katonda yamuzuukiza mu bafu, era ffe bajulirwa. (Ebikolwa 3:15)**

> **Bwe mwabatizibwa, mwaziikibwa wamu naye, ate ne muzuukizibwa wamu naye olw'okukkiriza kwammwe mu maanyi ga Katonda eyamuzuukiza mu bafu. (Abakolosaayi 2:12)**

**Mu ye, mwe mwayita okukkiriza Katonda eyamuzuukiza mu bafu, n'amuwa ekitiibwa, era okukkiriza kwammwe n'okusuubira kwammwe kyebivudde binywerera ku Katonda. (1 Peetero 1:21)**

Osobola okusoma emboozi y'okuzuukira kwa Yesu mu Matayo 28, Makko 16, Lukka 24 ne Yokaana 20

**OMUGASO GW'OKUZUUKIRA KWA YESU**

Okuzuukira kwa Yesu mazima ag'amaanyi kubanga kwa nkizo mu kukkiriza kwaffe:

**Kale obanga tewali kuzuukira kwa bafu ne Kristo teyazuukizibwa.**

**Era obanga Kristo teyazuukizibwa, bye tubategeeza tebiriimu, era n'okukkiriza kwammwe tekuliiko kye kugasa. (1 Abakolinso 15:13-14)**

Okukkiriza mu kuzuukira kwa Yesu kyetaagisa olw'obulokozi:

**Bw'oyatula n'akamwa ko nti, Yesu ye Mukama, n'okkiriza n'omutima gwo nga Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka. (Abaruumi 10:9)**

Okuzuukira kukakasa nti abakkiriza batuukiriziddwa:

**Kristo yaweebwayo okuttibwa olw'ebibi byaffe, n'azuukizibwa tulyoke tuweebwe obutuukirivu. (Abaruumi 4:25)**

Okuzuukira kitegeeza nti okufa kuwanguddwa:

**Olw'okubanga abaana balina omubiri n'omusaayi, naye yalina omubiri n'omusaayi, alyoke azikirize oyo alina amaanyi ag'okufa, ye Setaani. (Abaebbulaniya 2:14)**

Okuzuukira kwa Yesu kukakasa nti yasinga ebitonde byonna:

**Njagala mutegeere amaanyi ge agasukkiridde agakolera mu ffe abakkiriza, ng'okukola kw'obuyinza bw'amaanyi ge bwe kuli.**

**Amaanyi ago ge yakozesa mu Kristo bwe yamuzuukiza mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo waggulu mu ggulu.**

**Waggulu eyo, Kristo gy'afugira obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna, n'amaanyi gonna, n'obwami bwonna, na buli kitiibwa kyonna ekiweebwa omuntu. Afugira mu mulembe guno, era alifugira ne mu mulembe ogugenda okujja.**

**Katonda atadde ebintu byonna wansi w'ebigere bye, n'afuula Kristo omutwe gw'ebintu byonna eby'ekkanisa. (Abaefeeso 1:19-22)**

Okuzuukira kukakasa Yesu nti yali mwana wa Katonda:

> **Eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 1:4)**

**OKUZUUKIRA OKULIJJA**

Baibuli eyogera ku biro ebirijja nga ensi eno yonna bw'erituuka ku nkomerero. Mu kiseera ekyo wajja kubaawo kuzuukira kw'abafu. Abo abaafiira mu kukkiriza balizuukizibwa eri obulamu obutaggwaawo. Abo abaafa nga tebakkiriza bajja kuzuukizibwa eri okusalirwa omusango era banenyezebwe nga baweebwa ekibonerezo eky'olubeerera.

Osobola okusoma ku kuzuukira okulijja mu 1 Abakolinso 6:14, 15:1-58, 1 Abasessaloniika 4:13-18, Yokaana 5:28-29, 2 Abakolinso 4:14, Okubikkulirwa 20:4-6. Osobola okusoma ku kuzuukira okulijja mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Emisingi gy'okukkiriza."

**AMAANYI G'OKUZUUKIRA AGALIWO**

Kituufu nti olumu tulisisinkana okuzuukira okuva mu bafu, naye amaanyi g'okuzuukira tegaterekeddwa lwa bya mu maaso byokka. Amaany ago gayinza okulabikira abakkiriza ne kati.  Okuzuukira y'ensibuko y'amaanyi ag'omwoyo kati kubanga kukuwa:

1. **ESSUUBI EPPYA:**

Essuubi olifuna kuyitira mu maanyi ag'okuzuukira. Obulamu bwo tebujja kukomekkerezebwa mu ntaana. Olina obulamu obutaggwaawo.

> **Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo atenderezebwe. Olw'okusaasira kwe okungi twazaalibwa mu bulamu obulina essuubi omulundi ogwokubiri, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bafu. (1 Peetero 1:3)**

Essuubi kintu ky'amaanyi nnyo. Awatali ssuubi, abantu baggwaamu amaanyi era ne bakoowa. Amaanyi g'okuzuukira gakuuma essuubi eddamu.

2. **OBULAMU OBUPYA:**

Bw'okkiriza Yesu ng'omulokozi wo, ozuukizibwa okuva mu kufo okw'omwoyo okw'ekibi eri obulamu obw'omwoyo:

> **Mwali mufudde olw'ebyonoono byammwe ne mu butakomolebwa bwammwe obw'okwegomba kw'omubiri. Katonda n'abafuula balamu wamu ne Kristo, ffenna bwe yatusonyiwa ebyonoono byaffe byonna. (Abakolosaayi 2:13)**

Okuzuukira kw'omwoyo kuvaamu okufa eri kibi. Okuyita mu maanyi g'okuzuukira, osobola okubeera n'obulamu obupya. Tobeera nga bwe wali. Oba ofudde eri ebintu ebibi eby'ensi eno ng'oli mulamu mu Yesu.

Tosobola kubeera mu bulamu buno obupya ng'okolerera okwerongoosa. Tosobola kubeera mu bulamu buno na maanyi go, obubeeramu olw'amaanyi ag'okuzuukira:

> **Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okuba abaafiira ddala eri ekibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu.**
>
> **Noolwekyo ekibi kiremenga okufuga omubiri gwammwe ogufa, nga mugondera okwegomba kwagwo.**
>
> **Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okukozesebwa ebitali bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe bikozesebwe eby'obutuukirivu eri Katonda.**
>
> **Temukkiriza kibi kwongera kubafuga, kubanga temukyafugibwa mateeka, wabula ekisa kya Katonda. (Abaruumi 6:11-14)**

Okufuba kwe musanga kuli wakati w'okufa okw'omwoyo n'obulamu obukolera mu ggwe. Amaanyi g'okuzuukira gawangula etteeka ly'ekibi n'okufa era gakuwa eddembe okuva mu busibe obw'omwoyo. Yesu yagamba:

> **Omubbi ky'ajjirira kwe kubba n'okutta n'okuzikiriza. Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu. (Yokaana 10:10)**

Si bulamu butaggwaaawo bwokka obulijja, naye obulamu obw'omuyiika obuliwo bubwo olw'amaanyi ag'okuzuukira.

### 3. OMUKULU W'OBULAMU OMUPYA:

Okuzuukira okw'omwoyo kufuula Yesu okuba omukulu w'obulamu bwo. Mu kifo ky'okubeerawo ku lulwo, obeerawo okumuweereza:

> **Yafiirira abantu bonna; abalamu balemenga okubeera abalamu ku bwabwe bokka, wabula ku bw'oyo eyabafiirira era n'azuukira. (2 Abakolinso 5:15)**

Amaanyi gajja olw'okutegeera ekifo kyo olw'okuzuukira. Oli muweereza wa Katonda omulamu. Tokyali muddu wa sitaani.

### 4. EKIRUUBIRIRWA KY'OBULAMU OBUPYA:

Ekiruubirirwa ky'obulamu obupya kiva ku kuzuukira kw'omwoyo. Mu kifo ky'okufaayo ku bintu eby'akaseera obuseera eby'ensi, ng'ebintu by'olina, ebiruubirirwa byo n'ebirala, osaanye otunuulire ebyo ebitaggwaawo:

> **Nga bwe mwazuukirira awamu ne Kristo, munoonyenga ebintu ebiri mu ggulu, Kristo gy'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.**
>
> **Mulowoozenga ku ebyo ebiri mu ggulu, so si ebiri ku nsi.**
>
> **Kubanga mwafa era n'obulamu bwammwe bukwekeddwa mu Kristo mu Katonda. (Abakolosaayi 3:1-3)**

Ebintu ebikalu eby'ensi tebifuga mukkiriza afunye amaanyi g'okuzuukira. Embeera z'ensi tezimuwangula. Okusisinkana amaanyi g'okuzuukira kimuwa endowooza n'ebiruubirirwa ebipya.

5. **OKWANGUYIZIBWA OKUPYA:**

**Era obanga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu abeera mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu, alifuula emibiri gyammwe egifa okuba emiramu ku bw'Omwoyo we abeera mu mmwe. (Abaruumi 8:11)**

Ekigambo "Okwanguyizibwa" kitegeeza okufuula ekiramu oba okwambazibwa obulamu. Katonda yatufuula abalamu bwe yatujja mu kibi:

**Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe ne mu bibi byammwe. (Abaefeeso 2:1)**

Naye era ayagala okwanguyiriza omubiri gwo ogufa. Katonda ayagala ayambaze omubiri gwo ogufa n'amaanyi ag'okuzuukira:

**Naye kaakano tulina ekyobugagga kino mu bibya eby'ebbumba, okulaga nti obuyinza bwonna bwa Katonda, so si bwaffe. (2 Abakolinso 4:7)**

Bw'oba wakkiriza Yesu ng'omulokozi wo era ng'ojjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, awo amaanyi agaazuukiza Yesu mu bafu gaba gali mu ggwe. Obulamu bwo obukulukuta bukwanguyiriza awamu n'amaanyi ag'okuzuukira.

**ENSIBUKO Y'AMAANYI AG'OKUZUUKIRA**

Ensibuko y'amaanyi gano ag'okuzuukira mu bulamu bw'omukkiriza gali mu Yesu. Yagamba:

**…Nze kuzuukira n'obulamu; akkiriza nze newaakubadde ng'afudde, aliba mulamu. (Yokaana 11:25)**

Ng'obulamu obwabulijjo bwe buli musaayi, obulamu bw'omwoyo buli mu musaayi gwa Yesu. Ng'omusaayi gwa bulijjo bwe gutambula mu misuwa, obulamu bw'okuzuukira butambula okuyita mu mwoyo. Otambulira mu maanyi g'okuzuukira kwe kati. Mu bulamu bwo obw'obukristaayo bulijjo? Mu buweereza bwo? Weefunire ku ntambula y'obulamu eno leero.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola "Okuzuukira"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Funza omugaso gw'okuzuukira kwa Yesu okuva mu bafu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu: "Amaanyi g'okuzuukira gasobola okufunibwa oyo omukkiriza mu biro ebirijja ng'amaze okuzuukira mu bafu" Enjogero eno…………………………………………………….
5. Funza ekiruubirirwa kyamaanyi g'okuzuukira mu bulamu bw'omukkiriza obuliwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Ani nsibuko y'amaanyi g'okuzuukira mu bulamu bw'omukkiriza?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yesu teyagendako mu nnyimbe, yaberanga awali okuzuukira:
- Omwana w'omukazi w'e Nayini (Lukka 7:11-17)
- Muwala wa Yayiro: Makko 5:35-43
- Lazaaro: Yokaana 11:1-46
- Yennyini: Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, Yokaana 20.
2. Okubuulira ku kuzuukira, kitundu kya mugaso nnyo ku bubaka bw'enjiri: Ebikolwa 4:2, 17:18, 32, 1 Abakolinso 15:1-8, 14, 19-22
3. Ibulayimu yabeerawo emyaka mingi nga Yesu Kristo tannazuukira, kyokka yafuna amaanyi g'okuzuukira. Soma ku kino mu Abaruumi 4:16-24
4. Erisa yalina amaanyi gano kuba omusajja eyasuulibwa mu ntaana ye okumala emyaka yazuukira! Yalina amaanyi mangi mu magumba ge okusinga bangi ku ffe bwe tuli mu bulamu bwaffe: 2 Bassekabaka 13:20-21

# ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUSANVU

## ENNONO Y'AMAANYI EY'EKKUMU N'EMU

### AMAANYI G'OKUBONAABONA

**EBIGENDERERWA:**

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensibuko y'okubonaabona
- Okuleetayo engeri ttaano omuyita okubonaabona.
- Okufunza obukulu bw'okubonaabona mu bulamu bw'omukkiriza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Kubanga newaakubadde nga yakomererwa mu bunafu, kyokka mulamu mu maanyi ga Katonda. Naffe tuli banafu mu mibiri gyaffe nga tuli mu ye, naye tuliba balamu mu ye olw'amaanyi ga Katonda olw'omulimu gwe tukola mu mmwe. (2 Abakolinso 13:4)**

**ENNYANJULA**

Essuula eddako ennyonnyodde ennono y'amaanyi ebbiri eziri mu Abafiripi 3:10:

> **Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe. (Abafiripi 3:10)**

Essuula ey'ekkumu n'omukaaga eraze amaanyi agali mu kuzuukira mu bulamu bw'omukkiriza. Essuula eno ekutte ku maanyi agali mu kusseekimu kw'okubonaabona. Paulo yagamba:

> **Kubanga newaakubadde nga yakomererwa mu bunafu, kyokka mulamu mu maanyi ga Katonda. Naffe tuli banafu mu mibiri gyaffe nga tuli mu ye, naye tuliba balamu mu ye olw'amaanyi ga Katonda olw'omulimu gwe tukola mu mmwe. (2 Abakolinso 13:4)**

Tulaba okubonaabona okuyita mu ndowooza y'omuntu. Okusinziira ku ndowooza y'omuntu, omusaalaba gwa Yesu kwali kwonoona maanyi n'obulamu bw'ekikungu. Naye mu ndowooza ya Katonda, y'engeri eyali esingayo okwolesa amaanyi omuva okulokolebwa kw'omuntu.

Paulo yategeera ennono eno ey'omugaso ennyo ey'amaanyi g'omwoyo. Amaanyi ga Katonda galagibwa mu bunafu. Y'ensonga lwaki yagamba:

> **Buli mulundi ng'aŋŋamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe.**

> **Kyenva nsanyukira mu bunafu, mu kuvumibwa, mu bizibu, mu kuyigganyizibwa, mu binzitoowerera, ku lwa Kristo, kubanga buli bwe mba omunafu, olwo nga ndi wa maanyi. (2 Abakolinso 12:9-10)**

Tetulaba maanyi mu bunafu yadde okulemererwa. Eno ndowooza mbi eri abantu abasimbye okukkiriza kwabwe ku musaalaba. Yesu yafuna okuzuukira ng'amaze okubonaabona. Amaanyi g'okuzuukira gajja okuyita mu kusseekimu n'okubonaabona kwe.

Amaanyi g'omwoyo amatuufu tegalagibwa awatali kubonaabona, bizibu n'okukaaba wabula wakati mu byonna. Amaanyi gakyusa ensi kye yali eyita ekizibu ne kifuuka omukisa.

## ENSIBUKO Y'OKUBONAABONA

Katonda teyatonda kubonaabona. Kwayingira mu nsi okuyita mu kibi ky'omuntu ekyaleetebwa Sitaani (Oluberyeberye 3). Omuntu bwe yeewaayo eri ekikemo kya Sitaani n'agwa mu kibi, okubonaabona ne kuyingira ensi. Ekibi ekyaviraako okubonaabona kwonna, kisobola okuteeberezebwa ku yakireeta, Sitaani. Wadde waliwo engeri nnyingi okubonaabona gye kuyingira obulamu, okubonaabona kwonna kusobola okuteeberezebwa okuva mu nsibuko yaakwo.

N'essanyu, mu bulamu bw'omukkiriza, Katonda asobola okuggyawo okubonaabona, Sitaani kw'ateekawo ng'agenderera ekibi n'akifuula ekirungi okusobola okutuukiriza ebiruubirirwa bye. Kisobolera ddala okubeera eky'omukisa amaanyi ga Katonda okubeera nga goolesebwa mu bulamu bwo.

## ENSONGA Z'OKUBONAABONA

Baibuli erina bingi byeyogera ku kubonaabona, ebizibu n'okunyigirizibwa. Mu kufunza ky'esomesa, tuzuula engeri ssatu okubonaabona bwe kuyinza okuyingira obulamu bw'omukkiriza. Okubonaabona kwonna kw'osanga kugwa mu emu ku ngeri zino:

### OKUVA ERI ABAKWETOOLODDE:

Okubonaabona n'embeera enzibu eri mu bulamu biyinza okuva ku abo abakuli okumpi. Yusuufu ky'ekyokulabirako ky'ekika ky'okubonaabona kino. Awataali nsobi ye, Yusuufu yatundibwa bagandabe eri Missiri, yasibibwa mu by'obulimba eyali mukyala wa Potifa, era yeerabirwa abo be yagamba ng'ali mu kkomera. Naye wuliriza bwe yaddamu. Yusuufu yagamba:

> **Naye kaakano temuggwaamu mwoyo, oba temwekubagiza olw'okuntunda wano, kubanga Katonda yantuma mbasookeyo nsobole okuwonya obulamu.**
>
> **...Noolwekyo si mmwe mwansindika wano, wabula Katonda; era anfudde kitaawe wa Falaawo, era mukama w'ennyumba ye era omufuzi w'ensi yonna ey'e Misiri. (Oluberyeberye 45:5, 8)**

**EMBEERA Z'OBULAMU:**

Engeri y'okubonaabona eyookubiri ejja gy'oli okuyitira mu mbeera z'obulamu. Kino kiragibwa n'ebyo Nawume bye yayitamu ebiragibwa mu kitabo kya Luusi mu Baibuli. Yanakuwala nnyo olw'okufa kw'omwami we n'abaana be.

Okutuusa Yesu lw'alidda omulabe w'okufa alinnyibwe ku nfeete, naye okufa kitundu ku bulamu. Okufa kwayingirawo olw'ekibi ky'omuntu eyasooka era mbeera ya mubiri ffenna gye tulina okusisinkana, "kyaweebwa omuntu okufa omulundi gumu" (Abaebbulaniya 9:27)

Nawume bwe yafuna embeera z'obulamu zino enzibu yagamba, "Temuddamu kumpita Nawume (ekitegeeza ow'omukisa), naye mumpite Mara (Litegeeza bukaawu)

**OBUWEEREZA BWO:**

Ensonga yokusatu olw'okubonaabona kwo eri lwa buweereza bwo eri Mukama. Endagaano empya eyogera ku kubonaabona ku lw'erinnya lye (Ebikolwa 9:16), ku lwa Kristo (Abafiripi 1:29), ku lw'obwakabaka bwa Katonda (2 Abasessaloniika 1:5), ku lw'enjiri (2 Timoseewo 1:11-12), ku lw'okubeera obulungi (1 Peetero 2:19-20, 3:17), ku lw'obutuukirivu (1 Peetero 3:14), ng'omukristaayo (1 Peetero 4:15-16), n'okusinziira ku kwagala kwa Katonda (1 Peetero 4:19)

Omutume Paulo ky'ekyokulabirako ky'okubonaabona olw'obuweereza. Abantu abamu balaba okubonaabona ng'akabonero k'okulemererwa oba obutaba na kukkiriza. Kino bwe kiba ekituufu, olwo omutume Paulo teyalina kukkiriza era y'eyasinga okulemererwa mu byafaayo by'ekkanisa.

Paulo yagamba nti bwe yali mu Asiya nti yakubibwa nnyo kata afe (2 Abakolinso 1:8). Awaayo ekifaananyi eky'enjawulo ku ky'omubuulizi w'enjiri ali mu ssanyu ng'asuubiza abakkiriza mirembe na kuyitimuka byokka awatali kirala.

Paulo bwe yasooka okuyitibwa Katonda ku lw'obuweereza, yagambibwa ebintu ebinene bye yalina okusisinkana ku lwa Mukama (Ebikolwa 9:16). Paulo kye yakola kwe kwewaayo n'agumira okubonaabona. "Okufiirwa ebintu byonna awangule abamu eri Kristo." Yawandiikira abakkiriza nti, "Mwe tekibaweereddwa lwa kukkiriza kwokka naye olw'okubonaabona." (Abafiripi 1:29)

Paulo teyali yekka ng'abonaabona olw'obuweereza. Ekkanisa yonna yabonaabona mu biro bye ndagaano empya (Ebikolwa 8). Abaebbulaniya 11, alaga emboozi ku kubonyabonyezebwa okumu okwasukkirira kwe baagumira. Abasajja n'abakazi bangi abaalina okukkiriza baanunulibwa amaanyi ga Katonda. Enzigi z'ekkomera zaggulwa ne bafuluma. Baasalirwa ogw'okufiira mu kikoomi naye baakomekkereza bafulumyemu nga tebayidde wadde.

Naye abamu ku bakkiriza bano, era abayitibwa abasajja n'abakazi ab'okukkiriza, tebaafuna kununulibwa ng'okwo. Baasibibwa, baanyigirizibwa, baatulugunyizibwa era ne battibwa olw'okujulira kwabwe ku njiri (Abaebbulaniya 11:36-40). Tutunuulira okukkiriza okulamu naye Katonda atubikkulira amaanyi ge mu kubeera n'okukkiriza. Kuno kwe kukkiriza okusigala nga kutuufu mu biro ebibi, so si mu biro ebirungi ng'obununuzi obw'amaanyi bulagiddwa.

**OMULIMU GWA SITAANI BUTEREEVU:**

Okubonaabona kusobola okuyingira mu bulamu bwo olw'omulimu gwa Sitaani ogujja butereevu. Ekiraga kino kyali mu kitabo kya Yobu. Ekitabo kino kiwa ekibuuzo, "Lwaki abatuukirivu babonaabona? Okujulira kwa Katonda eri Yobu kwalina kuba nti yali musajja mutuukirivu (Yobu 1-2). Yobu teyabonaabona lwa kuba nti yali ayonoonye, nga mikwano gye bwe gyagamba. Bakkiriza nti, singa Yobu yeenenya, embeera ye yandikyuse.

Mikwano gye gyagezaako okusabanga Katonda okusinziira ku ekyo omuntu omu kye yayitamu. Kiringa ky'ekimu okugamba nti olw'okuba Katonda yataasa Peetero mu kkomera. Kino si kituufu, bangi battibwa mu kkomera wadde baalina okukkiriza okw'amaanyi n'obulamu omutali kibi.

Tulina okubeera abeegendereza bwe tulaba abalala nga babonaabona tuleme kugamba nti baayonoona oba tebalina kukkiriza. Baibuli esomesa nti omuntu omwonoonyi akungula obukaawu kubanga yasiga mu mubiri ogwonooneka (Abaggalatiya 6:8). Naye okusiga n'okukungula tebisobola kukozesebwa kunnyonnyola kubonaabona kw'omuntu atalina nsobi.

Yobu teyabonaabona nti yalina kye yakola. Yobu yali musajja mutuukirivu. Kuno kwe kwali okujulira kwa Katonda ku Yobu, okujulira kwa Yobu yennyini, ne kye yali mu bantu. Emabega wa byonna mu nsi ey'omwoyo ye waava okubonaabona kwa Yobu. Waaliyo olutalo olw'omwoyo olugenda mu maaso mu mutima, mu ndowooza ne mu Yobu munda.

Waliyo olutalo olw'omwoyo olugenda mu maaso mu ggwe. Olutalo olwo lulagibwa mu mbeera enzibu z'osisinkana mu nsi eyoomubiri.

Amazima amalala agalabikira mu kubonaabona kwa Yobu ge gano nti tewali kiyingira bulamu bwa mukkiriza nga Katonda takimanyi. Katonda si yakuleetera okubonaabona, kuteekebwawo Sitaani, naye ekkomo yaakwo Katonda yakugera. Amaanyi ga Katonda gasinga ku ga Sitaani, era ojja kufuna obuwanguzi bwe weeyongera okumwesiga.

**EKIBI KYO:**

Engeri y'okutaano eraga okubonaabona bwe kuyingira mu bulamu bwo ky'ekibi kyo. Yona ky'ekyokulabirako ky'okubonaabona bwe kuti. Olw'obutagondera kigambo kya Katonda, Yona yakwata ekkubo erikyamu eritaali ly'e Nineevi gye yali alagiddwa okugenda abuulire okwenenya. Yasisinkana omuyaga ogwamaanyi era yakkomekkereza ali mu lubuto lwa ky'ennyanja olw'ekibi kye (Yona 1-2)

Obuzibu bulina okutunuulirwa nga okuyitibwa okwekebera mu makubo go era okebere omutima gwo eri Katonda. Oyinza okuba ng'obonaabona olw'ekibi kyo. Baibuli eraga nti Katonda agolola abatatambulira mu kugondera kigambo kye. Okugolola kitegeeza okukwasiza empisa:

Okukangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu, kuba kwa bulumi, naye oluvannyuma kuleeta ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa, era ekivaamu bwe butuukirivu.(Abaebbulaniya 12:11)

Katonda akozesa okubonaabona okukutereeza n'okukomyawo mu kwagala kwe eri obulamu bwo:

> **Bwe wali tonnambonereza nakyama nnyo, naye kaakano ŋŋondera ekigambo kyo...Okubonerezebwa kwangasa, ndyoke njige amateeka go...Mmanyi, Ayi Mukama, ng'amateeka go matukuvu, era wali mutuufu okumbonereza. (Zabuli 119:67, 71, 75)**

**ENDOWOOZA ENNUNGI KU KUBONAABONA**

Ebizibu tekikola nga kabonero ka kuba nti oyonoonye. Baibuli eraga "Ebibonyoobonyo by'omwonoonyi by'ebingi." (Zabuli 34:19)

Bw'obonaabonera ebitaliimu oba olw'obuta kibi kyo, olina okukuuma endowooza ennungi eri okubonaabona. Okugezesebwa kw'obwomwoyo wo kulabikira mu ngeri gy'oddamu mu lunaku olw'okunyigirizibwa.

> **Bw'oyongobera mu kiseera eky'ebizibu, olwo ng'olina amaanyi matono. (Engero 24:10)**

Baibuli ennyonnyola endowooza gy'olina okuba nayo ng'omukkiriza mu kwagala kwa Katonda. Tolina kuswazibwa:

> **Naye bw'abonyaabonyezebwa olw'okuba Omukristaayo aleme kukwatibwa nsonyi, wabula yeebazenga Katonda olw'okuba owa Kristo. (1 Peetero 4:16)**

Olina okuwaayo emmeeme yo (okubonaabona kwo) eri Katonda, omanye nti byonna abikola ku lw'obulungi bwo:

> **Noolwekyo abo ababonaabona olw'okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala, basaanidde okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda waabwe omwesigwa, bakole obulungi. (1 Peetero 4:19)**

Olina okubeera omusanyufu bw'obonaabona olw'okwagala kwa Katonda:

> **Abatume ne bava mu Lukiiko nga basanyuka kubanga baasaanyizibwa okukwatibwa ensonyi n'okubonaabona olw'Erinnya. (Ebikolwa 5:41)**

Paulo agamba, olina okubeera:

> **Nga musanyukira mu kusuubira, nga mugumiikiriza mu kubonaabona era nga munyiikira mu kusaba.(Abaruumi 12:12)**
>
> **Tutegana nga tukola emirimu n'emikono gyaffe; tusabira emikisa abo abatukolimira; bwe tuyigganyizibwa tugumiikiriza. (1 Abakolinso 4:12)**
>
> **Naye mu buli kintu tweyoleka nga tuli baweereza ba Katonda, mu kugumiikiriza okungi okw'okubonaabona, mu bizibu byonna ebya buli ngeri, ne mu kunyolwa. (2 Abakolinso 6:4)**

**Noolwekyo tokwatibwa nsonyi kwogera ku bya Mukama waffe, wadde ku nze omusibe we, wabula naawe bonaabona olw'Enjiri ng'oyambibwa amaanyi ga Katonda. (2 Timoseewo 1:8)**

**waleme okubaawo n'omu aterebuka olw'okuyigganyizibwa kwe mwalimu. Mmwe mwennyini mumanyi nti ekyo kye twayitirwa. (1 Abasessaloniika 3:3)**

**Naye ggwe weefugenga mu bintu byonna, ogumirenga ebizibu, ng'okola omulimu ogw'omubuulizi w'enjiri, ng'otuukiririza ddala obuweereza bwo.(2 Timoseewo 4:5)**

Tolowooza bubi bw'osisinkana okubonaabona:

**Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijjo.**

**Kyokka musanyuke kubanga mugabanye ku kubonaabona kwa Kristo, mulyoke mujjule essanyu, ng'ekitiibwa kye kirabise. (1 Peetero 4:12-13)**

Paulo afunza endowooza ennungi eri okubonaabona bw'annyonnyola:

**Noolwekyo tetuterebuka, kubanga newaakubadde ng'emibiri gyaffe gifa, naye omuntu waffe ow'omunda adda buggya bulijjo.**

**Kubanga okubonaabona kwaffe okutono okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okututeekerateekera ekitiibwa eky'amaanyi eky'emirembe n'emirembe.**

**Noolwekyo tetutunuulira bintu ebirabika naye ebintu ebitalabika, kubanga ebintu ebirabika bya kiseera buseera, naye ebyo ebitalabika bya mirembe na mirembe. (2 Abakolinso 4:16-18)**

Paulo alaba okubonaabona ng'omuweereza. Yagamba kikola ku lw'obulungi.

## AMAANYI OKUYITA MU KUBONAABONA

Jjukira, Katonda si yaleeta okubonaabona. Okubonaabona kuli mu nsi olw'ekibi. Naye Katonda akozesa okubonaabona ng'engeri y'okulaga amaanyi ge.

### OKUVA KU KIBI OKUDDA ERI EKIRUNGI:

Katonda afuula ekyagendererwa okuba ekibi ne kifuuka ekirungi. Akinunula okumaliriza ekiruubirirwa kye. Yusuufu yagamba baganda be abaali baanutunda mu buddu:

**Naye kaakano temuggwaamu mwoyo, oba temwekubagiza olw'okuntunda wano, kubanga Katonda yantuma mbasookeyo nsobole okuwonya obulamu.**

**...Noolwekyo si mmwe mwansindika wano, wabula Katonda; era anfudde kitaawe wa Falaawo, era mukama w'ennyumba ye era omufuzi w'ensi yonna ey'e Misiri. (Oluberyeberye 45:5, 8)**

Sitaani yaleetera baganda be okubonyaabonya Yusuufu, naye Katonda n'akikozesa ku lw'obulungi. Wadde waaliwo embeera embi, Katonda mu byonna yalimu ng'akola. Sitaani yasikiriza abantu okuwaayo Yesu eri okufa, naye Katonda n'amununula olw'obulungi. Okufa kwe kwavaamu obulokozi ate okuzuukira kwe ne kuvaamu obulamu.

Katonda ayolesa amaanyi ge bw'akozesa okubonaabona kwo okumaliriza emirimu gye. Mu bulamu bw'omukkiriza temuli kabenje oba olukisakisa kubanga Katonda:

> **Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeeso 1:11)**

**OKUFUULA OKUFIIRIZIBWA OKUBA OBUWANGUZI:**

Katonda afuula okufiirizibwa kw'omubiri okuba n'ebyomwoyo. Paulo yawandiika ku bye yafiirwa mu nsi ey'omubiri:

> **Naye ebyo byonna ebyali omugabo gye ndi, nabiraba nga butaliimu.**
>
> **Naye okusinga byonna, byonna mbiraba ng'okufiirwa, kubanga okutegeera Kristo Yesu Mukama wange, kusinga ebirala byonna. Olwa Kristo nafiirwa ebintu byonna, era mbiraba ng'ebisasiro, ndyoke ngobolole Kristo. (Abafiripi 3:7-8)**

**OKUFUULA OBUNAFU OKUBA AMAANYI:**

Paulo yagamba nti:

**...n'obunafu bwa Katonda businga abantu amaanyi. (1 Abakolinso 1:25)**

Katonda yagamba Paulo:

**...Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu... (2 Abakolinso 12:9)**

Y'ensonga lwaki Paulo yagamba:

> **Buli mulundi ng'aŋŋamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe.**
>
> **Kyenva nsanyukira mu bunafu, mu kuvumibwa, mu bizibu, mu kuyigganyizibwa, mu binzitoowerera, ku lwa Kristo, kubanga buli bwe mba omunafu, olwo nga ndi wa maanyi. (2 Abakolinso 12:9-10)**

Obunafu bwo ng'omuntu bukuwa omukisa okwolesa amaanyi ga Katonda.

**OKUGEZESA OKUKKIRIZA KWO:**

Buli kintu mu nsi ey'omwoyo kiva ku kukkiriza. Y'ensonga lwaki okukkiriza kwo kulina okubeera nga kugezesebwa:

> **Kubanga okugezesebwa kw'okukkiriza kwammwe, kwa muwendo mungi nnyo okusinga zaabu egezebwa mu muliro n'ekakasibwa, kulyoke kusaanire ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa ku lunaku luli Mukama waffe Yesu Kristo lw'alirabikirako. (1 Peetero 1:7)**

Kya kugezesebwa eri okukkirizibwa bw'osaba nga Yesu bwe yakola, eri Katonda amuggyeko ekikompe ky'obukaawu, naye nga tekijja kuba. Mu kifo ky'ekyo, otunuulira okunywera ddala okubonaabona kwa kyo. Okukkiriza kujja kuyiga nti essaala zaffe ziddibwamu lwakuba teziddibwamu mu ngeri gye tuba twagala.

**OKUKUSOBOZESA OKUGUMYA ABALALA:**

> **Katonda oyo Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'okusaasira era Katonda azaamu bonna amaanyi yeebazibwe.**
>
> **Atuzaamu amaanyi mu kubonaabona kwonna kwe tuyitamu, tulyoke tugumye abalala abayita mu kubonaabona okwa buli ngeri, olw'okugumya kwe tufuna nga Katonda atuzaamu amaanyi. (2 Abakolinso 1:3-4)**

Bw'ogabanako okugumya kwa Katonda n'abalala, oba…

> **Bwe mutyo munyweze emikono gyammwe egikooye n'amaviivi gammwe agajugumira.**
>
> **Era ebigere byammwe mubikolere ekkubo eggolokofu, abo ababagoberera newaakubadde nga balema era banafu, baleme okuva mu kkubo eryo, wabula bawonyezebwe. (Abaebbulaniya 12:12-13)**

**OKUKUYIGIRIZA OBUTEESIGA WEKKA:**

Paulo yayogera ku bukulu bw'okubonaabona kwe mu Asiya:

> **Kubanga tetwagala mmwe abooluganda obutategeera, okubonaabona kwe twayitamu mu Asiya kwali kungi ekiyitiridde n'essuubi ery'okuba abalamu ne lituggwaamu.**
>
> **Naye ffe ffennyini nga tusaliddwa gwa kufa, nga tetusaanidde kwetekamu bwesige bwaffe ffe, wabula mu Katonda azuukiza abafu. (2 Abakolinso 1:8-9)**

Ojja kukitegeera nti:

> **Naye kaakano tulina ekyobugagga kino mu bibya eby'ebbumba, okulaga nti obuyinza bwonna bwa Katonda, so si bwaffe. (2 Abakolinso 4:7)**

**OKUBEERA N'EBISAANYIZO BY'OMWOYO EBIRUNGI:**

> **Tetukoma ku ekyo kyokka, naye twenyumiririza ne mu kubonaabona, nga tumanyi ng'okubonaabona kutuyigiriza okugumiikiriza.**

**Era okugumiikiriza kututuusa ku mbala ennungi, n'embala ennungi ne zitutuusa ku ssuubi. (Abaruumi 5:3-4)**

**Bwe mulibonaabonera akaseera, Katonda waffe atukwatirwa ekisa ng'ayita mu Kristo, alibawa ekitiibwa kye ekitaliggwaawo. Alibakomyawo, alibazzaamu amaanyi, alibawanirira era alibanyweza. (1 Peetero 5:10)**

Ebisaanyizo bino bikukuumira mu kifaananyi kya Yesu, nga y'enteekateeka ya Katonda gy'oli (Abaruumi 8:28-29, Abaebbulaniya 2:10)

**OKULAGA EMIRIMU GYA KATONDA:**

Abayigirizwa bwe baalaba omusajja eyali omuzibe okuva lwe yazaalibwa, baabuuza ani avunaanyizibwa ku mbeera ye eyo. Byali bibi bya bazadde be oba ebibye nga ye? Yesu yaddamu:

**…Ku bonna omusajja ono newaakubadde bazadde be tekuliiko yayonoona, wabula kino kyabaawo emirimu gya Katonda girabikire ku ye. (Yokaana 9:3)**

**OKUNYWEZA AMAANYI GA KATONDA:**

**Buli mulundi ng'aŋŋamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe. (2 Abakolinso 12:9)**

**OKUGGYAWO EBYO EBISAASAAGANA:**

Okubonaabona kuleetawo okusagaasagana mu bulamu bwo. Olekeraawo okwesigama ku bantu, ebitongole oba ebintu ebikalu bino byonna nga biremererwa mu biro by'obwetaavu bwo. Katonda abiganya:

**Kino kitegeeza nti agenda kumalawo nate ebyo ebinyenyezebwa, kyokka ebitanyenyezebwa bisigalewo. (Abaebbulaniya 12:27)**

Mu muyaga gw'obulamu, buli kintu kyesiba ekitaazimbibwa ku Katonda n'ekigambo kye (Zabuli 11:89 ne Matayo 7:24-27)

**OKUKYUSA BYOTUNUULIRA:**

Bw'ofuna okubonaabona otera okutunuulira ennyo ekikuleese n'ebivaamu. Ofaayo ku ebyo ebyaleetawo embeera enzibu n'ebizibu ebirivaamu eri obulamu bwo. Katonda ayagala okyuse by'otunuulira ng'okwefubako otegeere nti bya kaseera buseera okumanya obukulu bw'akyo obutaggwaawo:

**Kubanga okubonaabona kwaffe okutono okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okututeekerateekera ekitiibwa eky'amaanyi eky'emirembe n'emirembe.**

**Noolwekyo tetutunuulira bintu ebirabika naye ebintu ebitalabika, kubanga ebintu ebirabika bya kiseera buseera, naye ebyo ebitalabika bya mirembe na mirembe. (2 Abakolinso 4:17-18)**

**Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijjo.**

**Kyokka musanyuke kubanga mugabanye ku kubonaabona kwa Kristo, mulyoke mujjule essanyu, ng'ekitiibwa kye kirabise. (1 Peetero 4:12-13)**

**Obanga tugumiikiriza awamu naye, era tulifugira wamu naye... (2 Timoseewo 2:12)**

**OKUKYUSA EMBALA YO ENKADDE:**

Katonda yagamba eggwanga lya Mowabu:

**Mowaabu abadde mirembe okuva mu buvubuka bwe, nga wayini gwe batasengezze, gwe bataggye mu kibya ekimu okumuyiwa mu kirala, tagenzeko mu buwaŋŋanguse. Kale awooma ng'edda, n'akawoowo ke tekakyukanga. (Yeremiya 48:11)**

Olw'okuba Mowabu yali tennasisinkana buzibu obwali buzze n'okutabulwa okwalinga okwetaagibwa mu kukola envinnyo, eggwanga teryakyuka. Mowabu yali bumu ng'etebenkedde mu kuyitimuka naye olw'okuba kino tekyakulaakulanya n'okukuza ku mwoyo. Tewaali nkyukakyuka. "Akawoowo" ke kaasigala mu ye.

Okubonaabona kukulekesa embala yo enkadde. Bwe weeyongera okutabulwa, okufuna ebizibu n'okukulukuta, akawoowo ko ak'omwoyo kakyuka okuva ku by'omubiri eri eby'omwoyo.

**OKUKUTEEKERATEEKERA OBUWEEREZA:**

Osabye okubeera ng'okozesebwa Katonda oyaayana okubeera nga Yesu era wasabye n'okubeera ky'onaakozesa ekironde. Okuddibwamu kw'essaala yo eyinza okuddibwamu n'okubonaabona:

**Laba nkugezesezza naye si nga ffeeza. Nkugezesezza mu kirombe ky'okubonaabona. (Isaaya 48:10)**

Kuyita mu kunyigirizibwa w'oyinza okusukka ku kuyitibwa ng'omwana wa Katonda n'oba omulonde wa Katonda. Okunyigirizibwa mu kwagala kwa Katonda kukusengejja olw'okukozesebwa kwe nga n'ebyuma bwe byokebwa mu tanuulu ey'ensi ey'omubiri.

**OKUTEGEERA OKUFUGIRA AWAMU NE KRISTO:**

**Obanga tugumiikiriza awamu naye, era tulifugira wamu naye. Obanga tumwegaana era naye alitwegaana. (2 Timoseewo 2:12)**

**OKUKUWA OMUKISA OGW'OMWOYO:**

Yesu yagamba:

**Balina omukisa abayigganyizibwa olw'obutuukirivu,kubanga abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe."**

**"Mulina omukisa mmwe, bwe banaabavumanga, ne babayigganya, ne baboogerako ebibi ebya buli ngeri, ne babawaayiriza, nga babalanga nze.**

**Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yammwe nnene mu ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo. (Matayo 5:10-12)**

**OKUKUYIGIRIZIBWA OKUGONDA:**

**Newaakubadde yali Mwana wa Katonda, yayiga okumugondera ne bwe kwamutuusanga mu kubonaabona. (Abaebbulaniya 5:8)**

**OKUGEZESA EKIGAMBO KYA KATONDA EKIKULIMU:**

**Ebigambo bya Mukama bya bwesigwa era bya mazima.Bigeraageranyizibwa n'effeeza erongoosebbwa obulungi emirundi musanvu mu kyoto eky'ebbumba. (Zabuli 12:6)**

**OKUKUKKAKKANYA:**

**Eyakukulemberanga n'akuyisanga mu ddungu eddene era ezzibu ennyo eritiisa, ekkalu omutali tuzzi, nga libunye emisota emikambwe egy'obusagwa, n'enjaba. Eyakuggyira amazzi mu lwazi.**

**Yakuliisanga emmaanu mu ddungu, emmere bajjajjaabo gye baali batalabangako. Yali ng'akwetoowazisa era nga bw'akugezesa, ku nkomerero biryoke bikugendere bulungi. (Ekyamateeka 8:15-16)**

**OKUKUGAZIYA MU BY'OMWOYO:**

Kino kitegeeza okula mu by'omwoyo:

**Bwe nkukoowoola onnyanukule, Ayi Katonda wange omutuukirivu. Bwe mba mu nnaku, onnyambe. Onkwatirwe ekisa owulire okusaba kwange. (Zabuli 4:1)**

**OKUKUYAMBA OKUMANYA KATONDA NGA MUKWANO GWO:**

Omanya Katonda mu ngeri ey'omunda ennyo okuyita mu kubonaabona. Yobu, eyabonaabona ennyo, yayiga amazima gano n'agamba:

**Amatu gange gaali gaakuwulirako dda, naye kaakano amaaso gange gakulabye.**

**Kyenvudde neenyoomaera neenenyezza mu nfuufu ne mu vvu. (Yobu 42:5-6)**

Abamu kuffe tumanyira Katonda mu ngeri endala. Nga tufunye emikisa mu bulamu Katonda abeera nga eky'okwejalabya so si kyetaago. Naye bw'obeera n'obwetaavu bwe nnyini, Katonda abeera kyetaago kyo.

Yobu yategeera Katonda ng'amaze okuyitako mu kubonaabona. Bwe yali nga tannabonaabona, Yobu yali Katonda amumanyidde mu bisomesebwa eby'eddiini. Oluvannyuma lwa byonna, yamutegeera olw'ebyo bye yayitamu. Enso y'ensonga lwaki Paulo yagamba:

> **Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe. (Abafiripi 3:10)**

Osobola okumanya Katonda mu maanyi ag'okuzuukira okuyita mu kusseekimu kw'omunda okw'okubonaabona mwokka.

Mu mbeera eyo yonna, Yesu yabuuza Katonda oba y'eyeereetera okubonaabona kwe. Kikyamu nnyo okubuuza Katonda. Yesu yamanya ensonga eyamuleeta mu nsi ey'okufiiririra ebibi by'abantu bonna. Kyokka nga mu kiseera ky'okubonaabona kwe yakaaba nti, "Katonda wange, Katonda wange, lwaki ondekeredde?"

Ekiddako oluvannyuma lw'ekibuuzo ky'ekisinga obukulu. Ebigambo bya Mukama ebyaddako byali, "Omwoyo gwange nguwaayo mu mikono gyo?" wadde waaliwo ebibuuzo ebyo, Yobu yaddamu bwati:

> **Ne bw'anzita, mu ye mwe nnina essuubi, ddala ddala nditwala ensonga zange mu maaso ge. (Yobu 13:15)**
>
> **Mmanyi nga Omununuzi wange mulamu, era nga ku nkomerero aliyimirira ku nsi.**
>
> **Era ng'olususu lwange bwe luweddewo, kyokka mu mubiri gwange ndiraba Katonda. (Yobu 19:25-26)**

Ng'okubuuza kwonna kuwedde, essira lirina kuteekebwa ku "Nze" ne liba mu "ggwe." Olina okuwaayo okubonaabona kwo, n'ebibuuzo byonna ebitaddibwangamu mu mikono gya Katonda:

> **Weesige Mukama n'omutima gwo gwonna, so teweesigamanga ku magezi go gokka. (Engero 3:5)**

Katonda asobola okukubikkulirwa ebimu ku biruubirirwa bye mu kubonaabona kwo, naye kisoboka ggwe obutabitegeera byonna:

> **Okukisa ensonga kitiibwa kya Katonda, naye okunoonyereza ensonga kitiibwa kya bakabaka. (Engero 25:2)**
>
> **Ebintu eby'ekyama bya Mukama Katonda waffe, naye ebyo ebyabikkulibwa bye byaffe n'abaana baffe emirembe gyonna, tulyoke tugonderenga ebigambo byonna ebiri mu mateeka gano. (Ekyamateeka 29:29)**

Waliyo ebintu eby'ebuziba nga bya Mukama byokka. Nga Yobu, oyinza obutategeera biruubirirwa byonna mu kubonaabona kwo:

> **Amakubo g'omuntu gategekebwa Mukama,omuntu ayinza atya okutegeera ekkubo lya Mukama? (Engero 20:24)**

Katonda bwe yamala n'ayogera ne Yobu, yakozesa eby'okulabirako bingi eby'omubiri Yobu yalemwa n'okubinnyonnyola. Katonda yagamba nti Yobu bw'aba tasobola kutegeera kye yalaba mu nsi ey'omubiri, yali tasobola kutegeera ekyo kye yalina okukola alabe mu nsi ey'omwoyo.

Yobu bw'asisinkana Katonda, kiba tekikyetaagisa kufuna kuddibwamu kwa bibuuzo bye yalina ku kubonaabona kwe. Ali mu kubeerawo kwa Katonda butereevu, ate ensisinkano eyo tewamwagaanya kintu kirala kyonna. Aba takyafugibwa oba okutulugunyizibwa endowooza ez'obuntu. Ebibuuzo abivaako si lwa kuddibwamu wabula olw'okukkiriza.

Bw'osisinkana Katonda mu kubonaabona, weeraba nga bw'oli ddala. Katonda tomumanyira ku balala. Ensisinkano eyo ne Katonda ekola ebyo okwemulugunya n'okunnyonnyola bye kutayinza kukola.

Yobu bwe yayimirira mu maaso ga Katonda, teyalina bya kuddamu bipya. Teyaweebwa mazima malala ku kubonaabona kwe. Naye yakkiriza mu kifo ky'okubuuza. Yobu abadde mu kubeerawo kwa Katonda butereevu, era embeera eyo terekaawo kibuuzo na kubuusabuusa.

**TOLI WEKKA:**

Bw'obonaabona olw'okwagala kwa Katonda, olina okukimanya nti toli wekka. Abakkiriza bangi abalala bayita mu ntalo ze zimu:

> **Mumwaŋŋange ng'abalumbye, nga mwesiga Mukama, era mujjukire nti ebibonoobono ebiri ng'ebyo bituuka ne ku bakkiriza abalala mu nsi yonna. (1 Peetero 5:9)**

Omuyaga gw'ensi tegwewalika era teguziyizika nga bwe kiragibwa mu lugero lw'enju ebbiri mu Matayo 7:24-27. Omuyaga gujja kujja eri abo abaazimba obulamu bwabwe ku kigambo kya Katonda era n'eri abo abataakikola. Omusingi gw'obulamu bw'omuntu gwe gulaga ekyo ky'aliba n'ekirivaamu mu muyaga.

Okubonaabona kulina okulindirirwa ng'ekitundu ky'okwagala kwa Katonda;

> **Era bonna abaagala okuba mu bulamu obutya Katonda mu Kristo Yesu, banaayigganyizibwanga. (2 Timoseewo 3:12)**
>
> **Kubanga mwaweebwa omukisa, ku lwa Kristo, si mu kumukkiriza kyokka, naye n'okubonaabona ku lulwe. (Abafiripi 1:29)**
>
> **Ako kabonero akalaga nti Katonda mutuukirivu mu kulamula kwe, mmwe mulyoke musaanire obwakabaka bwa Katonda, bwe mubonaabonera. (2 Abasessaloniika 1:5)**
>
> **Kubanga ne bwe twali tukyali nammwe twabategeeza nti tuli baakuyigganyizibwa era bwe kyali bwe kityo era mukimanyi. (1 Abasessaloniika 3:4)**
>
> **Muliweebwayo ne mubonyaabonyezebwa era ne muttibwa, era mulikyayibwa amawanga gonna olw'erinnya lyange. (Matayo 24:9)**

**Naye bino byonna nga tebinnabaawo balibayigganya, balibakwata. Balibawaayo mu makuŋŋaaniro, ne mu maaso ga bakabaka ne bagavana, ku lw'erinnya lyange, ne musibibwa ne mu makomera. (Lukka 21:12)**

**Mujjukire kye nabagamba nti, 'Omuddu tasinga mukama we.' Kale obanga Nze banjigganya era nammwe bagenda kubayigganyanga. Era obanga baagondera ebigambo byange n'ebyammwe balibigondera. (Yokaana 15:20)**

Ate kino tekitegeeza nti weebonyebonye olowooze nti ky'ekisanyusa Katonda. Katonda tasanyukira mu kubonaabona kwa bantu. Bw'okigenderera okwebonyabonya kiba kibi. Abantu bangi bakikola okugezaako okusanyusa Katonda oleme okusunguwala oba okwefuula abatuukirivu oba ab'eddiini ennyo mu maaso g'abantu. Naye Katonda asanyukira musaayi gwa Yesu Kristo gwokka. Katonda aggyawo ekizibu ky'okubonaabona bw'aba ayagala okutaasa obulamu bwo ku lw'obulungi.

Ekimu ku bitundu by'entekateeka mu kkanisa eyasooka kwali kutuukirira bakkiriza nga babasomesa nti bajja kusisinkana okubonaabona. Kino tekiriwo mu makanisa agasinga ensonga zino:

**Ne babuulirira abakkiriza, nga babakubiriza banywerere mu kukkiriza, era ne babagamba nti, "Kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi. (Ebikolwa 14:22)**

Okuyitibwa kw'abagoberezi okwa Yesu kwali kwa kweresa na kubonaabona:

**N'oyo ateetikkenga musaalaba gwe n'angoberera tansaanira. (Matayo 10:38)**

**Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu bw'ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe alyoke angoberere. (Matayo 16:24)**

**Awo Yesu n'ayita ekibiina wamu n'abayigirizwa be, n'abagamba nti, "Obanga waliwo omuntu ayagala okungoberera, asaanidde okwefiiriza asitule omusaalaba gwe alyoke angoberere. (Makko 8:34)**

**Yesu n'amutunuulira enkaliriza, n'amwagala. N'amugamba nti, "Waliwo ekintu kimu kyokka ekikubulako, era kye kino: genda otunde ebintu byonna by'olina, ensimbi z'onoggyamu ozigabire abaavu, oliba n'obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere.(Makko 10:21)**

**Era bonna n'abagamba nti, "Omuntu yenna ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka yeetikke omusaalaba gwe buli lunaku, angoberere. (Lukka 9:23)**

**Era oyo ateetikka musaalaba gwe n'angoberera, tayinza kuba muyigirizwa wange. (Lukka 14:27)**

Yesu yayita abakkiriza eri obulamu bw'okweresa, okubonaabona, n'omusaalaba olw'amaanyi agali mu kubonaabona kwe.

Amaanyi g’okuzuukira n’agokubonaabona galinga amaanyi g’amasanyalaze agakozesebwa ensangi zino. Getaaga obulungi n’obubi okubaako amaanyi agatondebwawo.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Ani nsibuko y'ekibi n'okubonaabona kwonna?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekibi kiyingira kitya mu bulamu bwaffe? Leeta engeri ttaano eziragibwa mu ssuula eno.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Funza ebiruubirirwa eby'amaanyi ebituukirizibwa mu bulamu bw'omukkiriza olw'okubonaabona.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Bintu ki eby'obulamu bwo mw'ofunira okubonaabona?

   ____________________________________________________________________________

   ____________________________________________________________________________

2. Okubonaabona kuno kwayingira kutya mu bulamu bwo?

- Mu balala abakwetoolodde.
- Mu mbeera y'obulamu.
- Olw'ekibi kyo.
- Olw'obuweereza bwo.
- Mulimu gwa Sitaani butereevu

3. Obadde okwata otya okubonaabona kuno?

   ____________________________________________________________________________

   ____________________________________________________________________________

Katonda okwolesa amaanyi ge mu kubonaabona, oteekwa okubiraba obulungi ng'obiyitamu. Tolina kwemulugunya wadde okwogerayogera. Eno y'engeri Isirayiri gye yaddamu okubonaabona. Beemulugunya eri Musa (Okuva 15:24). Naye okwemulugunya kwonna kukontana ne Katonda wamu n'enteekateeka ye ey'okukukuumira mu kifaananyi kya Kristo. Ebintu byonna bikola olw'okukumiira mu kifaananyi kye. Bwe weemulugunya olw'okubonaabona weemulugunya olw'enkola eno: Laba Abaruumi 8:28-29.

Ng'osisinkanye okubonaabona, toganya ndowooza mbi kujja mu ggwe. Obukaawu ngeri nkyamu ey'okweyisaamu mu kubonaabona. Ekyayisa, enenya, yeemulugunya, ewoolera. Bw'oganya obukaawu ofuna obuzibu ate n'okweyonoona (Abaebbulaniya 12:16), bikulemesa okuwulira okuva eri Katonda (Okuva 6:9) kireetawo omwoyo gw'okuwoolera (1 Samwiri 30:6), kimalamu amaanyi ko n'okwennyika mu mmeeme (Okukungubaga 3:18-20), era kikuttattana mu by'omwoyo (Ebikolwa 8:23)

4. Ngeri ki gy'oyinza okukwatamu embeera enzibu mu ngeri ey'omwoyo ennyo?

   ____________________________________________________________________________

   ____________________________________________________________________________

   ____________________________________________________________________________

# ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUNAANA

## ENGERI Y'OKUSISINKANA AMAANYI GA KATONDA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola engeri y'okusisinkanamu amaanyi ga Katonda mu bulamu n'obuweereza bwo.
- Okuzuula obukulu bw'ekkanisa obukwata ku maanyi ag'omwoyo.
- Okunnyonnyola engeri y'okwongeza amaanyi ag'omwoyo.
- Okusisinkana amaanyi g'omwoyo mu bulamu n'obuweereza bwo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)**

**ENNYANJULA**

Oyize ennono z'amaanyi ag'omwoyo nnyingi mu lusoma luno. Mu ssuula eno, ennono zino zifunzibwa n'okuluŋŋamya okw'enkomeredde kuweebwa okukuyambako okusisinkana okwambazibwa amaanyi g'omwoyo ge wayigirako.

**OKUFUNA AMAANYI AG'OMWOYO**

Amaanyi g'omwoyo si ky'ekintu ky'oyinza okukolerera. Togafuna lwa kusoma byawandiikibwa. N'okumanya ennono za Baibuli ez'amaanyi. Ebyo byonna tebijja kuganya kufuna maanyi ga mwoyo.

Amaanyi g'omwoyo gakulukuta okuva ku nsibuko yaago. Yesu ageraageranyizibwa n'omuzabibu. Gwe oli ttabi ery'omwoyo. Leka amaanyi ge gakulukutire mu ggwe:

> **Nze muzabbibu, mmwe matabi. Buli abeera mu Nze nange ne mbeera mu ye oyo abala ebibala bingi. Kubanga awatali Nze temuliiko kye muyinza kukola. (Yokaana 15:5)**

Kuno kwe kuluŋŋamya kwa Baibuli olw'okusisinkana okwambazibwa amaanyi:

1. **SIIBA ERA OSABE:**

Jangu awali Katonda n'obuwombeefu mu kusiiba n'okusaba. Katonda asuubiza okuwulira buli lwe tujja gy'ali mu ndowooza eno:

> **Abantu bange abatuumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga, ne basaba, ne banoonya amaaso gange, ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amakyamu, kale nnaawuliranga nga**

**nsinziira mu ggulu ne nsonyiwa ekibi kyabwe era ne mponya ensi yaabwe. (2 Ebyomumirembe 7:14)**

Tokolerera maanyi nga go. Okuyita mu kusaba n'okusiiba weetegeke ng'omukutu omuyitira amaanyi ga Katonda.

2. **FUNA EKIRABO EKYA MWOYO MUTUKUVU:**

**Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako,... (Ebikolwa 1:8)**

3. **GEZESA OKUKKIRIZA**:

Olw'okukkiriza, kkiriza ekisuubizo ky'amaanyi ge:

**Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. (Lukka 10:19)**

**Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika. (Abaebbulaniya 11:1)**

Wakkiriza okulokoka olw'okukkiriza. Kati kkiriza amaanyi ga Katonda olw'okukkiriza. Lwaki kyangu okukkiriza obulokozi olw'okukkiriza ng'ate kizibu okwesiga Katonda olw'okwolesebwa kw'amaanyi ag'ekyamagero nga okuwonyezebwa n'okugoba ddayimooni?

4. **TEEKA MU NKOLA ENNONO ZA BAIBULI EZ'AMAANYI:**

Olw'okukkiriza, tandika okuteeka mu nkola ennono za Baibuli z'oyize mu lusoma luno. Muno mulimu:

- Amaanyi g'enjiri: Obulamu bwo buteekwa okusooka okukyusibwa olw'amaanyi g'enjiri. Okwenenya y'ensibuko y'amaanyi ga Katonda amatuufu.
- Amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu: Ofuna amaanyi nga Mwoyo Mutukuvu amaze okukukkako.
- Amaanyi g'okwagala: Buli kirabo kya Mwoyo n'okwolesa amaanyi tebituukirira we kutali.
- Amafuta g'amaanyi: Ge mafuta agajja okumenya ekikoligo. Tosobola kukikolera mu maanyi n'obusobozi bwo.
- Amaanyi, okukkiriza, n'ebikolwa: Bino tebyawulibwa, biteekwa okukolera awamu mu bulamu ne mu buweereza bwo.
- Erinnya lya Yesu: Ojja mu buyinza bwe ge maanyi agayitira mu linnya lye.
- Amaanyi g'essaala: Okusaba n'okusiiba biva mu maanyi ag'omwoyo.
- Amaanyi g'ekigambo: Yogera ebigambo bye, so si ebibyo. Kigambo kye tekidda kyereere. Kijja kumaliriza omulimu gwakyo gwe kyatumibwa.
- Amaanyi g'obuyinza: Sigala wansi w'obuyinza osobole okukolera mu buyinza.
- Amaanyi g'okuzuukira kwe: Kusisinkane mu mubiri gwe ogufa.
- Amaanyi g'okubonaabona: Olina amaanyi agasukkulumye ku bikusukkulumyeko. Okunyigirizibwa okunene kujja olw'amaanyi agasusse. Fuula by'oyitamu ng'omukisa gw'okolesa amaanyi ga Katonda.

**AMAANYI AG'AWAMU**

Amaanyi ag'omwoyo galina okusisinkanibwa omuntu ssekinoomu mu bakkiriza naye tegalina kukola gokka mu mubiri gwa Kristo. Nteekateeka ya Katonda ekkanisa okusisinkana amaanyi g'omwoyo ag'awamu. Ekkanisa y'erina okuba entabiro y'okwolesa amaanyi ge.

Olunaku lumu Yesu yagenda mu Yeekaalu y'e Yerusalemu n'asanga abakulembeze nga bali mu kutunda nte, endiga n'amayiba. Baali bakoze ettunzi lya Ssaddaaka z'ensolo abantu ze baaletanga. Baali bakozesa ekkanisa ng'enkulungo y'ebitundibwa.

Yesu yafuna embooko era n'agoba abantu bonna mu kkanisa. Yayiwa ensimbi era nasuula n'emmeeza. Yagamba:

> **...Kyawandiikibwa nti, 'Ennyumba yange eneebanga ya kusinzizangamu,' naye mmwe mugifudde 'empuku y'abanyazi. (Lukka 19:46)**

Mu bintu bingi olwaleero ekkanisa efuuse entabiro y'obumu, ekifo ky'okweddabiriza n'okukuŋŋaana, efuuse entambiro y'okugabiramu emmere n'okwesanyusa.

Ebimu ku bino biyinza okuba n'ekifo kyabyo, naye nga si ky'ekiruubirirwa kya Katonda ekituufu. Ekkanisa era esobola okuba entabiro y'essaala n'okusoma Baibuli n'etafuna kiruubirirwa kya Katonda ebyetaago by'abantu bwe bisigala nga tebituukiddwako ebweru waayo. Abantu Yesu beyalongoosa baali beefudde entabiro y'okutunda n'ebyamaguzi. Naye Yesu annyonnyola obukulu bw'ekkanisa mu Lugero lwa Lukka 14:16-24. Mu lugero luno tulaba abaddu ne Mukama waabwe:

> **Omuddu n'akomawo n'ategeeza mukama we ng'abagenyi be yayita bwe bagambye. Mukama we n'anyiiga, n'amulagira agende mangu mu nguudo ez'omu kibuga ne mu bikubo, ayite abaavu n'abagongobavu, n'abalema, ne bamuzibe.**
>
> **... Genda mu nguudo ez'omu byalo ne mu bukubo obutono okubirize b'onoosangayo bajje, ennyumba yange ejjule. (Lukka 14:21, 23)**

Ekkanisa erina okujjuzibwa n'abantu abalina obwetaavu obw'amaanyi. Abakkiriza balina okugenda mu buli kitundu okusobola okusikiriza abantu okujja gy'eri. Ekkanisa erina okubeera n'abakkiriza abalina amaanyi ag'omwoyo. Kino kiteekawo embeera Katonda mwayinza okwolesa amaanyi ge. Abalema bajja kuwona, abazibe balabe, bakiggala bawulire olw'amaanyi ag'enjiri.

Jjukira omusajja omulema eyatuulanga ku wankaaki wa Yeekaalu ya Yerusaalemu (Ebikolwa 3). Enkola z'eddiini zaali zigenda mu maaso mu Yeekaalu. Waaliyo emikolo emirungi, essaala, ennyimba ennungi naye nga ekyetaago kye tekirabibwanga, ate wabweru ku mulyango we waatuulwanga omusajja eyagongobala. Oluvannyuma lwa byonna, gye waava abasajja ababiri abakkiriza Katonda nga baafuna n'amaanyi ag'omwoyo, baayita we yali. Peetero n'amugamba, "Ntunuulira, ekyo kyennina, kye nkuwa." Amaanyi ago, ebigere n'obukongovvule ne bifuna amaanyi. Olwo n'awonyezebwa n'amaanyi ga Katonda. Ensi eyeetaaga etutunuulidde. Abantu ababonaabona batunuulidde kkanisa ya Kristo Kristo. Tuteekwa okubaako n'ekintu ekyokugaba.

## ETTEEKA LY’OKUKOZESA N’OKUKUBISAAMU

Waliyo ennono ya Baibuli eyitibwa, “Etteeka ly’okukozesa n’okukubisaamu,” erikosa amaanyi ag’omwoyo. Amaanyi go ag’omwoyo gajja kweyongera n’okwongera okuteeka mu nkola ennono eno. Soma olugero lwa Yesu mu Lukka 19:12-26. Abakozi abaakozesa obulungi essente ezaabaweebwa beeyongera okufuna. Oyo ataalina kye yakozesa ssente ezo yazifiirwa. “Etteeka ly’okukozesa n’okukubisaamu” liri bwe lityo, kozesa buli ky’oweereddwa era kijja kwekubisaamu.

Osobola okukubisaamu oba okifiirwe. Katonda akuwa amaanyi ag’omwoyo olw’okuweereza, so si kufuga (Matayo 20:25-28). Bw’okozesa amaanyi g’omwoyo obulungi, okukulukuta kw’amaanyi ga Katonda mu ggwe kujja kweyongera. Ojja kulaba n’okwolesebwa kw’amaanyi ge agasingawo mu bulamu n’obuweereza bwo. Bw’otagakozesa ojja kugafiirwa:

> **Mbagamba nti oyo yenna alina, alyongerwako; ate oyo atalina, n’akatono k’alina kalimuggibwako. (Lukka 19:26)**

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Funza ebiruŋŋamya ebikuweereddwa mu ssomo lino ku ngeri y’okusisinkana amaanyi ga Katonda.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Obukulu bwe kkanisa bwe buliwa ku bikwatagana n’amaanyi ag’omwoyo?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Amaanyi g’omwoyo gakubisibwamu gatya?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Amaanyi ga Katonda gasisinkanibwa okuyita mu bubonero, ebyewuunyo n'ebyamagero. Soma ennyiriri zino:

Okuva 15:11

Okubala 14:22

Ekyamateeka 6:22, 7:19, 11:3, 29:3, 34:11

Yoswa: 3:5

Nekkemiya: 9:10

Zabuli 77:11, 14, 78:11, 43, 88:10, 12, 89:5, 96:3, 105:27, 136:4

Yeremiya 32:20

Danyeri 4:2-3

Makko 16:17

Yokaana 2:11, 23, 3:2, 6:2, 26, 7:31, 9:16, 11:47, 12:37, 20:30

Ebikolwa 2:22, 43, 4:30, 5:12, 6:8, 8:6, 13, 14:3, 15:12, 19:11

Abaruumi 15:19

1 Abakolinso 12:10, 28, 29

Abaggalatiya 3:5

Abaebbulaniya 2:4

# ESSUULA EY'EKKUMI N'OMWENDA

## OKULEMERERWA KW'AMAANYI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensonga z'omwoyo ku kulemererwa kw'amaanyi.
- Wa okujuliza kw'omwoyo okukakasa obusukkulumu bwa Katonda mu mbeera omuntu mw'atayinza kufuna kyakuddamu.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Era yakolerayo ebyamagero bitono olw'obutakkiriza bwabwe. (Matayo 13:58)**

**ENNYANJULA**

Mu nsi ey'omubiri, omuntu abeerawo lwa nsibuko z'amaanyi ag'omubiri. Amaanyi ag'omubiri gayinza okubeera omuliro obuliro agafumba. Awatali muliro, tewaba kujja kwa mmere. Amaanyi g'omubiri era gayinza okubeera nga amasanyalaze agaweebwa eri buli kibuga okuyita mu mikutu egy'enjawulo. Emikutu gino bwe giremererwa, n'amaanyi go gitambuza galemwa okutambuza. Ekibuga kyonna kijja kufuna enzikiza. Bwe wabaawo okulemererwa kw'amaanyi ago mu nsi, tewabaawo kweyongera mu maaso.

Era ky'ekimu ne mu nsi ey'omwoyo. Bwe wabaawo okulemererwa kw'amaanyi, okweyongera kw'amaanyi ag'omwoyo kwesibamu. Obulamu tebukyusibwa okuyita mu maanyi g'enjiri. Abalwadde tebawona, emizimu tegigobwa.

Waliwo ensonga eziviirako amaanyi okulemererwa mu nsi eyoomubiri. Eyinza okubeera ensonga ennyangu, nga omuliro ogwokya, oba ensonga enzibu, ng'okubaako n'ekitatuukiridde mu by'okozesa. Ensonga z'okulemererwa zino bwe zizuulibwa era ne zireetebwa, enkulukuta y'amaanyi eddamu.

Waliyo ensonga ezireetawo okulemererwa kw'amaanyi mu nsi ey'omwoyo. Zino bwe zizuulibwa ne zitereezebwa, entambula y'amaanyi ag'omwoyo eddamu.

**ERINNYA LYO LIMANYIKIDDWA MU GEYEENA?**

Ekimu ku by'okulabirako by'okulemererwa kw'amaanyi ag'omwoyo kiragibwa mu kitabo kya: Ebikolwa 19:13-16. Soma ku kino mu mboozi y'abaana ba kabona omukulu abagezaako okugoba emyoyo emibi mu muntu muntu ne gibalemerera. Omwoyo gwakaaba:

**Yesu mmumanyi, ne Pawulo mmumanyi, naye mmwe, mmwe b'ani? (Ebikolwa 19:15)**

Olwo omusajja eyaliko emyoyo gino emibi, n'awonyera awaali abaana bano, n'abasikako engoye zaabwe, n'abalumya. Badduka bwereere ate nga balina n'ebiwundu, okuva awaali omusajja eyalina ddayimooni. Ddayimooni yamanya erinnya lya Paulo. Era n'erya Yesu. Naye nga tebamanyi abaana bano kubanga tebaalina maanyi ga mwoyo matuufu mu bulamu bwabwe.

Bw'osonyiyibwa ebibi byo, erinnya lyo limanyikiddwa mu ggulu, liwandikiddwa mu kitabo ky'omwana gw'endiga eky'obulamu eky'ogerwako mu Okubikkulirwa 21:27. Naye erinnya limanyikiddwa mu Geyeena? Olina amaanyi ga Katonda agamala nga gakulukutira mu bulamu bwo nga emizimu n'amaanyi gaagyo bisobola okumanya obuyinza bwo mu linnya lya Yesu?

Abaana bano baakozesa erinnya lya Yesu okugoba emizimu, naye ne kitabakolera. Erinnya lya Yesu si lya bufuusa. Oteekwa okuba n'amaanyi agali emabega waago. Oteekwa okumanya n'okufuna obuyinza bw'erinnya eryo.

Mu biseera ebizibu ojja kulaba okulemererwa erinnya lyo bwe liba terimanyikiddwa mu geyeena. Abantu bano baali tebayinza kulimba Sitaani okusinziira ku Paulo bye yasisinkana k'obeere ggwe. Kubeera ng'olina amaanyi ga Katonda nga geeyolegedde mu bulamu bwo osobola okuwangula sitaani. Bw'oba nga tolina maanyi nga n'erinnya lyo terimanyikiddwa mu geyeena, ojja kuvaawo n'ebiwundu era ng'oli bwereere mu maaso g'omulabe.

**OKULEMERERWA KW'AMAANYI**

Zino z'ensonga ezimu ku kulemererwa kw'amaanyi ag'omwoyo:

**EKIBI:**

Ekibi kyawula omuntu ku Katonda. Bw'oyawulibwa ku Katonda, amaanyi ge tegasobola kukulutira mu ggwe.

Soma Abaruumi 7, omutume Paulo wannyonnyolera okufuba kwe okuva mu busibe bw'ekibi. Soma ku kununulibwa kwe mu Abaruumi 8. Ng'omukkiriza, Paulo yalina entalo z'ezimu n'ekibi naawe bye wasisinkana, naye yayiga okuva mu tteeka ery'ekibi eryali likolera mu mubiri gwe. Olwa kino, obulamu bwe bweggulawo olw'amaanyi ga Katonda.

Omuntu omwonoonyi eyayitibwanga Simyoni yawaayo ensimbi okufuna amaanyi g'omwoyo, Peetero namugamba:

> **Mu nsonga eno tolinaamu mugabo kubanga omutima gwo si mulongoofu mu maaso ga Katonda.**
>
> **Noolwekyo weenenye ekikolwa ekyo ekibi weegayirire Mukama, oboolyawo Katonda ayinza okukusonyiwa ebirowoozo byo ebyo ebibi.**
>
> **Kubanga ndaba nga mu mutima gwo mujjudde obuggya, era oli muddu wa kibi. (Ebikolwa 8:21-23)**

Okwenenya ekibi n'okusonyiyibwa okuyita mu musaayi gwa Yesu Kristo ly'ekkubo lyokka erizibikira omuwaatwa gw'okwawukana guno. Ekibi kyawula ku maanyi ga Katonda. Yesu bwalikomawo era…

> **Mu muliro ogwaka, n'abonereza abo abatamanyi Katonda era abajeemera Enjiri ya Mukama waffe Yesu. (2 Abasessaloniika 1:8)**

Abo abali mu kibi bajja…

> **Abo baliweebwa ekibonerezo kya kuzikirira emirembe n'emirembe, nga baawukanyiziddwa ne Mukama waffe, n'ekitiibwa ky'amaanyi ge. (2 Abasessaloniika 1:9)**

Ku nkomerero, ekibi kijja kuleetawo okwawukana okw'olubeerera ku maanyi ga Katonda.

**OBUSIBE:**

Obusibe bw'omwoyo busobola okuziyiza okutambula kw'amaanyi ga Katonda mu bulamu bwo. Obusibe tekiba kibi; by'ebintu oba enkola ebiyinza okufuuka nga bya mugaso nnyo gy'oli era ne bitandika n'okukufuga. Paulo yawandiika:

> **Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola, mu mateeka, naye byonna tebinsanira. Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola naye sigenda kufugibwa kintu na kimu. (1 Abakolinso 6:12)**

Ekintu kyonna mu bulamu bwo ekitwala ebirowoozo byo n'ebyo by'oyagala buba busibe. Oteekebwa wansi w'amaanyi gaabyo.

Kiyinza okuba ky'oyagala ennyo oba omuze. Ziyinza okuba endowooza z'okutya ezikulemesa okukolera mu kukkiriza n'amaanyi. Obusibe bwe butyo buviirako okulemererwa kw'amaanyi kubanga waleetebwa wansi w'amaanyi gaabyo mu kifo ky'okufugibwa Omwoyo Omutukuvu.

**OKUVVOOLA ENNONO Z'OMWOYO:**

Wayize ku nnono z'amaanyi eza Baibuli mu lusoma luno. Okuvvoola ennono zino kiviirako okulemererwa kw'amaanyi. Weeyongerenga okukebera obulamu n'obuweereza bwo ng'obikwataganya ennono zino, n'okusingira ddala bw'ofuna okulemererwa kw'amaanyi.

**OKUFUGA MU KIFO KY'OKUWEEREZA:**

Amaanyi g'omwoyo bw'ogakozesa okufuga so si olw'obuweereza, kiviirako okulemererwa kw'amaanyi. Wayize mu Matayo 20:25-28 ng'amaanyi ga Katonda tegakola ng'ago ag'ensi. Ensonga y'amaanyi ag'ensi gaba ga kufuga balala nabo bennyini.

Okuva mu buto, tufuba olw'amaanyi g'ensi. Tugezaako okufuga n'okusaka mu bazadde baffe. Tunoonya amaanyi okuva mu kitundu oba ebitwetoolodde, n'okuteebereza wamu n'okufuga amaanyi g'obutonde. Amaanyi g'ensi gasobola okufuuka kikatonda ekikufuga.

Enkola ya Baibuli eyitira buweereza n'okusisinkana eby'etaago by'abantu n'okuyita mu kwolesa amaanyi ga Katonda. Paulo yawandiikira abakkiriza b'e Kolinso ku nsonga ng'omutume ow'amaanyi eri ekkanisa, Paulo yalina obuyinza ku bakkiriza bano, naye teyamala gakozesa maanyi ge. Yabagamba:

> **Kale obanga abalala balina obuyinza ku mmwe, ffe tetusaanidde nnyo n'okusingawo? Kyokka ffe tetwabakaka kubituwa.**
>
> **Naye tugumiikiriza byonna, tuleme okuziyiza Enjiri ya Kristo. (1 Abakolinso 9:12)**

Paulo teyakozesa bubi kifo kye eky'omwoyo, teyafuga Bakolinso, wabula yabaweereza:

> **Si kubanga tetwalina buyinza okubagamba mmwe okutuliisa, naye twayagala mutulabireko nga bwe kibagwanidde okukolanga. (2 Abasessaloniika 3:9)**

**OKUFUNAMU NG'OMUNTU:**

Paulo yawandiikira Abakolinso ku kikwata ku maanyi g'okufunamu ng'omuntu. Yagamba:

> **Obanga ffe twabasigamu eby'omwoyo, tekiriba kya kitalo bwe tulikungula ebyammwe eby'omubiri? (1 Abakolinso 9:11)**

Paulo yafubanga n'asiga ensigo mu Bakolinso ey'omwoyo. Yalina eddembe okufuna ebintu byabwe "eby'omubiri" mu ngeri y'obuyambi obw'ensimbi. Naye teyakozesa bubi maanyi ge. Ng'asobola okubonaabona naye nga takozesa bubi maanyi ge ag'omwoyo okuziyiza omulimu gwa Katonda: 1 Abakolinso 9:12

Yesu yakemebwa Sitaani okukozesa amaanyi ge olw'okugasa ye. Sitaani yamukema okufuula amayinja emmere n'okukakasa amaanyi ge ng'abuuka waggulu wa Yeekaalu, Yesu yagaana.

Yesu bwe yali abonaabona ku musaalaba ku lw'omuntu, yandiyise zi Malayika nga mutwalo mulamba okujja okumununula (Matayo 26:53). Yagaana okulaga amaanyi kuno okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda ekya waggulu.

**OKUKOPPEREZA:**

Wayizeeko mu lusoma luno ku kibi eky'omubiri ekiyitibwa "okukoppereza." Ng'engeri y'okulaga obuggya okuyita mu kukoppereza abalala (Abaggalatiya 5:20). Buno bwe buzibu obwava mu kulemererwa kw'ekkanisa. Mu Ebikolwa 19:13, eyogera ku abo "abakyetwalira," ekyokugezaako okugoba emizimu mu kugeegeenya obuweereza bwa Paulo. Bw'ogezaako okukoppereza obuweereza bw'abalala, osobola okusisinkana okulemererwa kw'amaanyi ng'abantu bano bwe bakola.

**EBIGENDERERWA EBIKYAMU:**

Togamba nti amaanyi g'omwoyo bwe gakozesebwa obubi nti kiba kibi. Amaanyi g'omwoyo agava ewa Katonda gaba malungi, naye gayinza okukozesebwa olw'ensonga enkyamu n'ebigendererwa ebikyamu.

Ensibuko y'ekibi kya Sitaani kyava ku bigendererwa ebikyamu eby'okwenoonyeza amaanyi. Kino era kituufu ne ku kibi ky'omuntu ekyasooka ekyakolebwa olw'okunoonya amaanyi agajja olw'okumanya.

Yakobo ne Yokaana baayagala okuyita omuliro okuva mu ggulu okumalawo abaali bawakanya Yesu. Nga kyalibadde kyamaanyi mu kwolesa amaanyi. Naye ebigendererwa byabwe byali bikyamu. Ekigendererwa kyabwe kwali kuwoolera eri abalabe bano. Ekyo kyandibadde kiraga okukozesa amaanyi g'omwoyo mu bubi. Yesu yabagamba:

> **Naye n'akyuka n'abanenya n'ayogera nti Temumanyi omwoyo bwe guli gwe mulina. Kubanga Omwana w'omuntu teyajja kuzikiriza bulamu bwa bantu, wabula okubulokola (Lukka 9:55)**

Ebigendererwa ebitali birungi biviirako okukozesa amaanyi mu ngeri etali nnungi. Yesu yalabula abayigirizwa be:

> **Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. 20 Naye temusanyuka nnyo kubanga baddayimooni babagondera, wabula mujaguze nti amannya gammwe gawandiikiddwa mu ggulu. (Lukka 10:19-20)**

**OBUTAKKIRIZA:**

Ekituufu kiri nti ekireetera okulemererwa kw'amaanyi g'omwoyo ekikulu buba butakkiriza. Obutakkiriza bwakosa ne kubuweereza bwa Yesu:

> **Era yakolerayo ebyamagero bitono olw'obutakkiriza bwabwe. (Matayo 13:58)**
>
> **Okwolesa kw'amaanyi ga Katonda kuyinza okukoesbwa obutakkiriza bw'abo b'oweereza. Kusobola era okuziyizibwa obutakkiriza bwo (Matayo 17:14-21)**

**OKUKUGIRA KATONDA:**

Tewali kikugira maanyi ga Katonda, naye tusobola okugaziyiza okukolera munda n'ebweru waffe ngabwekisaanidde. Nga Paulo bwe yagamba nti Katonda ayinza okukola n'okusinga ebyo bye tusaba oba bwe tulowooza okusinziira ku maanyi agakolera mu ffe:

> **Kaakano nsaba nti oyo akola ebintu byonna okusinga byonna bye tusaba, ne bye tulowooza, ng'amaanyi ge bwe gali agakolera mu ffe. (Abaefeeso 3:20)**

Katonda oluusi takola ebyo bye tusaba oba byetulowooza (tebisukkuluma bibye) kubanga tetuganya maanyi ge kukolera mu ffe.

**BWE WABA TEWALI KYAMAGERO:**

Omukkiriza bwatuuka n'afuna okulemererwa kw'amaanyi g'omwoyo, buli kintu ekinnyonnyoddwa kisaana kikwatibwe n'essaala. Okuvvoolebwa bwe kuzuulibwa, bino bisaana okutereezebwa okusobozesa amaanyi ga Katonda okuddamu okukulukuta awatali kuziyizibwa. Naye singa engeri zino

zonna zikwatibwako, naye ne wataba kyamagero.  Nsonga ki ereetera omuntu omu okusumululwa olw'essaala abalala ne batasumululwa? Bino by'ebimu ku by'okulabirako by'obulamu ebituufu:

- Abaagalana abakristaayo baalina abaana babiri, omulenzi n'omuwala. Bombi lumu baalwala nnyo. Bombi baasabirwa bazadde baabwe nga kw'otadde n'abakkiriza. Omu yawona era kati muweereza ow'enjiri. Omulala teyawona, yamala emyaka mingi mu mbeera embi ate oluvannyuma n'afa.
- Omuweereza wa Katonda ow'amaanyi amangi mu kuwonyezebwa okw'amaanyi olumu yagamba nti abo be yasabira ebitundu kkumi ku buli kikumi baasobola okuwona.
- Peetero y'omu eyasabirwa n'afuluma ekkomera ate y'eyattibwa olw'enjiri. Lwaki amaanyi ge gamu agaggula ekkomera n'afuluma tegaamutaasamu kufa?
- Waaliyo abagenge bangi mu Isirayiri mu biro ebya Eriya, naye omu yekka Katonda gwe yawonya: Lukka 4:27

Tetulina byakuddamu ku bibuuzi bwe bityo. Singa twalina ebyokuddamu byonna, singa twalina okumanya kwonna, awo twandibadde nga Katonda.

Tulina okuba nga twatula obusukkulumu bwa Katonda ku by'amaanyi ag'omwoyo. Tukolera mu maanyi agaatulekerwa. Ge maanyi agakola, amaanyi agatali ga bulijjo. Naye gaba gesigisibwa nga kwe kuba wansi w'obuyinza bw'omulala.

Ku bibuuzo bye tutasobola kuddamu, Baibuli eraga nti:

> **Ebintu eby'ekyama bya Mukama Katonda waffe, naye ebyo ebyabikkulibwa bye byaffe n'abaana baffe emirembe gyonna, tulyoke tugonderenga ebigambo byonna ebiri mu mateeka gano. (Ekyamateeka 29:29)**

Mu bintu ebimu, Katonda alaga ensonga lwaki tewaba kyamagero. Olulala tuba tetusobola kufuna kuddibwamu. Waliyo ebintu by'ekyama nga Katonda yekka y'abimanyi. Tukolera mu kubikkulirwa, so si mu kumanya okusukkulumu. Naye kino tokiganya kukulemesa kwolesa maanyi ga Katonda mu bulamu bwo. Leka ebibuuzo ebitaddibbwamu bibe bya kyama kulw'obusukkulumu bwa Katonda.

Amaanyi ga Katonda galabikira ne mu kufa nga bwe kiri mu bulamu. Galagibwa ne mw'ebyo ebimanyikiddwa era ebitegeereddwa wamu n'ebyo ebitamanyikiddwa. Galagibwa mu bunafu ne mu maanyi.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Leeta okujuliza okukakasa obusukkulumu bwa Katonda mu mbeera omuntu mwatayinza kuzuulira kuddibwamu:
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Funza by'oyize mu ssuula eno ebikwata ku nsonga eziremesa amaanyi ag'omwoyo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ku mboozi ya Daudi ne Baseba mu 2 Samwiri 11. Daudi yakozesa bubi amaanyi ga Katonda ge yamuwa nga Kabaka n'ayenda, n'atwala omukazi w'omusajja omulala, n'atta ne bbaawe. Laba engeri nnabbi wa Katonda bw'alaga enkozesa y'obuyinza obubi ng'amunenya mu 2 Samwiri 12:1-14
2. Nnabbi w'endagaano enkadde ayitibwa Balamu naye yakozesa bubi amaanyi ga Katonda ag'omwoyo. Soma ku mboozi ye mu Okubala 22-24
3. Ebikolwa 8:9-11, eraga omugaso gw'okumanya amaanyi ga Katonda amatuufu era oleme kulimbibwa abo abakozesa amaanyi ga Katonda mu bukyamu.
4. Soma ku mboozi ya Yekowaasi mu 2 Bassekabaka 13:18-19. Mukama ne nnabbi baayisibwa bubi olwa Yekowaasi obutakozesa maanyi ga Katonda gonna ge yamuwa. Teyafuna byonna Katonda bye yayagala okuwa kubanga yateekawo okulemesa kwe okw'obuntu.

# ESSUULA EY'AMAKUMI ABIRI

## OKUFUNA OKUWAKANYIZIBWA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensibuko y'ebisooomooza amaanyi g'omwoyo n'obuyinza.
- Okuzuula ensonga lwaki obuyinza bw'omwoyo busoomoozebwa.
- Okuleeta okulungamya kw'okufuna okuwakanyizibwa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Bakabaka ab'ensi bakuŋŋaanye, n'abafuzi ne bateeseza wamu ku Mukama ne ku Kristo we,... (Zabuli 2:2)**

**ENNYANJULA**

Amaanyi n'obuyinza bwa Yesu byasoomoozebwanga ng'ali mu buweereza bwe ku nsi. Yesu bwe yamala okubatizibwa mu mazzi n'amaanyi g'omwoyo Omutukuvu ne gamukkako, amaanyi ge gaasoomoozebwa Sitaani mu ngeri y'okukemebwa okw'emirundi esatu (Matayo 4:1-11)

Sitaani yakema Yesu okukozesa amaanyi ge ku lw'ebyo bye yayagala ng'okufuula amayinja emmere. Yakema Yesu okulaga amaanyi ge ng'abuuka okuva ku kizimbe waggulu, Sitaani yawaayo obwakabaka bw'ensi bwonna eri Yesu singa yamusinza.

Obuyinza bwa Yesu era bwasoomoozebwa abakulembeze b'eddiini abaaliwo ebiro ebyo. Baawakanya enjigiriza ye, engeri gy'asomesa, n'engeri gye yayolesangamu amaanyi n'obuyinza ebya Katonda mu bulamu ne mu buweereza bwe.

**EMABEGA W'OKUSOOMOOZEBWA**

Mu ssuula eyookusatu ey'olusoma luno, wayize ku "asoomooza ow'ekikyupuli." Bulijjo jjukira nti Sitaani ali mabega wa buli maanyi agasoomooza amaanyi g'omwoyo amatuufu.

Okuwakanya kw'amaanyi g'omwoyo kujja okuyitira mu mbeera ey'obulamu. "Ebizibu by'ensi" bisobola okufuuka eby'amaanyi ate nga bingi. Sitaani ali mabega wa buli mbeera eziyiza entambula y'amaanyi ga Katonda mu bulamu.

Okuwakanya kusinga kuyitira mu bantu abakuli okumpi, naye olina okukujjukiranga nti si bantu abakuli okumpi be bakuwakanya. Baba bakkiriza ebiroowoozo n'ebikolwa byabwe okuba nga bitambulira mu nkola za Sitaani. Sitaani abeera maanyi ago agalwanyisa amaanyi n'obuyinza bwo obw'omwoyo.

## ENSONGA Z'OKUSOOMOOZEBWA

Waaliwo ensonga lwaki obuyinza bwa Yesu bwasoomoozebwa. Z'ensonga z'ezimu lwaki Sitaani ajja kusoomooza amaanyi go ag'omwoyo.

**OBUTAKKIRIZA:**

Soma ku mboozi y'okuzuukiza muwala wa Yayero mu bafu eri mu Lukka 8:49-56. Yesu yakola ekyamagero eky'amaanyi, naye nga tannakola yalina ebizibu by'ebimu naawe by'oyitamu. Yesu bwe yayingira ennyumba ya Yayero yasisinkanayo obutakkiriza. Buli lwe weesiga Katonda olw'okwolesebwa kw'amaanyi ge, abantu abatalina kukkiriza bajja kukugamba ensonga lwaki tekisoboka, lwaki tekijja kubeera, na lwaki si kwagala kwa Katonda kibeewo.

**ENSONGA EMANYIKIDDWA:**

Tokola ensobi n'olowooza nti olw'okuba olina amaanyi ga Katonda nti onooyagalibwa buli omu. Ensonga emayikiddwa y'eyasoomooza obuyinza bwa Yesu. Soma emboozi eri mu Makko 5:5-15. Yesu yakola ekyamagero ekinene, naye ate baamuwakanya:

**Awo abantu ne batandika okwegayirira Yesu abaviire. (Makko 5:17)**

Omulundi omulala abantu baasekerera Yesu (Makko 5:40). Oteekwa okuba omwetegefu bwe kiba kyetaagisa, okuyimirira wekka. Si buli omu nti anaasanyukira obuweereza bwo. Kigambibwa nti mu nnaku envannyuma abantu bajja kweteeka ku basomesa, "okusiiyibwa amatu." Obuweereza obumanyikiddwa bujja kubeera obwo obwogera abantu bye baagala okuwulira mu kifo ky'obubaka Katonda bwayagala okutuwa.

**OBUWANGWA:**

Abawandiisi n'abafalisaayo baawakanya obuyinza bwa Yesu kubanga tebwakiririzanga mu buwangwa bwabwe obw'eddiini. Yesu yagambanga, "muwulidde" era n'ajulizanga ku buwangwa bw'abakulembeze b'eddiini. Olwo ng'ayinza okugamba, "naye mbagamba nti," awo ne yeeyongerayo okwogera amazima ag'amaanyi okuva eri Katonda. Yesu yafuna okuwakanyizibwa kubanga okusomesa kwe okw'amaanyi n'obuyinza tekwakiriziganya na nkola za buwangwa bw'abantu.

Okwolesa amaanyi ga Katonda tekusobola kukakasibwa lwa buwangwa bwo oba eddiini yo.  Kino bwe kiba ekituufu, awo ojja kufuna okuwakanyizibwa olw'ensonga ze zimu Yesu ze yayitamu.

**EBISAANYIZO:**

Obuyinza bwa Yesu bwaganibwa olw'okuba teyali mukulembeze wa ddiini akakasiddwa. Yali tasobola kubeera na bisaanyizo bya buwandiisi oba obufalisaayo. Baatankana obuyinza bwe kubanga yali mwana w'omubazzi ng'ava mu kyalo ekisembayo okuba ekyavu eky'e Nazaaleesi:

> **Ne beebuuza nti, "Ono si ye mutabani w'omubazzi? Nnyina ye Maliyamu ne baganda be ba Yakobo, ne Yusufu, ne Simooni ne Yuda.**

**Ne bannyina babeera kuno. Kale, ebyo byonna yabiggya wa? (Matayo 13:55-56)**

N'omu ku bantu eyalina okuba omuyigirizwa yabuuza:

**...Mu Nazaaleesi musobola okuvaamu ekintu ekirungi?...(Yokaana 1:46)**

Abantu baabuuza:

**...Buyinza ki obukukoza ebyo, era ani yakuwa obuyinza obwo? (Matayo 21:23)**

Amaanyi go n'obuyinza bwo buyinza okusoomoozebwa abo abawulira nti tosaanidde kubanga ova mu kika ekitali kituufu, oba embeera yo ey'omubantu. Oyinza okusoomoozebwa kubanga tolina ttendekero kkulu limanyikiddwa mwe wayitako mu bya Baibuli.

Kyamugaso nnyo okuba n'ebisaanyizo eby'amaanyi g'omwoyo okusinga okubeera n'ebyamatendekero g'ebyeddiini. Ekisinga obukulu ye musajja oba omukazi akakasiddwa Katonda (Ebikolwa 2:22)

**ENJIGIRIZA:**

Yesu yawakanyizibwanga olw'enjigiriza ye:

**Buli omu ne yeewuunya, ne beebuuzaganya nti, "Kuyigiriza kwa ngeri ki kuno okuggya okujjudde obuyinza? So n'emyoyo emibi agiragira ne gimugondera. (Makko 1:27)**

Amaanyi agaayolesebwa Yesu tegaakwatagana na njigiriza y'abakulembeze b'eddiini ab'ekiseera ekyo. Bye yasomesa nga tebyakwatagana na ndowooza ko n'enzikiriza ze baalina era n'enjigiriza yaabwe.

**ENGERI Y'OKUSOMESA:**

Abamu baawakanya engeri Yesu gye yasomesangamu. Yasomesanga nga n'obuyinza, so si olw'ebyo ebyabawandiisi. Abamu bajja kuwakanya engeri gy'osomesaamu. Bajja kugamba nti oli wa mubiri nnyo oba osomesa n'obuyinza bungi.

Ensomesa ya Yesu yali nnyangu nnyo, kyokka nga y'amaanyi. Abamu bajja kugamba nti ogenda wala nnyo, ate ng'obubaka bw'enjigiriza y'eddiini amaanyi goolesebwa kitono. Naye jjukira ekyo Paulo kye yagamba:

**Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu.**

**Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)**

**ENSOBI EY'OMWOYO:**

Okwolesa amaanyi kusoomoozebwa abo abali mu nsobi z'omwoyo:

> **Naye Yesu n'abagamba nti, "Olw'obutamanya byawandiikibwa n'obutategeera maanyi ga Katonda kyemuvudde mukyama. (Matayo 22:29)**

Osoobola okusoomoozebwa abo abali mu nsobi y'omwoyo kubanga bagaana amaanyi ga Katonda.

**OKUKOZESEBWA OBUBI:**

Osobola okusoomoozebwa abo abakukema okukozesa amaanyi g'omwoyo mu bukyamu. Sitaani yasoomooza Yesu mu ngeri bw'eti: Yakema Yesu okukozesa amaanyi ge olw'ebigendererwa bye n'okukakasa ekifo kye.

Sitaani ajja kukukema naawe mu ngeri y'emu. Ajja kukukema okukozesa obuyinza bwo olw'okuweebwa ekitiibwa. Ajja kuteekawo engeri amaanyi gye gayinza okukozesebwa ku lw'ebyo bye weegwanyiza. Kino ky'ekimu ku bisoomoozo ebyamaanyi by'oyinza okusisinkana.

**OLUGENDO LW'OBULAMU BWO:**

Ojja kuwakanyizibwa bw'obeera mu bulamu bw'omukkiriza n'amaanyi. Abo abatambulira mu kkukiriza baba kizibu eri abo abatambulira mu kulaba n'amaaso ag'omubiri.

Siteefano yali musajja wa kukkiriza n'amaanyi (Ebikolwa 6:8). Obulamu bwe bwa kaluubiriza abakulembeze b'eddiini ab'ekiseera era ne basalibwa ppaka ku mitima (Ebikolwa 7:54) era ne bamukuba amayinja okutuusa okumutta.

**OKUSISINKANA EKISOOMOOZO**

Bw'otambula n'osukka ku kifo ky'omukisa gw'omwoyo n'odda eri amaanyi n'obuyinza, naawe ojja kusoomoozebwa. Kino ky'ojja okukola nga Sitaani awakanyiza obuyinza bwo.

**MANYA ENSIBUKO:**

Jjukira buli kisoomooza eri amaanyi g'omwoyo amatuufu kiva wa Sitaani si ku mbeera oba abantu nti ky'ekizibu. Oteekwa okumanya ensibuko y'okuwakanyizibwa entuufu okufuna engeri entuufu ey'okukikwatamu:

> **Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeeso 6:12)**

**TEMUMALIRA BUDDE MU NKAYAANA:**

Olw'okuba olutalo lwammwe si lwa mubiri na musaayi, temumala budde na bantu era n'okukaayana. Yesu teyamalanga budde mu nkayaana ku maanyi ge n'obuyinza bwe obw'omwoyo. Yabuzanga ebibuuzo ebimu nga bitunuulibwa mbeera ya mwoyo ey'abo abaali bamusoomooza, olwo n'agamba:

> **...Nange sijja kubabuulira obuyinza bwe nkozesa bino. (Matayo 21:27)**

**KKIRIZA OWAKANYIZIBWE:**

Todduka wali bakuwakanya. Tolemesa ntambula ya maanyi ga Katonda olw'okusanyusa abalala. Kkiriza owakanyizibwe mu maanyi ga Katonda. Yesu bwe yayingira mu nju ya Yayero okuwonya muwala we, yasisinkana amaanyi g'obutakkiriza, naye kino teyakiganya kumulemesa. Teyadduka mu nju lwa kutya oba okulemererwa. Yagenda mu maaso n'amaliriza ekiruubirirwa kye ekyamutwala.

**TWALA OBUYINZA:**

Jjukira obuyinza obwakuweebwa Yesu. Yagamba, "mbawadde amaanyi gonna agasukkuluma ku g'omulabe."

Agakuwadde naawe, naye olina okugakozesa bw'ofuna ekisoomoozo kya Sitaani, twala obuyinza bw'omwoyo ku kisoomoozo ekyo. Twala obuyinza mu linnya erya Yesu. Twala obuyinza ng'osinziira ku kigambo kya Katonda. Teeka mu nkola ennono z'obulamu z'oyize mu lusoma luno.

Oweereddwa amaanyi agasinga ag'omulabe. Wangula amaanyi g'obutakkiriza, twala ekifo kyo eky'obuyinza mu Katonda.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Ani nsibuko y'okuwakanyizibwa kw'amaanyi gonna ag'omwoyo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Funza by'oyize mu ssomo lino ku nsonga lwaki amaanyi n'obuyinza bisoomoozebwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Leeta okulungamizibwa okukuweereddwa mu ssuula eno ku kukkiriza okuwakanyizibwa kw'amaanyi g'omwoyo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Okusoomooza kw'abo abaalina amaanyi ga Katonda tekwatandikira ku Yesu. Daudi yakwogerako mu Zabuli 2. Funza ekyo Zabuli eno ky'esomesa ku nsonga eno.

   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________
   ______________________________________________________________________________

2. Soma endagaano enkadde ozuule ebisoomoozo abakazzi n'abasajja abaaweebwa amaanyi ga Katonda bye baalina. Wekkaanye engeri gye baabisisinkana mu ne gye baalwanyisa Sitaani omale oteeke mu nkola amazima gano mu bulamu bw'obuweereza bwo. Weeyambise ekipande kino:

| **Okujuliza.** | **Ebisoomoozo bye baasanga.** | **Engeri gye baabikwatamu.** | **Nkiteesentya mu nkola Mu bulamu bwange?** |
|---|---|---|---|
| | | | |

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

# EBIDDIBWAMU KU BIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU

**ESSUULA ESOOKA:**

1. Ayi Katonda, oli Katonda wange, nkunoonya n'omutima gwange gwonna; emmeeme yange ekwetaaga, omubiri gwange gwonna gukuyaayaanira, nga nnina ennyonta ng'ali mu nsi enkalu omutali mazzi. Nkulabye ng'oli mu kifo kyo ekitukuvu, ne ndaba amaanyi go n'ekitiibwa kyo.(Zabuli 63:1-2)
2. Eddiini kusalawo kwa muntu okumanya Katonda. Ya bulombolombo n'ebiragiro, okukola ebigambo ebitaliimu maanyi.
   Eddiini ereetawo okufa mu mwoyo.
   Amaanyi ga Katonda kwe kwolesa ky'ayagala ekirabwako okweraga eri omuntu. Amaanyi g'omwoyo bwe bwakabaka bwa Katonda obuli mu nkola. Galeeta obulamu obw'omwoyo.
3. Ag'ebyobufuzi, ag'obugunjufu, ag'omubiri, ag'ebyensimbi, ag'amaggye, ag'eddiini, agakola ebintu eby'enjawulo.
4. Matayo 20:25-28
5. Amakulu g'ekigambo "amaanyi" aga Baibuli gali; obusobozi bw'omwoyo oba amaanyi. Maanyi agatali ga bulijjo agaviirako ebikolwa n'ebyamagero eby'amaanyi. Amakulu g'ekigambo "obuyinza" aga Baibuli geefaanaanyiriza ag'ekigambo "amaanyi." Kitegeeza amaanyi amatuufu agakuweebwa mu butongole okukola ku lw'abalala. Okukwata obuyinza kwe kuteeka mu nkola n'okwolesa amaanyi ga Katonda.
6. Ensibuko ey'amaanyi ag'omwoyo eya Baibuli ye Katonda kitaffe, Katonda omwana n'omwoyo Omutukuvu. Ensibuko y'amaanyi amabi ag'omwoyo ye Sitaani.
7. Ekisuubizo n'okubeera n'ekisuubizo.
8. Oteekwa okusalawo okubeera n'ekisuubizo, oteekwa okutegeera ennono, oteekwa okuteeka mu nkola ebisuubizo.
9. Okwenenya.

**ESSUULA EY'OKUBIRI:**

1. Katonda ayogedde ekintu kimu, kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti: Katonda, oli w'amaanyi. (Zabuli 62:11)
2. Ensibuko y'ekintu y'entandikwa yaakyo oba gye kiva.
3. Katonda omutuufu era omulamu alagibwa mu Baibuli.
4. Katonda ayolesa amaanyi ge ku nsi mu ngeri zino wammanga: Obutonde, okusala omusango, okununula, ekigambo kye ekyawandiikibwa, Yesu Kristo, Mwoyo Mutukuvu, obubonero obutali bwa bulijjo, abakkiriza.
5. Kikyamu. Katonda y'ensibuko y'amaanyi era n'amaanyi agasinga, naye era atandiseewo amaanyi amalala.
6. Abaefeeso 1:9-10 ne 3:11

**ESSUULA EYOOKUSATU:**

1. Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow'omusana. 15 Noolwekyo abamuweereza bwe beefuula ng'abaweereza b'obutuukirivu tekitwewuunyisa. Ku nkomerero bagenda kubonerezebwa ng'ebikolwa byabwe biri.(2 Abakolinso 11:14-15)
2. Paulo bw'ayogera ku "myoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu," aba ategeeza emyoyo emibi egiyingirira enkola z'eddiini eziri mu nsi. Giyeeyereza amaanyi ga Katonda amatuufu.
3. Geraageranya ky'ofunziza n'enkola ezikulagiddwa mu ssuula eyookusatu.

**ESSUULA EYOOKUNA:**

1. Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. (Matayo 28:18)
2. Yesu nga takugirwa. Yalina amaanyi gonna ku nsi ne mu ggulu: Matayo 28:18
3. Katonda kitaffe.
4. Geraageranya ky'ofunziza n'ebinnyonnyoddwa mu ssuula eyookuna.

**ESSUULA EYOOKUTAANO:**

1. Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. (Lukka 10:19)
2. Obuyinza bw'abakkiriza obw'omwoyo bwabaweebwa Yesu.
3. Omuntu bw'aweebwa obuvunaanyizibwa okukola ekintu, alina n'okuweebwa obuyinza okukikola.
4. Okutuukirira ensi n'enjiri.
5. Ekigambo ky'oluyonaani, "dunamis" kitegeeza amaanyi agagenda gakula munda mu ggwe. Ate, "Exousia" kitegeeza amaanyi oba obuyinza ebyalekebwa.
6. Enjogera eyo nkyamu.

**ESSUULA EYOOMUKAAGA:**

1. Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)
2. Amaanyi gakozesebwa mu nsi olw'ebigendererwa ebyokweyagaliza. Amaanyi g'omwoyo galina okukozesebwa mu bya mwoyo n'okwongerayo obwakabaka bwa Katonda.
3. Matayo 20:25-27
4. Wandiwandiise ku kimu ku biruubirirwa mu maanyi ebinnyonnyoddwa mu ssuula eno

**ESSUULA EYOOMUSANVU:**

1. Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Omunnamawanga. (Abaruumi 1:16)
2. Ekigambo enjiri kitegeeza "amawulire amalungi" bwe twogera ku njiri mu kino tuba tutegeeza amawulire amalungi ag'obwakabaka bwa Katonda n'olwokulokolebwa okuyita mu Yesu Kristo.

3. 1 Abakolinso 15:3-4. Ebintu ebikola enjiri ebikulu bitunuulira obulamu n'obuweereza bwa Yesu. Mulimu okufa kwe olw'ebibi by'abantu, okuziikibwa, n'okuzuukira kwe mu bafu okusinziira ku kigambo kya Katonda ekyawandiikibwa.
4. Laba Abaruumi 1:16-19
- Kwe kubikkulirwa kw'amaanyi ga Katonda eri omuntu.
- Kireeta obulokozi eri abantu bonna awatali kutunuulira langi oba gy'asibuka.
- Kibikkulira ebyo abantu bye bamanyi ku Katonda.
- Kibikkula okulamula n'obusungu bwa Katonda eri ekibi.
- Kibikkula obutuukirivu bwa Katonda.
- Kiraga engeri y'okutuukirizibwa olw'okukkiriza.
- Y'ensibuko y'okkukiriza mwe tuli.
5. Geraageranya ky'ofunziza ku maanyi agali mu musaayi n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'omusanvu.
6. Okukkiriza.
7. Kikkirize nti olina ekibi: Abaruumi 3:23
- Kkiriza nti Yesu yafiiririra ebibi byo: Yokaana 3:16-17
- Yatula ebibi byo eri Katonda era omusabe akusonyiwe: 1 Yokaana 1:8-9
- Funa obulamu obukyusiddwa: 2 Abakolinso 5:17
8. Kikyamu: Yesu yawaayo obulamu bwe ku musaalaba n'okwagala.

**ESSUULA EYOOMUNAANA:**

1. Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)
2. Ebikolwa 1:8. Amaanyi gajja nga Mwoyo Mutukuvu amaze okukkako.
3. Okufuuka abajulirwa ba Yesu Kristo mukama waffe: Laba Ebikolwa 1:8.
4. Abaggalatiya 5:22-23
5. Weenenye obatizibwe.
- Kkiriza nti kikyo
- Kiyaayanire.
- Kimanye nti kirabo.
- Weeweeyo eri Katonda.
- Saba abakkiriza abalala bakusabireko.
6. Geraageranya olukalala lwo ku binnyonnyoddwa mu ssuula eyoomunaana.

**ESSUULA EYOOMWENDA:**

1. Kaakano waliwo ebintu bisatu eby'olubeerera: okukkiriza, n'okusuubira, era n'okwagala. Naye ekisingako ku ebyo obukulu kwe kwagala. (1 Abakolinso 13:13)
2. Okwagala mbeera ey'okulaga okufaayo, okulumirirwa n'okufaayo okukola mu bulamu bwaffe ng'ekirabo ky'omwoyo Omutukuvu
3. Etteeka erisooka ekkulu kwe kwagala Katonda: Ery'okubiri kwe kwagala abalala: Makko 12:30-31
4. Olw'okwagalana: Yokaana 13:35

5. Okwagala
6. Okwagala
7. Ky’ekimu n’okwagala

**ESSUULA EY’EKKUMI:**

1. Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy’ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muntu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y’abayigiriza buli kimu, era w’amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza. (1 Yokaana 2:27)
2. Okufukibwako amafuta amatukuvu mu ndagaano enkadde kwakolebwanga okwawula abantu n’ebintu eby’okuwongebwa ewa Katonda olw’obuweerereza.
3. Amafuta amatukuvu gaakozesebwanga mu kuteekako ba nnabbi, bakabaka, ba Kabona, ebyoto na buli ekyagirimu.
4. Omutukuvu
5. Geraageranya ekifunze kyo n’ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey’ekkumi.
6. Kubanga Katonda tafuka mafuta ku buli olw’omuweereza bwe bumu. Okulemererwa n’akavuuyo bijja bw’ogezaako okugeegeenya obuweereza bwa Katonda bw’atakuwadde.
7. Geraageranya ky’ozzeemu n’ebiragibwa mu ssuula ey’ekkumi.
8. Katonda.

**ESSUULA EY’EKKUMI N’EMU:**

1. Suteefano, ng’ajjudde ekisa kya Katonda n’amaanyi, n’akolanga ebyamagero bingi n’obubonero mu bantu. (Ebikolwa 6:8)
2. Okukkiriza kitegeeza okubaako ky’okiririzaamu n’obukakafu. Kitegeeza okwesiga. Ebigambo okukkiriza n’obwesige mu byawandiikibwa bitegeeza ekintu ky’ekimu. Okukkiriza kuwa obukakafu ku bintu ebyasuubizibwa okujja nga bituufu nti n’ebyo ebitalabibwa biba ebyaddala. Laba Abaebbulaniya 11:1
3. Yesu yayogera ku bantu abataakozesa kukkiriza ng’abataalina kukkiriza (Matayo 7:17). Yayogera kw’abo abaalina okukkiriza okutono (Matayo 6:30, 8:26, 14:31, Lukka 12:28), n’abo abaalina okukkiriza okw’amaanyi (Matayo 8:10, 15:28, Lukka 7:9)
4. Okukkiriza okulokola, okukkiriza okutukuza, okukkiriza okukuuma, ekirabo ky’okukkiriza, ekibala ky’okukkiriza.
5. Olw’okuwuliriza ekigambo kya Katonda
6. Geraageranya ky’ofunziza n’ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey’ekkumi n’emu.

**ESSUULA EY’EKKUMI N’EBBIRI:**

1. Katonda kyeyava amugulumiza, n’amuwa erinnya erisinga amannya gonna;  buli vviivi ery’abo abali mu ggulu n’abali ku nsi, era n’abali wansi w’ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, 11  era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. (Abafiripi 2:9:11)
2. Amannya mu biro bya Baibuli gaalina amakulu ag’amaanyi. Erinnya eryatuumibwanga oluusi okusinziira ku mbeera mw’ozaaliddwa (Oluberyeberye 19:22). Oluusi era lyayolekanga essuubi

oba obunnabbi (Isaaya 8:1-4 ne Koseya 1:4). Amannya nga Ibulayimu, Salaayi, Yakobo, Peetero, ne Paulo gaakyusibwa olw'amagenda agaali mu nteekateeka ya Katonda.

3. Malayika eyatumibwa Katonda.
4. Yesu
5. Yesu yafuna erinnyalye mu ngeri essatu abasajja ab'amaanyi ku nsi gye baafuna amannya gaabwe. Mu kuzaalibwa, bye baatuukako.
6. Mu kuwuliriza ekigambo kya Katonda: Abaruumi 10:17
7. Okulokolebwa
    a. Okuwonyezebwa
    b. Okutukuzibwa
    c. Okubuulira, okusomesa
    d. Omubi
    e. Okubatiza
8. a-Kituufu b. kituufu c. Kikyamu

**ESSUULA EY'EKKUMI N'ESSATU:**

1. Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungi, era n'ebivaamu biba bya ttendo. (Yakobo 5:16b)
2. Okusaba n'okusiiba
3. Okusaba, okunoonya, n'okukonkona.
4. Okusinza n'okutendereza, okwewaayo, okwegayirira, okwatula, okwegayiririra.
5. Laba olukalala oluli mu ssuula ey'ekkumi n'essatu
6. Okusinziira ku Baibuli waliyo engeri z'okusiiba ssatu, okusiiba awatali kulya wadde okunywa ekintu kyonna. Eky'okulabirako bwe kiti kiri mu Ebikolwa 9:9. Okusiiba okw'ekitundu kwe kuba ng'okugirwa okulya ebintu ebimu: Danyeri 10:3
7. Okwekkakkanya
   Okwenenya ekibi.
   Olw'okubikkulirwa.
   Okukutula ebisiba ebibi, okusitula emigugu emizito
   Okufuula abanyigirizibwa ab'eddembe, n'okumenya buli kikoligo.
   Okusobola okuliisa abaavu, mu mubiri ne mu mwoyo.
   Okuwulira Katonda.

**ESSUULA EY'EKKUMI N'ENNYA:**

1. Ekigambo kya Katonda kiramu era kikola. Kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kiyitamu ne kituukira ddala ku mmeeme n'omwoyo, n'ennyingo n'obusomyo, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima.(Abaebbulaniya 4:12)
2. Katonda
3. Ekigambo kya Katonda "rhema" kitegeeza ekyo Katonda kyayogera ku lw'embeera eriwo.
4. Ekigambo kya Katonda "Logos" kitegeeza ekyo Katonda kyayogera kyonna awamu. Kwe kubikkulirwa kwe kigambo kyonna Katonda kyayogedde.

5. Yabasisinkana n'ekigambo eky'amaanyi, ekigambo kya Katonda. Yakozesa ekigambo kya Katonda nga "rhema"
6. Geraageranya ekifunze ekyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'ennya
7. Geraageranya ekifunze ekyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'ennya
8. Kikyamu

**ESSUULA EY'EKKUMI N'ETTAANO:**

1. 1 Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri Katonda, era n'abafuzi abaliwo Katonda ye yabalonda. Abaruumi (13:1)
2. Oteekwa okufuna obuyinza bwo okuva ku nsibuko yaabwo
3. Yesu yali wansi w'obuyinza bwa Katonda. Eno y'ensibuko y'obuyinza bwe yayolesa. Olwa kino, yalina n'obuyinza ku ndwaddwe, dayimooni, ekibi n'ebintu, n'ebintu ebya bulijjo.
4. Geerageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'ettaano.
5. Geerageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'ettaano.
6. Geerageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'ettaano.
7. Abaruumi 13:1-7
8. Katonda

**ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUKAAGA:**

1. Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe. (Abafiripi 3:10)
2. Amakulu g'ekigambo "okuzuukira" kwe kuyimuka, okuyimusibwa okuva mu kufa n'oddamu obulamu
3. Geerageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'omukaaga
4. kikyamu
5. Geerageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'omukaaga
6. Yesu. Yokaana 11:25

**ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUSANVU:**

1. Kubanga newaakubadde nga yakomererwa mu bunafu, kyokka mulamu mu maanyi ga Katonda. Naffe tuli banafu mu mibiri gyaffe nga tuli mu ye, naye tuliba balamu mu ye olw'amaanyi ga Katonda olw'omulimu gwe tukola mu mmwe. (2 Abakolinso 13:4)
2. Sitaani
3. Okubonaabona kuyingira mu bulamu bwaffe okuyita mu balala, embeera z'obulamu, obuweereza, ekibi, n'okulumbibwa kwa Sitaani.
4. Geraageranya ekifunze kyo ku biruubirirwa mu kubonaabona ku kinnyonnyoddwa mu ssuula ey'ekkumi n'omusanvu.

**ESSUULA EY’EKKUMI N’OMUNAANA:**

1. Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n’abeeranga nabo, n’anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng’abakozesanga eby’amagero. (Makko 16:20)
2. Geraageranya ekifunze kyo ku biruubirirwa mu kubonaabona ku kinnyonnyoddwa mu ssuula ey’ekkumi n’omunaana.
3. Ekkanisa yalina okuba entabiro y’okwolesa amaanyi ga Katonda.
4. Olina okugakozesa geeyongere. Laba olugero mu Lukka: 19:12-26

**ESSUULA EY’EKKUMI N’OMWENDA:**

1. Era yakolerayo ebyamagero bitono olw’obutakkiriza bwabwe. (Matayo 13:58)
2. Ekyamateeka 29:29
3. Geraageranya ekifunze kyo ku biruubirirwa mu kubonaabona ku kinnyonnyoddwa mu ssuula ey’ekkumi n’omwenda

**ESSUULA EY’AMAKUMI ABIRI:**

1. Bakabaka ab’ensi bakuŋŋaanye, n’abafuzi ne bateeseza wamu ku Mukama ne ku Kristo we, nga bagamba nti. (Zabuli 2:2)
2. Sitaani
3. Geraageranya ekifunze kyo ku biruubirirwa mu kubonaabona ku kinnyonnyoddwa mu ssuula ey’amakumi abiri.
4. Laba okulungamya okulagiddwa mu ssuula ey’amakumi abiri.